# OMUSOMO GW'OBUYIGIRIZWA

(DISCIPLESHIP EVANGELISM)

KOOSI Y'AMASOMO -48

**By Andrew Wommack and Don Krow**

**Andrew Wommack Ministries**
**Woodland Park, Colorado**

Okuggyako awo wokka wekirambikddwa, ebyawandiikibwa byonna biggyiddwa mu Luganda Contemporary Bible 2014.

---

© 2024 by Andrew Wommack Ministries, Inc
Andrew Wommack Ministries, Inc.
PO Box 3333
Colorado Springs 80934-3333
www.awmi.net

Andrew Wommack Ministries – Europe
PO Box 4392,
Walsall,
WS1 9AR,
England
www.awme.net

---

ISBN: 978-1-948876-32-2
Item Code: LG417

Oweereddwa olukusa okw'okyamu kkoppi nga bw'oyagala olw'ekigendererwa eky'okuyigiriza abalala  amasomo gano ku kakwakkulizo nti ogenda kuzigabira ku bwereere.

## Koosi Y'amasomo - 48

# OLUKALALA LW'EBIYIGIRIZIBWA


# 1

1. Obulamu Obutaggwaawo 1- 7
2. Obulokozi Tubuweebwa Lwa Kisa 1- 11
3. Obutuukirivu Tubuweebwa Lwa Kisa 1- 17
4. Enkolagana Yo Ne Katonda 1- 21
5. Katonda Ky'ali 1- 26
6. Okwenenya 1- 31
7. Okwewaayo 1- 38
8. Okubatizibwa Mu Mazzi 1- 43
9. Ekyo Ky'oli Mu Kristo - (Ekitundu 1) 1- 48
10. Ekyo Ky'oli Mu Kristo – (Ekitundu 2) 1-5 4
11. Kiki Ekibaawo Omulokole Bw'ayonoona? 1- 59
12. Obwesigwa Bw'ekigambo Kya Katonda 1- 64
13. Katonda Talina Musango 1- 69
14. Obulamu Obujjuziddwa Amaanyi Ag'omwoyo Omutukuvu 1- 74
15. Omukkiriza Ajjuzibwa Atya Omwoyo Omutukuvu 1- 79
16. Emiganyulo Egiri Mu Kwogera Ennimi 1- 84

# 2

1. Okwerowoozaako Wekka 2- 91
2. Engeri Y'okufumiitiriza Ku Kigambo Kya Katonda 2- 95
3. Okuzza Obuggya Endowooza 2- 98
4. Omugaso Gw'ekkanisa Ya Kristo 2-103
5. Okusumululwa 2-111
6. Obuyinza Bw'omukkiriza 2-116
7. Okuwonyezebwa Kuli Mu Mutango 2-122
8. Ebiziyiza Okuwonyezebwa 2-127
9. Okusonyiwa Abalala 2-133
10. Obufumbo (Ekitundu 1) 2-140
11. Obufumbo (Ekitundu 2) 2-145
12. Okwagala Kwa Katonda (Ekitundu 1) 2-153
13. Okwagala Kwa Katonda (Ekitundu 2) 2-159
14. Eby'ensimbi (Ekitundu 1) 2-165
15. Eby'ensimbi (Ekitundu 2) 2-170
16. Kiki Ky'okola Ng'essaala Zo Ziringa Ezitaddibwaamu 2-174

# 3

1. Okukulukuta Okw'obwakatonda 3-181
2. Okukozesa Ebirabo Okuweereza 3-185
3. Eby'amagero Bigulumiza Katonda 3-192
4. Amaanyi Agali Mu Nkolagana Ez'obwakatonda 3-198
5. Okuyigganyizibwa 3-202
6. Kabaka N'obwakabaka Bwe 3-208
7. Ekinyusi Ekiri Mu Kukkiriza Okulokola 3-217
8. Enkozesa Entuufu Ey'etteeka Lya Katonda 3-221
9. Tetuli Wansi Wa Tteeka, Wabula Wansi W'ekisa 3-228
10. Tewakyaliwo Kulowooza Ku Kibi Nate 3-234
11. Njagalwa, Ndi Mubalagavu 3-241
12. Ekibala Eky'obulokozi (Ekitundu 1) 3-247
13. Ekibala Eky'obulokozi (Ekitundu 2) 3-254
14. Okuyitibwa Eri Obuyigirizwa 3-259
15. Engeri Gy'okozesaamu Obujulizi Bwo 3-265
16. Nga Tukozesa Ebirabo Bya Buli Omu Okutendeka Abayigirizwa 3-273



- Genda ku **https://www.awmi.net/about-us/demo/**

  **https://awmuganda.net/discipleship-evangelism/**

  okuwanulayo amasomo mu PDFs ku buli ssomo mu kitabo kino.
- Gabira abantu bangi amasomo gano nga bw'oyagala.
- Ebiwandiiko bino tebitundibwa.

# OMUSOMO

# GW'OBUYIGIRIZWA

## (DISCIPLESHIP EVANGELISM)

OMUTENDERA 1

# OMUTENDERA 1

# OLUKALALA LW'EBIYIGIRIZIBWA


| | |
|---|---|
| **1. Obulamu Obutaggwaawo** | **1- 7** |
| **2. Obulokozi Tubuweebwa Lwa Kisa** | **1-11** |
| **3. Obutuukirivu Tubuweebwa Lwa Kisa** | **1-17** |
| **4. Enkolagana Yo Ne Katonda** | **1-21** |
| **5. Katonda Ky'ali** | **1-26** |
| **6. Okwenenya** | **1-31** |
| **7. Okwewaayo** | **1-38** |
| **8. Okubatizibwa Mu Mazzi** | **1-43** |
| **9. Ekyo Ky'oli Mu Kristo - (Ekitundu 1)** | **1-48** |
| **10. Ekyo Ky'oli Mu Kristo – (Ekitundu 2)** | **1-54** |
| **11. Kiki Ekibaawo Omulokole Bw'ayonoona?** | **1-59** |
| **12. Obwesigwa Bw'ekigambo Kya Katonda** | **1-64** |
| **13. Katonda Talina Musango** | **1-69** |
| **14. Obulamu Obujjuziddwa Amaanyi Ag'omwoyo Omutukuvu** | **1-74** |
| **15. Omukkiriza Ajjuzibwa Atya Omwoyo Omutukuvu** | **1-79** |
| **16. Emiganyulo Egiri Mu Kwogera Ennimi** | **1-84** |

## ESSOMO 1

# OBULAMU OBUTAGGWAAWO

### Omusomesa: Andrew Wommack

Olumu ku nnyiriri ezimanyiddwa ennyo mu byawandiikibwa, ye Yokaana 3:16. Kirabika nga buli muntu amanyi olunyiriri olwo okuva mu buto bwe, kyokka era nzikiriza nti mu butuufu lulabika nga lwategerebwa bubi era ne lukozesebwa bubi. Yokaana 3:16**:** *"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'atyo n'awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo."*

Bulijjo ekyawandiikibwa kino kikozesebwa okuyigiriza nti Yesu yajja n'afa ku lw'ebibi byaffe, ffe tuleme okuzikirira. Wadde nga nakyo kituufu, olunyiriri luno lugamba nti ekigendererwa ekikulu ekyaleeta Yesu Kristo ku nsi eno okutufiirira, kyali kya kutusobozesa kufuna bulamu obutaggwawo. Kino kyalina okuba bwe kityo kubanga ebibi byaffe byali byafuuka omuziziko wakati waffe n'obulamu obutaggwaawo.

Kya mazima nti Yesu yafa olw'ebibi byaffe, era kituufu okuba nti bwe tumukkiriza tetulizikirira, naye ate obulamu obutaggwaawo bulimu bingi ebirala okusinga kw'ekyo. Obubaka bwennyini obw'Enjiri bugamba nti, Katonda ayagala okukuwa obulamu obutaggwaawo. Ekyo ka nkinnyonnyole:

Ekiro ekyakulembera okukomererwa kwe, Yesu bwe yali asaba yayogera bw'ati, *"Obulamu obutaggwaawo bwe buno, abantu bonna okukumanya ggwe Katonda omu wekka ow'amazima, n'okumanya Yesu Kristo, gwe watuma."* (Yokaana 17:3-LBWDO3)

Kino kitegeeza nti obulamu obutaggwaawo kwe kumanya Kitaffe Katonda omu ow'amazima, n'okumanya Yesu Kristo oyo gwe yatuma. Obwo bwe bulamu obutaggwaawo. Abantu bangi balowoza nti obulamu obutaggwaawo kwe kuba omulamu emirembe n'emirembe. Omuntu bw'afa n'olowooza nti afiiridde ddala takyaliwo, obeera okitegedde bubi. Omwoyo n'emmeeme biddayo eri Katonda. Olwo gwo omubiri ne guvundira mu ntaana. Amazima gali nti buli muntu yenna eyali abaddeko ku bwenyi bw'ensi, agenda kweyongera okuba omulamu mu nsi ey'omwoyo. N'olw'ensonga eyo, okugamba nti obulamu obutaggwaawo kwe kubeera omulamu emirembe gyonna si ge mazima ag'enkomeredde. Buli muntu waakubeerawo emirembe n'emirembe. Naye ate okusinziira ku lunyiriri luno, obulamu obutaggwaawo mu Katonda tebuweebwa buli muntu.

Abantu abamu bayinza okugamba nti "obulamu obutaggwaawo kwe kubeera mu ggulu emirembe n'emirembe oba okubeera mu ggeyeena emirembe n'emirembe". Naye obulamu obutaggwaawo bwebwo Yesu bwe yayogerako mu Yokaana 17:3, nga kwe kumanya Katonda ne Kristo we. Okumanya okwogerwako wano kussukkuluma ku kumanya n'amagezi aga bulijjo. Ekigambo kino "okumanya", kikozesebwa mu byawandiikibwa okunnyonnyola enkolagana esinga okubeera ey'omunda ennyo omuntu gy'ayinza okuba nayo ne munne.

Ekigendererwa ky'obulokozi ekikulu, si kwe kubeera mu ggulu emirembe n'emirembe, newakubadde ng'ekyo nakyo kikulu. Ekigendererwa ky'obulokozi ekikulu kwe kubeera n'enkolagana ey'ebuziba ne Mukama Katonda. Waliwo abantu bangi nnyo abakaabirira Katonda abasonyiwe ebibi byabwe naye nga tebabeerangako na kiruubirirwa kya kubeera mu nkolagana naye.

Bwe tutannyonnyola bulungi ekigendererwa ky'obulokozi ekikulu, Enjiri tuba tujijungulula. Bwe tulaga abantu nti obulokozi kikwata ku bintu bya mwoyo ebiritugasa mu biseera eby'omu maaso, era eby'omu ggulu, tuba tetuyamba bantu. Waliwo abantu abali mu mbeera embi ennyo, nga kyenkana balinga abali mu ggeyeena ku nsi kuno. Bangi banyigirizibwa obwavu, banyiikaavu, bali mu bulamu obw'obutasembezebwa, balumwa mu mitima gyabwe n'okulemwa obufumbo. Abantu bangi batambulira mu bulamu obw'okubonaabona, bambi bangi balafuubana nnyo okubeerawo, ng'ebizibu bibali mu bulago. Kale bw'obuulira Enjiri, obulokozi n'obufuula ensonga ekwata ku bulamu obw'omu ggulu era obwomu maaaso, abantu bajja kugaana obulokozi kubanga tebalaba ngeri ki gye bubayambamu mu kiseera kino.

Amazima gali nti Yesu teyajja kukwata ku magenda gaffe ag'olubeerera olwo tubeere mu ggulu emirembe n'emirembe, oba okuweebwa omukisa mu kifo ky'ekibonerezo n'ekikolimo ekya ggeyeena kyokka, wabula Yesu yajja n'okutusumulula okuva mu nsi eno embi (Abaggalatiya 1:4). Yesu Kristo yajja okutuwa enkolagana ne Katonda Kitaffe olwo tuyambibwe leero.

Yesu yajja okutukomyawo mu nkolagana naye. Yesu akwagala nnyo. Yesu ayagala okukumanya ggwe nga ssekinoomu. Yesu ayagala okukuwa obulamu obulungi obusinga kirala kyonna ky'oyinza okufuna mu makubo amalala gonna.

Yesu yayogera bw'ati mu Yokaana 10:10 "*Omubbi* (ayogera ku Setaani) *ky'ajjirira kwe kubba n'okutta n'okuzikiriza. Nze najja, zibe n'obulamu, era zibe nabwo mu bujjuvu.*" Katonda ayagala okukuwa obulamu obutaggwaawo. Katonda ayagala okukuwa obulamu mu bujjuvu (obw'omuyiika), era nzikiriza nti ekyo okyetaaga leero, era okyagala. Kristo yafa si lwa kukusonyiwa bibi kyokka, naye n'okukusembeza gy'ali ye.

Bw'oba nga tomanyi Mukama, weetaaga okumumanya olw'ensonga eyo. Bw'oba walokoka, weetaaga okussukuluma ku ky'okusonyiyibwa ebibi oyingire mu bulamu obutaggwaawo ne Kitaffe.

## Ebikulu Ebikwata ku Bulamu Obutaggwaawo

A. Ekigendererwa ky'Enjiri ekikulu, bwe bulamu obutaggwaawo (Yokaana 3:16).
B. Obulamu obutaggwaawo kwe kumanya Katonda. (Yokaana 17:3).
C. Okumanya Katonda kwe kubeera n'enkolagana ey'omunda ne Katonda (1 Abakkolinso 6:16-17).
D. Obulamu obutaggwaawo weebuli kaakano (1Yokaana 5:12).
E. Katonda ayagala enkolagana eya kkinoomu naawe (Okubikulirwa 3:20).

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Yokaana 3:16. Ekigendererwa kya Katonda okuweereza Yesu mu nsi kyali ki?

   **Yokaana 3:16** - *"Katonda bw'ati bwe yayagala ensi, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we omu yekka, buli amukkiriza aleme okubula naye abeere n'obulamu obutaggwaawo."*

2. Enkozesa y'ekigambo "okumanya" mu Bayibuli, kitegeeza okubeera n'enkolagana ey'omukago n'omuntu (Lubereberye 4:1). Soma Yokaana 17:3. Obulamu obutaggwaawo kye kiki okusinziira ku kyawandiikibwa kino?

   **Lubereberye 4:1** – *"Adamu n'amanya Kaawa, mukazi we, n'aba olubuto n'azaala Kayini n'agamba nti, "Mukama annyambye nzadde omuntu." 2 Oluvannyuma n'azaala muganda we Aberi."*

   **Yokaana 17:3** - *"Era buno bwe bulamu obutaggwaawo, nga kwe kumanya Katonda omu ow'amazima n'Oyo gwe watuma Yesu, Kristo."*

3. Soma 1 Yokaana 5:11-12. Okusinziira ku nnyiriri zino obulamu obutaggwaawo butandika ddi?

   **1 Yokaana 5:11-12** - *"Era buno bwe bujulirwa nti: Katonda yatuwa obulamu obutaggwaawo era obulamu buno buli mu Mwana we. Oyo alina Omwana alina obulamu, era n'oyo atalina Mwana wa Katonda talina bulamu."*

4. Soma Yokaana 10:10. Bulamu bwa kika ki Yesu bwe yajja okutuwa?

   **Yokaana 10:10** - *"Omubbi ky'ajjirira kwe kubba, n'okutta era n'okuzikiriza. Naye nze najja zibeere n'obulamu, era zibeere nabwo mu bujjuvu."*

5. Nnyonnyola mu bigambo byo omutindo oba ebisangibwa mu bulamu obutaggwaawo.

6. Okkiriza nti Katonda yaweereza Omwana Yesu mu nsi okufa ku lw'ebibi by'ensi, mu ngeri eyo asobole okutuwa obulamu obutaggwaawo?

7. Kitegeerekeka bulungi gy'oli nti obulamu obutaggwaawo si buwanvu bwa kiseera omuntu kyabeerawo (obutakoma), naye gwe mutindo gw'obulamu omuntu bw'atambuliramu?

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Yokaana 3:16. Ekigendererwa kya Katonda okuweereza Yesu mu nsi kyali kki?
   **Kyali kya kutuwa bulamu butaggwaawo.**

2. Enkozesa y'ekigambo "okumanya" mu Bayibuli, kitegeeza okubeera n'enkolagana ey'omukago n'omuntu (Oluberyeberye 4:1). Soma Yokaana 17:3. Obulamu obutaggwaawo kye kiki okusinziira ku kyawandikibwa kino?
   **Obulamu obutaggwaawo kwe kumanya Katonda n'oyo Yesu Kristo gwe yatuma (mu ngeri eyomunda).**

3. Soma 1 Yokaana 5:11-12. Okusinziira ku nnyiriri zino obulamu obutaggwaawo butandika ddi?
   **Olunaku lwe tusembeza Kristo, lwe tulokoka.**

4. Soma Yokaana 10:10. Bulamu bwa kika ki Yesu bwe yajja okutuwa?
   **Obulamu obujjuvu, obungi ddala oba obw'omuyiika.**

5. Nnyonnyola mu bigambo byo omutindo, oba ebyo ebisangibwa mu bulamu obutaggwaawo.
   **Obulamu obutaggwaawo bwe bulamu obukontana n'ekyo omubbi kye yajjirira (kukuuma, kuwa bulamu, kukuumira ddala).**

6. Okkiriza nti Katonda yaweereza Omwana Yesu mu nsi okufa ku lw'ebibi by'ensi, mu ngeri eyo asobole okutuwa obulamu obutaggwaawo?
   **Weewaawo.**

7. Kitegeerekeka bulungi gy'oli nti obulamu obutaggwaawo si buwanvu bwa kiseera omuntu kyabeerawo (obutakoma), naye gwe mutindo gw'obulamu omuntu bw'atambuliramu?
   **Weewaawo.**

## ESSOMO 2

# OBULOKOZI TUBUWEEBWA LWA KISA

### Omusomesa: Don Krow

Emirundi mingi Yesu yageranga engero ezannyonnyolanga amazima ag'eby'omwoyo. Lukka 18:9-14 lutandika bwe luti, "*Awo Yesu n'agerera olugero luno abo abeerowooza nga batuukirivu nga banyoomoola n'abantu abalala.*" Yesu yali ayogera ku kabondo k'abantu abamu: Abo abaali bekkiririzaamu nti baali batuukirivu nnyo okusinga abalala, kale nga bannyooma n'okuyisa amaaso mu buli muntu yenna omulala. Olugero luno yalugera okunenya abantu abo abeesiganga ebikolwa byabwe. Bano tuyinza okugamba nti baali beematira n'obutuukirivu bwe baali beekoledde. Ekyo Yesu Kristo kye yali ayogerako bwe yagamba nti baayisangamu amaaso buli muntu yenna omulala nga bagamba nti be babasinga!

Mu lunyiriri 10 Yesu, agamba nti "*Abantu babiri baalinnya mu Yeekaalu okusaba, omu Mufalisaayo, omulala Muwooza.*" Omufalisaayo ono yali munnadiini nnyo. Amakulu g'ekigambo 'Omufalisaayo', kitegeeza "omuntu ayawuliddwa." Omuntu oyo yabanga munnaddiini nnyo, era ng'asobola n'okukugamba nti, "tonkwatako ojja kunnyonoonesa! Tonsemberera nnyo! Siringa bali abalala! Nsinga buli muntu yenna!" Omusajja omulala Yesu gwe yayogerako, yye yali muwooza wa musolo. Omuwooza yasoloozanga musolo, era yatwalibwanga okuba omuntu omubi, era omwonoonyi, eyabbanga n'okulyanga enguzi ku bantu. Baakuŋŋanyanga omusolo mu ngeri yonna gye baasobolanga, ensawo zaabwe ne zijjula ensimbi, era ezimu kwe baawanga abafuzi abakulu mu Gavumenti ya Barooma. N'olw'ensonga eyo abawooza tebaaganja mu bantu.

Olugero lweyongerayo mu lunyiriri 11, "*Omufalisaayo n'ayimirira n'asaba yekka ebigambo bino nti, 'Ayi Katonda, nkwebaza kubanga siri nga bantu balala bonna, abanyazi, abalyazaamaanyi, abenzi, newakubadde ng'ono omuwooza.*" Kaakati weebuuze kino, ono yali asaba ani? Ye yennyini essaala yagyesindikira newakubadde nga yayogera ekigambo "Katonda", era n'akozesa ebigambo ebituufu. Katonda yali tafa na ku ssaala ye, era mu maaso tujja kulaba lwaki ekyo kyali bwe kityo. Manya kino nti yasaba ng'agamba nti, "Ayi Katonda, nkwebaza kubanga siri ng'abantu abalala bonna, abanyazi, abalyazaamaanyi, abenzi, newakubadde ng'ono omuwooza." Okiraba, nti yanyooma n'ayisa amaaso mu muwooza kubanga yalowooza nti ye yali omusinga?

Mu lunyiriri 12, Omufalisaayo yagamba nti, "*Nsiiba emirundi ebiri mu ssabbiiti; mpaayo ekitundu eky'ekkumi ku byonna bye nfuna.*" Yali agamba nti, "ggwe omanyi bye nkola?" Omanyi kye kitegeeza okusiiba? Kitegeeza kw'esonyiwa mmere. Yawangayo ne ssente mu kkanisa. Yali omu kw'abo abagambanga nti, "Tontawaanya! Obulamu bwange butereevu, mpaayo eri abeetaaga, mpaayo ssente mu kkanisa!"

Kati ate ka tulabe omuwooza mu lunyiriri 13: "*Naye omuwooza n'ayimirira wala, n'atayagala na kuyimusa maaso ge mu ggulu, naye ne yeekuba mu kifuba ng'agamba nti, 'Ayi Katonda, onsaasire nze alina ebibi.*" Weetegereze n'ebikolwa bye, nti yayimirira 'wala.' Teyayingira na munda nnyo

mu kkanisa. Muli yali awulira okuswala mu bulamu bwe, olw'ebibi bye yakolanga, bw'atyo n'atasobola na kuyingira munda nnyo mu kkanisa. Yali tasobola kutunula waggulu, amaaso ge n'atagayimusa eri eggulu, wabula ne yeekuba mu kifuba. Bayibuli bw'eyogera ku kwekuba mu kifuba mu Ndagaano Enkadde emirundi mingi n'engoye zaabwe baziyuzanga, mu ngeri eyo nga bagamba nti, "Gunsinze, Katonda nsonyiwa olw'ekyo kye nkoze!" Okwekuba mu kifuba, kaali kabonero ka kwenenya okugenda ebuziba, akalaga omutima ogubooneredde, n'emmeeme emenyese, ogwo gwe mutima Katonda gw'ataagayanga. Omuwooza w'omusolo ono omwonoonyi yakaabirira Katonda n'asaba nti, "*Katonda onkwatirwe ekisa nze omwonoonyi!*"

Olunyiriri olwe 14 lugamba, *"Mbagamba nti omusajja oyo omuwooza, ye yaddayo eka ng'asonyiyiddwa ebibi bye. Kubanga buli eyeegulumiza alitoowazibwa, n'oyo eyeetoowaza aligulumizibwa."* Omuwooza yaddayo ewuwe ng'agyiddwaako ebibi era ng'awereddwa obutuukirivu mu maaso ga Katonda, era ng'ewa Katonda akkiriziddwa okwetuukira nga bw'ali, ng'asonyiyiddwa Katonda. Lwaki yasonyiyibwa? Lwaki yaddayo ewuwe ng'aweereddwa obutuukirivu mu maaso ga Katonda ekisonyiwo kye kimu, ne kitaweebwa munnaddiini oli Omufalisaayo? Kubanga Omufalisaayo yeegulumiza ng'agamba nti, "Nze nsinga abantu abalala! Siri mwonoonyi! Siri nga abantu bali abalala." Kyokka ate omuwooza yamanya nti si mutuukirivu mu maaso ga Katonda, nga talina na ky'ayinza kumuwa kubanga yali mwonoonyi. Bayibuli egamba nti Yesu teyajja kulokola batuukirivu, naye abonoonyi, era fenna twayonoona ne tuseeseetuka okuva mu kitiibwa kye. Omuwooza ono yeetowaza, bw'atyo n'asonyiyibwa ebibi bye.

Twogera ku bulokozi bwe tufuna olw'ekisa kya Katonda. Ekisa kigambo kissuffu, era ŋŋenda kukuwa ennyinnyonnyola y'ekisa kye kitegeeza ekkirizibwa, naye ate ng'ekisa kitegeeza bingi n'okusingawo. Mu lulimi Oluyonaani Endagaano Empya mwe yawandiikibwa, ekisa kye kigambo 'Charis'. Ennyinnyonnyola ekkirizibwa y'eno: Ekisa kwe kuganja okw'obuwa (kwe tutakoleredde), Katonda kw'awa abantu nga tekubagwanira. Omuwooza yali talina ky'agwanira kufuna kuva eri Katonda, naye yafuna okuganja mu maaso ga Katonda kubanga yeetowaza.

Waliwo ekigambo ekirala mu Luyonaani ekiyitibwa 'karisma (charisma)' nga ky'e kigambo karisi (charis) nga kyongeddwaako 'ma' ku nkomerero. Kino kitegeeza nti ekisa kya Katonda eri omusajja ono omuwooza, kirina engeri gye kyateekebwa mu nkola, bw'atyo n'aggyibwako ebibi bye, era n'asaanyizibwa mu maaso ga Katonda ng'ekirabo.

Abaruumi 5:17 wagamba nti, "*Obanga olw'okwonoona kw'omuntu omu okufa kwabuna, abaliweebwa ekisa kya Katonda n'ekirabo eky'obutuukirivu, tebalisinga nnyo okufugira mu bulamu olw'omuntu omu Yesu Kristo?"* Ggwe nange okusaanira mu maaso ga Katonda, Katonda akituwa nga kirabo, era okusinziira ku lugero luno, omuwooza yafuna ekirabo eky'okuggyibwako ekibi, nga kino kye kirabo eky'obutuukirivu ekijja olw'okwesiga Yesu Kristo. Mu Yokaana 1:17 wagamba nti, "*Amateeka gaatuweebwa nga gayita mu Musa, naye Yesu Kristo ye yaaleeta ekisa n'amazima."* Ekisa kino kiweebwa ekika ky'abantu abeetowaza nga bakimanyi nti tebatuukiridde mu maaso ga Katonda, ne bakaabirira Katonda okubasaasira. Abo be bantu abafuna okusaasirwa kwa Katonda era ne basonyiyibwa.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Lukka 18:9. Olugero kye ki?

   **Lukka 18:9** - *"N'ayogera olugero luno eri abo abaali beemanyi obutuukirivu, nga banyooma abalala."*

2. Soma Lukka 18:9. Mu lugero luno Yesu yali asonze ku b'ani?

3. Soma Lukka 18:9 (ekitundu ekisembayo eky'olunyiriri). Abantu abeemanyi obutuukirivu balina endowooza gye boolesa eri abalala. Okusinziira ku Lukka 18:9, endowooza eno bagyolesa batya?

   A. Baagala abantu abalala.

   B. Banyooma bannaabwe oba okubayisaamu amaaso.

   C. Baagala bannaabwe.

4. Soma Lukka 18:10. Abantu babiri baagenda okusaba, mu njogera ya leero baagenda kusabira wa?

   **Lukka 18:10** - *"Abasajja babiri baagenda mu yeekalu okusaba; omu Mufalisaayo omulala Muwooza."*

5. Soma Lukka 18:10. Abantu bano bali baani?

6. Soma Lukka 18:11. Omufalisaayo yasaba atya?

   **Lukka 18:11** - *"Omufalisaayo naayimirira naasaba nti Katonda nkwebaza kubanga siri nga bantu balala, abanyazi, abakola ebibi, abenzi abali ng'ono omuwooza."*

7. Soma Lukka 18:12. Okusiiba kitegeeza ki?

   **Lukka 18:12** - *"Nsiiba emirundi ebiri mu wiiki, ku buli kye nfuna mpaayo ekimu ekyekkumi."*

8. Soma Lukka 18:12. Okuwa ekimu eky'ekkumi kitegeeza ki?

9. Soma Lukka 18:13. Omuwooza yali ayimiridde wa? Lwaki?

10. Soma Lukka 18:13. Lwaki omuwooza yakoteka omutwe gwe wansi n'atatunula waggulu?

11. Soma Lukka 18:13. Omuwooza ono essaala ye yali etya?

**Lukka 18:13 –** *"Naye omuwooza n'ayimirira wala n'atasobola na kuyimusa maaso ge kutunula eri eggulu ng'asaba, wabula ne yeekuba mu kifuba ng'asaba nti, 'Katonda, onsaasire, nze omwonoonyi.'"*

12. Soma Lukka 18:14. Ku bassajja bano bombi, ani yalangirirwa okuba omutuukirivu ng'azzeeyo eka?

    **Lukka 18:14 –** *"Mbagamba nti omusajja ono, omuwooza ye yaddayo eka ng'asonyiyiddwa ebibi bye. Kubanga buli eyeegulumiza alitoowazibwa, n'oyo eyeetoowaza aligulumizibwa."*

13. Soma Lukka 18:14. Lwaki Omuwooza yalangirirwa okuba omutuukirivu ate ne kitaba bwe kityo eri Omufalisaayo?

14. Soma Lukka 18:14. Omusajja ono omuwooza, Katonda yamusonyiwa?

15. Soma Baruumi 10:13. Singa essaawa eno ofukamira ku maviivi go n'osaba Katonda okuviira ddala ku ntobo y'omutima gwo ng'ogamba nti, "Ayi Katonda onsaasire nze omwonoonyi ntobo y'omutima Katonda ayinza okukuyisa nga bwe yayisa omuwooza?

    **Abaruumi 10:13 – "***Buli alikoowoola erinnya lya Mukama alirokoka."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Lukka 18:9. Olugero kye ki?
   **Olugero mu Bayibuli, y'emboozi etusiigira ekifaananyi eky'amazima ag'eby'omwoyo.**

2. Soma Lukka 18:9 Mu lugero luno Yesu yali asonze ku baani?
   **Eri abo abeesiga obutuukirivu bwabwe bwe bakoleredde … nga balowooza okuba nti bubasaanyiza mu maaso ga Katonda.**

3. Soma Lukka 18:9 (ekitundu ky'olunyiriri ekisembayo). Abantu abeemanyi obutuukirivu balina endowoza gye boolesa eri abalala. Okusinziira ku Lukka 18:9, endowooza eyo bagyolesa batya?
   **B. Banyooma bannaabwe, oba okubayisaamu amaaso.**

4. Soma Lukka 18:10. Abantu babiri baagenda okusaba, mu njogera ya leero baagenda kusabira wa?
   **Baagenda ku kkanisa.**

5. Soma Lukka 18:10. Abantu bano bali baani?
   **Omufalisaayo n'omuwooza w'omusolo.**

6. Soma Lukka 18:11. Omufalisaayo yasaba atya?
   **Katonda nkwebaza kubanga siri ng'abantu abalala aboonoonyi abafaanana ng'ono omuwooza w'omusolo.**

7. Soma Lukka 18:12. Okusiiba kitegeeza ki?
   **Okwesonyiwa eby'okulya okumala ekiseera ekigere.**

8. Soma Lukka 18:12. Okuwa ekimu eky'ekkumi kitegeeza ki?
   **Okuwaayo ebitundu kkumi ku nyingiza yo.**

9. Soma Lukka 18:13. Omuwooza yali ayimiridde wa?
   **Wala.**
   Lwaki?
   **Yali awulira ng'atasaanira kubeera mu kkanisa kubanga yali mwonoonyi, ng'awulira tasaanira mu maaso ga Katonda.**

10. Som18:13. Lwaki omuwooza yakoteka omutwe gwe wansi n'atatunula waggulu?
    **Yali awulira awulira ensonyi kubanga yali mwonoonyi, ng'awulira tasaanira mu maaso ga Katonda.**

11. Soma Lukka 18:13. Omuwooza ono essaala ye yali etya?
    **Katonda nsaasira; kubanga ndi mwonoonyi.**

12. Soma Lukka 18:14. Ku bassajja bano bombi, ani yalangirirwa okuba omutuukirivu ng'azzeeyo eka?
    **Omusolooza w'omusolo.**

13. Soma Lukka 18:14. Lwaki Omuwooza yalangirirwa okuba omutuukirivu, ate ne kitaba bwe kityo eri Omufalisaayo?
    **Omuwooza yeetowaza, naye omufalisaayo yali ajjudde amalala, ng'alowooza nti teyetaaga Mulokozi.**

14. Soma Lukka 18:14. Omusajja ono omuwooza, Katonda yamusonyiwa?
    **Yee.**

15. Soma Baruumi 10:13. Singa essaawa eno ofukamira ku maviivi go n'osaba Katonda okuva ku ntobo y'omutima gwo ng'ogamba nti, "Ayi Katonda onsaasire nze omwonoonyi," Katonda ayinza okukuyisa nga bwe yayisa omuwooza?
    **Yee. Agenda kukusonyiwa,era akunaazeeko obutali butuukirivu bwonna.**
    **Soma 1 Yokaana 1:8-9.**

# ESSOMO 3

# OBUTUUKIRIVU TUBUWEEBWA LWA KISA

### Omusomesa: Don Krow

Olwaleero tugenda kuyiga ku '**butuukirivu bwe tufuna olw'ekisa**.' Baruumi 3:21-23 wagamba nti; "*Kale kaakano tutegeere ng'obutuukirivu bwa Katonda tebutuweebwa lwa kugondera Mateeka. Ekyo kikakasibwa Amateeka ne Bannabbi. Obutuukirivu bwa Katonda butuweebwa olw'okukkiriza Yesu Kristo. Katonda tasosola. Ffenna twayonoona era tetusaanira kitiibwa kya Katonda.* [Kino kikulu] *Kubanga abantu bonna baayonoona,* [ne bagwa] *ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda.*"

Weetegereze, ekyawandiikibwa kino. Kigamba nti, "*Kale kaakano tutegeere ng'obutuukirivu bwa Katonda tebutuweebwa lwa kugondera Mateeka.*" Lumu nabuuza omuntu omu nti, "Olowooza oyinza kukola ki okusobola okutuuka mu ggulu?" Omuntu oyo y'addamu nti, "Nteekwa okukuuma amateeka ekkumi, nga ndi mwesigwa eri mukazi wange, nga nneeeyisa bulungi, n'ebirala nga mbikola bulungi." Kye nava mmubuuza nti, "Okimanyi ng'okugenda mu ggulu, mu kubeerawo kwa Katonda, mu bwakabaka bwe olina okuba n'obutuukirivu obw'enkanankana n'obutuukirivu bwa Katonda?" Yanziramu nti, "Ddamu mpulire! Teri muntu n'omu asobola kubeera na butuukirivu obwenkanankana n'obwa Katonda. Omuntu ali omu yekka eyalina obutuukirivu obwo, era oyo ye Yesu Kristo!" Namuddamu nti, "Oli ku mulamwa! Ekyo kituufu ddala! Tewali n'omu ku ffe eyali akuumye amateeka oba ebiragiro bya Katonda nga bwe kitugwanira mu bikolwa ne mu birowoozo byaffe, naye ate nga twetaaga obutuukirivu obwenkana n'obwa Katonda tusobole okukkirizibwa gy'ali."

Bwe kityo bwe kiri ddala mu nnyiriri 21-22, ewagamba nti, "*Naye kaakano obutuukirivu bwa Katonda awatali mateeka bulabisiddwa (butuweereddwa) era obutuukirivu bwa Katonda obwatuweebwa olw'okukkiriza Yesu Kristo eri bonna era ku bonna abakkiriza ...*" Ekika ky'obutuukirivu Katonda bw'atuwa, ggwe nange bwe butuukirivu obufunibwa "okuyita mu kukkiriza Yesu Kristo," era kiweebwa abo bonna bonna abakkiriza. Waliwo obutuukirivu bwa bika bibiri — obutuukirivu obw'omuntu n'obutuukirivu obwa Katonda. Obutuukirivu obw'omuntu ye muntu okufuba okweyisa obulungi n'ebikolwa ebirungi by'akola, naye ebyo si bye bikuleetera okukkirizibwa eri Katonda. Weetaaga obutuukirivu obwenkana n'obwa Katonda era asobola okubukuwa – nga bwe butuukirivu bwa Katonda obuteesigamye ku mateeka.

Mu mpandiika y'Oluyonaani, temuliimu kabonero kaawula mu mateeka, kino kitegeeza nti Katonda atuwa obutuukirivu awatali tteeka lyonna lye yeesigamyeko. Obutuukirivu obwesigamye ku mateeka, bwe butuukirivu bw'okolerera ng'osuubira nti Katonda ajja kukukkiriza olw'ebyo by'okoze. Amaddiini gonna mu nsi galina endowooza egamba nti 'olina okubaako ky'okola olyoke okkirizibwe mu maaso ga Katonda.' Ekigambo "Enjiri", kitegeeza "amawulire amalungi," era amawulire amalungi agali mu Njiri ge gano; Katonda atuwa obutuukirivu bwe, era n'atusembeza bwe tukkiriza Yesu Kristo kye yatukolera — okufa kwe ku musaalaba olw'ebibi byaffe kwe kwatuweesa obutuukirivu obwenkanankana n'amateeka. Buno bwe butuukirivu bwa

Katonda bwe tufuna obuteesigama ku mateeka, tetubukolerera, era tetubufuna nga y'ebyo bye tukoze; era obutuukirivu buno butuweebwa lwa kukkiriza Yesu Kristo.

Weetegereze ng'olunyiriri lwa 22 lwogera ku butuukirivu bwa Katonda obuva mu kukkiriza Yesu Kristo eri bonna. Lwaki Katonda obutuukirivu buno abuwa buli omu? *"Kubanga bonna baayonoona, ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda."* [Tewali wa njawulo]: Ggwe wayonoona, nange nayonoona ffena ne tugwa okuva ku mutindo n'okutuukirizibwa kwa Katonda. Oluvannyuma lw'ekibi okwenyingawo, kye tusinga okwetaaga, kwe kuddamu okukkirizibwa mu maaso ga Katonda, n'okuddamu okufuna enkolagana ennungi naye. Era kino Katonda yakituwa si lwa kutuukiriza mateeka wabula, lwa kuteeka kukkiriza kwaffe mu Yesu Kristo. Obutuukirivu bwa Katonda tebujja lwa kubukolerera, oba olw'okufuba kwo, wabula bujja lwa kukkiriza n'okuteeka obwesige bwo mu Mukama waffe Yesu Kristo eyafuba ku lwaffe.

Ibulayimu, (Abayudaaya mwe basibuka) yalokoka atya? Bayibuli egamba nti yakkiriza. Yakkiriza Katonda— kino kitegeeza nti yakkiriza ekisuubizo Katonda kye yamuwa, ekyo ne kimuweesa obutuukirivu. Eky'okulangirira Ibulayimu okubeera omutuukirivu mu maaso ga Katonda okuyita mu kukkiriza kwe, tekyakoma ku ye yekka. Mu Baruumi 3:21-23, tusoma ekyawandiikibwa ekitulaga nti omuntu alangirirwa okubeera omutuukirivu okuyita mu kukkiriza Yesu Kristo. Bayibuli egamba nti olw'omuwendo Kristo gwe yasasula ku musaalaba bwe yayiwa omusaayi gwe ku lw'ekibi kyaffe, obutuukirivu (enkolagana ennungi ne Katonda) bunaaweebwanga buli muntu yenna akkiriza Kristo.

Abaruumi 5:17 wagamba, "*Obanga olw'okwonoona kw'omuntu omu okufa kwabuna ku bantu bonna, abaliweebwa ekisa kya Katonda n'ekirabo eky'obutuukirivu, tebalisinga nnyo okufugira mu bulamu olw'omuntu omu Yesu Kristo?*" Katonda kaakano akuwa ekirabo eky'obutuukirivu, nga kino kye kirabo eky'okubeera n'enkolagana ennungi naye. Ekirabo wabaawo eyakisasulira, naye ggwe akifuna, ofuna kya bwereere. Bw'ompa ekirabo n'oŋŋamba nkisasulire, olwo ekyo tekiba kirabo. Katonda yawaayo obutuukirivu bwe eri ggwe nange ng'ekirabo, era ekirabo kino eky'obutuukirivu kitegeeza okuggyibwako omusango n'osaanira mu maaso ga Katonda, naye ng'ebyo byonna biva mu kukkiriza Yesu Kristo.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Tito 3:5. Obutuukirivu bwe twetaaga okukkirizibwa Katonda bwebwo bwe twekolera?

   **Tito 3:5** - *"N'atulokola si lwa bikolwa eby'obutuukirivu bwaffe wabula olw'okusaasira kwe mu kunaazibwa okw'okuzaalibwa okw'omulundi ogwokubiri n'okufuulibwa abaggya olw'Omwoyo Omutukuvu."*

2. Soma 2 Bakkoliso 5:21. Twetaaga butuukirivu bwa kika ki okukkirizibwa Katonda

   **2 Abakkolinso 5:21** - *"Oyo ataamanya kibi yafuulibwa ekibi ku lwaffe, ffe tufuulibwe obutuukirivu bwa Katonda mu ye."*

3. Soma Baruumi 3:22. Obutuukirivu tubufuna tutya?

   **Abaruumi 3:22** - *"Era n'obutuukirivu bwa Katonda obutuweebwa olw'okukkiriza Yesu Kristo eri bonna abamukkiriza kuba tewali njawulo."*

4. Soma Bafiripi 3:9. Obutuukirivu obw'amateeka kye kiki?

   **Abafiripi 3:9** – *"Ndabikire mu ye nga sirina butuukirivu bwange ku bwange, obuva mu kukwata amateeka wabula nga nnina obutuukirivu obuva mu kukkiriza Yesu Kristo era obuva eri Katonda obwesigamye ku kukkiriza."*

5. Soma Baggalatiya 2:21. Ngeri ki gye tunafuyaamu ekisa kya Katonda?

   **Abaggalatiya 2:21** - *"Ssidibya kisa kya Katonda, naye oba nga obutuukirivu buva mu mateeka, nga Kristo yafiira bwereere."*

6. Soma Baruumi 5:17. Obutuukirivu bwa Katonda tubufuna nga kiki?

   **Abaruumi 5:17** - *"Oba nga olw'omusago gw'omusntu omu okufa kwafuga wonna abo abaweebwa, ekisa kya Katonda mu bujjuvu n'ekirabo eky'obutuukirivu tebalisinga nnyo mu kufugira mu bulamu olw'oyo omu Yesu Kristo?"*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Tito 3:5. Obutuukirivu bwe twetaaga okukkirizibwa Katonda bwebwo bwe twekolera?
   **Nedda.**

2. Soma 2 Bakkoliso 5:21. Twetaaga butuukirivu bwa kika ki okukkirizibwa Katonda?
   **Obutuukirivu bwa Katonda (bwe tufuna okuyita mu Kristo).**

3. Soma Baruumi 3:22. Obutuukirivu tubufuna tutya?
   **Okuyita mu kukkiriza kwe tussa mu Kristo Yesu.**

4. Soma Bafiripi 3:9. Obutuukirivu obw'amateeka kye kiki?
   **Obutuukirivu bwe nneekolera okuyita mu bikolwa ebirungi.**

5. Soma Baggalatiya 2:21. Ngeri ki gye tunafuuyamu ekisa kya Katonda?
   **Tusobola okunafuya ekisa kya Katonda bwe tugezaako okwesiga ebikolwa byaffe okutulokola mu kifo ky'okwesiga Kristo n'okufa kwe okutulokola.**

6. Soma Baruumi 5:17. Obutuukirivu bwa Katonda tubufuna nga ki?
   **Tubufuna nga kirabo eky'obwereere.**

# ESSOMO 4

# ENKOLAGANA YO NE KATONDA

## Omusomesa: Andrew Wommack

Ekimu ku bintu ebisinga obukulu mu nkolagana zaffe, kwe kutegeera omuntu gw'ogenda okubeera naye mu nkolagana eyo, bwe kityo bwe kiri ne ku Katonda. Weetaaga okutegeera embeera n'engeri za Katonda, osobole okubeera n'enkolagana ennungi naye. Obutategeera mbala ya Katonda kye kimu ku nsonga lwaki abantu bangi tebalina nkolagana nnungi naye. Kino kyennyini kye kyaliwo mu lusuku lwa Edeni, Adam ne Eva bwe baakemebwa omusota. Baagwa mu kikemo era oluvannyuma ne bajeemera Katonda, era bwe kityo ffenna ne tusuulibwa mu kibi. Obutamanya mbala ya Katonda kyabaleetera okugwa mu kikemo.

Abantu abasinga obungi bamanyi bulungi ekyawandiikibwa mu Lubereberye 3:1-5: *"Naye kaakano omusota gwali mukalabakalaba okusinga zonna ez'omu nsiko Katonda ze yatonda. Ne gugamba omukazi nti, "Mpozzi Katonda yagamba nti temulyanga ku muti gwonna ogw'omu nnimiro? Omukazi n'agamba omusota nti, Tulya ku buli muti oguli mu nnimiro, naye Katonda yatugamba nti, 'temulyanga ku kibala ky'omuti oguli wakati mu nnimiro wadde okugukwatako muleme okufa.'" Naye omusota ne gugamba omukazi nti, Temugenda kufa. Kubanga Katonda amanyi nti lwe muligulyako, amaaso gammwe lwe galizibuka, era mulifaanana nga ye, okumanya ekirungi n'ekibi."*

Waaliwo ebigambo eby'obukalabakalaba (obukujjukujju) Setaani bye yakozesa wano ng'ekigendererwa mu byo kwe kukulaga nti Katonda mu butuufu si mulungi … yali agenderera okubalaga nti Katonda waaliwo kye yali yabakweka … nti era Katonda teyayagala bategeere buli kintu … nti yali tayagala babeere nga ye…era nti ensonga eyabagaanyisa okulya ku muti ogw'okumanya obulungi n'obububi ogwali mu lusuku kwali kubaziyiza na kubanyigiriza.

Setaani yawa ekifaananyi ekibi ku mbala ya Katonda bwe yamusiiga enziro ng'agamba nti Katonda yali tabaagaliza bafune. Ekintu kye kimu ekyo kye kiri ne ku bantu ba leero. Setaani abagamba nti, "Bw'ogoberera Katonda, era ne weewala ebyo ebikontana n'ekigambo kye tosobola kuba na ssanyu lya namaddala, era n'obulamu tebulikunyumira."

Eky'ennaku kwe kuba nti, abantu bwe bamala okulimbibwa Setaani, ne bakola bye baagala, omuli okunywa omwenge, obwenzi, obujeemu, okwetaba mu binyumu, oluusi ne bakola n'emirimu egy'ebbeeyi, n'ebirala bingi naye ate ne bamaliriza nga tebafunye ssanyu lya namaddala. Bagenda okuzuukuka ng'obulamu bwabwe babwonoonye, ng'amaka gaabwe gasaanyeewo, era nga n'obulamu bwabwe mu mubiri tebuli mu mbeera nnungi.

Amazima gali nti Katonda mulungi, era n'okwagala kwe gye tuli kwonna kulungi, naye Setaani akozesa ebikemo bye bimu olwaleero ng'ebyajjira Adamu ne Eva mu lusuku Edeni, okutulaga nti Katonda si mulungi kimala. Abantu abatasoma bulungi Bayibuli era nga tebagitegeera, bayinza

okufuna endowooza eyo (egamba nti Katonda si mulungi nnyo), kubanga waliwo n'eby'okulabirako mu Bayibuli we yayisiza abantu obubi mu ngeri ey'obukambwe. Mu Kubala 15:32-36, omusajja eyali alondalonda obuku ku Ssabiiti baamukuba amayinja ne bamutta olw'obutakwata bulungi lunaku lwa Ssabiiti. Ekyo kiwulikika nga kya bukambwe, naye waaliwo ekigendererwa emabega w'ebibonerezo ebyo. Newakubadde ng'ekyo si kyangu kya kulaba eri abantu abamu abasoma ebyawandiikibwa mu ngeri ey'okwanguyiriza.

Bw'onyiikira okusoma n'okwetegereza, okibikkulirwa nti amateeka mu Ndagaano Enkadde gaatekebwaawo omuntu alyoke amanye nti ekibi ddala kibi, ng'omutume Pawulo bw'ayogera mu Baruumi 7:13. Ensonga yali nti abantu baali tebateegera buzibu bwa bibi byabwe, n'engeri gye byanyiizangamu Katonda. Baakolanga ensobi ey'okwegeraageranya ne bannaabwe, n'okupima ebikolwa byabwe nga basinziira ku balala bye bakola.

Omuntu bwe yakolanga ekibi n'atattibwa, balowoozanga nti ekibi ekyo tekyabadde kya maanyi nnyo, bwe batyo omutindo gw'obutukuvu bwabwe ne bagujungulula okusinziira ku nneeyisa yaabwe. Baatuuka ekiseera nga tebakyasobola kwawula kirungi na kibi. Katonda yalina okukomyawo omuntu ng'amuzza ku mutindo omutuufu ogw'okubeera mu bulamu obutuufu, kimusobozese okwegaana Setaani n'ebikemo bye, n'oluvannyuma okumanya obuzibu obuyinza okuva mu kusalawo okubi. Ekyo yakikola ng'aleeta amateeka ate n'akakasa nti gagobererwa.

Amateeka g'Endagaano Enkadde Katonda teyagateekawo ng'agenderera kugamba nti, "Bwe mutagatuukirize gonna, sijja kubasembeza wadde okubaagala." Eyo si y'embala ya Katonda, era si y'enkola ye. Wabula, yatuwa amateeka okutusobozesa okumanya ekirungi n'ekibi tubeere nga tetusagaasagana era atukomyewo eri amazima ag'okukimanya nti twetaaga omulokozi. Obuzibu obuliwo kwe kuba nti, abantu baalowooza nti Katonda ayagala batuukirire mu bikolwa byabwe nga tanabaagala, oluvannyuma alyoke abaagale. Kino kye kireetera abantu okuba n'endowooza egamba nti Katonda abaagala okusinziira ku bikolwa byabwe. Balowooza nti okutuusa nga bakoze buli kintu mu butuufu bwakyo, tebagenda kukkirizibwa Katonda, naye ate ekyo Bayibuli si kyeyigiriza.

Katonda ky'ayagala kwe kutabagana n'omuntu so si kumusalira musango … si kubabalira bibi byabwe…si kubasalira musango olw'ebibi byabwe. Ekyo kye kyali ekigendererwa kya Katonda mu Bayibuli eri abantu era gwe mutima gwe gye tuli olwaleero. Twetaaga okukitegeerera ddala nti, *'Katonda Kwagala.'* (1Yokaana 4:8). Ky'anoonya, kwe kuggyawo ebibi byo na buli kimu ekiyinza okukwawukanya naye. Ekyo yamala dda okukikola okuyita mu Kristo Yesu, era kati ky'ayagala ofune olwaleero, kwe kuba n'enkolagana naye, kino nga takyesigamya ku bikolwa byo, wabula oteeke okukkiriza kwo mu ky'okuba nti Yesu Kristo omulokozi wo, yeetikka ebibi byo. Osobola okubeera n'enkolagana ne Katonda olwaleero nga tofudde ku kulemererwa kwo mu bulamu. Katonda ky'akusaba, kwe kwerabira byonna ebikulemye emabega eri, okukkiriza kwo okuteeke mu Mukama Yesu Kristo.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Lubereberye 3:1. Kibuuzo ki Setaani kye yabuuza Eva?

   **Lubereberye 3:1** *"Naye omusota gwali mukalabakalaba okusinga ensolo zonna ez'omu nsiko Mukama Katonda ze yali akoze. Ne gugamba omukazi nti, Katonda yabagamba nti temulyanga ku muti ggwonna ogw'omu lusuku?"*

2. Soma Lubereberye 2:17, ne Lubereberye 3:3. Bigambo ki, oba kigambo ki, Eva kye yayongera kw'ebyo Katonda bye yagamba Adamu?

   **Lubereberye 2:17**. *"Naye omuti ogw'okumanya ekirungi n'ekibi ogwo togulyangako kubanga lw'oligulyako tolirema kufa."*

   **Lubereberye 3:3** *"Kyokka Katonda yatulagira nti 'Temulyanga ku kibala ky'omuti oguli wakati mu nnimiro wadde okugukwatako muleme okufa.'"*

3. Soma Lubereberye 3:6. Setaani bwe yamala okuteeka obutakkiriza mu ndowooza ya Eva, Eva yakola ki mu Lubereberye 3:6?

   **Lubereberye 3:6.** *"Awo omukazi bwe yalaba ng'omuti mulungi okulya, era nga gusanyusa okutunuulako, era gw'egombebwa okuleeta amagezi, n'anoga ekibala kyagwo n'alya; n'awaako ne bba naye n'alya."*

4. Soma Lubereberye 3:9-10. Oluvannyuma lwa Adamu ne Eva okwonoona, Katonda yeeyongera okuwuliziganya nabo n'okukolagana nabo?

   **Lubereberye 3:9-10.** *"Awo Mukama Katonda n'ayita Adamu n'amugmba nti oli ludda wa? N'addamu nti mpulidde eddoboozi lyo mu lusuku ne ntya, kubanga mbadde bwereere, ne n'neekweka."*

5. Soma Lubereberye 3:22-24. Lwaki Katonda yagoba Adamu ne Eva mu lusuku?

   **Lubereberye 3:22-24** - *"Awo Mukama Katonda n'agamba nti omuntu afuuse ng'omu ku ffe okumanyanga ekirungi n'ekibi; kale kaakano talwa kugolola mukono gwe n'anoga ku muti ogw'obulamu n'alya n'awangaala emirembe gyonna. Bw'atyo Mukama Katonda n'agoba omuntu mu nnimiro Edeni agende alimenga ettaka mwe yaggyibwa. Bwe yamala okugobamu omuntu, n'atekamu Bakerubi n'ekitala ekimyansa eky'obwogi obubiri, okukuuma ekkubo erigenda ku muti ogw'obulamu."*

6. Okiraba nti kino kyali kikolwa kya kusaasira okuva eri Katonda nga tekyali kibonerezo?**.**

7. Soma Baruumi 5:17. Tufuna tutya ekisa kya Katonda mu bujjuvu n'ekirabo eky'obutuukirivu?

A.Tukigula.
B. Tukifuna nga tukoze.
C.Tukitoola.

**Abaruumi 5:17 – "***Obanga olw'okwonoona kw'omuntu omu okufa kwabuna, abaliweebwa ekisa kya Katonda n'ekirabo eky'obutuukirivu, tebalisinga nnyo okufugira mu bulamu olw'omuntu omu Yesu Kristo?"*

8. Soma Baruumi 6:23. Kiki ddala kye tugwanira okufuna nga twonoonye?

**Abaruumi 6:23 –** *"Empeera y'ekibi kwe kufa, naye ekirabo kya Katonda, bwe bulamu obutaggwaawo mu Yesu Kristo Mukama waffe."*

9. Olw'ekisa, Katonda atuwaamu ki?

10. Soma Baruumi 10:3. Bwe tugezaako okukkirizibwa mu maaso ga Katonda nga tusinziira ku butuukirivu obwaffe, olwo tuba tulemeddwa kukola ki?

**Abaruumi 10:3 – "***Mu butamanya butuukirivu bwa Katonda, bagezaako okwenoonyeza obutuukirivu, nga bagondera amateeka mu kifo ky'okugondera obutuukirivu bwa Katonda."*

11. Soma 1 Yokaana 1:9. Ne Baruumi 4:3. Katonda asuubiza kukolera ki ebibi byaffe BYONNA n'ebyonoono byaffe singa tumukkiriza?

**1 Yokaana 1:9 – "***Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna."*

**Abaruumi 4:3 – "***Ebyawandiikibwa bitugamba bitya? Ibulayimu yakkiriza Katonda ne kimubalirwa okuba obutuukirivu."*

12. Kino kyogera ki gy'oli ku mbala ya Katonda?

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Lubereberye 3:1. Kibuuzo ki Setaani kye yabuuza Eva?
   **Ddala Katonda yayogera nti temulyanga ku buli muti oguli mu lusuku?**

2. Soma Lubereberye 2:17 ne Lubereberye 3:3. Bigambo ki, oba kigambo ki, Eva kye yayongera kw'ebyo Katonda bye yagamba Adamu?
   **Yagamba nti tebagukwatangako.**

3. Soma Lubereberye 3:6. Setaani bwe yamala okuteeka obutakkiriza mu ndowooza ya Eva, Eva yakola ki mu Lubereberye 3:6?
   **N'anoga n'alya ekibala.**

4. Soma Lubereberye 3:9-10. Oluvannyuma lwa Adamu ne Eva okwonoona, Katonda yeeyongera okuwuliziganya nabo, n'okukolagana nabo?
   **Yee.**

5. Soma Lubereberye 3:22-24. Lwaki Katonda yagoba Adamu ne Eva mu lusuku?
   **Baleme okulya ku muti ogw'obulamu, baleme okubeerawo olubeerera mu mbeera ey'obwonooonefu.**

6. Okiraba nti kino kyali kikolwa kya kusaasira okuva eri Katonda nga tekyali kibonerezo?
   **Yee.**

7. Soma Baruumi 5:17. Tufuna tutya ekisa kya Katonda mu bujjuvu n'ekirabo eky'obutuukirivu?
   **C.Tukitoola.**

8. Soma Baruumi 6:23. Kiki ddala kye tugwanira okufuna nga twonoonye?
   **Kufa.**

9. Olw'ekisa, Katonda atuwaamu ki?
   **Obulamu obutaggwaawo mu Kristo Yesu.**

10. Soma Baruumi 10:3. Bwe tugezaako okukkirizibwa mu maaso ga Katonda nga tusinziira ku butuukirivu obwaffe, olwo tuba tulemeddwa kukola ki?
    **Tulemererwa okugondera Yesu nti ye bwe butuukirivu bwaffe.**

11. Soma 1 Yokaana 1:9. Ne Abaruumi 4:3. Katonda asuubiza kukolera ki ebibi byaffe BYONNA n'ebyonoono byaffe singa tumukkiriza?
    **Abiggyawo, n'abyerabira, era n'abisonyiwa.**

12. Kino kyogera ki gy'oli ku mbala ya Katonda?
    **Ajjudde okusaasira n'okwagala.**

## ESSOMO 5

# KATONDA KY'ALI

### Omusomesa: Andrew Wommack

Okubeera n'enkolagana ennungi ne Mukama, tulina okumanya embala ye. Nga twebuuza nti ono ye Katonda omunyiivu olw'ekibi kyaffe, oba ye Katonda ajjudde okusaasira, era ayagala okutuwa obulamu bwe n'omukisa gwe nga tasinziira ku bikolwa byaffe? Mu butuufu ebyawandiikibwa bituwa ebifaananyi bibiri eby'enjawulo ebikwata ku Katonda, si lwa kuba nti yakyuka oba nti yakyusa enkola gy'akolamu ebintu. Waaliwo ebiseera nga Bayibuli bw'ekirambika, Katonda lwe yabonerezanga abantu olw'ebibi byabwe.

Kino oyinza okukigeraageranya ku kukuza abaana. Bwe baba bakyali bato nnyo kizibu okubannyonnyola ekintu ne bakitegeera. Kizibu okubannyonnyola nti balina okweyisa obulungi nga bazannya ne bannaabwe nga tebeeyagaliza bokka. Abaana olina okubawa amateeka, era nga singa basobya, baweebwa ebibonerezo okubakwasisa empisa. Amateeka galina okuteekebwa mu nkola wadde ng'abaana abo baba tebamanyi Katonda, era nga tebakimanyi nti bwe beeyisa obubi baba bawadde Setaani omwagaanya. Bayinza obutategeera nsonga lwaki obagaanye, naye bagenda kumala bakitegeere nti bwe bamenya amateeka babonerezebwa.

Mu ngeri y'emu, bw'atyo Katonda bwe yakolanga mu Ndagaano Enkadde. Abantu bwe baali nga tebannasobola kulokoka, baali tebalina kumanya kwa mwoyo nga kwe tulina mu Ndagaano Empya. N'olw'ensonga eyo, Katonda yali alina okubawa amateeka, era ng'ag'abakwasisa n'ebibonerezo oluusi ebyabangamu n'okufa, okusobola okubaziyiza okwonoona. Olw'okuba Setaani yali azikiriza abantu okuyita mu kibi, waali walina okubaawo engeri Katonda gy'akugiramu abantu obutakola kibi, era okukugirwa okwo kwali kulina okuteekebwa mu nkola n'ebibonerezo. Newakubadde nga kino kyaleetawo endowooza enkyamu nti Katonda yali tatwagala olw'ekibi, ekyo Ekigambo kya Katonda si kye kiyigiriza. Baruumi 5:13 wagamba nti, *"Kituufu ekibi kyaliwo mu nsi nga amateeka tegannaweebwa, naye ekibi tekibalibwa, awatali mateeka."*

"Okutuusa ng'amateeka gazze," kitegeeza nti okutuuka mu biseera bya Musa lwe yaweebwa amateeka ekkumi wamu n'amateeka ag'emikolo agaali gakwata ku Bayudaaya. Amateeka okujja, ekibi kyaliwo mu nsi, naye nga tekibalirwa bantu.

Waliwo ekigambo "okubalirwa" kikozesebwa babazi ba bitabo. . Eky'okulabirako, bw'oba oliko by'oyagala okugula naye nga tolina ssente, ow'edduuka omugamba abikuwe, awandiike mu kitabo ky'amabanja. By'oggyeeyo bwe biwandiikibwa mu kitabo ky'amabanja, bibeera kikubalirwako era ng'olina okubisasulira. Bwe batabiwandiika mu kitabo ky'amabanja, tebalina bwe bakikubalirako, era tebasobola kukubanja.

Ekyawandiikibwa kino kitegeeza nti ekibi kyaliwo ng'amateeka ekkumi teganajja, wabula

ng'abantu tekyababalirwangako. Ekyo kyewuunyisa nnyo. Soma mu Luberyeberye 3 ne 4. Abantu abasinga obungi balowooza nti Adamu ne Eva bwe baayonoona mu maaso ga Katonda, olw'okuba nga Katonda yali mutukuvu yamenyerawo ddala enkolagana ye nabo. Balowooza nti Katonda yagoba omuntu okuva mu lusuku amuggye mu kubeerawo kwe, kubanga Katonda omutukuvu yali takyasobola kukolagana na muntu mwonoonyi. Era balowooza nti okutuusa ng'olongoosezza enneeyisa yo n'okola ebirungi, Katonda tasobola kuba na nkolagana nnungi naawe. Endowooza eyo ekontana n'Enjiri ya Yesu gye yaleeta. Baruumi 5:8 wagamba nti, "*Katonda yalaga okwagala kwe gyetuli nga tukyali boonoonyi, Kristo yatufiirira.*" N'olwekyo Endagaano Empya etuyigiriza nti Katonda yatwagala nga tukyali mu kibi, so si nga tumaze okulongoosa ebikolwa byaffe. Agamu ku mazima agasingira ddala obukulu agagenda okukyusa obulamu bwo, kwe kutegeera nti Katonda akwagala nga bw'oli. Akwagala nnyo era akimanyi nti bw'omala okukkiriza okwagala kwe togenda kusigala kye kimu. Okwagala kwe kujja kukukyusa, nga n'okukyuka kwo kuzze lwakuba nti Katonda y'eyasooka okukwagala so si lwa kuba oyagala akwagale.

Mu Luberyeberye 4, okiraba nga Katonda yasigala assa kimu n'omuntu, ng'akyayogera ne Adamu ne Eva oluvannyuma lw'okwonoona kwabwe. Yayogera ne Kayini mu ddoboozi ery'omwanguka. Okusinziira ku ngeri gye baddangamu tukiraba nti baali baamanyiira okwogera ne Katonda, n'okuwulira eddoboozi lye era baali tebaliimu wadde okutya kwonna. Kayini bwe yatta muganda we bw'atyo n'afuuka omutemu eyasooka ku nsi, eddoboozi lya Katonda eriwulikika lyayogera okuva mu ggulu, nga limubuuza nti; "Ali wa muganda wo?" Kayini yalimba Katonda awatali kutya. Ekyo kisobola kubaawo ku muntu amanyidde okuwulira eddoboozi lya Katonda era nga telikyamutiisa. Bino byonna biraga nti Katonda yasigala akolagana n'omuntu era teyamenyawo nkolagana eyo oluvannyuma lw'okwonoona kw'Adamu ng'abasinga obungi bwe balowooza. Yali tababalira kibi kyabwe.

Ekyo kitegeeza nti yali abawagira bakole ekibi, oba nti tebaali mu nsobi? Nedda, yali tabawagira era eyo y'ensonga lwaki oluvannyuma yateekawo amateeka. Katonda yalina okuteekawo amateeka asobole okuzzaayo omuntu ku mutindo ogusinga obulungi. Katonda yayagala okulaga omuntu nti yeetaaga omulokozi era nti alina okufuna okusonyiyibwa kw'ebibi bye ng'ekirabo eky'obuwa.

Eky'ennaku kwe kuba nti eddiini yakyusakyusa ekigendererwa kya Katonda mu kuwa amateeka, ng'eyigiriza nti amateeka gaateekebwawo abantu bagakwate, nti olwo nno balyoke basonyiyibwe, era bakkirizibwe mu maaso ga Katonda. Nedda, ekyo si kituufu! Ekigendererwa ky'amateeka mu Ndagaano Enkadde, kwali kuzimbulukusa kibi okutuusa ng'omuntu aweddemu essuubi ly'okwerokola, alyoke awanike era agambe nti, "Ayi Katonda guno bwe guba nga gwe mutindo gw'obutukuvu bwo gwe weetaaga, sisobola kugutuukiriza. Nkusaba ekisonyiwo, onsaasire." Okuva edda n'edda, omulamwa gw'embeera za Katoda kubaddenga kwagala.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Abaruumi 5:13. Ekigambo "okubalirwako" kitegeeza ki?

   **Abaruumi 5:13** – *"Kubanga okutuusa ku mateeka ekibi kyali mu nsi: naye ekibi tekibalibwa, awataba mateeka."*

2. Soma Abaruumi 7:7. Amateeka gaatekebwawo lwa kigendererwa ki?

   **Abruumi 7:7 –** *"Kale tunaayogera ki? Amateeka kye kibi? Kikafuuwe. Singa tewaali mateeka, sanditegedde kibi. N'okwegomba kw'omubiri sandikutegeeredde ddala singa amateeka tegaagamba nti, "Teweegombanga."*

3. Soma Abaggalatiya 3:24. Okusinziira ku lunyiriri luno amateeka gaalina kigendererwa ki?

   **Abaggalatiya 3:23-24** - *"Naye okukkiriza nga tekunnajja, twafugibwanga mateeka, nga tusibibwa olw'okukkiriza okugenda okubikkulwa; [24] Bwe kityo ge gaali gatukuuma, galyoke gatutuuse eri Kristo, tulyoke tuweebwe obutuukirivu olw'okumukkiriza. [25] Naye okukkiriza bwe kwajja, ng'olwo tetukyetaaga mateeka kutukuuma."*

4. Soma Yokaana 8:1-11. Omukazi eyakwatibwa mu bwenzi Yesu yamuyisa atya?

   **Yokaana 8:1-11** - *"Awo Yesu n'alaga ku lusozi olwa Zeyituuni. [2] Ku makya ennyo n'akomawo mu Yeekaalu, abantu bonna ne bajja gy'ali, n'atuula n'abayigiriza. [3] Awo abannyonnyozi b'amateeka n'Abafalisaayo ne baleeta omukazi gwe baakwata ng'ayenda, ne bamuteeka wakati mu maaso g'ekibiina. [4] Ne bagamba Yesu nti, "Omuyigiriza, omukazi ono akwatibbwa ng'ayenda. [5] Amateeka Musa ge yatulagira gagamba kubakuba mayinja abali ng'ono. Noolwekyo ggwe ogamba otya ku nsonga eyo?" [6] Ekyo baakyogera nga bamugezesa, bafune kye banaasinziirako okumuwawaabira. Naye Yesu n'akutama n'awandiika ku ttaka n'olunwe. [7] Bwe beeyongera okumubuuza, n'akutaamulukuka, n'agamba nti, "Mu mmwe atayonoonangako y'aba asooka okumukuba ejjinja." [8] N'addamu okukutama, era n'awandiika ku ttaka n'olunwe. [9] Bwe baawulira ebyo, ne baseebulukuka kinnoomu, abasinga obukulu nga be basoose, okutuusa Yesu n'omukazi bwe baasigalawo bokka mu maaso g'ekibiina. [10] Awo Yesu n'akutaamulukuka ate, n'abuuza omukazi nti, "Abakuwawaabira baluwa?" [11] Omukazi n'amuddamu nti, "Mukama wange, tewali n'omu."*

5. Ebikolwa bya Yesu n'ebigambo bye byalagira ddala embeera n'engeri za Katonda? Soma Yokaana 3:34.

   **Yokaana 3:34 – "***Kubanga oyo eyatumwa Katonda ategeeza ebigambo bya Katonda, n'Omwoyo gw'agaba tagerebwa."*

6. Soma 1Yokaana 4:8. Okusinziira ku 1 Yokaana 4:8. Ekikula kya Katonda ekituufu kye ki?

**1 Yokaana 4:8 – "***Naye buli atalina kwagala tamanyi Katonda, kubanga Katonda kwagala."*

7. Soma Baruumi 5:6. Katonda yatwagala nga tukyali bantu ba ngeri ki?

   **Abaruumi 5:6 – "***Bwe twali tukyali banafu wakati mu bibi, Kristo yatufiirira ffe aboonoonyi."*

8. Soma Baruumi 5:8. Katonda yatwagala tuli tutya?

   **Abaruumi 5:8 – "***Kyokka Katonda alaga okwagala kwe gye tuli mu ngeri eno: bwe twali tukyali boonoonyi, Kristo n'atufiirira."*

9. Soma Baruumi 5:10. Katonda yatwagala tuli tutya?

   **Abaruumi 5:10 –** *"Kale oba nga bwe twali tukyali balabe ba Katonda twatabaganyizibwa naye mu kufa kw'Omwana we, bwe tutabagana naye tetulisingawo nnyo okulokolebwa olw'obulamu bwe?"*

10. Singa osaba Yesu Kristo akusonyiwe ebibi byo era abeere Omulokozi era Mukama w'obulamu bwo, nga weesiga okwewaayo kwe olw'okusasula omutango ogw'ebibi byo, Katonda asobola okukulaga embeera ze zennyini ezijjude okusaasira n'ekisa?

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Baruumi 5:13. Ekigambo "okubalirwako" kitegeeza ki?
   **Kitegeeza kuvunaanyizibwa oba kuvunaanibwa.**

2. Soma Baruumi 7:7. Amateeka gaatekebwawo lwa kigendererwa ki?
   **Okumanyisa abantu ekibi.**

3. Soma Baggalatiya 3:24. Okusinziira ku lunyiriri luno amateeka gaalina kigendererwa ki?
   **Okulaga abantu nti baali beetaaga Obulokozi Yesu Kristo.**

4. Soma Yokaana 8:1-11. Omukazi eyakwatibwa mu bwenzi Yesu yamuyisa atya?
   **Yamusaasira era naamukwatirwa ekisa.**

5. Ebikolwa bya Yesu n'ebigambo bye byalagira ddala omulamwa gw'embeera za Katondan'engeri ze? Soma Yokaana 3:34.
   **Yee.**

6. Soma 1 Yokaana 4:8. Okusinziira ku 1 Yokaana 4:8. Ekinyusi mu mbeera za Katonda kye ki ...?
   **Kwagala.**

7. Soma Baruumi 5:6. Katonda yatwagala nga tukyali bantu ba ngeri ki?
   **Nga tuli boonoonyi abatasobola kweyamba.**

8. Soma Baruumi 5:8. Katonda yatwagala tuli tutya?
   **Yatwagala tuli boonoonyi.**

9. Soma Baruumi 5:10. Katonda yatwagala tuli tutya?
   **Nga tuli balabe be.**

10. Singa osaba Yesu Kristo akusonyiwe ebibi byo era abeere Omulokozi era Mukama w'obulamu bwo, nga weesiga okwewaayo kwe olw'okusasula omutango ogw'ebibi byo, Katonda asobola okukulaga omulamwa gw'embeera ze ogujjudde okusaasira n'ekisa?
    **Yee.**

## ESSOMO 6

# OKWENENYA

### Omusomesa: Don Krow

Abantu abamu ekigambo 'okwenenya' baakitegeera bubi. Okwenenya si kutuukirira, wabula kwe kuva mu kibi ky'obaddengamu, n'okola ekituufu. Tugenda kwogera ku lugero lw'omwana eyazaawa. Yesu agera olugero luno ng'annyonnyola omuntu okwenenya kye kutegeeza. Mu Lukka 15:11-12: *"N'agamba nti, "Waaliwo omuntu eyalina batabani be babiri: omuto n'agamba kitaawe nti, Kitange, mpa omugabo gw'ebintu oguŋŋwanidde. Kale n'abagabanyiza ebintu eby'obulamu bwe."*

Omutabani omuto yayagala omugabo gwe nga kitaawe tannaba kufa, ekitali kya bulijjo, naye kitaawe n'akkiriza okusaba kwe, era n'abagabanyiza obusika bwabwe. Olunyiriri 13 lugamba, *"Awo oluvannyuma lw'ennaku si nnyingi, omwana oyo omuto n'akuŋŋaanya ebibye byonna, n'atambula n'agenda mu nsi ey'ewala; n'asaasaanyiza eyo ebintu bye mu mpisa embi."* Omulenzi ono omuto bwe yamala okufuna omugabo gwe, n'agenda mu nsi eyeewala n'asaasanyiza eyo ebibye mu bulamu obw'ebinyumu. Enzivuunula emu egamba nti, "Obuggagga bwe yabusaasanyiza mu binyumu ne mu bamalaaya."

Enyiriri 14 ne 15 zigamba nti, *"Awo bwe yamala okubirya byonna, enjala nnyingi n'egwa mu nsi omwo, n'atandika okudaagana. N'agenda ne yeegatta n'omwami ow'omu nsi eyo; omwami oyo n'amusindika mu kyalo kye okulundanga embizzi. Ne yeegombanga okukkuta ebikuta embizzi bye zaalyanga: ne watabaawo muntu amuwa."* Jjukira nti yali amaze okwonoona eby'obusika bwe byonna. Enzivunuula ezimu zigamba nti; *"Naye bwe yeekuba mu kifuba."* Olunyiriri 17 lugamba nti; *"Naye bwe yeddamu, n'agamba nti, Abaweereza bameka ab'empeera aba kitange abakkuta emmere ne balemwa, nange nfiira wano enjala!"* Tukiraba nti, bwe yeddamu yajjukira nti abaweereza ba kitaawe baalyanga emmere n'ebalemerawo, kyokka ye omwana ng'enjala ebula kumutta.

N'asalawo yeenenye. Okwenenya kuba kukyusa ndowooza…kuba kukyusa mutima, ekiviirako omuntu okukyuka n'ava mu kkubo eritali ddungi mw'abaddenga atambulira, n'akwata eddala. Mu nnyiriri 18 ne19 wagamba nti, *"N'agolokoka ne ŋŋenda eri kitange, mmugambe nti Kitange, nnyonoonye eri eggulu ne mu maaso go; sikyasaana kuyitibwa mwana wo; nfuula ng'omu ku baweereza bo ab'empeera."* Bw'atyo n'asituka n'addyo ewa kitaawe. Okwenenya kusukka ku kukyusa obukyusa endowooza n'omutima, naye kuleetera omuntu okuteeka ekyo ky'akkiriza mu nkola, n'akyukira ddala, era n'akwata ekkubo ettuufu. Ffena twali twakyuka ne tuva ku Katonda Kitaffe, era ne tuva ku by'eggulu, so nga y'ewaffe. Mu Isaaya 53:6 Bayibuli egamba nti, *"Ffe fenna twawaba ng'endiga; twakyamira buli muntu mu kkubo lye ye."* Naye Katonda yatwala ebibi byaffe byonna n'abitikka Yesu Kristo.

Olugero lweyongerayo mu nnyiriri 20 okutuuka 24, *"N'agolokoka n'agenda eri kitaawe. Naye yali ng'akyali wala, kitaawe n'amulengera, n'amusaasira, [okwagala kwava mu mutima gwa*

*Taata ku lw'omwana we] n'adduka, n'amugwa mu kifuba, n'amunywegera nnyo. Oyo omwana n'amugamba nti, Kitange, nnyonoonye eri eggulu ne mu maaso go; sikyasaana kuyitibwa mwana wo. Naye kitaawe n'agamba abaddu be nti, Mugende muleete mangu olugoye olusinga zonna, mulumwambaze: mumunaanike empeta ku ngalo, n'engatto mu bigere bye: muleete n'ennyana eya ssava, mugitte, tulye, tusanyuke; kubanga omwana wange ono yali afudde, azuukidde; yali azaaye, azaawuse. Ne batandika okusanyuka."* (Obukomera nze mbutaddemu).

Lumu, kino nnina omuntu gwe nakigamba, n'anziramu nti, "Yesu ky'ayogerako nange nkiraba. Singa nkyukira Kitaffe ali mu ggulu ne mmusaba ansaasire, nga mmugamba nti, 'Kitange nayonoona mu maaso go, era sisaanira kuyitibwa mwana wo, ajja kunzikiriza.'" Kitaffe ow'omu ggulu ajja kukusaasira, era tajja kukufuula muddu. Ajja kukukomyawo mu kifo kyo ng'omwana we. Katonda akulinze. Wali wamuvaako? Olwaleero lwaki tokyuka n'okomawo eri Katonda Kitaawo ow'omu ggulu ewammwe?

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Nyonnyola ekigambo Okwenenya kye kitegeeza:

   **Lukka 13:1-5** - *"Mu kiseera ekyo ne wabaawo abategeeza Yesu nga Piraato bwe yatta Abagaliraaya, omusaayi gwabwe n'agutabula mu biweebwayo byabwe. [2] Yesu n'abagamba nti, "Mulowooza nti Abagaliraaya abo baali boonoonyi nnyo okusinga Abagaliraaya abalala bonna, balyoke baboneebone batyo? [3] Nedda! Mbagamba nti bwe muteenenya nammwe mugenda kuzikirira ng'abo bwe baazikirira. [4] Ate bali ekkumi n'omunaana omunaala gwa Sirowamu be gwagwako, ne gubatta, mulowooza be baali basinga obwonoonyi okusinga abantu abaabeeranga mu Yerusaalemi bonna? [5] Nedda! Mbagamba nti bwe muteenenya nammwe bwe mugenda okuzikirira bwe mutyo."*

2. Soma Lukka 13:1-5. Omuntu alina kukola ki obutazikirira?

3. Soma 2 Peetero 3:9. Kiki Katonda ky'ayagaliza abantu bonna bakole?

   **2 Peetero 3:9** - *"Mukama waffe taludde kutuukiriza ekyo kye yasuubiza ng'abamu bwe balowooza. Wabula ye akyabagumiikiriza, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna beenenye."*

4. Soma Lukka 16:19-31. Mu Lukka 16:28. Lwaki omusajja omuggagga yayagala wabeewo omuntu akomawo okuva mu bafu ayogere ne baganda be abaali ku nsi?

   **Lukka 16:19-31** - *"Awo Yesu n'abagamba nti, "Waaliwo omusajja omugagga ennyo, eyayambalanga engoye ez'effulungu ne linena era bulijjo ng'abeera mu masanyu era ng'alya ebyassava. [20] Waaliwo n'omusajja omwavu erinnya lye nga ye Laazaalo nga mulwadde ng'ajjudde amabwa ku mubiri gwe, eyateekebwanga ku mulyango gw'ennyumba y'omusajja oyo omugagga. [21] Laazaalo ne yeegombanga okulya obukunkumuka obwagwanga wansi nga buva ku mmeeza ya nnaggagga. N'embwa zajjanga ne zikomberera amabwa ga Laazaalo. [22] "Ekiseera kyatuuka omusajja omwavu n'afa, bamalayika ne bamutwala mu kifuba kya Ibulayimu. Oluvannyuma n'omugagga naye n'afa, n'aziikibwa. [23] Naye ng'ali eyo mu magombe mu kubonaabona, n'atunula waggulu n'alaba Laazaalo ng'ali mu kifuba kya Ibulayimu. [24] N'akoowoola nti, 'Kitange Ibulayimu, nsaasira, ontumire Laazaalo oyo annyike olugalo Lwe mu mazzi, nkombeko, naye olulimi lumbabuukirira nnyo mu muliro guno ogumbonyaabonya!' [25] "Naye Ibulayimu n'amuddamu nti, 'Mwana wange, jjukira nga mu biseera byo ng'okyali mulamu wafuna ebirungi bye weetaaganga, naye nga Laazaalo ye afuna bibi. Kaakano Laazaalo asanyusibwa naye gwe oli mu kubonaabona. [26] Ate n'ekirala, wakati waffe nammwe waliwo olukonko luwanvu nnyo olutwawula, omuntu ali eno bw'ayagala okujja eyo akoma awo ku mugo gwalwo, n'oyo ali eyo ayagala okujja eno tasobola.' [27] "Awo nnaggagga n'ayaziirana nti, 'Ayi kitange Ibulayimu, nkwegayiridde ntumira Laazaalo oyo mu maka ga kitange, [28] kubanga nninayo abooluganda bataano, abandabulire, bwe balifa baleme kujja mu kifo kino ekirimu okubonaabona*

*okwenkanidde wano.' [29] Naye Ibulayimu n'amugamba nti, 'Balina Musa ne bannabbi, kale bawulire abo.' [30] "Omugagga n'addamu nti, 'Nedda, kitange Ibulayimu, singa batumirwa omuntu ng'ava mu bafu, bajja kwenenya.' [31] "Awo Ibulayimu n'amugamba nti, 'Obanga tebagondera Musa ne bannabbi, newaakubadde alizuukira okuva mu bafu talibakkirizisa.' "*

5. Soma Lukka 16:30. Ab'oluganda bano baalina kukola ki obutagenda mu kifo kino eky'okubonaabona (ggeyeena)?

   **Lukka 16:30** - *"Omugagga n'addamu nti, 'Nedda, kitange Ibulayimu, singa batumirwa omuntu ng'ava mu bafu, bajja kwenenya."*

6. Soma Ebikolwa 26-18. Newankubadde nga tekiragibwa nti olunyiriri luno lwogera ku kwenenya. Kiki ekituuka kw'abo abeenenya?

   **Ebikolwa 26:18** - *"... Okuzibula amaaso gaabwe bakyuke bave mu kizikiza badde eri omusana, n'okuva mu buyinza bwa Setaani, badde eri Katonda balyoke basonyiyibwe ebibi bafunire wamu omugabo gwa Katonda n'abo abatukuzibwa olw'okunzikiriza'."*

7. Soma Ebikolwa 26:20. Mu katundu akasembayo mu lunyiriri luno waliwo ebintu bisatu ebyogerwako bannamawanga bye baalina okukola. Ebintu ebyo bye biruwa?

   **Ebikolwa 26:20** - *"Naye ne nsookera ku b'omu Damasiko, ne nzizaako ab'omu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya mwonna, n'eri Abaamawanga, nga mbategeeza beenenye bakyukire Katonda, era bakolenga ebikolwa eby'okwenenya ebisaanira."*

8. Soma Matayo 7:21-23. Kiki Yesu kyayogerako abantu bano kye baali baakola mu kifo ky'okukola okwagala kwa Katonda?

   **Matayo 7:21-23** -*"Si bonna abampita nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe,' be baliyingira obwakabaka obw'omu ggulu, wabula abo bokka abakola ebyo Kitange ali mu ggulu by'ayagala. Ku lunaku luli bangi baliŋŋamba nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe, twayogeranga eby'obunnabbi mu linnya lyo, era ne tugoba ne baddayimooni mu linnya lyo, ne tukola n'ebyamagero bingi mu linnya lyo.' Ndibaddamu nti, 'Sibamanyi, muve mu maaso gange, kubanga ebikolwa byammwe byali bibi."*

9. Kino kiraga ki ku mugaso gw'okwenenya okutuufu okusinga okwogera obwogezi eri Katonda?

10. Soma Isaaya 55:7. Omubi alina kukola ki?

    **Isaaya 55:7** -*"Omubi aleke ekkubo lye, n'atali mutuukirivu aleke ebirowoozo bye. Leka adde eri Mukama naye anaamusaasira, adde eri Katonda waffe kubanga anaamusonyiyira ddala."*

11. Bintu ki ebibiri oyo atali mutuukirivu by'alina okukola?

12. Katonda alikolera ki omuntu akoze ebintu ebyo by'omenye waggulu?

13. Soma Lukka 15:7. Eggulu likola litya singa omuntu aba ng'alokose?

    **Lukka 15:7 - "***Mbagamba nti Bwe kityo linaabanga ssanyu mu ggulu olw'oyo alina ebibi omu eyeenenya, okusinga abatuukirivu ekyenda mu omwenda, abateetaaga kwenenya."*

14. Soma Ebikolwa 3:19. Bw'omala okwenenya n'okyuka kiki ekikolerwa ebibi byo?

    **Ebikolwa 3:19** - *"Kale mwenenye, mukyuke, ebibi byammwe bisangulibwe, ebiro eby'okuwummuzibwa mu maaso ga Mukama bituuke;"*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Nyonnyola ekigambo okwenenya kye kitegeeza:
   - **Okwewaayo okupya.**
   - **Okukyusa endowooza.**
   - **Okukyusa ekkubo.**
   - **Okuva mu makubo amabi okudda mu ga Katonda.**
   - **Okutabagana n'omuntu oba ne Katonda ng'oyita mu Yesu Kristo.**
   - **Okuva mu makubo amakadde ne weewaayo wenna eri Katonda n'amakubo ge.**
   - **Okudda eri Katonda ng'oyita mu Yesu Kristo.**

2. Soma Lukka 13:1-5. Omuntu alina kukola ki obutazikirira?
   **Kwenenya.**

3. Soma 2 Peetero 3:9. Okuyaayaana kwa Katonda ku lw'abantu bonna kwe kuli wa?
   **Ayagala abantu bonna okwenenya.**

4. Soma Lukka 16:19-31. Mu Lukka 16:28. Lwaki omusajja omuggagga yayagala wabeewo omuntu akomawo okuva mu bafu ayogere ne baganda be abaali ku nsi?
   **Basobole okwewala okugenda mu kifo ekyo eky'okubonyabonyezebwa.**

5. Soma Lukka 16:30. Ab'oluganda bano baalina kukola ki obutagenda mu kifo kyo eky'okubonaabona (ggeyeena)?
   **Baalina okwenenya.**

6. Soma Ebikolwa 26-18. Newankubadde nga tekiragibwa nti olunyiriri luno lwogera ku kwenenya. Kiki ekituuka kw'abo abeenenya?
   - **Amaaso gaabwe gazibuka.**
   - **Bava mu kizikiza ne badda mu kitangaala.**
   - **Bava mu maanyi ga Setaani ne badda eri Katonda.**
   - **Bafuna obusika.**

7. Soma Bikolwa 26:20. Mu katundu akasembayo mu lunyiriri luno waliwo ebintu bisatu eby'ogerwako bannamawanga bye baalina okukola. Ebintu ebyo bye biruwa?
   - **Okwenenya.**
   - **Okudda eri Katonda.**
   - **Okwoleseza okwenenya kwabwe mu bikolwa.**

8. Soma Matayo 7:21-23. Kiki Yesu kye yayogerako abantu bano kye baakola mu kifo ky'okukola okwagala kwa Katonda?
   **Butali butuukirivu oba kwonoona.**

9. Kino kiraga ki ku mugaso gw'okwenenyeza ddala okusinga okwogera obwogezi eri Katonda?
   **Obulokozi buva ku mutima so si ku mimwa.**

10. Soma Isaaya 55:7. Omubi alina kukola ki?
    **Kuva mu kkubo lye ebbi.**

11. Bintu ki ebibiri atali mutuukirivu by'alina okukola?
    **Kuva mu birowoozo ebibi n'addala eri Mukama.**

12. Katonda alikolera ki omuntu akoze ebintu ebyo by'omenye wagulu?
    **Kumusaasira era n'amusonyiyira ddala ebyonoono.**

13. Soma Lukka 15:7. Eggulu likola litya singa omuntu aba ng'alokose?
    **Wabaawo okujaganya mu ggulu.**

14. Ebikolwa 3:19. Bw'omala okwenenya n'okyuka, kiki ekikolerwa ebibi byo?
    **Biggyibwawo oba bisangulwawo.**

## ESSOMO 7

# OKWEWAAYO

### Omusomesa: Don Krow

**Lukka 14:25 "Awo ebibiina by'abantu bangi nnyo bwe baali bagoberera Yesu, n'akyuka n'abagamba nti, 26"Omuntu bw'anajjanga gye ndi, n'atakyawa kitaawe, oba nnyina, oba mukyala we n'abaana be, oba baganda be oba bannyina, newaakubadde obulamu bwe ye yennyini, tayinzenga kuba muyigirizwa wange."**

*"Awo ebibiina by'abantu bingi ne bimugoberera,"* Yesu n'akyuka n'abagamba nti …" Lukka 14:25. Mu kiseera ekyo mu buweereza bwa Yesu waaliwo ebibiina by'abantu bingi nnyo ebyali bimugoberera. Olulimi Olungereza kino terukiggyayo bulungi, naye mu Luyonaani kinnyonnyolwa mu mbeera ya butakoma, nti bwe baatandika okumugoberera tebaalekera awo, kyafuuka kya buli lunaku. Osanga baakikolanga olw'eby'amagero bye yakolanga, oba kubanga yabaliisanga. Tetumanyidde ddala nsonga lwaki baamugobereranga buli kiseera. Wano Yesu we yabagambira ekyaleetera abangi ku bo okukyuka ne bataddamu kumugoberera nate.

"*Omuntu yenna bw'ajja gyendi* – [ekyo kitegeeza ng'ayagala okungoberera,ng'ayagala okumperekera, ng'ayagala okugenda nange], *n'atakyawa kitaawe ne nnyina, oba mukyala we oba abaana be, oba muganda we ne mwannyina, ye yennyini n'obulamu bwe bwonna, oyo taayinze kubeera muyigirizwa wange.*" (Lukka 14:26). Bwe nasoma ekyawandiikibwa kino, nnalowooza bwe nti, '*Mukama tosobola kuba ng'ekyo kye nsomye ky'otegeeza.*' Ekigambo "okukyawa", kitegeeza ki? Oba oli awo kiyinza okutegeeza okwagala okutono, oba ekyekuusa kw'ekyo. Bwe natandika okusoma, nakizuula nti ekigambo ekyo kitegeeza "kukyawa."

Yesu yakozesa ekigambo ekikyasinze obugumu okusobola okukkaatiriza ensonga. Yagamba nti okuggyako ng'okyaye kitaawo, nnyoko, muganda wo, mwannyoko, abaana bo, era n'obulamu bwo ggwe, tosobola kubeera muyigirizwa we. Njagala okukubuuza kino: Ku nsi olina nkolagana ki ekyasinze okubeera ey'oku mwanjo? Abeera maama wo, oba kitaawo, oba mukyala wo n'abaana bo. Kiki ekiyinza okubaawo singa mukazi wo anoba, oba kitaawo ne nnyoko bafa? Awo ani ayinza okuyimirira naawe? Bajja kubeera baganda bo ne bannyoko. Yesu yagamba nti okuggyako ng'obakyaye, tosobola kufuuka muyigirizwa we. Kiki ddala kye yali ategeeza?

Yesu yali ayogera ku nkolagana ez'omunda nnyo ze tubeera nazo. Akusaba weeweeyo gy'ali, abeere nga ye y'akulembera mu bulamu bwo. Yesu yagala abeere nga y'alina ekifo ekisooka mu bulamu bwo. Agenda kugeraageranya enkolagana ye naawe ku nkolagana ggwe gy'osinga okutwala nga nkulu nnyo mu bulamu bwo. "Okukyawa", kigambo bugambo ekikozesebwa mu kugeraageranya. Era Yesu agamba nti, "Enkolagana yange nammwe nkulu nnyo, era njagala ebeere ng'esukkuluma ku nkolagana zonna ez'oku nsi na buli kya ku nsi ky'olina." Waliwo omuntu omu gw'oyagala okusinga maama wo, taata wo, omwana wo, mukazi wo, muganda wo era ne mwannyoko. Omuntu oyo omumanyi? Si Katonda…wabula ye ggwe. Weeyagala nnyo

n'okusinga enkolagana gy'olina n'abantu bo abasingira ddala okukubeera okumpi.

Lwaki obufumbo busattulukuka? Lwaki abafumbo baawukana? Kubanga abantu beeyagala okusinga bwe baagala abaagalwa baabwe. Bangi banenya bannaabwe nga babagamba nti, "Ebintu tobikola nga nze bwe njagala, n'olwensonga eyo tugenda kwawukana."

Yesu agamba nti waliwo enkolagana emu yokka gy'ayagala abeere nga y'agisinga – nga bwe bulamu bwo obw'okwerowoozaako ggwe ng'omuntu omu. Kuno kwe kufuuka omuyigirizwa omutuufu. Obuyigirizwa bwayogerako bulimu okusasula omuwendo ogw'okweweerayo ddala. Yesu atusaba tumugoberere nga yaali mu kifo ekisooka mu bulamu bwaffe.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Lukka 9:57-62. Olugero luno luyigiriza ki ku kwewaayo okugoberera Yesu Kristo?

   **Lukka 9:57-62** - *"Awo bwe baali bali mu kkubo omu ku bo n'amugamba nti, "Nnaakugobereranga wonna w'onoogendanga." [58] Yesu n'amugamba nti, "Ebibe birina obunnya bwabyo mwe bisula, n'ennyonyi zirina ebisu, naye Omwana w'Omuntu, talina kifo kya kuwumulizaamu mutwe gwe." [59] N'agamba omusajja omulala nti, "Ngoberera."Omusajja n'addamu nti, "Mukama wange, nzikiriza mmale okugenda okuziika kitange." [60] Yesu n'amugamba nti, "Leka abafu baziike abafu baabwe, naye ggwe genda olangirire obwakabaka bwa Katonda." [61] N'omulala n'agamba Yesu nti, "Nnaakugobereranga Mukama wange. Naye sooka ondeke mmale okusiibula ab'omu maka gange." [62] Naye Yesu n'amuddamu nti, "Omuntu yenna akwata ekyuma ekirima mu ngalo ze ate n'atunula emabega, tasaanira bwakabaka bwa Katonda."*

2. Soma Lukka 8:13-14. Lwaki abantu abamu balabika ng'abaagwa okuva mu bulamu obw'Ekikristaayo?

   **Lukka 8:13-14** - *"Ezaagwa ku lwazi be bawulira ne basanyukira ekigambo, kyokka ne kitaba na mmizi. Be bakkiriza, naye okugezesebwa bwe kujja ne bagwa. [14] Ezaagwa mu maggwa, be bawulira ekigambo, naye okweraliikirira n'obugagga n'amasanyu g'omu bulamu ne bibazisa, ne bataleeta bibala bikuze bulungi."*

3. Soma Ezeekeri 16:8. Katonda akozesa eby'okulabirako eby'obufumbo okusobola okunnyonnyola enkolagana ye n'abantu. Omuntu afuuka w'ani mu nkolagana eno?

   **Ezeekeeri 16:8** - *"Oluvannyuma lwa lw'ebbanga, bwe nnali nga mpitaayita, ne nkulengera ne ndaba ng'okuze era ng'otuuse okufumbirwa, ne nkwaliirirako ekirenge kyange ne mbikka ku bwereere bwo; ne nkulayirira ne nkola naawe endagaano, bw'ayogera Mukama Katonda, n'ofuuka wange."*

4. Soma 1 Abakkolinso 6:19. Ggwe oli w'ani?

   **1 Abakkolinso 6:19** - *"Oba temumanyi ng'omubiri gwammwe ye Yeekaalu ya Mwoyo Mutukuvu Katonda gwe yabawa, era n'emibiri gyammwe si gyammwe ku bwammwe?"*

5. Soma 1 Abakkolinso 6:20. Omubiri gwo n'omwoyo by'ani?

   **1 Abakkolinso 6:20** - *"Kubanga mwagulibwa na muwendo, noolwekyo emibiri gyammwe gigulumizenga Katonda."*

6. Soma Yakobo 4:4. Osobola okukola obwenzi obw'omwoyo ku Katonda?

**Yakobo 4:4** - *"Mmwe abenzi temumanyi ng'okuba mikwano gy'ensi bulabe eri Katonda? Noolwekyo omuntu yenna bw'alondawo okuba mukwano gw'ensi afuuka mulabe wa Katonda".*

7. Kiki ekiyinza okulabika ng'obwenzi obw'omwoyo mu maaso ga Katonda?

   **Abaruumi 1:25** - *"Ne bafuula amazima ga Katonda okuba obulimba ne basinza era ne baweereza ebitonde, mu kifo ky'okusinza eyabitonda, eyeebazibwa emirembe n'emirembe. Amiina."*

8. Soma Yakobo 2:23-25. Kiki kye tuyinza okuyiga okuva mu kwewaayo n'okukkiriza okuli mu lunyiriri luno?

   **Yokaana 2:23-25** - *"Awo Yesu bwe yali mu Yerusaalemi mu kiseera eky'Embaga ey'Okuyitako, bangi baalaba obubonero bwe yali akola ne bakkiriza erinnya lye. [24] Kyokka Yesu teyabeesiga, kubanga amanyi abantu bonna, [25] kubanga yamanya bw'afaanana, nga teyeetaaga kubuulirwa muntu kyali."*

9. Soma Lukka 14:28-30. Obaliridde omuwendo oguli mu kugoberera Yesu? Oyagala okumugoberera?

   **Lukka 14:28-30** - *"Singa omu ku mmwe ayagala okuzimba omulungooti, tamala kutuula n'abalirira omuwendo omulimu ogwo gwe gunaatwala, n'alaba oba ng'ensimbi ezeetaagibwa azirina okugumaliriza? [29] Kubanga singa tagumaliriza n'akoma ku musingi gwokka, buli agulaba atandika okumusekerera, [30] nga bw'agamba nti, 'Omuntu ono yatandika okuzimba naye n'alemwa okumaliriza!'"*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Lukka 9:57-62. Olugero luno luyigiriza ki ku kwewaayo okugoberera Yesu Kristo?
   **Okweweerayo ddala obuteerekeramu.**

2. Soma Lukka 8:13-14. Lwaki abantu abamu balabika ng'abaagwa okuva mu bulamu obw'Ekikristaayo?
   **Babeera balemererwa okusimba emirandira mu Kigambo kya Katonda. Okweraliikirira kw'obuggagga n'amasanyu agomu bulamu ne bibaggya ku mulamwa.**

3. Soma Ezeekeri 16:8. Katonda akozesa eby'okulabirako eby'obufumbo okusobola okunnyonnyola enkolagana ye n'abantu. Omuntu afuuka w'ani mu nkolagana eno?
   **Katonda.**

4. Soma 1 Abakkolinso 6:19. Ggwe oli w'ani?
   **Wa Katonda.**

5. Soma 1 Abakkolinso 6:20. Omubiri gwo n'omwoyo by'ani?
   **Bya Katonda.**

6. Soma Yakobo 4:4. Osobola okukola obwenzi obw'omwoyo ku Katonda?
   **Yee.**

7. Kiki ekiyinza okulabika ng'obwenzi obw'omwoyo mu maaso ga Katonda?
   **Omutima bwe guva ku Katonda, omuntu n'asinza ebifaananyi (ebintu by'akulembeza okusinga Katonda). Abaruumi 1:25.**

8. Soma Yakobo 2:23-25. Kiki kye tuyinza okuyiga okuva mu kwewaayo n'okukkiriza okuli mu lunyiriri luno?
   **Yesu ayagala omuwe omutima gwo gwonna (okweweerayo dala).**

9. Soma Lukka 14:28-30. Obaliridde omuwendo oguli mu kugoberera Yesu? Oyagala okumugoberera?
   **Yee.**

## ESSOMO 8

# OKUBATIZIBWA MU MAZZI

### Omusomesa: Don Krow

**Ekibuuzo:** "Njagala okumanya, oba ng'omuntu kimwetaagisa kumala kubatizibwa asobole okuyingira eggulu. Katonda mmwagala, era nabatizibwa nnina emyaka musanvu. Kati nnina emyaka kkumi na munaana. Naye waliwo omulokole mu kkanisa emu, eyaŋŋamba nti teri alokoka n'abatizibwa ku myaka emito bwe gityo. Era ne baŋŋamba nti kinneetaagisa okubatizibwa nsobole okuyingira mu ggulu, naye nga mu maka 'Amabaputisti' mwe nva baŋŋamba nti sikikola. Njagala okugenda mu ggulu, ndi muntu atya Katonda, naye nneetaaga okumanya oba nga nteekeddwa okuddamu okubatizibwa nga bwe ntuusizza emyaka egy'okubatizibwa. Nsaba kunnyamba mu bwangu ddala nga bwe kisoboka. Mukama abawe omukisa."

**Eky'okuddamu:** Obulokozi n'okusonyiyibwa byatuweebwa buweebwa ng'ekirabo eky'obuwa okuyita mu kukkiriza. Bikolwa by'Abatume 10:43 wagamba nti, *"Era ne bannabbi bonna baamuweerako obujulizi nti buli amukkiriza asonyiyibwa ebibi mu linnya lye."* Obulokozi bujja okuyita mu kukkiriza, nga kitegeeza kussa bwesige bwaffe mu Yesu ne mu musaayi gwe ogwayiika okusobola okutuweesa obutuukirivu bwa Katonda. Mu Bikolwa by'Abatume 10:44-48, Omwoyo Omutukuvu yaweebwa abakkiriza (ng'akakasa obulokozi bwabwe), nga tebannaba na kubatizibwa mu mazzi.

Newakubadde ng'ekyo kituufu, emirundi egimu kirabika ng'okusonyiyibwa kw'ebibi kwabeerangawo ne mu kiseera eky'okubatizibwa. Kino kiri bwe kityo kubanga okubatizibwa kikolwa kya kukkiriza ekyakolebwanga oluvannyuma lw'omuntu okudda eri Yesu Kristo mu kwenenya ne mu kukkiriza. (Makko 16:16 wagamba nti; *"Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balirokolebwa naye abo abatakkiriza balisalirwa omusango ne gubasinga."* Era okubatizibwa yali emu ku ngeri eyayitibwangamu omuntu okukowoola Mukama n'omutima ogutaliimu bukuusa (Bikolwa by'Abatume 22:16; ne 1 Petero 3:21).

Bw'oba ng'okuviira ddala ku ntobo y'omutima gwo wakyuka n'odda eri Yesu ku myaka musanvu, era n'obatizibwa, Katonda yasiima okukkiriza kwo ng'omwana omuto. Waliwo ebyetaagisa ng'okubatizibwa tekunnabaawo, era ng'ekimu byo, kwe kwenenya. Wakyuka mu mutima gwo, era n'okyusa n'endowooza yo, ekyakuviirako okukyuka okuva mu kibi n'odda eri Yesu, n'osonyiyibwa ebibi? (Bikolwa by'Abatume 2: 38, 20:21 ne 17:30). Okukkiriza kwo wakuteeka mu nkola okuyita mu Yesu ng'omulokozi wo era Mukama wo? Makko 16:16, Yokaana 3:16, wamu ne Baruumi 10:9-10.) Ekyo bw'oba tokikolanga, dda eri Yesu kaakano, weenenye okuva mu bibi byo, kyuka odde eri ekisa kye akusonyiwe, era okusalawo kwo okwo, okusseeko envumbo ng'obatizibwa mu mazzi amangi.

**Okubatizibwa kye kikolwa ekiraga nti omuntu akkiriza Yesu.** Awatali kusooka kukkiriza Yesu ng'Omulokozi, ekikolwa eky'okubatizibwa kiba kya bwereere. Abantu abaakyukanga ne

badda eri Yesu, baabanga beeteefuteefu okuteeka mu nkola okukkiriza okwo, era ne baatula Yesu Kristo mu lujjudde. Abantu abagaana okukkiriza Yesu ng'omulokozi kyokka ne bagenda mu maaso n'okubatizibwa, okukkiriza kwabwe kuba kufu. **Okukkiriza kuba kufu singa abantu bagaana okukulaga mu bikolwa** (Yakobo 2:18-19). Okukkiriza kwokka kulokola, naye okukkiriza okutaliiko kikolwa tekulokola. Okukkiriza bulijjo kulabikira mu bikolwa.

**Okubatizibwa si kwe kulokola, wabula Yesu y'alokola.** Amazzi teganaazawo bibi, wabula omusaayi gwa Yesu gwe gubinaazaawo. Naye okukkiriza kuleetera omusaayi gwe okukola gy'oli, era oluusi okukkiriza okwo kwateekebwanga mu nkola ng'omuntu abatizibwa (Bikolwa by'Abatume 22:16). Ekibuuzo kiri nti, weenenyezza? Yesu omukkiririzaamu? Bwe kiba bwe kityo lwaki olwawo – situkiramu ogende obatizibwe!

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Omuvubuka ono yali abuuza kibuuzo ki mu mutima gwe?

2. Okusinziira ku Ebikolwa 10:43, obulokozi tubufuna tutya mu bulamu bwaffe?

   **Ebikolwa 10:43** - *"Era ne bannabbi bonna bamuweera obujulirwa nti buli amukkiriza asonyiyibwa ebibi mu linnya lye."*

3. Okubatizibwa kye kikolwa ekyolesa okukkiriza kwaffe ekibeerawo nga tumaze okulokoka. Mu Ebikolwa 2:38, watulaga watya amazima gano?

   **Ebikolwa 2:38** - *"Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu."*

4. Ekyawandiikibwa kya Makko 16:16 kitulaga kitya amazima gano?

   **Makko 16:16** - *"Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balirokolebwa, naye abo abatakkiriza balisalirwa omusango ne gubasinga."*

5. Okubatizibwa ebeera ngeri ya kukowoolamu Mukama. Mu Ebikolwa 22:16, woogera watya ku mazima gano?

   **Ebikolwa 22:16** - *"Kaakano olinda ki? Situka obatizibwe onaazibweko ebibi byo nga bw'oyatudde erinnya lye."*

6. Okubatizibwa y'engeri y'okukowoolamu Katonda n'omutima ogutaliimu bukuusa. Ekyawandiikibwa kya 1 Peetero 3:21, amazima gano kigakakasa?

   **1 Peetero 3:21**- *"Amazzi ago gaali kabonero ak'okubatizibwa mulyoke mulokolebwe kaakano. Kubanga okubatizibwa tekitegeeza kunaazibwako kko lya mubiri, wabula kitegeeza kwewaayo eri Katonda nga tumaliridde okukola by'ayagala, ng'atuwadde omutima omulongoofu olw'okuzuukira kwa Yesu Kristo."*

7. Okusinziira ku Ebikolwa 2:38, biki ebyetaagisa mu kubatizibwa?

8. Biki ebyetaagisa mu kubatizibwa okusinziira ku Makko 16:16?

9. Omwana omuto (ebbujje) asobola okwenenya?

10. Omwana omuto (ebbujje) asobola okulokoka?

11. Soma Ebikolwa 10:43-48. Oluvannyuma lw'Omukristaayo okukkiriza Kristo kiki ekirina okuddirira?

    **Ebikolwa 10:44-48** - *"Era ne bannabbi bonna bamuweera obujulirwa nti buli amukkiriza asonyiyibwa ebibi mu linnya lye. [44] Awo Peetero bwe yali akyayogera ebigambo ebyo, Mwoyo Mutukuvu n'akka ku abo bonna abali bawuliriza ekigambo! [45] Abakkiriza abakomole bangi abaawerekera ku Peetero ne beewuunya nnyo okulaba ng'ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu kifukibbwa ne ku baamawanga. [46] Kubanga baabawulira nga boogera mu nnimi endala nga batendereza Katonda. Awo Peetero n'agamba nti, [47] "Waliwo ayinza okuziyiza abantu bano okubatizibwa n'amazzi abafunye Mwoyo Mutukuvu nga ffe bwe twamufuna?" [48] Bw'atyo n'alagira babatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo. Ne basaba Peetero agira abeera nabo okumala ennaku ntonotono."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Omuvubuka ono yali abuuza kibuuzo ki?
   **Nneetaaga okubatizibwa nsobole okugenda mu ggulu?**

2. Okusinziira ku Bikolwa 10:43, obulokozi tubufuna tutya mu bulamu bwaffe?
   **Tubufuna ng'ekirabo eky'obwereere okuyita mu kukkiriza mu Kristo Yesu.**

3. Okubatizibwa kye kikolwa ekyolesa okukkiriza kwaffe, ekibeerawo nga tumaze okulokoka. Mu Bikolwa by'Abatume 2:38, watulaga watya amazima gano?
   **Peetero yabagamba nti, "mwenenye era mubatizibwe.**

4. Ekyawandiikibwa kya Makko 16:16, kitulaga kitya amazima gano?
   **"Yesu yagamba nti oyo akkiriza n'abatizibwa alirokoka," nga kitulaga nti byombi bibeerawo mu kiseera kye kimu.**

5. Okubatizibwa ebeera ngeri ya kukowoolamu Mukama. Mu Bikolwa by'Abatume 22:16, woogera watya ku mazima gano?
   **Ekyawandiikibwa kigamba nti buli muntu alikowoola erinnya lya Mukama, ebibi bye bigenda kuggyibwawo. Okukowoola erinnya lya Mukama kuyinza okubeera mu bigambo (Lukka 18:13), oba okuyita mu kikolwa eky'okubatizibwa nga bwe kirabikira mu kyawandiikibwa kino.**

6. Okubatizibwa y'engeri y'okukowoolamu Katonda n'omutima ogutaliimu bukuusa. Ekyawandiikibwa kya 1 Peetero 3:21, amazima gano kigakakasa?
   **Yee.**

7. Okusinziira ku Bikolwa by'Abatume 2:38, biki ebyetaagisa mu kubatizibwa?
   **Okwenenya.**

8. Biki ebyetagisa mu kubatizibwa okusinziira ku Makko 16:16?
   **Omuntu alina okusooka okukkiriza.**

9. Omwana omuto (ebbujje) asobola okwenenya?
   **Nedda.**

10. Omwana omuto (ebbujje) asobola okulokoka?
    **Nedda.**

11. Soma Bikolwa 10:43-48. Oluvannyuma lw'Omukristaayo okukkiriza Kristo okubeera Omulokozi, kiki ekiddirira?
    **Kubatizibwa mu mazzi amangi.**

## ESSOMO 9

# EKYO KY'OLI MU KRISTO - (Ekitundu 1)

### Omusomesa: Andrew Wommack

2 Abakkolinso 5:17 wagamba nti, *"N'olwekyo omuntu yenna bw'abeera mu Kristo, abeera kitonde kiggya, eby'edda nga biweddewo (bigenze), laba, ng'ebintu byonna bifuuse biggya."* Ebigambo bino "mu Kristo", bikozesebwa emirundi nga 300 mu Ndagaano Empya, nga lubeerera bitulaga enkolagana ey'amaanyi evaamu okussa ekimu ne Katonda. Ekyo kasita kibeerawo, ofuuka kitonde kiggya.

Okufuuka ekitonde ekiggya, kiteekawo embeera gye nzikiriza nti nkulu nnyo mu kukwongera okutegeera ekyo ky'ofuuse mu Kristo: Eky'okufuuka ekitonde ekiggya tekyabaawo mu mubiri. Ekyawandiikibwa kino tekyogera ku mubiri gwo nga kitegeeza okukyuka kwagwo oba endabika yo okukyuka. Omuntu bw'aba yali munene nga tannaba kulokoka, ne bw'aba alokose, asigala munene, okuggyako ng'akyusizza mu by'alya. Ate era tekyogera ku kitundu kyo eky'endowooza yo oba obwongo bwo – abantu abasinga obungi balowooza nti emmeeme n'ebirowoozo byabwe " nga bbo." Bw'oba nga tewali mugezi nga tonnalokoka, tofuukirawo mugezi nnyo mangwago kubanga olokose, naye osigala ng'okyalina endowooza y'emu, nga ne by'ojjukira bye bimu okumala ekiseera.

Omuntu alina ebitundu bisatu, era okusinziira ku kyawandiikibwa kino ekitundu kyaffe ekikyusibwa gwe mwoyo – nga ye muntu waffe ow'omunda. Ekyawandiikibwa ekikakasa kino kiri mu 1 Basessalonika 5:23. Pawulo ng'asabira Abasessalonika yagamba bw'ati, *"Katonda ow'emirembe abatukulize ddala era omwoyo gwamwe gwonna, n'emmeeme yammwe, n'omubiri gwammwe, bikuumibwenga nga tebiriiko kunenyezebwa okutuusa ku lunaku olw'okujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo."* Ekyawandiikibwa ekyo kiraga nti tulina omubiri, emmeeme n'omwoyo.

Omubiri gwo kye kitundu kyo ekirabika amangu. Kino kye kitundu kyo eky'okungulu ky'osobola okulaba mu ndabirwamu. Ffenna tukimanyi nti waliwo ekitundu ekirala ekisukka kw'ekyo – nga kye kitundu eky'ebirowoozo, ekiyitibwa emmeeme mu byawandiikibwa. Tukimanyi bulungi nti omuntu ne bw'atakukwatako na ngalo ze, naye asobola okukukwatako okuyita mu bigambo, mu ngeri ennungi oba embi. Abantu abasinga obungi bategeera ebitundu bibiri, omuli emmeeme n'omubiri. Naye okusinziira ku byawandiikibwa, waliyo ekitundu ekirala, nga gwe mwoyo.

Omwoyo kye kitundu ku ffe ekikyusibwa, era ne kifuuka kiggya oluvannyuma lw'okulokoka. Mu butuufu Omwoyo kye kitundu ekituwa obulamu. Yakobo 2:26 wagamba, *"Ng'omubiri bwe guba omufu omwoyo bwe gutagubaamu, n'okukkiriza bwe kutyo kuba kufu bwe kuteeyongerako bikolwa."* Ekyo kitegeeza nti Omwoyo gwe guwa omubiri gwaffe obulamu, era awo mu mwoyo, obulamu we buva. Mu Luberyeberye 2, Katonda bwe yatonda Adamu ne Kaawa, omubiri gwa Adamu gwali gulina buli kimu ekibeera ku mubiri, naye ate Katonda n'afuuwa omukka ogw'obulamu mu mubiri gwe. Ekigambo "omukka" mu Lwebbulaaniya olw'Endagaano Enkadde, kye kigambo kye kimu naffe kye tukozesa okutegeeza "okussa omukka." Era kye tuvvuunula ne tukiyita "omwoyo" mu byawandiikibwa ebirala. Katonda yatonda omubiri gwa Adamu wamu n'ekitundu eky'emmeeme ye, oluvannyuma

n'afuuwa omukka ogw'obulamu mu mubiri gwe, bw'atyo n'alyoka afuuka omuntu omulamu. Omwoyo kye kitundu mu ffe omusibuka obulamu.

Omuntu bw'aba nga tannalokoka, omwoyo gwe guba mufu. Abaefeeso 2:1, wagamba nti, *"Edda mwali mufiiridde mu byonoono byammwe, ne mu bibi byammwe."* Tukimanyi nti twali balamu nga tetunnaba kulokoka, naye okufa kw'ayogerako wano, kufa kwa mwoyo. Okufa Bayibuli kweyogerako wano, si kwe okufa kwe tumanyi okwa bulijjo, wabula ky'ayogerako wano gwe mwoyo gw'omuntu okwawulibwa ku Katonda. Omuntu bw'amala okufa ne bamuziika, tekitegeeza nti n'omwoyo gwe tegukyaliwo. Bayibuli eyigiriza nti omuntu bw'afa, omwoyo gugenda mbagirawo mu kubeerawo kwa Katonda, oba ne gugenda mu ggeyeena. Omuntu bw'amala okufa, emmeeme n'omwoyo bisigala biramu, naye bibeera byawuddwa ku mubiri gwabyo, era oluvannyuma lw'akaseera omubiri guvunda ne guggwaawo.

Bayibuli eyogera mu Luberyeberye 2:17 ng'egamba nti, *"Olunaku lw'oligulyako tolirema kufa."* Kino kyali tekitegeeza nti yali agenda kufa abeere nga takyaliwo, wabula Bayibuli yali etegeeza nti omwoyo gwe gwali gugenda kwawukana ne Katonda. Omwoyo, nga guno gwe mukka Katonda gwe yatufuuwamu, era nga gwe gutuwa obulamu obutusobozesa okukola byonna bye tukola, gwayawukana n'obulamu bwa Katonda obutukuvu era obujjuvu, Bayibuli bw'eyita obwa "Zoowe" mu Luyonaani. Buno bwe bulamu obujjuvu, obw'omuyiika obutakoma. Omuntu bwe yayawulibwa ku bulamu bwa Katonda, bw'atyo n'atandika okuddirira. Omuntu yasigala waali naye ng'ali ku lulwe, era nga yayawukana ku Katonda. Era eyo y'ensibuko ya buli kizibu mu bulamu bwaffe. Eyo y'ensonga lwaki abantu bali mu kweraliikirira nga balina ebirowoozo bingi.

Omuntu bw'alokoka afuna omwoyo omuggya kubanga abeera azaaliddwa omulundi ogwokubiri, era kye kigambo kye kimu Yesu kye yakozesa mu Yokaana 3:5. Mu ngeri y'emu, bulijjo omuntu azaalibwa ng'alina omwoyo, emmeeme era n'omubiri, naye bw'amala okuzaalibwa omulundi ogwokubiri, bw'atyo n'alyoka afuna Omwoyo wa Kristo. Baggalatiya 4:6 wagamba nti, *"Era kubanga tuli baana, Katonda yatuwa Omwoyo w'Omwana we okubeera mu mitima gyaffe, era kaakano tuyinza okwogera n'eddoboozi ery'omwanguka nti 'Abba Kitaffe.'"* Kino Katonda akikola ng'ateeka Omwoyo gwe mu mwoyo gyaffe, era bwe tutyo ne tufuna obulamu obuggya ate nga bulungi, era ne tufuukira ddala abantu abaggya mu myoyo gyaffe.

Obulamu obw'Ekikulistaayo obusigaddeyo kuba kuyiga ng'okozesa endowooza yo (y'emmeeme yo) ekyo ekyabaawo mu mwoyo gwo ng'olokose. Amazima gali nti kimu kya kusatu ku ggwe, kituukirizibwa bw'omala okusembeza Kristo okuba Mukama wo. Omwoyo gwo gukyukira ddala. Ogwo gwennyini gwe mwoyo gw'onoobeeranga nagwo emirembe gyonna. Omwoyo gwo gulina okwagala, essanyu n'emirembe, era gujjudde okubeerawo kwa Katonda. Mu mwoyo gwo tewali kibulamu, naye ekyo olina okusooka okukitegeera, era eyo y'ensonga lwaki okuyiga kikulu nnyo mu bulamu bw'omukkiriza. Eky'amazima oli kitonde kiggya, naye okutuusa ng'otegedde ekyo kye kitegeeza, togenda kukyuka. Obuwanguzi mu bulamu obw'Ekikulistaayo bujja oluvannyuma lw'okusoma Ekigambo kya Katonda (nga gwe Mwoyo n'obulamu), bw'otyo n'olaba Katonda kye yakukolera, era n'omanya ekyo ky'oli mu Kristo, olwo n'otandika okukikkiriza.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma 2 Bakkolinso 5:17. Omuntu bw'aba mu Kristo aba afuuse ki?

   **2 Abakkoliso 5:17** - *"Noolwekyo omuntu yenna bw'abeera mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby'edda nga bigenze, laba ng'afuuse muggya."*

2. Soma 2 Bakkolinso 5:17. Biki ebiba bifuuse ebipya?

3. Soma 2 Bakkolinso 5:17. Kiki ekyatuuka ku bikadde?

4. Soma Beefeeso 2:1. Bwe wali tonnaba kulokoka embeera yo yali etya?

   **Abeefeeso 2:1** - *"Edda mwali mufiiridde mu byonoono byammwe ne mu bibi byammwe."*

5. Soma Beefeeso 2:2. Ng'omuntu ataali mukkiriza, watambulanga otya era wabeerangawo otya?

   **Abeefeeso 2:2** - *"Ebyo bye mwatambulirangamu ng'emirembe egy'ensi bwe giri, nga mufugibwa omwoyo ogw'omukulu w'obuyinza obw'omu bbanga, omwoyo ogwa Setaani, ogufuga abajeemu bonna."*

6. Soma Beefeeso 2:3-5. Katonda muggagga mu ki?

   **Abeefeeso 2:3-5** - *"Edda naffe twatambuliranga mu kwegomba kw'emibiri gyaffe, nga tukola ebyo ebyegombebwanga omubiri n'ebirowoozo. Era okufaanana ng'abantu abalala bonna, naffe mu buzaaliranwa twali baakubonerezebwa ng'abalala bonna. [4] Kyokka olw'okwagala kwe okungi, n'ekisa kye ekingi, [5] ne bwe twali nga tufiiridde mu bibi byaffe, yatufuula abalamu awamu ne Kristo. Mwalokolebwa lwa kisa."*

7. Soma Beefeeso 2:4. Lwaki Katonda musaasizi nnyo?

8. Soma Beefeeso 2:5. Katonda yatukolera ki bwe twali nga tukyafiiride mu bibi n'ebyonoono byaffe?

9. Soma Beefeeso 2:5. Katonda yatulokola atya?

10. Soma 1 Bakkolinso 6:9-10. Osobola okukwanaganya ebinnyonnyolwa mu lukalala luno?

    **1 Abakkolinso 6:9-10** - *"Oba temumanyi ng'abatali batuukirivu tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda? Temulimbibwanga. Abakaba, newaakubadde abasinza baKatonda abalala, newaakubadde abenzi, newaakubadde abasajja abeeyisa ng'abakazi, newaakubadde*

*abalya ebisiyaga, [10] newaakubadde ababbi, newaakubadde aboomululu, newaakubadde abatamiivu, newaakubadde abajerega, newaakubadde abanyazi tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda."*

11. Soma 1 Bakkolinso 6:11. Ekigambo "mwali" kya kiseera kya kaakano, ekyayita, oba ekyomu maaso?

    **1 Abakkolinso 6:11** - *"Era abamu ku mmwe mwali nga bo, naye ebibi byammwe byanaazibwa era mwatukuzibwa era mwaweebwa obutuukirivu mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo n'Omwoyo wa Katonda waffe."*

12. Soma 1 Bakkolinso 6:11. Bwe twalokoka waliwo ebintu bisatu ebyabaawo. Ebintu ebyo bye biri wa?

13. Soma 1 Bakkolinso 6:11. Embeera eno yagiyita ya kaakano oba ya mu maaso?

14. Soma 1 Bakkolinso 6:17. "Oyo eyeegatta ne Mukama abeera …? naye."

    **1 Abakkolinso 6:17** - *"Naye eyeegatta ne Mukama waffe bafuuka omu mu mwoyo."*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma 2 Bakkolinso 5:17. Omuntu bw'aba mu Kristo aba afuuse ki?
**Kitonde ekiggya.**

2. Soma 2 Bakkolinso 5:17. Kiki ekyatuuka ku bintu ebikadde?
**Byagenda.**

3. Soma 2 Bakkolinso 5:17. Biki ebiba bifuuse ebipya?
**Ebintu byonna.**

4. Soma Beefeeso 2:1. Bwe wali tonnaba kulokoka embeera yo yali etya?
**Nnali nafiira mu bibi n'ebyonoono.**

5. Soma Beefeeso 2:1. Ng'omuntu ataali mukkiriza, watambulanga otya era wabeerangawo otya?
**Natambuliranga mu makubo ag'ensi, nagonderanga Setaani, nagobereranga omwoyo gw'obujeemu.**

6. Soma Beefeeso 2:3-5. Katonda muggagga mu ki?
**Mugagga mu kisa.**

7. Soma Beefeeso 2:4. Lwaki Katonda musaasizi nnyo?
**Olw'okwagala kwe okuyitiridde kw'alina gye tuli.**

8. Soma Beefeeso 2:5. Katonda yatukolera ki bwe twali nga tukyafiiride mu bibi n'ebyonoono byaffe?
**Yatuzuukiza wamu ne Kristo.**

9. Soma Befeeso 2:5. Katonda yatulokola atya?
**Ng'ayita mu kisa kye.**

10. Soma 1 Bakkolinso 6:9-10. Osobola okukwanaganya ebinnyonnyolwa mu lukalala luno?
**Yee.**

11. Soma 1 Bakkolinso 6:11. Ekigambo "mwali" kya kiseera kya kaakano, ekyayita, oba eky' mu maaso?
**Ekiseera ekyayita.**

12. Soma Bakkolinso 6:11. Bwe twalokoka waliwo ebintu bisatu ebyabaawo. Ebintu ebyo bye biri wa?
**Wanaazibwa, n'otukuzibwa era n'oweebwa obutuukirivu mu maaso ga Katonda.**

13. Soma Bakkolinso 6:11. Embeera eno yagiyita, ya kaakano oba ya mu maaso?
    **Ya mu kiseera kino.**

14. Soma 1 Bakkolinso 6:17. "Oyo eyeegatta ne Mukama abeera …? naye."
    "Oyo eyeegatta ne Mukama abeera **mwoyo gumu** naye."

## ESSOMO 10

# EKYO KY'OLI MU KRISTO – (Ekitundu 2)

### Omusomesa: Andrew Wommack

Mu ssomo lyaffe eryayita twayogera ku makulu g'okuzaalibwa omulundi ogwokubiri, era twakiraba nti bwe twalokoka emyoyo oba emitima gyaffe gyakyusibwa. Twakozesa olunyiriri oluli mu 2 Bakkolinso 5:17, olugamba nti, *"N'olwekyo omuntu yenna bw'aba mu Kristo ng'afuuse ekitonde ekiggya; laba ng'ebyedda byonna nga bifuuse biggya."* Twatandika okukiraba nti omuntu bw'alokoka, wabaawo enkyukakyuka eya nnamaddala mu mwoyo gwe, era engeri yokka gy'ayinza okumanyaamu ekibaddewo mu mwoyo gwe, kuyita mu Kigambo kya Katonda. Kino tolina bw'okitegeera ng'okozesa ebintu ebirala byonna okuggyako Ekigambo kya Katonda. Ekyabaawo mu mwoyo gwo ng'olokose, tosobola kukiwulirira mu birowoozo byo oba mu mmeeme yo. Naye enkyukakuka eyabaawo ey'amaanyi eri mu kitundu kyo ekiyitibwa omwoyo.

Leka mbeeko ebyawandiikibwa bye nkuwa ebiraga ekyaliwo ng'omuntu amaze okukkiriza Yesu ng'omulokozi we. Beefeeso 4:24 wagamba nti *"Era mwambale omuntu omuggya, eyatondebwa mu kifaananyi kya Katonda mu butuukirivu ne mu kutukuzibwa okw'amazima."* Omuntu bw'amala okulokoka, omwoyo gwe gufuuka mutuukirivu, era ne gubeerera ddala mutukuvu. Bayibuli eyogera ku butuukirivu bwa mirundi ebiri.

Waliwo obutuukirivu bwe twekolera okuyita mu bikolwa byaffe ebirungi, naye nga kikwetaagisa okukuuma obutuukirivu obwo ng'okolagana ne banno. Bw'oteeyisa bulungi, era n'okola bulungi, akukozesa asobola okukugoba ku mulimu. Ne mu bufumbo bw'oteeyisa bulungi, musobola okwawukana n'omwagalwa wo. N'olwekyo oteekwa okubaako n'obutuukirivu bwe weekolera. Wabula ate bwe kituuka ku Katonda, ye tatusembeza lwa butuukirivu bwaffe bwe twekoledde, kubanga ye, yatuwa dda obutuukirivu obubwe ku bwereere.

2 Bakkolinso 5:21 wagamba nti; *"Katonda Kitaffe yafuula Omwana we ekibi ku lwaffe, ffe tusobole okubeera obutuukirivu bwa Katonda okuyita mu ye."* N'olw'ensonga eyo waliwo obutuukirivu obusukkuluma ku bwaffe bwe twekolera mu nkolagana zaffe n'abantu, era buno (Katonda bw'atuwa) bwesigamye kw'ekyo Katonda kye yatukolera.

Mu mazima obutuukirivu bwa Katonda tubufuna lwa kukkiriza Kristo. Emyoyo gyaffe egyazaalibwa omulundi ogwokubiri gyatondebwa mu butuukirivu, era ne mu butukuvu obw'amazima. Obutuukirivu buno tetubuweebwa mpolampola nga bwe tugenda tukula mu bulokozi, wabula tubufunirawo ng'ekirabo nga twakalokoka. Mu nnyinnyonnyola ennyangu tusobola okugamba nti tuyimiridde bulungi ne Katonda, oba nti enkolagana yaffe ne Katonda teriiko kamogo.

Katonda atusanyukira nga yeesigama ku Yesu Kristo, awatali kintu kirala kyonna. Emyoyo gyaffe gye gyafuna enkyukakyuka. Twatondebwa mu butuukirivu ne mu butukuvu

obw'amazima, era kaakano tuli bitonde biggya. Mu kitabo ky'Abeefeeso 2:10 wagamba nti, *"Tuli mulimu gwa Katonda abaatondebwa mu Kristo Yesu okukolanga ebikolwa ebirungi nga Katonda bwe yatuteekerateekera."* Mu myoyo gyaffe twatuukirira era tetulina kitubulako. Mu mwoyo ogwalokoka temuliimu kibi, era tewali kigibulako. Abaefeeso 1:13 wagamba nti, *"Bwe mwamala okukkiriza, mwateekebwako envumbo ey'omwoyo oyo eyasuubizibwa."*

Abamu ku mmwe muyinza okulowooza nga mugamba nti, "Weewaawo bwe nalokoka, nakkiriza nti nsonyiyiddwa ebibi, ntukuziddwa, era buli kimu kyali bulungi, naye okuva kw'olwo, nnyonoonyenga, era Katonda ne mmusobya nate." Bw'oba nga wayonoona … wayonoona mu bikolwa ne mu birowoozo, naye omwoyo gwo si gwe gwayonoona. Omwoyo gwo gwateekebwako envumbo nga bw'olaba 'sooda' bw'asaniikirirwa ddala mu kkolero, waleme okubaawo obuwuka obumuyingiramu. Katonda yakussaako envumbo, era bwe walokoka, wafuna omwoyo omuggya, era ekibi tekisobola kuyingira mu mwoyo gwo. Oli mu kifaananyi kipya. Ggwe okusobola okubeera n'enkolagana ennungi ne Katonda olina kussa kimu naye, era n'omusinza nga weesigamye kw'ekyo ky'oli mu mwoyo, so si ky'oli mu mubiri.

Kuno kwe kukyusibwa okukulu ennyo mu bulamu obw'Ekikulistaayo, kubanga mu kino omuntu akyusiza ddala ekikula kye. Weetaaga okukolagana ne Katonda nga teweesigamye ku ndowooza yo ey'omubiri, era si kw'ebyo by'olowooza mu birowoozo byo, wabula nga weesigamye kw'ekyo ky'oli mu mwoyo okusinziira ku kiki Katonda kye yakukolera. Ogwo gwe mulimu ogwaggwa emirimu, ogutakyukakyuka. Watondebwa mu butuukirivu, era mu butukuvu obw'anamaddala. Ekyo kye kitundu kyo eky'omwoyo, era ekissa ekimu ne Katonda, n'olwekyo olina kumusinza mu mwoyo ne mu mazima. Ekyo okikola ng'osinziira ku kiki ky'oli mu Kristo Yesu.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma 1 Bakkolinso 6:17. Engeri yokka gye tuyinza okutegeererako nti waliwo enkyukakyuka mu myoyo gyaffe, eri mu Kigambo kya Katonda. Olunyiriri lugamba nti kiki ekyabaawo?

   **1 Abakkolinso 6:17 – "***Naye eyeegatta ne Mukama waffe bafuuka omu mu mwoyo."*

2. Soma Beefeeso 3:17. Kaakano Kristo atuula wa mu ffe?

   **Abaefeeso 3:17 – "***Kristo alyoke abeerenga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza kwammwe. Mbasabira mubeerenga n'emirandira mu kwagala nga mukunywereddemu***."**

3. Soma Abaefeeso 3:17. Kino kibeerawo kitya?

4. Soma 1 Yokaana 5:12. Ani gwe tulina okuba naye tusobole okufuna obulokozi?

   **1 Yokaana 5:12** - *"Buli alina Omwana alina obulamu, naye oyo atalina Mwana wa Katonda talina bulamu.*

5. Soma Bakkolosaayi 1:26-27. Kyama ki ekyali kyakwekebwa emirembe gyonna, naye nga kaakati kitubikuliddwa?

   **Abakkolosaayi 1:26-27** - *"Ekyama ekyakwekebwa okuva edda n'edda lyonna, n'emirembe n'emirembe, kaakano kibikkuliddwa abantu be, be batukuvu be. [27] Katonda bw'atyo bwe yasiima, alyoke amanyise Abaamawanga obugagga obw'ekitiibwa ky'ekyama ekyo. Ekyama ekyo ye Kristo abeera mu mmwe, era ly'essuubi ery'ekitiibwa."*

6. Soma Beefeeso 4:23-24. Kiki ekyatondebwa mu butuukirivu ne mu butukuvu obw'amazima?

   **Abeefeeso 4:23-24** - *"Mufuuke baggya olw'Omwoyo afuga ebirowoozo byammwe, [24] era mwambale omuntu omuggya, eyatondebwa mu kifaananyi kya Katonda mu butuukirivu ne mu kutukuzibwa okw'amazima."*

7. Soma 2 Bakkolinso 5:21. Obutuukirivu bwe tulina bw'ani?

   **2 Abakkolinso 5:21**- *"Kubanga oyo ataamanya kibi, yafuuka ekibi ku lwaffe, tulyoke tufune obutuukirivu obuva eri Katonda mu Yesu."*

8. Soma Beefeeso 1:4. Omukkiriza ayimiridde atya mu maaso ga Katonda?
   **Abeefeeso 1:4** - *"Yatulonda okubeera mu Kristo ng'ensi tennatondebwa, ffe tube batukuvu, abataliiko kya kunenyezebwa mu maaso ge, olw'okwagala kwe."*

9. Soma Beefeeso 1:6. Tukkirizibwa tutya mu maaso ga Katonda?

   **Abeefeeso 1:6** - *"Katonda tumutendereze olw'ekisa kye yatuwa obuwa mu Mwana, gw'ayagala ennyo."*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma 1 Bakkolinso 6:17 Engeri yokka gye tuyinza okutegeererako nti waliwo enkyukakyuka mu mwoyo gwaffe eri mu kigambo kya Katonda. 1 Bakkolinso 6:17 wagamba nti kiki ekyabaawo?
   **Emyoyo gyaffe gyagattibwa ne Mukama.**

2. Soma Beefeeso 3:17. Kaakano Kristo atuula wa mu ffe?
   **Mu mitima gyaffe.**

3. Soma Beefeeso 3:17. Kino kibeerawo kitya?
   **Olw'okkukkiriza.**

4. Soma 1 Yokaana 5:12. Ani gwe tulina okuba naye tusobole okufuna obulokozi?
   **Omwana (Yesu Kristo).**

5. Soma Bakkolosaayi 1:26-27. Kyama ki ekyali kyakwekebwa emirembe gyonna, naye nga kaakati kitubikuliddwa?
   **Kristo mu ffe, essuubi ery'ekitiibwa.**

6. Soma Beefeeso 4:23-24. Kiki ekyatondebwa mu butuukirivu ne mu butukuvu obw'amazima?
   **Omuntu waffe omuggya (emyoyo gyaffe egyazaalibwa omulundi ogwokubiri).**

7. Soma 2 Bakkolinso 5:21. Obutuukirivu bwe tulina bw'ani?
   **Bwa Katonda okuyita mu Kristo.**

8. Soma Beefeeso 1:4. Omukkiriza ayimiridde atya mu maaso ga Katonda?
   **Mutukuvu era nga taliiko kya kunenyezebwa.**

9. Soma Beefeeso 1:9. Tukkirizibwa tutya mu maaso ga Katonda?
   **Tukkirizibwa okuyita mu mwagalwa we (Yesu Kristo).**

## ESSOMO 11

# KIKI EKIBAAWO OMULOKOLE BW'AYONOONA?

### Omusomesa: Don Krow

Olwaleero twagala okulaba ku ssomo erigamba nti, "Kiki Ekibaawo Omukristaayo (Omulokole) Bw'ayonoona?" Bayibuli etugamba mu 1 Yokana 1:8-9 nti, *"Bwe twogera nti tetulina kibi twerimba ffekka, era n'amazima tegaba mu ffe. Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era w'amazima okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna."* Ng'Abakristaayo bulijjo twesittala era ne twonoona. Ekitufuula eb'enjawulo okuva ku kiri kye twali luli nga tetunnaba kulokoka, kwe kuba nti kaakati twafuna embala empya. Okwonoona kutunakuwaza. Ng'Abalokole tetwagala kwonoona. Twagala nnyo okubeera mu bulamu obw'obutukuvu. Naye kiki ekibaawo nga twonoonye? Twetaaga kuddamu kwatula bulokozi? Ekyo Bayibuli ky'eyigiriza? Bwe kiba nti tulina kuddamu kulokoka, kiba kitegeeza nti tetulina bukuumi, era tuba tuli bubi nnyo n'okusinga abantu b'ensi. Kubanga waakiri ab'ensi teberaliikirira kibi. Ng'Abakkiriza, ekibi tetuteekeddwa kubeera nga tukirowoozaako buli kiseera, era nga tukitaddeko essira. Abaebulaaniya 10:2 ayogera nti okuyita mu kiweebwayo eky'Omwana Yesu Kristo, omukkiriza tateekeddwa kweraliikirira kibi nate. Mu ngeri yeemu tetulina kubeeraawo ng'ebirowoozo byaffe byonna tubitadde ku kweraliikirira kibi, wabula ebirowoozo byaffe tulina kubiteeka ku Katonda.

Abaruumi 4:2 wagamba nti, *"Singa Ibulayimu yaweebwa obutuukirivu lwa bikolwa bye, yalyenyumirizza, naye si eri Katonda."* Singa obulokozi bwali businziira ku birungi bye tukoze, awo twalibadde twewaana n'okwewaana. Twalibadde tugamba nti, "Owange Mukama, mu butuufu nsiima bye wakola ku musaalaba, naye nange jjukira bye nkoze!" Kino kitegeeza nti bwe twandigenze mu ggulu twandibadde twebaza Yesu, naye nga naffe bwe tumujjukiza ebyo bye twakola. Nedda, ekyo si kituufu! Katonda yateekateeka obulokozi nga buli muntu talina kwenyumiriza nti aliko kye yakola, wabula okwenyumiriza mw'ekyo Mukama waffe Yesu Kristo kye yakola (Baruumi 6:23). Ekirabo eky'obulamu obutaggwaawo mazima ddala kirabo kya bwereere, era tebakikolerera (Abaruumi 6:23).

Abaruumi 4:2 wagamba, "Nti singa Ibulayimu yali yaweebwa obutuukirivu olw'ebikolwa bye, yalibadde n'ensonga okwewaana, naye ekyo si bwe kyali. Ebyawandiikibwa byogera bitya ku ngeri omuntu gy'alokokamu? Omuntu aweebwa obulokozi lwa bikolwa bye, nantiki? Ibulayimu obutuukirivu yabufuna atya okuba omutuukirivu? Obutuukirivu bwamuweebwa lw'ebyo bye yakola, oba bw'ava mw'ebyo by'ataakola? Oba yabufuna lwa kukkiriza na kwesiga Katonda? Bayibuli egamba mu Baruumi 4:3 nti, *"Ibulayimu yakkiriza Katonda, era ne kimubalirwako okubeera omutuukirivu."*

Kiki ekinnyweza ne kinkuumira mu kifo kyange ng'omulokole ne sizikirira, newankubadde nga waliwo oluusi lwe nnemererwa ne ngwa mu kibi? Kiri nti Yesu yeetikka ebibi byange byonna ku musaalaba, era okuyita mu kumukkiriza (si kuyita mu bikolwa byange), naggyibwaako omusango (nafuulibwa mutuukirivu mu maaso ga Katonda).

Abaruumi 4:6 wagamba nti, *"Kabaka Dawudi naye yayogera ekintu kye kimu ku muntu ono Katonda gw'awa obutuukirivu obutavudde mu bikolwa bye;"* Kabaka Dawudi ow'Endagaano Enkadde yalagula ng'agamba nti ekiseera kyali kigenda kujja mu Ndagaano Empya, Katonda abalire obutuukirivu ku muntu, nga takyesigamya ku bikolwa bya muntu. Mu lunyiriri 7, yeeyongera okugamba nti; *"Baweereddwa omukisa, abasonyiyiddwa ebyonoono byabwe, ne baggyibwako ebibi byabwe."* Kino kye kikakasiza ddala… ne kimalirawo ddala akakunkuna konna: *"Aweereddwa omukisa omuntu, Mukama gw'atalibalira kibi"* (Baruumi4:7). Ekyawandiikibwa tekigamba nti, Katonda ebiseera ebimu abalira omuntu ekibi, ate olulala n'atakimubalira, wabula kigamba nti, "Wa mukisa oyo omuntu Katonda gw'atabalirako bibi bye." Mu lulimi Oluyonaani ekyo kitegeeza nti kikakasiddwa, era tekikyukakyuka. Kino kitegeeza nti tewali mulundi na gumu Katonda lw'alitubalira bibi byaffe. Era gano ge mawulire amalungi ag'Endagaano Empya. Abaebbulaaniya 10:16 wagamba nti, *"Eno y'Endagaano ggye ndikola nabo, oluvannyuma lw'ennaku ezo bw'ayogera Mukama. Nditeeka amateeka gange ku mitima gyabwe era ndiwandiika amateeka gange mu myoyo gyabwe."* Era ekitundu ku kyawandiikibwa ekyo mu lunyiriri olwe 17 lugamba nti, *"Era ebyonoono byo n'ebibi byo siribijjukira nate."*

Kiki ekikukuumira mu kifo kyo, mu butuukirivu, era ng'oyimiridde bulungi ne Katonda, newankubadde nga wayonoonye ate n'otafuna budde bwa kwatula kibi ekyo? Okukkiriza kwo mu Yesu kwe kukukuumira mu kifo kyo. Erinnya lye ye Yesu alokola abantu okuva mu bibi byabwe (Matayo 1:21).

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Baruumi 4:5. Bantu ba ngeri ki Katonda b'awa obutuukirivu?

   **Abaruumi 4:5** - *"Katonda tayinza kukusembeza olw'ebikolwa byo. Katonda asembeza aboonoonyi olw'okukkiriza kwe balina mu ye."*

2. Soma Baruumi 4:2-3. Katonda alina kye yabalira Ibulayimu (bwe yakkiriza) kye yali talina. Ekyo kyali ki?

   **Abaruumi 4:2-3** - *"Singa Ibulayimu yaweebwa obutuukirivu lwa bikolwa, yandyenyumirizza, naye nga si kwenyumiririza mu Katonda. [3] Ebyawandiikibwa bitugamba bitya? Ibulayimu yakkiriza Katonda ne kimubalirwa okuba obutuukirivu."*

3. Soma Baruumi 4:22-24. Singa tukkiriza nga Ibulayimu bwe yakkiriza. Kiki Katonda ky'ayinza okutubalira?

   **Abaruumi 4:22-24** - *"Era bwe kityo ne kimubalirwa okuba obutuukirivu. [23] Naye tekyawandiikibwa ku lulwe yekka nti, "Kyamubalirwa okuba obutuukirivu;" [24] naye era naffe, abakkiririza mu oyo eyazuukiza Yesu Mukama waffe mu bafu."*

4. Soma Baruumi 4:6. Katonda ateeka obutuukirivu (okusaanira mu maaso ge) ku muntu. Londako eky'okuddamu kimu.

   A. Okusinziira ku bikolwa byabwe.
   B. Awatali bikolwa byabwe.
   C. Okusinziira ku bulungi bw'omuntu.

   **Abaruumi 4:6** - *"Kabaka Dawudi naye yayogera kye kimu ku muntu ono Katonda gw'awa obutuukirivu obutavudde mu bikolwa bye ng'agamba nti;"*

5. Soma Bebbulaniya 10:14. Okutuukirizibwa kw'omukkiriza mu maaso ga Katonda kumala bbanga ki?

   **Abaebulaniya 10:14** - *"Kubanga olw'ekiweebwayo ekyo ekimu, abaatukuzibwa yabawa obutuukirivu obw'emirembe gyonna."*

6. Soma Baruumi 5:17. Obutuukirivu bufunibwa butya?

   A. Nga tubusasulwa.
   B. Nga ekirabo.
   C. Nga tubukolerera.

**Abaruumi 5:17** - *"Obanga olw'okwonoona kw'omuntu omu okufa kwabuna, abaliweebwa ekisa kya Katonda n'ekirabo eky'obutuukirivu, tebalisinga nnyo okufugira mu bulamu olw'omuntu omu Yesu Kristo?"*

7. Ekigambo "ekirabo" kitegeeza ki?

8. Okwesiga Yesu ng'omulokozi w'obulamu bwo, olina kumwesiga akutwale wa?

   A. Ku kkanisa.
   B. Mu ggulu.
   C. E Tanzaniya.

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Baruumi 4:5. Bantu ba ngeri ki Katonda b'awa obutuukirivu?
   **Aboonoonyi (abatatya Katonda).**

2. Soma Baruumi 4:2-3. Katonda alina kye yabalira Ibulayimu (bwe yakkiriza), n'afuna kye yali talina. Ekyo kyali ki?
   **Obutuukirivu oba okusaanira mu maaso ge.**

3. Soma Baruumi 4:22-24. Singa tukkiriza nga Ibulayimu bwe yakkiriza. Kiki Katonda ky'ayinza okutubalira?
   **Obutuukirivu oba okusaanira mu maaso ge.**

4. Soma Baruumi 4:6. Katonda ateeka obutuukirivu (okusaanira mu maaso ge) ku muntu Londako eky'okuddamu kimu.
   **B. Awatali bikolwa byabwe.**

5. Soma Bebbulaniya 10:14. Okutuukirizibwa kw'omukkiriza mu maaso ga Katonda kumala bbanga ki?
   **Olubeerera.**

6. Soma Baruumi 5:17. Obutuukirivu bufunibwa butya?
   **B. Nga ekirabo.**

7. Ekigambo "ekirabo" kitegeeza ki?
   **Ekintu ekikuweebwa ku bwereere.**

8. Okwesiga Yesu ng'omulokozi w'obulamu bwo, olina kumwesiga akutwale wa?
   **B. Mu ggulu.**

## ESSOMO 12

# OBWESIGWA BW'EKIGAMBO KYA KATONDA

### Omusomesa: Andrew Wommack

Essuula ya Makko 4 y'emu ku ssuula ezisinga okutulaga obulungi obwesigwa obuli mu Kigambo kya Katonda – etulaga amaanyi gaakyo, embala yaakyo n'okukkiriza okukirimu. Waaliwo engero nga 10 ezayogerwa ku lunaku lumu. Olina okugeraageranya Makko 4 ne Matayo 13 wamu ne Lukka 8, okusobola okukiggyayo obulungi. Mu ssuula eyokuna tulabamu engero nnyingi, era ng'olumu kw'ezo lwe lw'omusizi n'ensigo. Bayibuli egamba mu Makko 4:26-27, *"Awo Yesu n'abagamba nti, "Obwakabaka bwa Katonda bufaanaanyirizibwa n'omusizi asiga ensigo mu ttaka."* Jjukira nti mu lunyiriri olwe 14 wagamba nti ensigo eno kye Kigambo kya Katonda. Mu mazima Katonda aba takutendeka kubeera mulimi mulungi, naye akozesa obutonde okusobola okukulaga amazima ag'ebyomwoyo. Olunyiriri olwa 27 lugamba nti, *"Bwe kityo n'obwakabaka bwa Katonda bulinga nga omuntu bw'ateeka ensigo ze mu ttaka n'amala ne yeebaka ne buba ekiro era n'emisana, era ensigo n'emeruka era n'ekula nga tamanyi na kumanya bwe kibaawo."* Kaakati nzikiriza nti ekyo kikulu nnyo. Ekyawandiikibwa kigamba nti omuntu tamanyi nsigo eno bw'emeruka na bw'ekula.

Abantu abamu batera okuŋŋamba nti, "Ky'oyogerako nga tetukitegeera. Okusoma obusomi Ekigambo kya Katonda kiyinza kitya okunkyusa, ne kireetera obulamu bwa Katonda okubeera nga bukolera mu nze?" Mbaddamu nti, "Nange sitegeera ngeri gye kikolamu, naye mmanyi kimu nti kikola." Sitegeera ngeri gy'oteeka akasigo akatono ennyo mu ttaka, n'ofunamu omunwe gwa kasooli omunene nga guliko empeke za kasooli ezisoba mu kikumi. Tewali ategeerera ddala ngeri gye kibaawo, naye kikola, era nkukakasa nti kikola. Bw'osoma Ekigambo kya Katonda, era n'okikkiriza, kikyusa endowooza yo, ne kikyusa obulamu bwo n'ebikwetoolodde, n'engeri gy'olabamu ebintu.

Olunyiriri olwa 28 lugamba nti, *"Ku bwalyo ettaka lireeta ekibala."* Ettaka lyatondebwa okukuza ensigo, okumerusa n'okusumulula obulamu bwayo. Omutima gwo gwatondebwa kufuna Kigambo kya Katonda, ekyo kye kyagutonderwa. Okukwata obukwasi Bayibuli n'ogyezizika, oba n'ogiteeka ku mmeeza yo, oba n'otambulanga nayo tekiriimu makulu.

Ekyo tekirina bwe kisumulula maanyi ga Katonda mu bulamu bwo. Olina okutwala Ekigambo n'okisiga mu mutima gwo ng'ensigo. Ekyo bw'okikola, Ekigambo ekyo kitandika okubala ebibala mu mutima gwo. Kino kijja kukyusa engeri ebintu gye byekolamu mu bulamu bwo. Olunyiriri lweyongerayo ne lugamba nti, *"Ensigo zisooka kusindika bulimi bwazo okuva mu ttaka, amatabi ne gajjako ebirimba by'eŋŋaano."* Kino kitegeeza nti waliwo emitendera egiyitibwamu okutuukira ddala ensigo lw'evaamu ebibala. Abantu bajja gyendi buli kiseera nga bagamba nti bakkiriza Katonda okubaako ekirungi ky'abakolera, nga baagala nzikirizaganye nabo mu ssaala. Naye bwe baba nga tebalina kye baali bakoze, nga tebabuuliranga ku muntu n'omu Njiri ya bulokozi, nkukakasa nti abo abafaanana bwe batyo tebasobola kutandikirawo

buweereza bunene ku leediyo oba ku Ttivi.

Ebintu olina kubikolera mu mitendera. Okufuna okuva eri Mukama kulimu emitendera, era olugero luno ekyo kye lulaga. Ekisookera ddala olina okutandika, olwo n'oba n'essuubi oluvannyuma okukkiriza, olwo nno n'olyoka ofuna amakungula. Okutuuka ku buwanguzi oyita mu mitendera. Tewali afubutuka mbiro amangwago n'atuuka ku mita 1000 buli ssaawa, wabula bonna batandikira ku zeero. Newankubadde okuyayaana okukola ebintu ebinene kwa bwa Katonda, naye bwe bityo si bwe bikolebwa. Ekyawandiikibwa kiraga nti Ekigambo kya Katonda kiri ng'ensigo. Ekigambo kirina okusimbibwa mu mutima gwo, olwo ne kitandika okukulira mu mitendera: Okusooka kalagala, ate kirimba, ate eŋŋaano enkulu mu kirimba n'eryoka ejja. Olunyiriri oluddako lugamba nti, *"Eŋŋaano bweyengera omusizi ayanguwa mangu n'akwata akayuuyo, kubanga amakungula gatuuse."* Wabaawo emitendera gy'oyitamu okutuuka ku makungula, naye oluvannyuma lwa byonna otuuka n'okungula.

Amakulu gavaayo mu lunyiriri olwa Makko 4:35, awagamba nti, *"Ku lunaku olwo obudde nga buwungedde Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, "Tuwunguke tulage emitala."* Olunaku lwonna Yesu yalumala ng'abayigiriza ku maanyi agali mu Kigambo, ng'abagamba nti Ekigambo kiringa ensigo, ng'ababuulira bwe kiyinza okusumulula obulamu bwa Katonda mu bulamu bwabwe. Yali amaze olunaku lulamba ng'akibayigiririza mu ngero kkumi, era n'abawa n'ekigezo bwe yabagamba nti, "Tusomoke tugende emitala w'eri." Teyabagamba nti, "Tulinnye eryato tugende tubbire wakati mu nnyanja," wabula yabagamba nti, "Tuwunguke tugende emitala." Awo ye Yesu n'ayingira mu lyato, ne yeebaka. Ekigambo kigamba nti omuyaga ogw'amaanyi ne gujja ne gukuba eryato.

Olina okujjukira nti eryato lino teryalina kayumba ka kwebakamu wansi walyo, nti Yesu gye yali yeebase n'atatoba alyoke aleme okuwulira ebyali bigenda mu maaso. Eryato lyali lya kyangaala, era Yesu yali yeebase, ng'atengejjera ku mazzi. Ensonga lwaki kino kikulu, kwe kuba nti yali amanyi ekyali kigenda mu maaso, naye nga yefuudde eyeebase. Kino abayigirizwa kyabeeraliikiriza nnyo, ne bajja gy'ali ne bamugamba nti, "Mukama waffe tofaayo nga tufa." Mu ngeri endala bali ng'abamugamba nti, "Baako ky'okola, funa akalobo naawe osene amazzi, baako ky'okola. Tuli mu kukendeeza buzito."

Emirundi mingi abantu bakola ekintu kye kimu ku Katonda nga bagamba nti, "Ayi Mukama lwaki tolina ky'okolawo?" Kyonna Katonda ky'alina okukola, yakikola dda, era ebintu byonna yabituwa okuyita mu ssaddaaka ya Yesu Kristo gye yatuweerayo ku musaalaba. Katonda yayogera Ekigambo kye, era n'atuwa ensigo zino zonna. Kaakati buvunaanyizibwa bwaffe okusiga ensigo ezo mu mitima gyaffe. Atuwadde ekyawandiikibwa ekyo, era mulimu gwaffe okutwala ensigo eyo, ne tugisiga mu mitima gyaffe, era ne twongera okugifumitirizaako okutuusa ng'esumuludde obulamu obugirimu. Naye ate wano abayigirizwa baali bazuukusa Yesu, era nga bamugamba nti, "Lwaki tolina ky'okolawo?" Yesu yazuukuka n'ayogera eri omuyaga okukoma, era ne gukakkana. Ebyo bwe byaggwa n'akyukira abayigirizwa n'ababuuza nti; "Lwaki mutya bwe mutyo? Lwaki temulina kukkiriza?" Teyabagamba nti, "Bannange, Munsonyiwe! Mu butuufu Nalibadde

nnina okubaako kye nkola." Nedda. Omulimu gwe gwali gwa kubayigiriza Kigambo na kubawa bisuubizo, era bo kye baali balina okukola kya kutwala Kigambo ekyo ne bakkiriza ebisuubizo. Katonda yatuwa dda buli kimu ku nsi eno okuyita mu Yesu Kristo. Yakuwa buli ekyetaagisa kyonna okuwangula mu bulamu buno, naye mu ngeri ya nsigo, era ng'ensigo eno kye Kigambo kya Katonda. Ggwe ky'olina okukola kwe kutwala ensigo ey'Ekigambo kya Katonda, ogisige mu mutima gwo okuyita mu kusoma Ekigambo, okukifumiitirizaako, n'okukirowoolezaamu okutuusa nga kisimbye emirandira mu ggwe. Ekyo bw'okikola, ojja kusobola okuyimirira oziyizenga emiyaga gye tusisinkana mu bulamu bwaffe.

Nzikiriza nti Katonda kye yali asinga okwagaliza abayigirizwa, kutwala Yesu bye yabayigiriza olunaku olwo, amale abagambe nti, "Ka tuwunguke tugende emitala." Baaligambye nti, "Okusinziira ku by'atuyigirizza leero, kino kisuubizo. Ono ye mutonzi w'ensi zonna, era atugambye okuwunguka tugende emitala w'eri, so tatugambye kugenda wakati mu nnyanja tubbire." Baalitutte ebigambo bino nga bikulu, ne babigattako okukkiriza kwabwe, bwe batyo ne bagoba omuyaga. Era ekyo kyennyini Yesu kye yabagamba nti, "Mwe abalina okukkiriza okutono, lwaki mubuusabuusizza?" Ab'oluganda mbabuulire? Tulina okukkiriza Ekigambo kya Katonda, era tukole kye kigamba.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Matayo13:19. Bwe tutasiga Kigambo kya Katonda mu mitima gyaffe, kiki ekibaawo?

   **Matayo 13:19** - *"Ensigo eyagwa ku mabbali g'ekkubo efaanana ng'omuntu awulira ekigambo kya Katonda n'atakitegeera era omulabe Setaani n'ajja n'akimusikulako okuva ku mutima."*

2. Soma Yoswa 1:8. Ddi lwe tulina okufumiitiriza ku Kigambo kya Katonda?

   **Yoswa 1:8** - *"Ekitabo kino eky'amateeka tekikuvanga mu kamwa, okifumiitirizangako emisana n'ekiro olyoke oteekenga mu nkola ebyo bye kikulagira era bw'otyo bw'oneefunira obuwanguzi n'okukulaakulana."*

3. Okusinziira mu Yokaana 6:63. Okusinziira ku lunyiriri luno Ekigambo kya Katonda kye ki?

   **Yokaana 6:63 –** *"Mwoyo Mutukuvu y'awa obulamu. Omubiri teguliiko kye gugasa. Ebigambo bye njogedde gye muli gwe mwoyo era bwe bulamu."*

4. Soma Matayo 4:4. Omuntu tabeera mulamu lwa mmere yokka wabula na kiki?

   **Matayo 4:4 –** *"Naye Yesu n'amuddamu nti, "Kyawandiikibwa nti: 'Omuntu tabeera mulamu na mmere yokka, wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.' "*

5. Soma Beefeeso 6:17. Ekigambo kya Katonda kifaanana kya kulwanyisa ki?

   **Abeefeeso 6:17** - *"Obulokozi bubafuukire enkuufiira gye mwambadde, n'ekigambo kya Katonda kibabeerere ekitala eky'Omwoyo."*

6. Ekitala kiyinza okukosa omulabe?

7. Soma Baruumi 8:6. Tufuna ki nga tuwadde ekigambo kya Katonda ekifo ekisooka mu bulamu bwaffe?

   **Abaruumi 8:6** - *"Kubanga okulowooza kw'omubiri kwe kufa; naye okulowooza kw'omwoyo bwe bulamu n'emirembe:"*

8. Soma 2 Bakkolinso 3:18. Ekyo kye tuteekako ebirowoozo byaffe ennyo kye kijjula mu bulamu bwaffe. Kiki kye tulina okuteekako ebirowoozo?

   **2 Abakkolinso 3:18** - *"Kaakano ffe ffenna, amaaso gaffe nga gabikuddwa, ekitiibwa kya Katonda kyakaayakana mu ffe ng'endabirwamu emulisa ekitiibwa kye ne tukyusibwa okumufaanana okuva mu kitiibwa okutuuka mu kitiibwa, ekiva eri Mukama waffe, Mwoyo."*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Matayo 13:19. Bwe tutasiga Kigambo kya Katonda mu mitima gyaffe, kiki ekibaawo?
   **Omubbi akibba ne kitabala bibala mu bulamu bwaffe.**

2. Soma Yoswa 1:8. Ddi lwe tulina okufumiitiriza ku Kigambo kya Katonda?
   **Emisana n'ekiro (buli kiseera).**

3. Okusinziira mu Yokaana 6:63. Okusinziira ku lunyiriri luno Ekigambo kya Katonda kye ki?
   **Gwe mwoyo era bwe bulamu.**

4. Soma Matayo 4:4. Omuntu tabeera mulamu lwa mmere yokka wabula na kiki?
   **Wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.**

5. Soma Beefeeso 6:17. Ekigambo kya Katonda kifaanana kya kulwanyisa ki?
   **Ekitala.**

6. Ekitala kisobola okukosa omulabe?
   **Yee.**

7. Soma Baruumi 8:6. Tufuna ki nga tuwadde Ekigambo kya Katonda ekifo ekisooka mu bulamu bwaffe?
   **Obulamu n'emirembe.**

8. Soma 2 Bakkolinso 3:18. Ekyo kye tuteekako ebirowoozo byaffe ennyo kye kijjula mu bulamu bwaffe. Kiki kye tulina okuteekako ebirowoozo?
   **Mukama n'ekitiibwa kye.**

## ESSOMO 13

# KATONDA TALINA MUSANGO

### Omusomesa: Andrew Wommack

Olwaleero njagala kwogera ku kimu ku bisinga obukulu Katonda bye yali akoze mu bulamu bwange. Kirabika nti buli kibaawo mu bulamu bw'abantu, balowooza nti kiva wa Katonda, nti era buli kimu kitambulira ku ye. Ensonga lwaki kiri bwe kityo, kwe kuba nti Katonda asukkulumye mu maanyi, n'olwekyo balowoza nti buli ekituukawo ku bulamu bwaffe y'akifuga, era kiviira ku ye. N'abatali balokole bwe batyo bwe balowooza. Waliwo n'Abakristaayo bangi abasaasanya enjigiriza eno n'enywerera ddala mu bulamu bwabwe. Nzikiriza nti ebyawandiikibwa kye biyigiriza kikontana n'endowooza eyo, era kikulu nnyo ggwe okutegeera ensonga eno. Mu Yakobo 1:13-17, Bayibuli egamba nti, *"Omuntu yenna bw'akemebwanga, tagambanga nti, 'Katonda ye yankemye,' kubanga Katonda takemebwa, era naye yennyini takema muntu n'omu. Naye buli muntu akemebwa ng'okwegomba kwe okubi, bwe kuli, n'asendebwasendebwa. Okwegomba okwo bwe kumala okuba olubuto, ne kuzaala ekibi, n'ekibi bwe kikula ne kizaala okufa. Noolwekyo, abooluganda abaagalwa, temulimbibwalimbibwanga. Buli kirabo ekirungi ekituukiridde, kiva mu ggulu eri Kitaffe, eyatonda eby'omu bbanga ebyaka, atakyukakyuka newaakubadde okwefuula ekirala."*

Ebyawandiikibwa bino bikirambulula bulungi nti Katonda y'ensibuko y'ebintu byonna ebirungi. Yesu yagamba mu Yokaana 10:10 nti, *"Omubbi ky'ajjirira, kwe kubba, n'okutta, n'okuzikiriza. Nze najja zibe n'obulamu era zibe nabwo mu bujjuvu."* Ekintu bwe kiba nga kirungi, ekyo kiba kya Katonda, ate bwe kiba nga kibi, ekyo kya Setaani. Eyo njigiriza nnyangu nnyo okutegeera. Okukitegeera nti byonna ebitubaako tebiva wa Katonda kikulu nnyo, kubanga ekyawandiikibwa kigamba mu Yakobo 4:7 nti, *"Kale, mugondere Katonda era mulwanyisenga Setaani, ajja kubaddukanga."* Kino kitegeeza nti tulina kwewaayo eri Katonda abe nga y'afuga, era tulwanyisenga Setaani. Ekigambo "okulwanyisa", kitegeeza okuziyiza, okuwakanya, oba okulemesa ekyo ky'otakkiriziganya nakyo.

Abantu bwe balowooza nti buli kibatuukako kiva wa Katonda, ng'obulwadde, okulemererwa mu bbizineesi, okufiirwa omulimu, abaana abajeemu, oba okwawukana mu maka, ekyo kibaleetera okugayaala mu kifo ky'okwerwanako ne babaako kye bakola. Bano balowooza nti singa bawakanya embeera embi ebeere ezze mu bulamu bwabwe, bajja kuba bawakanya Katonda gwe balowooza nti yagireese okubayamba okukyuka. So ng'ate Yakobo 4:7 atugambye tulwanyise Setaani, olwo lw'anaatudduka. Ky'olina okukola, kwe kugondera Mukama. Kino kiraga nti ebintu ebimu Katonda y'abireeta, ate ebirala biva wa Setaani. Mu nsi muno mulimu amaanyi ag'ekizikiza, era si buli kikutuukako nti Katonda y'abeera akireese. Ekyo bw'otakitegeera oyinza okumaliriza ng'ofootokedde Setaani, era ng'omwongedde maanyi.

Waliwo ekyawandiikibwa kye njagala nkulage mu Baruumi, kubanga mirundi mingi kikozeseddwa bubi. Mbaddenga nnyo mu kuziika, ne nsisinkananga abantu abatamanyi Katonda, era nga tebagenda na mu kkanisa kusaba, ng'okumanya kwabwe mu byawandiikibwa kutono

nnyo nnyini, kyokka nga nabo ekyawandiikibwa kino bakimanyi. Abaruumi 8:28 wagamba nti, *"Era tumanyi nga eri abo abaagala Katonda, era abo abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna bibatuukako olw'obulungi."* Kati kino bbo bakivvuunula okutegeeza nti buli kintu ekituuka ku muntu, Katonda y'abeera akireese, nti era kiba kijja kuvaamu ekirungi. Naliko mu kuziika abagenzi okwali omuwala n'omulenzi, abaali banywedde enjaga ate ne bavugira emmotoka ku luguudo oluseerera emisinde emiyitirivu, bw'etyo n'ewabira mu kkoona gye yatomerera omuti gw'essimu bombi ne bafa. Naye omubuulizi yabuulirira mu kyawandiikibwa ekyo ng'agamba nti, "Tumanyi nga buli kimu kibaawo olw'obulungi." N'ayongera n'agamba nti Katonda alina ensonga lwaki yali aleese akabenje ako. Mu butuufu Katonda si ye yatta abavubuka abo. Nkakasa nti Setaani ye yabasendasenda okujeemera amagezi ga bakadde baabwe n'ebirala bye baabayigiriza, naye era okusalawo kwali kwabwe. Bbo bennyini beebeesalirawo okunywa omwenge n'enjaga, era beebaatomera omuti gw'essimu. Ekyo kyajja ng'ebizibu ebijja olw'okusalawo okubi, naye nga Katonda si ye yakireeta.

Ekyawandiikibwa kiba kitegeeza ki bwe kigamba nti, "*ebintu byonna bibatuukako olw'obulungi?"* Ekisookera ddala ekyawandiikibwa tekigamba nti ebintu byonna biva wa Katonda, era bikolera wamu olw'obulungi. Wabula kigamba nti ebintu byonna bikolera wamu olw'obulungi, wabula kuliko akakkwakkulizo akagenderako akagamba nti, *"eri abo abaagala Katonda."* Ekyawandiika kino tekikolera muntu atayagala Mukama. Ekyo kyeraga kyokka, era kyalibadde tekitawaanya muntu yenna kutegeera. Naye kyewuunyisa engeri abantu gye bakikyusa, ne bakikozesa mu mbeera ng'ez'abaana bali abanywi b'enjaga n'omwenge, ky'olabira ddala nti kikontana n'enkola ya Katonda.

Abaana abo baafiira mu bujeemu bwennyini eri Katonda n'ennono ze, kyokka abantu ne bagamba nti Katonda ye yali akikoze. Ekyawandiikibwa kino kikola ku lw'abo bokka abaagala Katonda, era abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli.

Mu bbaluwa ya 1 Yokaana 3:8, wagamba nti, *"Naye buli akola ekibi wa Setaani kubanga okuva oluberyeberye Setaani akola bibi, Omwana wa Katonda kye yava alabisibwa azikirize ebikolwa bya Setaani."* Katonda yatweyoleka alyoke amalewo emirimu gya Setaani. Ekyo kye kigendererwa kye, era kikola olw'obulungi eri abo abaagala Katonda, era abaayitibwa okumuweereza. Era abantu aboogerwako wano, beebo abali mu kuyitibwa kwa Katonda, era nga balwanyisa Setaani n'ekigendererwa eky'okusaanyawo emirimu gye. Abantu ng'abo, be bokka abasobola okwenyumiriza nga bagamba nti Setaani kyabaleetera kyonna Katonda ajja kukiwuumbawuumba bamalirize nga be bawaangudde.

Tulina okukitegeera nti Katonda si y'abeera emabega wa buli kigwaawo mu bulamu bwaffe. Waliwo omulabe ajja okutta, okubba, n'okuzikiriza, naye Yesu yajja okutuwa obulamu. Tulina okwesalirawo okutwala obulamu, era n'okukimanya nti Katonda talina musango kubanga si y'abeera emabega wa buli kintu ekitutuukako.

Katonda singa yali muntu gwe tulabako, era nga yaakola ebyo abantu bye bamuvunaana,

omuli okubateekako endwadde, okubalemaza, okunyigirizibwa, ennaku n'obunyiikaavu, nkukakasa nti tewali Gavumenti ku nsi etalimuyizze n'asibwa mu kkomera okusobola okumuziyiza. So ng'ate tukimanyi nti Katonda alina okusaasira okussukkiridde okw'omuntu yenna gwe twali tulabye, oba tuwuliddeko mu bulamu bwaffe. Kale kisoboka kitya okuba nga y'alwaza abantu n'okubatuusa ku bizibu ebirala? Waliwo ebizibu ebireetebwa emizimu, ate nga n'ebimu bya butonde, n'olwekyo si buli ekizikiriza nti kiva wa Katonda. Ebitongole ebya 'yinsuwa' birina kye biyita, "ebyo ebireetebwa Katonda," nga mwe muli; musisi, amataba, enzige, laddu n'ebirala. Nedda, n'ebyo Katonda si y'abireeta.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Yakobo 1:13. Kituufu nti Katonda y'aleetera abantu okukemebwa?

   **Yakobo 1:13** - *"Omuntu yenna bw'akemebwanga, tagambanga nti, "Katonda ye yankemye," kubanga Katonda takemebwa, era naye yennyini takema muntu n'omu."*

2. Soma Yakobo 1:17. Ebirabo ebirungi biva wa?

   **Yakobo 1:17** - *"Buli kirabo ekirungi ekituukiridde, kiva mu ggulu eri Kitaffe, eyatonda eby'omu bbanga ebyaka, atakyukakyuka newaakubadde okwefuula ekirala."*

3. Soma Yokaana 10:10. Omubbi y'ani?

   **Yokaana 10:10** - *"Omubbi ky'ajjirira kwe kubba n'okutta n'okuzikiriza. Nze najja, zibe n'obulamu, era zibe nabwo mu bujjuvu."*

4. Soma Yokaana 10:10. Ebigendererwa bye bye biri wa?

5. Soma Yokaana 10:10. Nsonga ki eyaleeta Yesu?

6. Soma Yakobo 4:17. Kiki ekiva mu kugondera Katonda n'oziyiza Setaani?

   **Yakobo 4:7** - *"Kale, mugondere Katonda era mulwanyisenga Setaani, ajja kubaddukanga."*

7. Baruumi 8:28. Wagamba nti ebintu byonna biva wa Katonda?

   **Abaruumi 8:28** - *"Tumanyi nti abaagala Katonda era be yayita nga bwe yayagala, byonna ebibatuukako bibaviiramu ebirungi."*

8. Soma Bikolwa 10:38. Obulwadde buva eri Katonda?

   **Ebikolwa 10:38 – "***Era mumanyi bulungi Yesu Omunnazaaleesi nga Katonda bwe yamufukako amafuta ne Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi, eyatambula ng'agenda akola ebirungi, ng'awonya abaanyigirizibwanga Setaani, kubanga Katonda yali naye."*

9. Soma 1 Yokaana 3:8. Omwana wa Katonda yalabisibwa lwa nsonga ki?

   **1 Yokaana 3:8b** - *"Akola ekibi wa Setaani; kubanga okuva ku lubereberye Setaani akola ebibi. Omwana wa Katonda kyeyava alabisibwa amalewo ebikolwa bya Setaani."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Yakobo 1:13. Kituufu nti Katonda y'aleetera abantu okukemebwa?
   **Nedda.**

2. Soma Yakobo 1:17. Ebirabo ebirungi biva wa?
   **Wa Kitaffe Katonda.**

3. Soma Yokaana 10:10. Omubbi y'ani?
   **Setaani.**

4. Soma Yokaana 10:10. Ebigendererwa bye bye biri wa?
   **Kwe kubba, okutta n'okuzikiriza.**

5. Soma Yokaana 10:10. Nsonga ki eyaleeta Yesu?
   **Okutuwa obulamu obw'omuyiika, obungi ddala.**

6. Soma Yakobo 4:17. Kiki ekiva mu kugondera Katonda n'oziyiza Setaani?
   **Setaani akudduka, akuviira.**

7. Baruumi 8:28. Wagamba nti buli kigwaawo kiva wa Katonda?
   **Nedda.**

8. Soma Ebikolwa 10:38. Obulwadde buva eri Katonda?
   **Nedda.**

9. Soma 1 Yokaana 3:8. Omwana wa Katonda yalabisibwa lwa nsonga ki?
   **Okuzikiriza emirimu gy'omulabe Setaani.**

## ESSOMO 14

# OBULAMU OBUJJUZIDDWA AMAANYI AG'OMWOYO OMUTUKUVU

### Omusomesa: Don Krow

Essuula ya Makko 16:15-16 emanyiddwa nnyo ng'essula etutuma mu buweereza obukulu obw'okubuulira Enjiri. Yesu yatuma abayigirizwa be ng'abagamba nti, *"Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri abantu bonna. Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balirokolebwa, naye abo abatakkiriza balisalirwa omusango ne gubasinga."* Mu Bikolwa by'Abatume 8:5-12, tulaba engeri omulimu guno gye gwakolebwamu okuyita mu buweereza bwa Firipo ng'abuulira Enjiri mu Samalia. Ekyawandiikibwa kigamba nti, *"Awo Firipo n'alaga mu kimu ku bibuga bya Samaliya, n'abuulira abantu Enjiri ya Kristo. Naye bwe bakkiriza obubaka bwa Firipo ng'abuulira ku bwakabaka bwa Katonda n'erinnya lya Yesu Kristo, abasajja n'abakazi ne babatizibwa."*

Ekibuuzo kye twebuuza, abantu abo ab'e Samaliya baalokoka ng'ekyawandiikibwa kya Makko 16:15-16 bwe kyogera? Weewaawo, baalokoka. Firipo yagenda mu kibuga kya Samaliya, ng'abuulira Kristo, era okuyita mu kukkiriza Kristo, abakazi n'abasajja baabatizibwa. Kati okusinziira ku buweereza buno obukulu, obw'okubuulira Enjiri nga Yesu bwe yatulagira, tusobola okugamba nti abantu Firipo be yabuulira baalokoka. Naye ekibuuzo kiri nti, baabatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu?

Bayibuli eyogera ku Yokaana nga bwe yabatizanga n'amazzi, naye Yesu Kristo yekka ye yali asobola okubatiza abantu mu Mwoyo Omutukuvu. Okusinziira ku byawandiikibwa, abantu bano ab' e Samaliya, bakkiriza Enjiri ne balokoka, era ne babatizibwa mu mazzi, naye baali tebaafuna kubatizibwa mu Mwoyo Mutukuvu. Ebikolwa by'Abatume 8:14-17 wagamba nti, *"Awo abatume abaali mu Yerusaalemi bwe baawulira ng'abantu mu Samaliya bakkirizza ekigambo kya Katonda, ne babatumira Peetero ne Yokaana. Bwe baatuuka ne basabira abakkiriza bano abaggya bafune Mwoyo Mutukuvu, kubanga yali tannaba kubakkako, kubanga baali babatizibbwa mu linnya lya Mukama waffe Yesu kyokka. Awo Peetero ne Yokaana ne bassa emikono gyabwe ku bakkiriza abo, ne bafuna Mwoyo Mutukuvu."*

Okusinziira mu byawandiikibwa, tukiraba nti omuntu okubeera nga yakkiriza n'alokoka, era n'abatizibwa mu mazzi, tekitegeeza nti y'abatizibwa ne mu Mwoyo Omutukuvu. Mu Yokaana 20:22, tukiraba ng'Omwoyo Omutukuvu ayingira mu bulamu bw'abayigirizwa, era n'abazza buggya. Naye ku lunaku lwa Pentekoote, lwe baabatizibwa n'Omwoyo Mutukuvu, era Katonda lwe yabajjuza amaanyi ge.

Waliwo enjawulo wakati w'okufuna Omwoyo Omutukuvu omuntu ng'alokose, n'Okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Omuntu bw'abatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu, ajjuzibwa amaanyi ga Katonda. Omuntu bw'alokoka, tekitegeeza nti amangwago abeera abatiziddwa n'Omwoyo Omutukuvu.

Ekigambo kya Katonda kigamba mu Bikolwa by'Abatume 19:1-2 nti, *"Awo Apollo ng'ali mu Kkolinso, Pawulo n'atambula ng'ayita ku lukalu n'alaga mu Efeso. N'asanga yo abayigirizwa bangiko, n'ababuuza nti bwe mwakkiriza mwafuna Omwoyo Omutukuvu? Ne bamuddamu nti nedda tetuwuliranga nti waliyo Mwoyo Mutukuvu." Pawulo n'agamba, 'Bwe muba nga temwabatizibwa na Mwoyo Mutukuvu bwe mwalokoka, olwo mwabatizibwa na ki?' Ne bamuddamu nti, "twabatizibwa okubatiza kwa Yokaana omubatiza."* Nzikiriza nti Pawulo yabannyonnyola bulungi nnyo ku ky'okuba nga Yesu ye Kristo, era ne bakkaanya nti oyo gwe baali bakkiriza okuyita mu kubatizibwa mu mazzi. Mu nnyiriri 6-7 wagamba nti, *"Pawulo bwe yabassaako emikono gye, Mwoyo Mutukuvu n'abakkako, ne batandika okwogera ennimi empya era n'okuwa obunnabbi. Bonna baali abantu nga kkumi na babiri."*

Newankubadde ng'abantu abo baali bayigirizwa, era nga baali bakkiriza Masiya eyali azze, baali tebabatizibwanga na Mwoyo Mutukuvu. Omuntu asobola okubeera omulokole, era n'abatizibwa ne mu mazzi, naye nga tabatiziddwa na Mwoyo Mutukuvu. Okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kya njawulo ku kulokoka. Newankubadde nga nsobola okubatiza omuntu mu mazzi, sisobola kumubatiza na Mwoyo Mutukuvu.Yesu yekka y'asobola okukola ekyo. Bw'oba tosabanga Yesu kukubatiza na Mwoyo Mutukuvu, lwaki tomusaba kaakano? Lukka 11:13 wagamba nti, *"Kale oba nga mmwe ababi muwa abaana bammwe ebirungi, Kitammwe ali mu ggulu talisingawo nnyo okubawa Omwoyo Omutukuvu abo abamusaba?"* Kale lwaki tomusaba olwaleero?

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Makko 16:16. Era osome Bikolwa by'Abatume 8:5 ne 12. Abantu ab'ogeddwako mu Bikolwa 8:12 baali baalokoka?

   **Makko 16:16** - *"Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balirokolebwa, naye abo abatakkiriza balisalirwa omusango ne gubasinga."*

   **Ebikolwa 8:5, 12 –** *"Awo Firipo, n'alaga mu kimu ku bibuga bya Samaliya n'abuulira abantu Enjiri ya Kristo. ... [12] Naye bwe bakkiriza obubaka bwa Firipo ng'abuulira ku bwakabaka bwa Katond a n'erinnya lya Yesu Kristo abasajja n'abakazi ne babatizibwa."*

2. Soma Ebikolwa 8:14-16. Abantu bano baali baabatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu?

   **Ebikolwa 8:14-16** - *"Awo abatume abaali mu Yerusaalemi bwe baawulira ng'abantu mu Samaliya bakkirizza ekigambo kya Katonda, ne babatumira Peetero ne Yokaana. [15] Bwe baatuuka ne basabira abakkiriza bano abaggya bafune Mwoyo Mutukuvu, [16] kubanga yali tannaba kubakkako, kubanga baali babatizibbwa mu linnya lya Mukama waffe Yesu kyokka."*

3. Soma Ebikolwa 19:1-5. Abantu bano baali bakkiriza?

   **Ebikolwa 19:1-5** - *"Awo Apolo ng'ali mu Kkolinso, Pawulo n'atambula ng'ayita ku lukalu n'alaga mu Efeso. N'asangayo abayigirizwa bangiko, [2] n'ababuuza nti, "Bwe mwakkiriza mwafuna Mwoyo Mutukuvu?" Ne bamuddamu nti, "Nedda tetuwuliranga nti waliwo Mwoyo Mutukuvu." [3] N'ababuuza nti, "Kale mwabatizibwa kuyingira mu ki?" Ne bamuddamu nti, "Twakkiriza ebyo Yokaana Omubatiza bye yatuyigiriza." [4] Awo Pawulo n'abagamba nti, "Yokaana yabatiza okubatiza okw'okwenenya eri abantu ng'agamba nti agenda okujja oluvannyuma lwe bamukkirize. Kino kitegeeza nti ye Yesu." [5] Bwe baawulira ebyo, ne babatizibwa mu linnya lya Mukama waffe Yesu."*

4. Soma Ebikolwa 19:6-7. Baali baabatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu?

   **Ebikolwa 19:6-7** - *"Pawulo bwe yabassaako emikono gye, Mwoyo Mutukuvu n'abakkako, ne batandika okwogera ennimi endala era n'okuwa obunnabbi. 7Bonna baali abantu nga kkumi na babiri."*

5. Lukka 11:13 atugamba ki kye tulina okukola okusobola okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu?

   **Lukka 11:13** - *"Kale obanga mmwe ababi muwa abaana bammwe ebirungi, Kitammwe ali mu ggulu talisinga nnyo okubawa Mwoyo Mutukuvu abo abamusaba?"*

6. Soma 1 Bakkolinso 14:2. Omuntu bw'ayogera mu nnimi empya abeera akola ki?

**1 Abakkolinso 14:2** - *"Kubanga ayogera mu nnimi tayogera n'abantu, wabula ayogera na Katonda. Kubanga tewali n'omu ategeera by'agamba. Aba ayogera bya kyama mu Mwoyo."*

7. Soma 1 Bakkolinso 14:14. Omuntu bw'ayogera mu nnimi empya abeera akola ki?

   **1 Abakkolinso 14:14** - *"Kubanga bwe nsaba Katonda mu lulimi lwe sitegeera, omwoyo gwange gusaba, naye sibaako kye ŋŋanyulwa."*

8. Soma 1 Bakkolinso 14:16-17. Omuntu bw'ayogera mu nnimi empya abeera akola ki?

   **1 Abakkolinso 14:16-17** - *"Kubanga bw'otendereza Katonda mu mwoyo gwo, omuntu atategeera ky'ogamba ayinza atya okuddamu nti, "Amiina!" ng'omaliriza okwebaza, ng'ebigambo ebyebazizza tabitegedde? [17] Weewaawo oyinza okuba nga weebazizza Katonda, naye omulala nga tagasiddwa."*

9. Soma Ebikolwa 2:4. Omuntu bw'aba ng'ayogera mu nnimi, Omwoyo Omutukuvu y'aba ayogera, oba ye yennyini ng'omuntu y'abeera ayogera?

   **Ebikolwa 2:4** -*"Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa."*

10. Soma Ebikolwa 2:4. Ani awa omuntu ebigambo by'ayatula?

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Makko 16:16. Era osome Bikolwa by'Abatume 8:5 ne 12. Abantu ab'oogeddwako mu Bikolwa 8:12 baalokoka?
   **Yee.**

2. Soma Ebikolwa 8:14-16. Abantu bano baali baabatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu?
   **Nedda.**

3. Soma Ebikolwa 19:1-5. Abantu bano baali bakkiriza?
   **Yee.**

4. Soma Ebikolwa 19:6-7. Baali baabatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu?
   **Nedda. (Kino kikulaga enjawulo eri wakati w'okujjuzibwa Omwoyo n'okulokoka).**

5. Lukka 11:13 atugamba ki kye tulina okukola okusobola okufuna Omwoyo Omutukuvu?
   **Kumusaba.**

6. Soma 1 Bakkolinso 14:2. Omuntu bw'ayogera mu nnimi empya abeera akola ki?
   **Ayogera ne Katonda era ng'ayogera byama.**

7. Soma 1 Bakkolinso 14:14. Omuntu bw'ayogera mu nnimi empya abeera akola ki?
   **Omwoyo gwe, gwe gubeera gusaba eri Katonda.**

8. Soma 1 Bakkolinso 14:16-17. Omuntu bw'ayogera mu nnimi empya abeera akola ki?
   **Abeera agulumiza Katonda era ng'amwebaza n'omwoyo gwe.**

9. Soma Ebikolwa 2:4. Omuntu bw'aba ng'ayogera mu nnimi, Omwoyo Omutukuvu y'aba ayogera, oba ye yennyini ng'omuntu y'abeera ayogera?
   **Omuntu yennyini y'abeera ayogera.**

10. Soma Ebikolwa 2:4. Ani awa omuntu ebigambo by'ayatula?
    **Omwoyo Omutukuvu.**

## ESSOMO 15

# OMUKKIRIZA AJJUZIBWA ATYA OMWOYO OMUTUKUVU

### Omusomesa: Don Krow

Olwaleero tugenda kwogera ku ngeri omuntu gy'ajjuzibwaamu Omwoyo Omutukuvu. Ebikolwa by'Abatume 10:1 wagamba nti, *"Awo mu kibuga Kayisaliya mwalimu omusajja omuserikale erinnya lye Koluneeriyo, eyakuliranga ekitongole ky'abaserikale ekimu ekyayitibwanga ekitaliyano."* "Ekitaliyano" kino, kyali kitiibwa kya buserikale oboolyawo yali Kapiteeni akulira ekibinja. Olunyiriri 2 lweyongerayo ne lugamba nti, *"Yali ayagala nnyo Katonda era ng'amussamu nnyo ekitiibwa ye n'ab'omumaka ge bonna, ng'agabira nnyo abaavu era ng'asaba Katonda bulijjo."* Yali mutuukirivu eyakolanga ebintu ebituufu, yayambanga abeetaaga ng'ayita mu kuwaayo, era Bayibuli egamba nti yasabanga Katonda bulijjo. Naye tugenda kukizuula, kitwewunyise okuba nti newankubadde yakolanga bulungi, ng'atya Katonda, era nga musabi nnyo, teyalina nkolagana na Katonda okuyita mu Yesu Kristo.

Mu lunyiriri olwo 3-6, Bayibuli egamba nti, *"Lwali lumu ku ssaawa nga mwenda ez'olweggulo, n'ayolesebwa ng'alabira ddala malayika wa Katonda ng'ajja gyali, n'amuyita nti Koluneeriyo! Koluneeriyo n'amutunuulira enkaliriza ng'atidde nnyo. N'amubuuza nti Mukama wange ogamba ki? Malayika n'amuddamu nti, Katonda awulidde okusaba kwo era n'okugaba [obweyamo] kwo eri abaavu akulabye, bw'atyo n'akujjukira. Kale nno tuma basajja bo e Yopa bakimeyo omuntu erinnya lye Simooni era ayitibwa Peetero ajje akukyalire. Abeera wa Simooni omuwazi w'amaliba era enju ye eri ku lubalama lw'ennynja. Oyo y'anaakubulira ky'olina okukola."* (Obukomera bwange)

Newakubadde ng'omusajja ono yali atya Katonda, nga mutuukirivu okusinziira ku bikolwa bye, era nga mu maaso ga Katonda yali musabi nnyo, Katonda yamutumira malayika eyamugamba okutumya Simooni Peetero, y'aba amubuulira Enjiri. Mu Bikolwa 10:43, tulaba obubaka bwennyini obwaweebwa Peetero okugamba Koluneeriyo nti, *"Era ne bannabbi bonna bamuweera obujulirwa nti buli amukkiriza asonyiyibwa ebibi mu linnya lye* [okuyita mu linnya lya Yesu]." Kino tekikwewuunyisa nnyo? Omusajja eyali omuntu omulungi bw'atyo okuba nga yali talina nkolagana na Katonda okuyita mu Yesu Kristo? Katonda yamugamba nti, "Weewaawo by'okola birungi nnyo, biyitirivu, era siyinza kubyerabira, naye ka nkubuulire kye ŋŋenda okukola, "Nkutumidde malayika akugambe oyite Peetero kubanga oyo y'anaakubuulira eky'okukola." Mu Bikolwa 10:43, Peetero bwe yatuuka ewa Koluneeriyo, yamugamba nti *"buli amukkiriza asonyiyibwa ebibi mu linnya lye"* [Mukama waffe Yesu Kristo]. (Obukomera nze mbutaddemu.)

Kati laba ekyabaawo. *"Awo Peetero bwe yali akyayogera ebigambo ebyo, Omwoyo Omutukuvu n'akka ku bonna abaali bawuliriza ekigambo"* (Ebikolwa 10:44). Koluneeriyo yali awuliriza Enjiri ey'okukkiriza Kristo, era naye n'ateeka okukkiriza kwe mu Yesu Kristo olw'okusonyiyibwa ebibi

bye. Oluvannyuma lw'okukkiriza, yajjula Omwoyo awamu n'abo abaali mu nnyumba ye. Mu lunyiriri olwa 45-46 wagamba nti, *"Abakkiriza abakomole bangi abaawerekera ku Peetero ne beewuunya nnyo okulaba ng'ekirabo ky'Omwoyo Omutukuvu kifukibwa ne ku baamawanga."* Abayudaaya kino baakimanya batya? *"Kubanga babawulira nga boogera mu nnimi endala, nga batendereza Katonda."*

Emirundi gyonna Omwoyo Omutukuvu bwe yakkanga ku muntu mu Ndagaano Empya ng'amubatiza, waabangawo akabonero akeeyolekanga okukakasa nti omuntu oyo ajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu. Mu Ndagaano Empya abakkiriza abajjuzibwanga Omwoyo baayogeranga ennimi empya, oba ne bawa obunnabbi.

Lumu akawungeezi, nafukamira mu kibangirizi e Dallas Texas, ne ήήamba Mukama nti, "Nze eby'okwogera mu ninimi empya n'okubatizibwa mu mwoyo Omutukuvu abantu bye boogerako sibitegeera, naye bwe wabaawo engeri gye nnyinza okukutendereza n'okukugulumizaamu, mu lulimi olulala olutali lwange Olungereza, gimpe." Natandika okusinza Katonda, era wakati mu kumusinza, Omwoyo Omutukuvu n'ampa olulimi, ne nneesanga nga njatula ebigambo bye nnali siyigirizibwangako.

Bayibuli egamba mu Bikolwa 2:4 nti, *"Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe y'abasobozesa."* Ani yali ayogera ennimi empya? Abatume be baali bazoogera. Ani yabawa ennimi ez'okwogera? Omwoyo Omutukuvu ye yabawa ebigambo eby'okwogera.

Ekyawandiikibwa mu Lukka 11:13 kigamba nti, *"Kale mwe ababi oba nga mumanyi okuwa abaana bammwe ebirungi, kitammwe ali mu ggulu talisingawo nnyo okubawa Omwoyo Omutukuvu abo abamusaba?"* Kyokka ky'olina okukola, kwe kusaba, ate okkirize ky'osabye nti okifunye, weeweeyo eri Katonda, era otandike okumusinza, bw'atyo naye ajja kukuwa ebigambo eby'okusinza n'okutendereza mu lulimi lw'otawulirangako, era lw'otayigirizibwangako.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Tuweeyo ebimu ku bigambo Bayibuli by'ekozesa ebitegeeza obulokozi.

   **Yokaana 3:3** - *"Yesu n'amuddamu nti, "Ddala ddala nkugamba nti, Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwakubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda."*

   **Ebikolwa 3:19** -*"Noolwekyo mwenenye, mukyuke, mulyoke mugibweko ebibi byammwe,"*

   **Makko 16:16** - *"Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balirokolebwa, naye abo abatakkiriza balisalirwa omusango ne gubasinga."*

   **Abakkolosaayi 2:13** - *"Mwali mufudde olw'ebyonoono byammwe ne mu butakomolebwa bwammwe obw'okwegomba kw'omubiri. Katonda n'abafuula balamu wamu ne Kristo, ffenna bwe yatusonyiwa ebyonoono byaffe byonna."*

   **Abaruumi 8:9** - *"Naye mmwe temufugibwa mubiri wabula mufugibwa Mwoyo, kubanga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe. Era omuntu yenna bw'ataba na Mwoyo wa Kristo, oyo si wa Kristo."*

   **Matayo 25:46** - *"Abo baligenda ku kibonerezo eky'emirembe n'emirembe, naye abatuukirivu baliyingira mu bulamu obutaggwaawo."*

2. Ebikolwa 11:15. Olunyiriri olwo lunnyonnyola lutya ku kibeerawo mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu?

   **Ebikolwa 11:15** - *"Awo bwe nnali nga nakatandika okubabuulira Enjiri, Mwoyo Mutukuvu n'abakkako nga naffe bwe yatukkako ku kusookera ddala!*

3. Abayigirizwa ba Yesu baafuna Omwoyo Omutukuvu (Yokaana 20:22) naye ate oluvannyuma lw'ennaku entono ne babatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu (Ebikolwa 2:1-4) tunuulira obukakafu buno obugeraageranye ng'obukolamu emboozi era enjawulo y'ebyaliwo.

   **Yokaana 20:22** - *"Bwe yamala okwogera ebyo n'abassiza omukka, n'abagamba nti, "Mufune Mwoyo Mutukuvu."*

   **Ebikolwa 2:1-4** - *"Awo olunaku lwa Pentekoote bwe lwatuuka bonna baali bakuŋŋaanidde mu kisenge kimu. [2] Amangwago okuwuuma, nga kuli ng'empewo ey'amaanyi ennyo ekunta, ne kuva mu ggulu, ne kujjula mu nnyumba yonna mwe baali batudde. [3] Ku buli omu ne kutuulako ennimi ng'ez'omuliro. [4] Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa."*

4. Soma Ebikolwa 1:8. Omugaso gw'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu gwe guli wa?

   **Ebikolwa 1:8** -*"Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi."*

5. Soma Ebikolwa 2:38-39 ne 1 Abakkolinso 1:7. Okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kukyaliwo gye tuli ne leero?

   **Ebikolwa 2:38-39** - *"Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu. [39] Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe n'eri abaana bammwe, n'eri bonna abali mu nsi ezeewala abalikoowoola Mukama Katonda waffe."*

   **1 Abakkolinso 1:7** - *"muleme kubaako kye mwetaaga mu kirabo kyonna, nga mulindirira okubikkulirwa kwa Mukama waffe Yesu Kristo."*

6. Soma Lukka 11:13. Bw'oba nga tonnaba kufuna kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu, olina kukola ki kaakati?

   **Luke 11:13 -** *"Kale obanga mmwe ababi muwa abaana bammwe ebirungi, Kitammwe ali mu ggulu talisinga nnyo okubawa Mwoyo Mutukuvu abo abamusaba?"*

7. Soma Ebikolwa 2:4. Oli mwetegefu okusaba, n'oyogera, n'osinza Katonda mu lulimi olw'okusaba Katonda lw'anaakuwa okwogera?

   **Ebikolwa 2:4 -** *"Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Tuweeyo ebimu ku bigambo Bayibuli by'ekozesa ebitegeeza obulokozi:
    - **okuzaalibwa ogwokubiri [Yokaana 3:3],**
    - **okukyusibwa [Ebikolwa 3:19],**
    - **okukkiriza n'okubatizibwa [Makko 16:16],**
    - **okusonyiyibwa [Abakkolosaayi 2:13],**
    - **okufuna omwoyo wa Kristo [Abaruumi 8:9,]**
    - **obulamu obutaggwaawo [Matayo 25:46].**

2. Ebikolwa 11:15. Olunyiriri olwo lunnyonyola lutya ku kibeerawo mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu?
   **Lwogera ku Mwoyo nga bw'akka ku muntu n'amutuulako.**

3. Abayigirizwa ba Yesu baafuna Omwoyo Omutukuvu (Yokaana 20:22) naye ate oluvannyuma lw'ennaku entono ne babatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu (Ebikolwa 2:1-4.) tunuulira obukakafu buno obugeraageranye ng'obukolamu emboozi:
    - **Mu Yokaana 20:22, abayigirizwa baafuna Omwoyo Omutukuvu.**
    - **Mu Bikolwa 2:1-4, abayigirizwa be bamu bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu [nga kuno kwe kubatizibwa kwomunda ne ku ngulu]. Ebikolwa 1:8.**

4. Soma Ebikolwa 1:8. Omugaso gw'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu gwe guli wa?
   **Kwe kuwa abakkiriza amaanyi ag'okuweereza [oba okujulira].**

5. Soma Ebikolwa 2:38-39 ne 1 Abakkolinso 1:7. Okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kukyaliwo gye tuli ne leero?
   **Yee. Ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu bigenda kukoma Kristo bw'alikomawo omulundi ogwokubiri, naye kaakati tannakomawo.**

6. Soma Lukka 11:13. Bw'oba nga tonnaba kufuna kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu, olina kukola ki kaakati?
   **Olina kumusaba.**

7. Soma Ebikolwa 2:4. Oli mwetegefu okusaba, n'oyogera, n'osinza Katonda mu lulimi olw'okusaba Katonda lw'anaakuwa okwogera?
   **Yee, nja kwogera ebigambo Omwoyo Omutukuvu by'anaampa okwogera [olwo lwe lulimi olupya].**

## ESSOMO 16

# EMIGANYULO EGIRI MU KWOGERA ENNIMI

### Omusomesa: Andrew Wommack

Ekimu ku byabaawo abantu bwe bazujjuzibwanga Omwoyo Omutukuvu, kwe kuba nti abantu bonna baayogeranga mu nnimi empya. Mu Bikolwa 2:4, wagamba nti, "Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa. Mu kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume kyonna tukiraba nti emirundi gyonna abantu bwe bajjulanga Omwoyo Omutukuvu, baayolesanga okubeerawo kwa Katonda mu bubonero obw'enkukunala.

Newakubadde ng'Omwoyo Omutukuvu agaba n'ebirala bingi, naye eky'okwogera mu nnimi ke kamu ku bubonero obusinga obukulu. 1 Abakkolinso 14:13-14 wagamba; *"Kale buli ayogera mu lulimi asabe Katonda amusobozese okuluvvuunula. Kubanga bwe nsaba Katonda mu lulimi lwe sitegeera, Omwoyo gwange gusaba, naye okutegeera kwange* (endowooza yange) *tekubala bibala."* Bw'osaba mu nnimi, omwoyo gwo gubeera gusaba. Bw'oyogera mu nnimi, saba Mukama osobole okuzivvuunula, olwo nno endowooza yo esobole okutegeera by'osabira.

Ka nkuwe ku bujulizi bwange. Bwe nnamala okubatizibwa mu Mwoyo Mutukuvu, ne ntandika okwogera mu nnimi empya, ekyo kyakyusa obulamu bwange mu ngeri ey'amaanyi. Nzikiriza nti bwe nnalokoka Kristo yajja n'abeera munda mu nze, era buli kimu n'akinteekamu, naye ate bwe najjula Omwoyo, ebyali mu nze ne bitandika okulabisibwa gyendi, ate ne bigasa n'abalala. Waaliwo ebitonotono ebyabaawo nga mmaze okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Omwaka gwe nasooka okusabira mu nnimi ebirowoozo byange by'aήήamba nti kye nnali nkola tekyali kya magezi, era nti kwali kwonoona budde. Kyali kinneetaagisa okutwala eddaala ery'okukkiriza okusobola okusabira mu nnimi. Eno y'ensonga lwaki ekyawandiikibwa mu Yuda 1:20 kigamba nti, "Naye mmwe, abaagalwa, musaana okuzimba obulamu bwammwe nga bweyongera okuba obw'amaanyi, nga mubuzimbira ku musingi ogw'okukkiriza kwammwe okutukuvu, era nga musaba mu Mwoyo Mutukuvu." Eky'okusabira mu nnimi kikujja mu ndowooza eya bulijjo, ne kikuteeka mu nsi ey'okukkiriza ebintu nga Katonda bw'ayagala okkirize.

Ekirala kye nafuna, kwe kuba nti bwe nasabiranga mu nnimi, abantu bangi be nnali mmaze ekiseera ekiwanvu nga tetulabagana banzijiranga mu birowoozo. Abantu abo bwe natandika okubasabiranga, oluusi waayitangawo olunaku lumu oba bbiri, bennyini abo ne bankubira essimu, awo we nakizuuliranga nti baabangako eby'amagero bye bafunye. Kino kyabeerawo emirundi mingi nnyo, era bwe nakirondoola ne nkizuula nti buli lwe nasabiranga mu nnimi, nasabiranga mu magezi ne mu kumanya okusukkulumye ku kutegeera kwange okwa bulijjo. Omwoyo ali mu nze amanyi byonna, ate ng'alina n'endowooza ya Kristo, ye yabanga asabira abantu abo mu ngeri gye nnali sisobola kubasabira mu magezi gange aga bulijjo.

Lumu nnali nsabira mu nnimi – nga bwe nabagambye nti kyantwalira eddaala ery'okukkiriza

okusobola okusabira mu nnimi – ne nfuna ebirowoozo nga biŋŋamba nti, “Walibadde oyogera olulimi Olungereza n’obaako ky’okola, naye kaakati bino by’oliko oli mu kujoboja.” Nalina okulwanyisa ebirowoozo ebyo, ne mbiggyako omutima, ne ŋŋenda mu maaso n’okusaba. Mba ndi mu kusaba omuvubuka gwe nnali mmaze emyaka ena nga ssiraba n’akonkona ku luggi e wange. Bwe yayingira, teyambuuza na kumbuuza yadde okubaako ky’ayogera, wabula yatuula butuuzi mu ntebe bw’atyo n’atandika okukaaba nga bw’afukumula omutima gwe, kubanga yalina ebizibu bingi nnyo. Nange natuula ne ndowooza nti, ‘Kale, olaba? Nabadde nnina kusabira mu Lungereza.’ Ekirowoozo ekirala ne kinzijira nga kimbuuza nti, ‘Nalisabidde ntya omuntu gwe mmaze emyaka ena nga ssiraba?’ Oluvannyuma nakitegeera nti nnali nsabira muvubuka oyo, era nga Katonda ye yanuŋŋamya okumusabira. Nnali mmusabira mu ngeri gye sisobola kumusabira mu magezi gange. Amangwago okubikkulirwa kwanzijira, ne mmugamba nti, “Ka nkubuulire ebikutawaanya.” Bwe nnamaliriza okwogera ebimukwatako bwe ntyo ne mmulagirira eky’okukola.

Jjukira nti bino byaliwo nga nkyali mu kkanisa ey’Ababaputisiti. Omuvubuka ono yali tamanyi byali byantuukako (eby’okujjula Omwoyo), era nange nnali sseekakasa bulungi oba nga bye nnali mmugambye byali bituufu. Era eky’okumanya bye yali tambuulidde, ffembi kyatukanga nnyo. Naye ago gaali maanyi ga Katonda agaayolesebwa mu ngeri etali ya bulijjo. Ekitegeeza nti bw’osabira mu nnimi, Omwoyo gwo gwe gubeera gusaba. Omwoyo gwo ogwalokoka, gulina endowooza ya Kristo, era gumanyidde ddala eky’okukola. Gulina amafuta gonna agava eri Katonda agakusobozesa okumanya ebintu byonna, era Omwoyo gwo tegulina kigulemesa. Singa onootambulira mu maanyi n’okubikkulirwa okuli mu mwoyo gwo, obulamu bwo obw’omubiri bujja kukyuka. Emu ku ngeri ezinaakuyamba okukyusa obulamu bwo obwa bulijjo, kwe kutandika okusabira mu nnimi. Kitegeere, era okikkirize nti bw’osabira mu nnimi, obeera weezimba mu kukkiriza kwo okw’omunda, kubanga Omwoyo gwo guba gusabira mu magezi ga Katonda ag’ebuziba, n’ojjirwa okubikkulirwa kwa Katonda okutuukiridde. Okusinziira ku 1 Bakkolinso 14:13, wagamba nti, osobola okusaba n’ofuna okuvvuunulirwa. Ekyo tekitegeeza nti bw’obeera osabira mu nnimi oyimirizaamu n’ovvuunulirwa, wabula kitegeeza okutegeera ebyo by’obadde osabira mu nnimi.

Singa oba owa obubaka mu nnimi mu kkanisa, olina okuyimirizaamu n’osooka ovvuunula ebyo by’oyogedde. Naye bw’oba osaba wekka, ekyo tekyetaagisa. Nze kye nkola nsabira mu nnimi, ne nzikiriza Katonda okubaako ky’ambikkulira. Emirundi egimu bwe mba nga nsaba, ebirowoozo byange bikyuka omulundi gumu, ng’oluusi mba sirina kigambo kya bubaka kye nfunye, naye ntandika okulaba n’okutegeera ebintu mu bifaananyi eby’enjawulo. Kiyinza okuntwalira nga ‘wiiki’ nnamba nga sinnafuna kubikkulirwa kujjuvu kw’ekyo kye mbadde nsabira, naye nkakasa nti obudde bwe mmala nga nsaba mu nnimi, era nga nzikiriza Katonda okunzivvuunulira, kye kiseera mwe nfunira okubikkulirwa okujjuvu.

Okwogera mu nnimi kikulu olw’ensonga eziwerako, ezisinga ku ky’okukakasa obukakasa abantunti wajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Okwogera mu nnimi kulina okubeera ekitundu ku bulamu obwa bulijjo. Eno y’engeri gy’oyogeramu ne Kitaawo ow’omu ggulu nga kiviira ddala

ku mutima gwo, bw'otyo ne weewala endowooza yo ejjudde okubuusabuusa n'okutya. Era kino kikuzimba nnyo mu kukkiriza kwo okutukuvu, ne kisumulula amagezi ga Katonda g'obadde tomanyi. Mmwenna mbasabira okutandika okusabiranga mu nnimi, musobole okusumulula okukkiriza kwammwe, mulyoke muganyulwe mu byonna ebiva mu kusabira mu nnimi.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Yuda 1:20. Mugaso ki omukulu ennyo oguli mu kusabira mu Mwoyo Omutukuvu?

   **Yuda 1:20** - *"Naye mmwe, abaagalwa, musaana okuzimba obulamu bwammwe nga bweyongera okuba obw'amaanyi, nga mubuzimbira ku musingi ogw'okukkiriza kwammwe okutukuvu, era nga musaba mu Mwoyo Mutukuvu,"*

2. Soma Ebikolwa 2:4 Abantu abajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu baali bameka?

   **Ebikolwa 2:4** - *"Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa."*

3. Soma Ebikolwa 2:4. Baakola ki bwe baamala okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu?

4. Soma 1 Bakkolinso 14:14. Bw'oba ng'osabira mu nnimi empya, kitundu ki ku ggwe ekiba kisaba?

   **1 Abakkolinso 14:14** - *"Kubanga bwe nsaba Katonda mu lulimi lwe sitegeera, omwoyo gwange gusaba, naye sibaako kye nganyulwa.*

5. Soma 1 Bakkolinso 14:2. Omuntu bw'ayogera mu lulimi olupya aba ayogera n'ani?

   **1 Abakkolinso 14:2** - *"Kubanga ayogera mu nnimi tayogera n'abantu, wabula ayogera na Katonda. Kubanga tewali n'omu ategeera by'agamba. Aba ayogera bya kyama mu Mwoyo."*

6. Soma 1 Bakkolinso 14:2. Omuntu bw'abeera asabira mu lulimi olupya, abantu bategeera by'abeera ayogera?

7. Soma 1 Bakkolinso 14:2. Bw'oba ng'osabira mu lulimi olupya Omwoyo wo guba gusaba ki?

8. Soma 1 Bakkolinso 14:4. Bw'osabira mu nnimi obeera okola ki?

   **1 Abakkolinso 14:4** - *"Ayogera ennimi yeezimba yekka, naye oyo ayogera eby'obunnabbi azimba ekibiina kyonna eky'abakkiriza."*

9. Soma 1 Bakkolinso 14:16. Bw'osabira mu nnimi, obeera okola ki?

   **1 Abakkolinso 14:16** - *"Kubanga bw'otendereza Katonda mu mwoyo gwo, omuntu atategeera ky'ogamba ayinza atya okuddamu nti, "Amiina!" ng'omaliriza okwebaza, ng'ebigambo ebyebazizza tabitegedde?"*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Yuda 1:20. Mugaso ki omukulu ennyo oguli mu kusabira mu Mwoyo Omutukuvu?
   **Okwezimba wekka.**

2. Soma Ebikolwa 2:4 Abantu abajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu baali bameka?
   **Bonna.**

3. Soma Ebikolwa 2:4. Baakola ki bwe baamala okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu?
   **Baayogera mu nnimi empya.**

4. Soma 1 Bakkolinso 14:14. Bw'oba ng'osabira mu nnimi empya, kitundu ki ku ggwe ekiba kisaba?
   **Omwoyo gwange gwe gubeera gusaba.**

5. Soma 1 Bakkolinso 14:2. Omuntu bw'ayogera mu lulimi olupya aba ayogera n'ani?
   **Ne Katonda.**

6. Soma 1 Bakkolinso 14:2. Omuntu bw'abeera asabira mu lulimi olupya, abantu bategeera by'abeera ayogera?
   **Nedda.**

7. Soma 1 Bakkolinso 14:2. Bw'oba ng'osabira mu lulimi olupya Omwoyo wo aba asaba ki?
   **Aba asaba byama, nga biri wakati wange ne Katonda.**

8. Soma 1 Bakkolinso 14:4. Bw'osabira mu nnimi obeera okola ki?
   **Obeera weezimba wekka.**

9. Soma 1 Bakkolinso 14:4. Bw'osabira mu nnimi, obeera okola ki?
   **Obeera ogulumiza Katonda era ng'omwebaza.**

# OMUSOMO

# GW'OBUYIGIRIZWA

## (DISCIPLESHIP EVANGELISM)

OMUTENDERA 2

# OMUTENDERA 2

# OLUKALALA LW'EBIYIGIRIZIBWA


| | |
|---|---|
| **1. Okwerowoozaako Wekka** | **2- 91** |
| **2. Engeri Y'okufumiitiriza Ku Kigambo Kya Katonda** | **2- 95** |
| **3. Okuzza Obuggya Endowooza** | **2- 98** |
| **4. Omugaso Gw'ekkanisa Ya Kristo** | **2-103** |
| **5. Okusumululwa** | **2-111** |
| **6. Obuyinza Bw'omukkiriza** | **2-116** |
| **7. Okuwonyezebwa Kuli Mu Mutango** | **2-122** |
| **8. Ebiziyiza Okuwonyezebwa** | **2-127** |
| **9. Okusonyiwa Abalala** | **2-133** |
| **10. Obufumbo (Ekitundu 1)** | **2-140** |
| **11. Obufumbo (Ekitundu 2)** | **2-145** |
| **12. Okwagala Kwa Katonda (Ekitundu 1)** | **2-153** |
| **13. Okwagala Kwa Katonda (Ekitundu 2)** | **2-159** |
| **14. Eby'ensimbi (Ekitundu 1)** | **2-165** |
| **15. Eby'ensimbi (Ekitundu 2)** | **2-170** |
| **16. Kiki Ky'okola Ng'essaala Zo Ziringa Ezitaddibwaamu** | **2-174** |

## ESSOMO 1

# OKWEROWOOZAAKO WEKKA

### Omusomesa: Andrew Wommack

Okwerowoozaako fekka y'ensibuko y'ebizibu ebingi bye tuyitamu. Waliwo olunyiriri lwe weetaaga okusoma mu Ngero 13, kubanga tojja kukkiriza singa tolusoma mu Bayibuli yo. Olunyiriri olw'e 10 lugamba nti, *"Amalala gokka ge galeeta empaka, naye awali okuluŋŋamizibwa we waba amagezi."* Abantu bangi mu kusooka bayinza okuwakana nti tekisoboka kuba ng'amalala ge gokka agaleeta okuyomba n'empaka." Engero 17:14, wagamba nti empaka y'entandikwa y'okuyomba, ekitegeeza nti okuyomba kulina okuba nga kutandikibwa ekisinga ku malala. Omu ayinza okwekwasa nti, "Ono ye yabindeetedde." Abalala ne bagamba nti, "Ggwe tonnantegeera, nze bwe ntyo bwe natondebwa." Nedda, ekyawandiikibwa kigamba nti amalala ge gokka agaleeta empaka. Si kye kimu ku bireeta empaka, naye ge gokka agaleeta empaka. Abantu abamu bayinza okwewoozaako nti kituufu balina embeera enzibu eziwerako, naye ng'amalala si kye kimu ku zo. Era mbu okwefeebya kye kizibu omuntu ng'oyo kye yeemmanyi, era tolina bw'oyinza kukimuvunaana nti alina amalala.

Tulina okuddamu okwetegereza amalala kye gategeeza. Si kwe kwerowooza nti oli bulungi okusinga omuntu omulala yenna kyokka, naye kwe kweraba nga ggwe ntabiro ya buli kimu. Okwerowoozaako wekka, mu butuufu, y'ensibuko y'amalala gonna. Mu Kubala 12:2 Miriyamu ne Alooni baganda ba Musa, baamugolokokerako okumukolokota olw'omukazi munnaggwanga gwe yali awasizza nga bagamba mbu, *"Mukama ayogedde na Musa yekka? Naffe tayogedde naffe?"* Ekyawandiikibwa kitwanjulira Musa mu lunyiriri olw'okusatu nti ye muntu eyali asingayo obuwombeefu mu nsi yonna. Mu kifo ky'okwesittala ku bye baali boogedde, yatandika kubasabira n'okwegayirira ku lwabwe.

Fumiitiriza ku kyawandiikibwa kye kigamba nti Musa ye yali asinga obuwombeefu ku maaso g'ensi. Tetumanyi muwendo gwa bantu bameka abaali ku nsi, naye nga mu buli ngeri baali mu bukadde, wabula nga Musa ye yali abasinga bonna obuwombeefu. Ekisinga okwewuunyisa mu kigamba kino, kwe kuba nti Musa ye yakiwandiika. Abantu abasinga balowooza nti bw'oba nga olaga nti oli mukkakkamu oba musirise, olwo obeera omwetowaze. Ekyo kye kifaananyi ekikyamu eky'amalala kye gali. Amalala si kwe kwerowooza nti oli mulungi okusinga omuntu omulala yenna...wabula kwe kwerowoozaako wekka. Kiringa okubeera n'akati nga ku ludda olumu waliyo okwepanka ate ku lulala waliyo okwezza wansi. Okwepanka n'okwefeebya bya njawulo, naye nga byoleka ekintu kye kimu, era nga byombi biri ku kati kamu. Kwe kwerowoozaako wekka. Si nsonga oba olowooza nti osinga omuntu omulala yenna, oba mu bantu bonna ggwe osingirayo ddala okubeera owa wansi, era ekituufu kiri nti naawe obeera weerowoozaako wekka. Buli kimu awo we kisengejjerwa. Omuntu omutitiizi, ow'ensonyi era naye abeera w'amalala nnyo, era n'oli eyeerowoozaako yekka, talina mulala gw'alowozaako okuggyako ye kennyini.

Ensonga gye nziggyayo kwe kuba nti okwerowoozaako y'ensibuko y'amalala gonna, nti

era singa okwata ekyo n'okizza mu Ngero 13:10, *"Amalala gokka ge galeeta empaka."* Ekitegeeza nti okwerowoozaako kwaffe fekka kwe kutuleetera okunyiiga, so si bantu bye batukola. Okwerowoozaako fekka kwe kutuleetera okwanukula abantu bye batukola. Togenda kusobola kuziyiza bantu kukola bubi, ekyo tekisoboka. Okukkiriza tekitegeeza kufuga bantu balala, naye kukuyamba okwefuga n'okola ku biri mu nda mu ggwe. Kale abantu kye bakukola si kye kikulu.

Yesu bwe yali ng'akomererwa, abantu bennyini abaali bamukomerera yaboogerako nti, *"Kitange basonyiwe, kubanga tebamannyi kye bakola."* Teyaziyiza bantu bali, wabula ye, yeeyeefuga. Okwerowoozaako fekka kwe kutuleetera okusunguwala. Yesu teyajja wano ku lulwe, naye yayagala nnyo ensi, era ekyo kye kyamuleeta ku lwaffe. Yalowooza ku maama we bwe yali ng'ali ku musaalaba, era n'agamba omu ku bayigirizwa be amumulabiririrenga. Ensonga lwaki Yesu yasobola okusonyiwa n'okutambulira mu kwagala wakati mu bulumi obungi, okukonjerwa, na buli kyamujjira, ky'ali lwa kuba yali teyeerowoozaako yekka.

Okwerowoozaako kwaffe fekka kwe kutuleetera okusunguwala, so ng'ate ekyawandiikibwa kigamba nti tuteekeddwa okuba nga twafa eri ffe. Omulambo nsobola okugusamba, okuguvuma, oguwandulira amalusu, oba obutagufaako, naye bwe guba ddala nga mulambo, guba tegujja kwanukula. Engeri gy'oyanukulamu ebyo ebikwetooloodde, tekiviira ku byo, wabula lw'ebyo ebiri munda mu ggwe. Togenda kuba wa maanyi mu kukkiriza okusobola okuggyawo buli muziziko na buli kyonna ekikukola obubi, okuggyako ng'osobodde okwekolamu omulimu ggwe kennyini. Osobola okutuuka ku ddaala ery'okufuula Yesu Mukama w'obulamu bwo, n'omwagala n'obwakabaka bwe, n'abantu abalala, okusinga bwe weeyagala wekka. Ogenda kukizuula nti bw'okola bw'otyo, ne weefuga wekka, ennyombo n'okwerumaluma mu bulamu bwo, bigenda kukoma.

Ekimu ku bisumuluzo ebikulu ennyo okusobola okuganyulwa ebyo byonna Katonda by'akoze mu bulamu bwo, kwe kukitegeera nti teyakuwa bwakabaka lwa bigendererwa byo. Teyabikola ebyo, ggwe kutuukiriza bigendererwa byo eby'okwefaako wekka. Olina okukiyiga nti mu kwefiiriza n'okufiirwa obulamu bwo, lw'otandika okuzuula obulamu kye buliko. Kiri mu kwagala bantu balala ne Katonda, okusinga bwe weeyagala wekka, owo lw'ojja okusobola okuggyawo obusungu n'ebyo ebikukosa, naye nga byonna biri munda mu ggwe.

Nsaba nti olwaleero Katonda akozese ebitonotono bino bye nkuggiddeyo, okuggula omutima gwo okukitegeera nti okwerowoozaako fekka kwe kutuleetera ennyiike. Mu kifo ky'okuzza omusango ku balala, tulina okukkiriza obuvunaanyizibwa, tubwaŋŋange, tukkakkane mu maaso ga Katonda, tumusabe ajje mu ffe afuuke omunene mu bulamu bwaffe. Eryo lye kkubo erigenda okukutambuliza mu buwanguzi.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Makko 9:33-34. Abayigirizwa baali bakaayana ku ki mu kkubo nga bagenda e Kaperanawumu?

   **Makko 9:33-34 –** *"Awo ne batuuka e Kaperunawumu. Bwe baali mu nnyumba, n'ababuuza nti, 'Mubadde muwakana ku ki mu kkubo?' [34] Naye ne basirika kubanga mu kkubo baawakanira asinga ekitiibwa mu bo!"*

2. Ekyo kiraga okwefaako ffeka okuli mu ffe ffena?

3. Soma Makko 9:35. Okusinziira ku kyawandiikibwa, singa omuntu ayagala okuba omubereberye alina kukola ki?

   **Makko 9:35 –** *"Awo bwe yatuula n'ayita ekkumi n'ababiri, n'abagamba nti, "Omuntu yenna bw'ayagala okuba oweekitiibwa okusinga banne, asaana yeetoowaze era abe omuweereza w'abalala."*

4. Nnyonnyola mu bulambulufu enjigiriza ya Yesu mu Lukka 22:24-27.

   **Lukka 22:24-27 –** *"Era ne batandika okuwakana bokka ne bokka, ani asinga ekitiibwa mu bo? [25] Naye Yesu n'abagamba nti, 'Bakabaka b'abamawanga bafuga abantu baabwe, n'ab'obuyinza ne babazunza mu kino na kiri, naye abafugibwa tebalina kya kukola wabula okubayita abayambi baabwe. [26] Naye mu mmwe tekisaanira kuba bwe kityo. Oyo asinga ekitiibwa mu mmwe asaana yeeyisenga ng'asembayo, n'omukulembeze mu mmwe asaana abeere ng'omuweereza wammwe. [27] Mu nsi muno omukungu y'atula ku mmeeza abaddu be ne bamuweereza. Naye wano mu ffe nze muweereza wammwe.' "*

5. Soma Engero 13:10. Kiki ekyo nga kye kyokka ekireeta empaka?

   **Engero 13:10 –** *"Amalala gazaala buzaazi nnyombo,naye amagezi gasangibwa mu abo abakkiriza okulabulwa."*

6. Soma Baggalatiya 2:20. Obulamu bwaffe tulina kubutambuza tutya?

   **Abaggalatiya 2:20 –** *"Nakomererwa wamu ne Kristo; kyokka ndi mulamu, si ku bwange, wabula ku bwa Kristo abeera mu nze; era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda, eyanjagala ne yeewaayo yekka ku lwange."*

7. Soma Matayo 7:12. Kiki ekiwonya okwerowoozaako wekka?

   **Matayo 7:12** – *"Noolwekyo ebintu byonna bye mwagala abantu okubakoleranga, nammwe mubibakoleranga, kubanga ebyo bye biri mu mateeka ne mu bunnabbi."*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Makko 9:33-34. Abayigirizwa baali bakaayana ku ki mu kkubo nga bagenda e Kaperanaumu?
   **Baali bakaayana ku ky' ani eyali asinga obukulu.**

2. Ekyo kiraga okwefaako ffeka okuli mu ffe ffena?
   **Wewaawo.**

3. Soma Makko 9:35. Okusinziira ku kyawandiikibwa, singa omuntu ayagala okuba omubereberye alina kukola ki?
   **Alina kuba muweereza wa bonna.**

4. Nnyonnyola bulungi enjigiriza ya Yesu mu Lukka 22:24-27!
   **Era ne batandika okuwakana bokka ne bokka, ani asinga ekitiibwa mu bo? [25] Naye Yesu n'abagamba nti, "Bakabaka b'abamawanga bafuga abantu baabwe, n'ab'obuyinza ne babazunza mu kino na kiri, naye abafugibwa tebalina kya kukola wabula okubayita abayambi baabwe. [26] Naye mu mmwe tekisaanira kuba bwe kityo. Oyo asinga ekitiibwa mu mmwe asaana yeeyisenga ng'asembayo, n'omukulembeze mu mmwe asaana abeere ng'omuweereza wammwe. [27] Mu nsi muno omukungu y'atula ku mmeeza abaddu be ne bamuweereza. Naye wano mu ffe nze muweereza wammwe.**

5. Soma Engero 13:10. Kiki ekyo kyokka ekireeta empaka?
   **Amalala.**

6. Soma Baggalatiya 2:20. Obulamu bwaffe tulina kubutambuza tutya?
   **Lwa kukkiriza kwa Kristo oba (okukkiriza mu Kristo), so si okwetoolorera ku maanyi gaffe oba obunafu bwa ffe.**

7. Soma Matayo. 7:12. Kiki ekiwonya okwerowoozaako wekka.
   **Katonda okuba nga y'alowoozebwako n'abantu abalala. Abantu abalala bayise nga bwe wandyagadde bakuyise.**

## ESSOMO 2

# ENGERI Y'OKUFUMIITIRIZA KU KIGAMBO KYA KATONDA

### Omusomesa: Don Krow

Ekigambo **okufumitiriza**, kitegeeza "okulowooza ennyo ku kintu okumala ekiseera ekiwanvu, okuteekerateekera mu ndowooza, okukola ng'ogenderedde." Ekigambo ky'Oluyonaani kitegeeza okwetooloola ekintu mu ndowooza era kivvuunulwa okuteebereza.

Ensonga ebbiri ku kufumiitiriza kwa Bayibuli mulimu, "okulowooza ku kumanya okutuufu, era kyogerwaako ng'okuzza obuggya endowooza n'okukwatagana ne Katonda ali emabega w'Ekigambo kye okuyita mu ssaala, ettendo n'okufumitiriza…kwe kugamba, okumulowoozaako ennyo okumala ebbanga eddene.

Okufumiitiriza kuyinza okukolebwa okuva mu ky'okuyiga oba omutwe. Okulonda omutwe n'okugulowoozaako. Eky'okulabirako: okubatiza. Ekigambo kivvuunule okuva mu Luyonaani, mu lw'Ebbulaniya oba enkuluze y'ebigambo ennungi. Zuula ensibuko y'ebigambo gye biva. Weetegereze, era olowooze ku ngeri ennyiriri gye zikwataganamu ezikutwala mu kuyiga ebirala ebikwatagana ku kino nga okuggyawo ebibi (Ebikolwa 2:38), okwenenya (Ebikolwa 2:38), okukkiriza (Makko 16:16), okwawula ekituufu ku kikyamu (1 Peteero 3:21), okukowoola Mukama (Ebikolwa 22:16), n'ebirala. Weetaaga okulowooza ku bibuuzo by'olina oba ebiva mu byawandiikibwa, okugeza: Waliwo obukwakkulizo obwetaagisa okutuukirizibwa ng'okubatizibwa tekunnaba kukolebwa? Ekigendererwa ky'okubatiza kye ki? Kyakolebwanga ddi? Mu bbanga ki?

Okufumiitiriza kuyinza okukolebwa mu ngeri ya lunyiriri ku lunyiriri, kwe kugamba mu kimu ku bitabo by'omu Bayibuli. Ekisumuluzo kwe kulowooza ku kitabo ekyo okumala ebbanga eddene, n'otuuka okutegeerera ddala ebiri mu nnyiriri, ne mu ssuula ezo.

Okufumitiriza kusobola okukolebwa okuyita mu kwetegereza ebigambo. Ebigambo ebimu bitegeeza ki? Okukkiriza kitegeeza ki? Ekigambo Mukama, kitegeza ki? Ekigambo Yesu, kitegeeza ki? Ekigambo Kristo, kitegeeza ki? Ekigambo okutuukirizibwa, kitegeeza ki? N'ebirala.

Osobola okufumiitiriza mu nnyiriri eziwerako nga ziri wamu mu Bayibuli. 'Paragulaafu' bye bimu ku birowoozo mu buwaandiike bw'emboozi eziwerako. Omuwandiisi bw'akyusa ky'abadde ataddeko essira mu kuwandiika kwe, atera okutandika 'paragulaafu' empya.

Bw'oba ofumiitiriza okuyita mu byawandiikibwa, weetegereze ebyebuuzibwa. Lwaki ekibuuzo kino kibuuziddwa? Kikwatagana kitya n'ebibadde byogerwako? N'ebirala.

Okufumiitiriza mu Bayibuli si kutunuulira bigambo bugambo, naye kulaba Katonda ali emabega w'ekigambo ekyo.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Ekigambo "kufumiitiriza" kitegeeza ki?

2. Nsonga ki ebbiri ez'okufumiitiriza kwa Bayibuli?

3. Okuyiga ku mutwe kye ki?

4. Okuyiga ku byawandiikibwa lunyiriri ku lunyiriri kye ki?

5. Soma Lukka 6:46. Olowooza ekigambo "Mukama" kitegeeza ki?

   **Lukka 6:46 –** *"Lwaki mumpita nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe,' so nga bye mbagamba si bye mukola?"*

6. Soma Matayo 1:21. Olowooza ekigambo "Yesu" kitegeeza ki?

   **Matayo 1:21 –** *"Era alizaala Omwana wabulenzi, olimutuuma erinnya Yesu,* (amakulu nti, 'Omulokozi') *kubanga y'alirokola abantu bonna mu bibi byabwe."*

7. Soma Lukka 23:1-2. Olowooza ekigambo "Kristo" kitegeeza ki?

   **Lukka 23:1-2 –** *"Awo Olukiiko lwonna ne lusituka, ne batwala Yesu ewa Piraato. [2] Ne batandika okumuwawaabira nti, 'Omuntu ono ajagalaza eggwanga lyaffe, ng'atuziyiza okuwa Kayisaali omusolo, nga yeeyita Kristo, kabaka.' "*

8. Palagulaafu kye ki?

9. Okufumiitiriza kwa Bayibuli si kwe kutunuulira obutunuulizi ebigambo, naye kwe ...?

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Ekigambo "kufumiitiriza" kitegeeza ki?
   **Kitegeeza okulowooza ku kintu ebbanga eddene, oba okutwala obudde ng'olowooza ku kintu mu ndowooza yo.**

2. Nsonga ki ebbiri ez'okufumiitiriza kwa Bayibuli?
   **Okulowooza ku kumanya okutuufu (okuzza obuggya endowooza yo) n'okukwatagana ne Katonda ali emabega w'Ekigambo (ng'omulowoozaako okumala ebbanga eddene).**

3. Okusoma ku mutwe kye ki?
   **Okulondayo omutwe mu Bayibuli okugusomako n'okugulowoozaako.**

4. Okusoma lunyiriri ku lunyiriri kye ki?
   **Kwe kusoma olunyiriri ku lunyiriri mu kitabo kya Bayibuli.**

5. Soma Lukka 6:46. Olowooza ekigambo "Mukama" kitegeeza ki?
   **Ye muntu gwe tugondera (nga bboosi).**

6. Soma Matayo 1:21. Olowooza ekigambo "Yesu" kitegeeza ki?
   **Kitegeeza Omulokozi, alokola abalala okuva mu bibi byabwe.**

7. Soma Lukka 23:1-2. Olowooza ekigambo "Kristo" kitegeeza ki?
   **Kitegeeza oyo eyafukibwako amafuta okuba kabaka.**

8. Palagulaafu kye ki?
   **Kitegeeza emboozi ewandiikiddwa wamu ng'eyogera ku kirowoozo kimu.**

9. Okufumiitiriza kwa Bayibuli si kwe kutunuulira obutunuulizi ebigambo, naye kwe ...?
   Okufumiitiriza kwa Bayibuli kwe kutunuulira obutunuulizi ebigambo, **naye kukwatagana na Katonda ali emabega w'Ekigambo kye.**

## ESSOMO 3

# OKUZZA OBUGGYA ENDOWOOZA

### Omusomesa: Don Krow

Olwaleero tugenda kwogera ku kuzza obuggya endowooza. Njagala okusoma ebyawandiikibwa bibiri. Ekisooka kiri mu ba Firipi 4:8 kigamba, *"Eky'enkomerero, ab'oluganda, mulowoozenga ku buli kya mazima, na buli ekisiimibwa na buli kya butuukirivu, na buli kirongoofu, na buli kyagalibwa, na buli ky'ogerwako obulungi, era bwe wabangawo ekirungi oba bwe wabangawo ettendo, ebyo mubirowoozengako."* Omutume Pawulo ky'atugambira ddala wano kwe kuba nti waliwo ebintu bye tuteekwa okulowozaako. Mu ngeri endala tusobola okusalawo ebirowoozo byaffe. Nkimanyi nga fenna tulina ebirowoozo emirundi egimu ebikontana n'Ekigambo kya Katonda okusinziira ku Baruumi 7:22 ne 23. Etteeka ery'ekibi erirwanira mu ffe lirumba endowooza zaffe. Naye Bayibuli etugamba mu Bafiripi nti tetulina kutuula awo ne tuleka ebirowoozo byaffe obutabaako kye bisimbyeko, ffe tulina okusalawo kye tulowozaako. Era Bayibuli etugamba nti omuntu nga bw'alowooza mu mutima gwe era bwaali bw'atyo (Engero 23:7). N'olwekyo, kye tulowozaako oba bwe tulowooza, nsonga nkulu nnyo.

Mu Baruumi 12:1 ne 2 wagamba nti, *"Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'omwoyo. [2] So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima."* Bayibuli egamba nti tuyinza okukyusibwa olw'okuzza obuggya endowooza zaffe. Wali okitegedde nti ekizungirizi ekiyitibwa Apollo bwe kyagenda mu bwengula, baalinanga okutereeza ekkubo lyakyo buli ddakiika kkumi? Baagenda ku mwezi mu ngeri ya 'zigizaga'. Era bwe baatonnya ku mwezi, baalina ekifo kye baali balonzeewo okutonnyeramu kya mayiro 500, naye baabulako fuuti ntono nnyo okutonnya wabweeru waakyo. Wadde kyali bwe kityo naye olugendo lwonna lwali lulungi. Tulina okussaawo ekkubo, era ne tweweereyo ddala eri Mukama waffe Yesu Kristo nga tufuuka ssaddaaka ennamu. Ekizibu ku ssaddaaka ennamu kwe kuba nti ebiseera ebimu esobola okuva ku kyoto, kale tulina okuba ng'ekkubo lyaffe tulitereereza mu birowoozo byaffe. Tulina okuba n'omutima ogugamba nti, "Katonda, nkwagala, era n'ekkubo lyo ndyagala."

Tetwetaaga kweweerayo ddala kyokka, naye ekitundu ku kubeera omuwanguzi mu bulamu obw'ekikrisitaayo, kyetaagiisa kutwaala ddaala eriddako, tukyusibwe nga tuzza buggya endowooza zaffe. Bwe tuba tetwagala ensi by'efuna, tetulina kulowooza nga bw'erowooza. Nga bwe twasomye mu Bafiripi 4:8, tusobola okusalawo ku kiki eky'okulowozaako. Na buli ekyagalibwa, nga kyogerwako bulungi, ebiri ng'ebyo bye muba mulowoozangako. Kye baakolanga mu Ndagaano Enkadde, kwe kuteeka Ekigambo kya Katonda ku mifuubeeto gy'emiryango gyabwe ne ku byambalo byabwe, ne kiba nga buli kiseera kyabeeranga mu maaso gaabwe. Katonda yalagira nti baali balina okwogera ku Kigambo kya Katonda emisana n'ekiro, basobole okukola kye kigamba. Era ng'ebigambo ebyo baalina okubibuulira abaana baabwe. Bye tuba tulowozaako mu

Kigambo, bikulu nnyo. Kikulu nnyo okukuumira Ekigambo kya Katonda mu maaso gaffe ekiseera kyonna, ffe okusobola okutambulira mu bulamu obw'obuwanguzi. Ekikontana n'okulowooza ku byagalibwa, ebituukirivu, era ebyogerwaako obulungi, bwe butalowooza ku bikwata ku Katonda, n'eby'Omwoyo. Baruumi 8:6 wagamba nti, *"Okulowooleza mu by'omubiri kuleeta okufa,"* naye awaddako mu lunyiriri olwo wagamba nti, *"Okufugibwa Omwoyo bwe bulamu n'emirembe."* Bubeera bulamu, era gibeera mirembe okulowooza ku bintu eby'Omwoyo wa Katonda. Naye bwe tutandika okulowooza ku bwenzi, ebintu by'ensi, ensimbi, okuyayaana, n'ebirala bingi, omanyi ekinaabeerawo mu bulamu bwaffe? Omuntu nga bw'alowooza mu mutima gwe era bw'ali bw'atyo. Tugenda kutandika okubikola mu bulamu bwaffe, era bigenda kuzikiriza obulamu bwaffe. Okiraba nti eri omukkiriza, olutalo lw'omwoyo lwennyini si kwe kuziyiza n'okunenya setaani obudde bwonna, newakubadde nga waliwo ebiseera lwe tulina ekyo okukikola. Naye olutalo lw'omwoyo lusimbye mu biki bye tulowoza, ne bye tufumiitirizaako.

Olaba Bayibuli egamba mu Isaaya 26:3 nti Katonda anamukuumanga mirembe, mirembe, oyo eyeesigamya endowooza ye ku ye. Waliwo ebiseera mu lunaku, fenna we twetaagira okukyusakyusa mu kkubo lyaffe nga bwe kyogera mu Baruumi 12. Kitwetaagisa okugamba nti, "Mukama, ebirowoozo ebyo bikyamu. Nneetaaga okukyuka nzize buggya endowooza yange, era ntandike okulowooza ku bintu ebirungi, ebituukirivu, era na buli kyogerwako obulungi."

Kale, singa oba olina ekigo…singa obeera mu busibe…singa weesanga ng'oliko by'olowooza, by'otateekeddwa kulowooza, olina kukikomya mbagirawo. Bayibuli egamba nti singa tunaasemberera Katonda, ajja kutusemberera. Singa tuziyiza omulabe, ajja kutudduka. Waliwo ebiseera mu bulamu bwange lwe ndeka ebintu ne bintabukako, ne ndeka okwennyamira okubimba mu nze. Mu biseera ng'ebyo, kiba kizubu okukwata Bayibuli ne mbaako olunyiriri lwe nfumiitirizaako ŋŋambe nti, "Katonda kino ky'oyogera gyendi. Kino ky'ogamba nti kyendi. Oli maanyi gange." Obadde okimanyi nti obuwanguzi bwaffe bwangu nnyo bwe butyo? Kitwetaagisa kugamba bugambi nti, "Nze ŋŋenda kuziyiza ekyo kye mbadde ndese omulabe okunkola, kaakati. Ŋŋenda kutuula wansi mbikkule Bayibuli, era sigenda kusoma busomi bimu ku bigambo ebiri ku mpapula zino, naye ŋŋenda kukwatagana ne Katonda ali emabega w'ebigambo bino. Ŋŋenda kuteeka endowooza yange ku ye. Era Mukama kino ky'onjogerako. Ogamba nti nasonyiyibwa. Ogamba nti nalongoosebwa. Ogamba nti tewali kiyinza kunjawukanya ku kwagala kwo." Bw'otuula awo n'olowooza ku birungi byonna Katonda by'akukoledde, mu kiseera kitono ogenda kwerabira ebirala ebyo byonna.

Ka nkuwe eky'okulabirako. Lumu nawulira ng'oli agamba nti, "Okumala eddakiika kkumi tewaba alowooza ku njovu eza pinki." Omanyi ekyabaawo? Mu ddakiika ekkumi zo, ffenna kye twakola, kwe kulowooza ku njovu eza pinki. Ate n'addamu n'abuuza nti, "Ekibumbe eky'Eddembe kirimu langi ki?" Omuntu omu n'addamu nti kiragala. Era oli n'ayongera n'abuuza nti mukono ki ogw'Ekibumbe eky'Eddembe mu Amerika oguwanikiddwa waggulu? Omulala n'agamba nti omukono ogwa ddyo. Ate era n'abuuza nti, "Ekibumbe eky'Eddembe kikutte ki mu mukono? Omuntu omu n'agamba nti kikutte 'ttooci'. Olwo ate n'abuuza ekyali kituuse ku bye twali tulowoozezza ku njovu eza pinki? Nga byagenze dda. Okiraba nti si bya kugamba bugambi nti sijja

kulowooza ku kino oba kiri, kubanga okimanyi bulungi nti mu buli ngeri ojja kukirowoozaako. Ekyawandiikibwa kitugamba nti tulina okuzikiza ebirowoozo ebyo ebitaliimu nga tulowooza ebya Katonda. Era bwe biba bitujjira, tulowooze bye tutateekeddwa kulowoozako, kitugwanira okujjukira n'okulowoozanga ku mbala yaffe empya. Ekitwetaagisa kwe kudda eri Mukama mbagirawo. Era Bayibuli etugamba mu Baruumi 8:6 nti bwe tukola bwe tutyo, tujja kutambuliranga mu bulamu obukyusiddwa, n'emirembe Katonda gy'agaba, kasita endowooza zaffe zisigala ku ye ne ku bintu eby'omwoyo. Mulowooze ku bintu bino, ab'oluganda, era muyitenga mu lunaku nga muli mu ddembe ne mu mirembe Kristo gye yabagulira.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Baruumi 12:1. Tulina kukola ki n'emibiri gyaffe?

   **Abaruumi 12:1 –** *"Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'omwoyo."*

2. Soma Baruumi 12:2. Baruumi 12:2 lutugamba nti kitugwanira okuba ab'enjawulo ku ...?

   **Abaruumi 12:2 –** *"So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima."*

3. Soma Ebikolwa 17:11. Tulina okulaba ng'endowooza yaffe ekwatagana na ki?

   **Ebikolwa 17:11 –** *"Abayudaaya b'omu Beroya baali balungi okusinga ab'e Sessaloniika, ne bawuliriza bulungi n'essanyu Ekigambo ekyababuulirwa. Buli lunaku nga babikkula Ebyawandiikibwa okunoonyaamu ebyo Pawulo ne Siira bye baayogerangako bakakase nti bya mazima."*

4. Soma Baruumi 8:5-6 Okulowooleza mu mwoyo kwe ...?

   **Abaruumi 8:5-6** – *"Abo abalowooleza mu mubiri balowooza bintu bya mubiri, naye abalowooleza mu Mwoyo balowooza bya Mwoyo. [6] Okulowooleza mu by'omubiri kwe kufa, naye okufugibwa Omwoyo bwe bulamu n'emirembe."*

5. Soma Baruumi 12:1-2. Bintu ki ebibiri ebitwetaagisa okukola okusinziira ku Baruumi 12:1-2?

   **Abaruumi 12:1-2** – *"Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'omwoyo. [2] So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima."*

6. Soma Isaaya 26:3. Tusigala tutya mu mirembe egyanamaddala?

   **Isaaya 26:3 –** *"Mukama alikuuma mirembe oyo amaliridde okumwesiga mu mutima gwe."*

7. Soma Isaaya 26:3-4. Ngeri ki ezimu ku ezo ze tuyinza okukuumiramu endowooza zaffe ku Mukama.

   **Isaaya 26:4 –** *"Weesigenga MUKAMA ennaku zonna, kubanga emirembe giri waggulu mu Mukama, MUKAMA KATONDA oyo atoowaza."*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Baruumi 12:2. Kiki kye tulina okukola n'emibiri gyaffe?
   **Okuwaayo emibiri gyaffe eri Katonda.**

2. Soma Baruumi 12:2. Ekyawandiikibwa kitugamba nti kitugwanira okuba ab'enjawulo ku ...?
   Ekyawandiikibwa kitugamba nti kitugwanira okuba ab'enjawulo ku **b'ensi oba abatakkiriza.**

3. Soma Ebikolwa 17:11. Tulina okulaba ng'endowooza yaffe ekwatagana na ki?
   **Ng'ekwatagana n'ebyawandiikibwa, Ekigambo kya Katonda.**

4. Soma Baruumi 8:5-6. Okulowooleza mu mwoyo bwe ...?
   **Okulowooleza mu mwoyo bwe bulamu n'emirembe.**

5. Soma Baruumi 12:1-2. Bintu ki ebibiri bye tuteekeddwa okukola, okusinziira ku Baruumi 12:1-2?
   **Okwewaayo eri Katonda nga ssadaaka ennamu tutandike okuzza obuggya endowooza zaffe.**

6. Soma Isaaya 26:3. Tusigala tutya mu mirembe?
   **Ng'endowooza zaffe tuzikuumira ku Mukama.**

7. Soma Isaaya 26:3-4. Ngeri ki ezimu ku ezo ze tuyinza okukuumiramu endowooza zaffe ku Mukama?
   **Okusaba, ettendo, okufumiitiriza ku Kigambo okwebaza, n'ebirala.**

## ESSOMO 4

# OMUGASO GW'EKKANISA YA KRISTO

### Omusomesa: Don Krow

Olwaleero twogera ku mugaso gw'Ekkanisa ya Kristo. Njagala okusoma ekyawandiikibwa okuva mu Bebbulaniya 10:25, wagamba nti, *"Tuleme kulekayo kukuŋŋaana, ng'abamu bwe bakola, naye buli muntu agumye munne, naddala nga bwe mulaba nti, Olunaku lw'okudda kwa Mukama waffe lusembedde."* Nga tutunuulira omugaso gw'Ekkanisa, nneebuuza, "Ekkanisa kye ki?"

Emabegako twagenda mu kkanisa emu e Colorado Springs, okuyigiriza ku ngeri y'okubeeramu omuyigirizwa. Era abakkiriza baayo ne tubatendeka engeri y'okuteeka mu nkola bye tubayigirizza wabweeru, nga tuli nabo. Mu bbanga lya 'wiiki' nga mukaaga nga tukolera wamu n'ekkanisa eyo, twaali tutandiseewo ebifo 20 ewakuŋŋaanirwa okusoma Bayibuli, ebweru waayo. Bwe tutyo, ne tuweerezanga nabo mu kuyiga Bayibuli (Bible Study) okwo. Lumu omusumba yeebuuza ekintu nange ekyantabula, yabuuza nti; Obanga Bayibuli egamba nti Mukama abayigirizwa abaasooka yaboongerangako buli lunaku abantu abaalokokanga, lwaki abaagendanga mu kuyiga Bayibuli okwo tebajjanga mu kkanisa yaabwe.

Bwe twabanga tubuulira Enjiri ey'ebweru eyo, abantu baalokokanga, baayigirizibwanga, era baawerezebwanga. Naye ng'omusumba yeebuuza nti lwaki baali tebajja mu kkanisa ku Ssande? Nange engeri gye nnali ntegeeramu eby'ekkanisa yali ebulamu. Omusumba kye yayogera kyantawaanya nnyo, era nnali simanyi kya kukola. Nalowooza nti, 'Naye Amasomo g'okufuula abantu abayigirizwa ddala gakola? Ddala obulamu bw'abantu tubukwatako?' Nnali nkimanyi nga twaali tukoma ku bulamu bwa bantu, naye ekyali kintabudde kwe kuba ng'abantu baali tebagenda mu kusaba ku Ssande.

Nasalawo okunoonyereza ku kigambo "kkanisa," ne nzuula mu Baruumi 16:3, 1 Abakkolinso 16:19, Abakolosaayi 4:15, Firemooni 1:2, Ebikolwa 5:42, ne Bikolwa 20:20, nga Bayibuli mu kusookera ddala eyogera ku kkanisa eyasooka nga baakuŋŋaaniranga mu maka ga muntu. Nkimanyi waliyo ebika by'amakanisa eby'enjawulo. Waliwo ekkanisa ez'omu maka… ekkanisa ezirina ebibiina ebitono n'ebibiina ebinene, ate n'ebibiina ebinene ennyo. Ekintu kimu ekyasinga okunkwatako mu kyawandiikibwa, kwe kuba nti ekkanisa y'Endagaano Empya kirabika baasisinkaniranga mu maka ga bantu.

Ku lupaapula 164 mu nkuluze evvuunula ebya Bayibuli eyitibwa "Expository" eyawandiikibwa Lawrence O. Richards, wagamba nti, "Kisoboka omuntu yenna okubuzaabuzibwa ku makulu g'ekigambo, "kkanisa," kubanga tukikozesa mu ngeri nnyingi. Naye nga kitegeeza ekizimbe omukuḫḫaanirwa abantu ng'ekkanisa, okugeza, eyinza okuba ekkanisa ya Reformed Church … oba ekkanisa y'Ababaputisiti. Oli ayinza okukubuuza obanga leero wagenze mu kkanisa, ng'ategeeza okukuŋŋaana kw'oku Sande. Ku nkozesa z'ebigambo ebikozesebwa ku kkanisa, tekuli n'ekimu ekiri mu Bayibuli. Natandika okulowooza nti, 'Naye ddala, ekigambo kkanisa

kati kitegeeza ki?' Mu kujuliza awalala, wagamba nti ekigambo "kkanisa" kiyinza okubuzaabuza olw'okubanga ekkanisa bangi bagirowooza okuba ekizimbe omubeera enkuŋŋaana ez'ekinnaddiini, oba ebibiina by'abakuŋŋaana okusinza. "Ecclessia" kye kigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza "ekkanisa", nga be bantu abakuŋŋaanidde awamu ku lw'ekigendererwa eky'okusinza n'okusaba Katonda. Woongera ne wagamba nti, ekigambo Eklezia mu Ndagaano Empya, kitegeeza omuwendo gwonna ogw'abakkiriza. Kisoboka okukozesebwa ku bantu abatonotono abaakuŋ̇ŋ̇aaniranga mu maka g'abantu (Abaruumi 16:5). Kitegeeza abakkiriza bonna abaabeeranga mu kibuga ekinene (Ebikolwa 11:22), oba ekitundu ky'ensi ekinene okugeza nga Asiya oba Galatiya.Woongera ne wagamba nti, "Enkuŋŋaana z'Ekkanisa zennyini, zaabaanga za mu maka. Mu nkuŋŋaana ezo, buli omu yabanga n'oluyimba, ekigambo, okubikkulirwa, olulimi oba okuvvuunula, (1Abakkolinso 14:26). Abantu kinnoomu baabangako kye boogera, okuyigiriza, okubikkulirwa, okutegeeza, ate abalala ne bawewa n'obwegendereza ebigabaniddwa (1Abakkolinso 14:29). Okugabana bwe kutyo kusigala nga kukulu nnyo ku lw'ekigendererwa ky'okubeerawo kw'ekkanisa n'okunywezebwa mu ng'abakkiriza. Buli muntu yasuubirwanga okubaako ky'akola n'okuweereza abalala n'ekirabo kye, oba ebirabo bye eby'omwoyo.

Mu Abaebbulaniya 10:25 wagamba nti, *"Obutalekangayo okukuŋŋaana fekka na fekka."* Ekkanisa lye kuŋŋaaniro ly'abantu abazze awamu olw'ekigendererwa ky'okwogera ku Yesu, okutendereza Mukama, okufuna okuluŋŋamizibwa okuva eri Mukama n'okutambulira ddala mu kkubo eryo. Ekigendererwa ky'ekkanisa ey'Endagaano Empya eyasooka, ekisooka, kyabanga kuyimusaganya. Baakuŋ̇ŋ̇ananga olw'ekigendererwa eky'okuzimbagana mu kukkiriza.

Ekkanisa eyasooka yali mbuulizi ya njiri. Abantu baasaasaanira wonna nga bategeeza okukkiriza kwabwe mu Yesu Kristo. Era bwe baabanga bategeeza okukkiriza kwabwe mu Yesu Kristo, Mukama n'aboongerangako abakkiriza mu kkanisa. Si kwongera ku kizimbe, wabula Katonda abantu be yaboongerangako abalala abakkirizzanga ne beenenya. Era baakuŋŋaananga okwezzaamu amaanyi, n'okukozesa ebirabo eby'omwoyo, okuweerezeganya, n'okubeera n'ekiseera eky'okussa ekimu na buli muntu, n'okuliiranga ku mmere awamu. Bwe baabeeranga awamu, baakozesanga ebirabo byabwe eby'omwoyo okuyimusaganya. Nga bwe bamala, bagenda ebweru okubuulira Enjiri, olwo kiri kye baakolanga bulijjo nga kyeddamu ng'omwetoloolo. Bakkirizanga Mukama waffe Yesu Kristo, era ne baddangamu okukuŋŋaana. Si nsonga wa we baakuŋŋaaniranga, baayinzanga okubeera mu kizimbe, oba mu maka g'omu ku bo. Baayinzanga okubeera abantu abangi, oba okuba abatono, abaakuŋŋaaniranga mu maka g'abantu mu bibiina ebitono. Kasita baakuŋŋaananga mu linnya lya Mukama olw'ekigendererwa eky'okukozesa ebirabo byabwe, n'okussa ekimu bokka na bokka ng'ekigendererwa kya kwezzaamu maanyi na kwezimba bokka na bokka, ebisigadde tebyali bikulu.

Bwe twaali tuyigiriza ku ngeri y'okubeeramu omuyigirizwa mu kkanisa gye nayogeddeko, twasooka kusisinkaniranga mu bifo amakumi abiri omwayigirwanga Bayibuli mu kibuga kyonna. Ekyo kitegeeza nti twasisinkanga mu makanisa amakumi 20 ag'enjawulo. Si mu makanisa nga bwe tugamanyi olwaleero. Twakuŋŋaananga emirundi 20 buli 'wiiki' mu linnya lya Yesu okwezzaamu amaanyi fekka na fekka, okufumiitiriza ku Yesu, okuweebwa ebiragiro okuva mu Kigambo kya

Katonda, n'okukozesa ebirabo byaffe eby'omwoyo.

Si nsonga oba okuŋŋaanira mu kkanisa ki, oba mu zino zibwaguuga, oba ewakuŋŋaanira abantu abatonotono mu maka, tekirina ngeri. Ekyawandiikibwa kitugamba nti tulaba olunaku lusembera, era ng'ekibi bwe kyeyongera, n'ekisa kya Katonda kyeyongera nnyo. Ekisa kya Katonda kigenda kweyongera nnyo mu makuŋŋaaniro g'abantu ba Katonda. Mu kkanisa ewali buli mukkiriza abalirwa ku buweereza bwa Yesu Kristo, tusobola okuweerezeganya, okuyimusaganya, okwezzaamu amaanyi, era nga bwe tukozesa ebirabo byaffe eby'omwoyo fekka na fekka.

Ffenna tujjanga kufunamu nnyo nga tukuŋŋaanira mu bibiina by'abakkiriza mu ngeri eno. Ne bwe kiba nti babiri oba basatu abakuŋŋaanye mu linnya lya Mukama waffe Yesu, kitugwanira okukuŋŋaananga buli kiseera. Kirungi okukuŋŋaananga okukozesa ebirabo byaffe eby'omwoyo, okuyimusaganya, okuziŋŋanamu amaanyi, okufumiitiriza ku Yesu nga tuli wamu, n'okusabiragana. Waliwo bingi nnyo bye tuyinza okwogera ku kkanisa, nga, abakadde, abalabirizi, abasumba, n'obukulembeze obw'omu kkanisa, naye ekyo si kye kigendererwa mu kuyiga kwaffe leero.

Ekigendererwa mu kuyiga kwaffe kuno, kwe kumanya ekigendererwa ky'ekkanisa n'okumanya nti tetulina kubeera fekka, ng'omuntu ali ku kizinga yekka. Tetusobola kubeerawo bwe tutyo. Bwe twafuna obulokozi, Katonda yatuteeka mu mubiri gwa Kristo – omubiri gw'abakkiriza. Buli omu yeetaaga munne, era twetaaga okusisinkananga ng'ekkanisa ya Katonda okuziŋŋanamu amaanyi n'okuweerezeganya mu birabo eby'omwoyo Katonda by'atuwadde. Nkukubiriza obeeko abantu ba Katonda b'okuŋŋaana nabo olwaleero.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Bebbulaniya 10:25. Kiki kye tutalina kulekayo?

   **Abaebbulaniya 10:25 –** *"Tuleme kulekayo kukuŋŋaana, ng'abamu bwe bakola, naye buli muntu agumye munne, naddala nga bwe mulaba nti, Olunaku lw'okudda kwa Mukama waffe lusembedde."*

2. Soma Ebikolwa 5:42. Buli lunaku mu yeekaalu na mu buli maka, Yesu …? era na …?

   **Ebikolwa 5:42 –** *"Awo ne bayigirizanga mu Yeekaalu buli lunaku ne mu maka g'abantu, nga babuulira Yesu."*

3. Soma Ebikolwa 2:42. Bintu ki ebina ekkanisa eyasooka bye beeyongera okukola?

   **Ebikolwa 2:42 –** *"Ne banyiikiranga okuyigirizibwa kw'abatume ne mu kussekimu, ne mu kumenya omugaati era ne mu kusaba."*

4. Soma Ebikolwa 2:44-45. Ekkanisa eyasooka beeyongera okuwaangayo ssente okuzimba 'paakingi' y'emmotoka. Kituufu oba Kikyamu.

   **Ebikolwa 2:44-45 –** *"Abakkiriza ne bakuŋŋaananga bulijjo mu kifo kimu, ne baba nga bassa kimu mu byonna. [45] Eby'obugagga byabwe n'ebintu bye baalina ne babitunda ne bagabira buli muntu ng'okwetaaga kwe bwe kwabanga."*

5. Soma 1 Bakkolinso 12:28. Wandiika ebirabo 8 eby'enjawulo Katonda bye yateeka mu kkanisa ye.

   **1 Abakkolinso 12:28** – *"Era abamu Katonda yabateekawo mu kkanisa: abasooka be batume, abookubiri be bannabbi, n'abookusatu be bayigiriza, ne kuddako abakola eby'amagero, ne kuddako abalina ebirabo eby'okuwonya endwadde, n'okuyamba abali mu kwetaaga, abakulembeze, era n'aboogezi b'ennimi."*

6. Soma 1 Bakkolinso 14:26. Buli bantu ba Katonda lwe basisinkananga ng'ekkanisa, waabangawo eddembe okukozesa ebirabo byabwe. Laga ebintu bitaano ebyabangawo bwe baasisinkananga.

   **1 Abakkolinso 14:26 –** *"Kale abooluganda tugambe tutya? Bwe mukuŋŋaana buli omu aba ne zabbuli, oba eky'okuyigiriza, oba ekyo Katonda ky'amubikkulidde, oba okwogera mu nnimi, oba okuvvuunula. Ebyo byonna bisaana bikolebwe olw'okuzimba Ekkanisa ya Katonda."*

7. Soma Ebikolwa 6:1. Ekkanisa y'Endagaano Empya eyasooka baagabananga emmere buli lunaku ne …?

**Ebikolwa 6:1** – *"Awo mu biseera ebyo abakkiriza bwe baagenda beeyongera obungi, ne wabaawo okwemulugunya mu Bakerenisiti ku Baebbulaniya nti bannamwandu baabwe basosolwa, ne bataweebwa kyenkanyi."*

8. Soma Yakobo 1:27. Eddiini yokka Katonda gy'afaako y'eddiini e …?

   **Yakobo 1:27 –** *"Eddiini entuufu etaliiko bbala mu maaso ga Katonda Kitaffe, y'eyo ey'omuntu alabirira bamulekwa ne bannamwandu era nga yeekuuma ensi gy'alimu ereme kumuletako bbala."*

9. Soma 1 Timoseewo 5:9-11. Bannamwandu abaalabirirwanga ekkanisa y'Endagaano Empya eyasooka baalinanga kutuukiriza bisaanyizo ki?

   **1 Timoseewo 5:9-11** – *"Nnamwandu awezezza emyaka enkaaga ye yekka anaawandiikibwanga ku lukalala lwa bannamwandu. Era ateekwa kuba nga yafumbirwa omusajja omu, [10] nga yakolanga ebikolwa ebirungi, oba nga yaleranga abaana, oba nga yayanirizanga abagenyi, oba nga yanaazanga abatukuvu ebigere, oba nga yayambanga abanyigirizibwa, era oba nga yeewangayo nnyo okukola obulungi mu buli ngeri. [11] Naye bannamwandu abakyali abato, tokkirizanga okubateeka ku lukalala lwa bannamwandu, kubanga omubiri bwe gulibalemesa okweweerayo ddala eri Kristo, balyagala okufumbirwa."*

10. Soma 1 Bakkolinso 9:14. Ng'oggyeeko ekkanisa okuyamba bannamwandu, bamulekwa n'abaavu, era yayambanga …?

    **1 Abakkolinso 9:14 –** *"Mu ngeri y'emu Mukama waffe yalonda abo ababuulira Enjiri baliisibwenga olw'Enjiri."*

11. Soma Matayo 25:35-40. Lwaki abantu balowooza nti okuteeka ssente mu kabbo k'ebiweebwaayo, y'engeri yokka ey'okuwaayo Katonda?

    **Matayo 25:35-40 –** *"Kubanga nnali muyala ne mundiisa, nnali muyonta ne mumpa ekyokunywa, nnali mugenyi ne munnyaniriza, [36] nnali bwereere ne munnyambaza, nnali mulwadde ne munnambula, nnali mu kkomera ne mujja okundaba. [37] Abatuukirivu ne bamubuuza nti, 'Mukama waffe, twakulaba ddi ng'oli muyala ne tukuliisa? Oba ng'olina ennyonta ne tukuwa ekyokunywa? [38] Oba ng'oli mugenyi ne tukwaniriza? Oba ng'oli bwereere, ne tukwambaza? [39] Twakulaba ddi ng'oli mulwadde oba ng'oli mu kkomera ne tukulambula?' [40] Kabaka, alibaddamu nti, 'Ddala ddala mbagamba nti bwe mwabikolera baganda bange bano abasembayo wansi kye kimu mwabikolera nze!' "*

12. Soma Ebikolwa 4:32-35 ne Ngero 3:9-10. Abakadde b'ekkanisa eyasooka n'abasumba ssente baazikozesanga ki?

    **Ebikolwa 4:32-35 –** *"Abakkiriza bonna baalina omwoyo gumu n'omutima gumu; nga tewali*

*agamba nti kino kye nnina kyange ku bwange, wazira nga bonna bagabanira wamu. [33] Awo abatume ne babuulira nnyo n'amaanyi mangi ku kuzuukira kwa Mukama waffe Yesu, era bonna ne bajjula ekisa kingi. [34] Mu bo temwali baali mu kwetaaga, kubanga abo abaalina ettaka oba amayumba, baabitundanga, ensimbi ezivudde mu bye batunze [35] ne bazireeta ku bigere by'abatume bagabireko buli muntu ng'okwetaaga kwe bwe kwalinga."*

**Engero 3:9-10** – *"Mukama mugulumizenga n'eby'obugagga byo; n'ebibala ebisooka eby'ebintu byo byonna eby'omu nnimiro yo, [10] olwo amaterekero go lwe ganajjulanga ebintu enkumu, era n'amasenero go ne gajjula ne gabooga omwenge omusu."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Bebbulaniya 10:25. Kiki kye tutalina kulekayo?
**Okukuŋŋaana awamu ng'ab'oluganda abakkiriza.**

2. Soma Ebikolwa 5:42. Buli lunaku mu yeekaalu na mu buli maka, Yesu **...?** era ...**?**
Buli lunaku mu yekaalu na mu buli maka, Yesu **yayigirizibwanga** era **n'abuulirwa.**

3. Soma Ebikolwa 2:42. Bintu ki ebina ekkanisa eyasooka bye beeyongera okukola?
**Beeyongera mu njigiriza y'abatume, okussa ekimu, okumenya emigaati (okuliira awamu n'okusembera) n'okusaba.**

4. Soma Ebikolwa 2:44-45. Ekkanisa eyasooka beeyongera okuwaangayo ssente okuzimba 'paakingi' y'emmotoka.
**Kikyamu.**

5. Soma 1 Bakkolinso 12:28. Wandiika ebirabo 8 eby'enjawulo Katonda bye yateeka mu kkanisa ye.
**Abatume, Bannabbi, Abasomesa, abo abakola eby'amagero, abo abalina ebirabo eby'okuwonya, abayambi, abo abalina ebirabo eby'obukulembeze n'abo aboogera mu nimi ezitamanyiddwa.**

6. Soma 1 Bakkolinso 14:26. Abantu ba Katonda bwe baakuŋŋaaniranga awamu ng'Ekkanisa, waabangawo eddembe okukozesa ebirabo byabwe. Menyayo ebintu 5 ebyabaangawo bwe baasisinkananga.
**Omu ng'aba n'oluyimba, omulala eky'okuyigiriza, omulala ng'ayinza okutegeeza okubikkulirwa Katonda kwe yamuwadde, omulala ng'asobola okwogera mu lulimi olutamanyiddwa, ate ng'omulala asobola okunnyonnyola olulimi olutamanyiddwa kye lutegeeza.**

7. Soma Ebikolwa 6:1. Ekkanisa y'Endagaano Empya eyasooka, baagabananga emmere ne ...?
Ekkanisa y'Endagaano Empya eyasooka, baagabananga emmere ne **bannamwandu.**

8. Soma Yakobo 1:27. Eddiini yokka Katonda gy'afaako y'eyo efaayo ku ba ...?
Eddiini yokka Katonda gy'afaako y'eyo efaayo ku ba **mulekwa ne bannamwandu mu bizibu byabwe.**

9. Soma 1 Timoseewo 5:9-11. Bannamwandu abaalabirirwanga ekkanisa y'Endagaano Empya eyasooka baalinanga kutuukiriza bisaanyizo ki?
**"Namwandu eyateekebwanga ku lukalala lw'ab'okuyamba yateekwanga okuba omukazi awezezza emyaka nkaaga egy'obukulu ate nga yali mwesigwa eri bba. "Alina okuba ng'assibwaamu ekitiibwa bonna olw'ebintu by'akoze. Akuzizza bulungi abaana be? Abadde wa kisa eri abagenyi? Aweerezza Abakristaayo abalala n'obukakkamu? Ayambye**

**abo abali mu mitawaana? Abadde mwetegefu bulijjo okukola obulungi? Bannamwandu abato tebateekwa kuba ku lukalala ...”** (NLT 1 Timoseewo 5:9-11).

10. Soma 1 Bakkolinso 9:14. Ng’oggyeeko ekkanisa okulabirira bannamwandu, baamulekwa, n’abaavu, era yayambanga ...?
    Ng’oggyeeko ekkanisa okulabirira bannamwandu, baamulekwa, n’abaavu, era yayambanga **n’abo abaweereza Ekigambo.**

11. Soma Matayo 25:35-40. Lwaaki abantu balowooza nti okuteeka ssente mu kabbo ky’ebiweebwaayo y’engeri yokka ey’okuwa Katonda?
    **Kubanga ekyo kye baayigirizibwa.**

12. Soma Ebikolwa 4:32-35.ne Ngero 3:9-10. Abakadde b’ekkanisa eyasooka n’abasumba ssente baazikozesanga ki?
    **Okuyambanga abo abali mu bwetaavu, okussangamu Mukama ekitiibwa olw’okugaba.**

# ESSOMO 5

# OKUSUMULULWA

## Omusomesa: Don Krow

Olwaleero tugenda kuyiga ku mizimu. Yesu yamala obuweereza bwe ku nsi ng'agoba emizimu, awonya abalwadde, azuukiza abafu, n'okukola eby'amagero ebirala. Kumpi kimu kyakuna eky'obuweereza bwe yakimala ng'agoba mizimu mu bantu. Bayibuli etugamba mu Bikolwa 10:38 nti, *"Nga Katonda bwe yafuka amafuta ku Yesu omunnazaaleesi n'Omwoyo Omutukuvu n'amaanyi; eyagendanga ng'akola bulungi ng'awonya bonna abanyigirizibwanga Setaani kubanga Katonda yali naye."* Era ne 1 Yokaana 3:8 agamba nti, *"N'olwensonga eno Omwana wa Katonda kye yava alabisibwa azikirize ebikolwa bya Setaani."* Nze nalowoozanga nti emizimu – emyoyo emibi, egitali mirongoofu, basetaani – gibeera mu India, oba mu mawanga agakyakula, abantu gye basinza ebifaananyi mu kifo kya Katonda omulamu era ow'amazima. Naye nga si bwe kiri.

Waliwo kye nayitamu emyaka si mingi emabega eri, mu kkanisa e Dallas, Texas. Abantu bonna baali bayimba, amangu ago omuwala n'agwa ku ttaka. Yalabika ng'eyalina olumbe olumugwira. Awo waaliwo omusawo w'eby'obulamu, Dr. Rice. Abantu abamu mu kkanisa baali babeera kumpi nnyo n'ekkanisa, ng'obuukawo ennyumba emu, omusawo oyo n'alagira atwalibwe awo asobole okumwekebejja. Bwe twamutuusa mu nnyumba yaabwe, omuwala oyo yali nga ngo! Yali akanuse amaaso, era ng'avaamu eddoboozi ery'ekisajja ery'amaanyi, ate nga kaali kawala katono, ka myaka nga 18 oba 19. Amangu ago ekyamuliko kyatandika okunnuumba n'ebigambo, nga kiwuluguma nti, "OGENDA MU GGEYEENA." Ne ŋŋamba nti, "Nedda ssigenda." Natya nnyo kubanga nnali kino sikirabangako. Ne kiremerako nga kigamba nti, "YEE, OGENDA MU GGEYEENA." Ne nkigamba nti, "Nedda, sigenda. Nze sigenda mu ggeyeena." Kyalabika ng'ekyanninako amaanyi n'obuyinza, era nnali simanyi kya kukola, oba ngeri ya kukwatamu ekyo ekyali mu muwala oyo.

Omu ku mikwano gyange yatya nnyo, era n'abulawo mangu, n'agenda, olwo ne nsigalawo nzekka. Ne ndowooza, "Nkoze ntya? " Omuwala yalina amaanyi agatali ga bulijjo, era n'atandika okwogera ebigambo ebyawulikika ng'eby'Olugirimaani, ate nga yali talumanyi – nga bye yeekola byonna ali nga nsolo. Yaliko emizimu egyali gimuwambye, naye wadde nnali simanyi kya kukola, lubeerera nnakkirizanga nti Bayibuli erimu amaanyi. Kyali nga bwe wali omuto n'olaba 'firimu' ez'agantu ga Dracula agatiisa. Ng'ekimu ku bikanywa musaayi ebyo bwe kyabangako gwe kirumbye, ng'amangu ago asikayo omusaalaba…era nga 'kivampaya' ekyo kibulawo! Bwe ntyo bwe nnali ndowooza ku Bayibuli. Ekisa kya Katonda kyannyamba, kubanga nnali sirabangako mbeera bw'etyo. Nneesanga mbikudde Bayibuli yange mu Ndagaano Empya, mu kitabo ky'Abafiripi. Ne ntandika okusoma mu ssuula 2 enyiriri 8- 11. *"Era bwe yalabikira mu mutindo ogw'obuntu, ne yeetoowaza, nga muwulize okutuusa okufa, era okufa okw'oku musalaba. Era Katonda kyeyava amugulumiza ennyo n'amuwa erinnya liri erisinga amannya gonna; buli vviivi lifukaamirirenga erinnya lya Yesu, ery'eby'omu ggulu n'eby'oku nsi n'ebya wansi w'ensi, [11] era*

*buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama waffe, Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa."*

Omuzimu ne gugamba nti, "Ekyo tokyogera! Ekigambo ebyo siyinza kukigumiikiriza!" Ekyo tokyogera!" Ne ndowooza, 'Okwanukula kuno nga kwa ngeri!' Ne ndyoka njogera nti, "Kale, ku lw'erinnya lya Yesu buli vviivi liteekwa okuvunnama – ebintu ebiri mu ggulu, ebintu ebiri ku nsi, n'ebintu ebiri wansi w'ensi." "Ekyo tokyogera! Sisobola kugumiikiriza bigambo ebyo! Ekyo tokyogera, ekyo tokyogera!" Ne ndowooza nti, 'Bwe nsomye Ekigambo kya Katonda, omuzimu guno mu muwala gweyongedde kutabuka!" Kye nnava nziramu ne nkisoma, *"Era ye yasangibwa mu nfaanana ey'abantu, yekakkanya yekka, era n'agondera okufa okw'okumusaalaba. N'olweekyo Katonda amugulumizizza nnyo waggulu, era n'amuwa erinnya eriri waggulu wa buli linnya. Nti mu linnya erya Yesu buli viivi livunname."* Era omuzimu ne guddamu okugamba nti, "Ekyo tokyogera, siyinza kukigumiikiriza! Sisobola kugumiikiriza bigambo ebyo!" Omuzimu ogwo, omuwala ne gumukwasa ku matu ge ng'agamba nti , "Ekyo tokyogera! Sisobola kugumiikiriza bigambo ebyo, era tobyogera." Ekyaddako, gwe muzimu okusuula omuwala wansi mu maaso gange, n'atandika okuvunnamira erinnya lya Yesu. Ne njogera nti, "Mu linnya lya Yesu buli viivi lirivunnama, oba mu ggulu, oba ku nsi, oba mu nsi, oba wansi w'ensi."

Emabegako, omuzimu ogwo gwaali gunninako obuyinza n'amaanyi. Nalowooza nti gwaali gugenda kunkuba, gunkasuke ne wabweeru. Kye nnali mmanyi nti Bayibuli erina amaanyi, era nagibikkula ne ntandika okugisoma. Bayibuli egamba mu Beefeeso 6:17, *"Obulokozi bubafuukire enkuufiira gye mwambadde, n'ekigambo kya Katonda kibabeerere ekitala eky'Omwoyo."* Waliwo ekyokulwanyisa ekirumba, ekitala ekigenda kisala era nga kirumya omulabe. Kye kitala eky'omwoyo, era ky'Ekigambo kya Katonda. Ojjukira Yesu bwe yakemebwa? Setaani yamulumba n'amugamba nti, "Nja kukuwa obwakabaka bwonna obw'ensi, bw'onovuunnama n'onsinza." Yesu n'addamu nti, *"Vva wendi ggwe setaani: kubanga kyawandiikibwa nti, 'Onoosinzanga Mukama Katonda wo, nti era ye yekka gw'onooweerezanga,'"* (Matayo 4:10). Ate era setaani n'addamu n'amukema…era n'addamu n'amukema. Yesu n'amuddamu nti, "Kyawandiikibwa…Setaani ... kyawandiikibwa," era n'ayogera Ekigambo kya Katonda. Yakozesa ekitala eky'Omwoyo, era Bayibuli egamba nti Setaani n'adduka, n'amuleka okumala ekiseera.

Eky'okulwanyisa kyokka kye tulina okuwanguza omulabe, ky'ekitala eky'omwoyo nga ky'Ekigambo kya Katonda. Omanyi kiki kye nayiga mw'ekyo? Nayiga kino: Buli kiseera lwe mba njagala okuyiga Ekigambo, ndowooza ku ngeri gye mbaamu omuyala era nga ninna okugenda okunoonya eky'okulya, oba ndowooza ku bintu byonna bye ssaakoze olunaku olwo. Nkimanyi nti abo abali mu kibiina kino eky'abayigirizwa baggya kubeera n'eby'okwekwasa olw'obutaba wano mu kuyiga,era lwaki tebaasobodde kujja Era nkitegeera nti waliwo Katonda ky'ayagala tumanye mu Bayibuli, ate Setaani nga naye tayagala tukimanye. Kale buli lw'oyagala okusoma Ekigambo kya Katonda, oba okubeera n'ekibiina ky'abayigirizwa, waliwo ekiri mu kigambo kya Katonda Setaani ky'atayagala omanye – tayagala omanye Katonda ali emabega w'ebigambo bino.

Waliwo obwakabaka obw'ekizikiza, era waliwo n'obwakabaka bw'Omwana wa Katonda omwagalwa. Mu Bakkolosaayi 1:13, Pawulo agamba bw'ati, *"Oyo eyatununula okuva mu maanyi*

*ag'ekizikiza, n'atuleeta mu bwakabaka bw'Omwana we omwagalwa.*" Oli mu bwakabaka ki? Wali omuwadde obulamu bwo? Omugoberera olwaleero, oba olese ebintu ebirala bibeere n'enkizo mu bulamu bwo? Yesu yagamba bw'ati mu Lukka 6:46, "*Lwaki mumpita nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe,' so nga bye mbagamba si bye mukola?"* Ayagala abeere nga y'asooka mu bulamu bwo…nga ye nnamba emu. Waliwo obwakabaka bw'ekizikiza obugezaako okumulemesa okuba nnamba emu mu bulamu bwo. Kubanga omulabe ayagala abeere mu kifo ekyo. Kyuuka odde eri Yesu leero n'omutima gwo gwonna, era okitegeere nti waliwo omulabe. Erinnya lye ye Setaani, era alina amaanyi g'emizimu, naye Bayibuli etugamba nti tumulinako obuyinza.

Yesu yagamba mu Matayo 10:8 nti, *"Muwonye abalwadde, mulongoose abagenge, muzuukize abafu, mugobe emizimu, mwaweebwa buwa nammwe muwe buwi."* Mubuulire Enjiri ey'obwakabaka, era nga mugenda, mubeere n'obuyinza ku mulabe. Toganya mulabe kukuggya mw'ekyo Katonda ky'alina eri obulamu bwo. Yesu mufuule nnamba emu mu bulamu bwo. Togenda kukyejjusa.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Beefeeso 6:12. Mu Beefeeso 6:12, ayogera atya ku lutalo lwaffe olw'omwoyo n'ensi ey'emizimu?

   **Abeefeeso 6:12** – *"Kubanga tetumeggana na mubiri wadde musaayi, wabula tulwanyisa abafuzi, n'ab'obuyinza, n'amaanyi ag'ensi ag'ekizikiza, n'emyoyo emibi egy'omu bifo ebya waggulu."*

2. Soma Makko 16:17. Wano watuyigiriza ki ku buyinza bw'omukkiriza?

   **Makko 16:17** – *"Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya."*

3. Soma Yakobo 4:7. Omuntu anoonya okusumululwa okuva mu mizimu alina kukola ki?

   **Yakobo 4:7** – *"Kale, mugondere Katonda era mulwanyisenga Setaani, ajja kubaddukanga."*

4. Soma Yakobo 1:14. Setaani atulimba atya okutuuka okuddira ekibi okukiyita ekirungi?

   **Yakobo 1:14** – *"Naye buli muntu akemebwa ng'okwegomba kwe okubi, bwe kuli, n'asendebwasendebwa."*

5. Soma Baruumi 6:13. Singa omuntu ajjuza obulamu bwe ebintu bya Kristo, emizimu tegijja kuwulira bulungi era gigende ku lwagyo. Baruumi 6:13 atugamba kukola ki?

   **Abaruumi 6:13** – *"Temuwangayo bitundu byammwe eby'omubiri okukozesebwa ebitali bya butuukirivu eri ekibi, naye mweweereyo ddala eri Katonda, ng'abantu abalamu abaava mu bafu. Ebitundu byammwe eby'omubiri gwammwe bikozesebwe eby'obutuukirivu eri Katonda."*

6. Soma Baruumi 13:14. Ebikolwa by'omubiri bye biriisa emizimu, Kaakati biveemu ng'otambulira mu makubo ga Katonda ag'okwagala n'obutukuvu. Tetulina kukola…? ku lwa mubiri.

   **Abaruumi 13:14** – *"Naye twambale Mukama waffe Yesu Kristo so tetuwanga mubiri bbanga kukola ng'okwegomba kwagwo bwe kuli."*

7. Soma Lukka 10:17-19. Yesu tatugambanga kumusabanga atugobere emizimu. Atuwa obuyinza. Lukka 10:19 atugamba nti tulina obuyinza n'amaanyi ku …?

   **Lukka 10:17–19** – *"Awo abayigirizwa ensavu mu ababiri bwe baakomawo, nga basanyuka ne bategeeza Yesu nti, "Mukama waffe, ne baddayimooni baatugondera mu linnya lyo. [18] Yesu n'abagamba nti, "Nalaba Setaani ng'agwa okuva mu ggulu ng'okumyansa kw'eraddu! [19] Laba mbawadde obuyinza okulinnya ku misota ne ku njaba ez'obusagwa n'okuwangula amaanyi gonna ag'omulabe. Era tewali kigenda kubakola kabi."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Beefeeso 6:12. Mu Beefeeso 6:12, ayogera atya ku lutalo lwaffe olw'omwoyo n'ensi ey'emizimu?
   **Lwogerwako ng'olwokumeggana.**

2. Soma Makko 16:17. Atusomesa ki ku buyinza bw'omukkiriza?
   **Tulina obuyinza mu linnya lya Yesu okugoba emizimu.**

3. Soma Yakobo 4:7. Omuntu anoonya okusumululwa okuva mu mizimu alina kukola ki?
   **Alina kugondera Katonda, n'alwanyisa Setaani.**

4. Soma Yakobo 1:14. Setaani atulimba atya n'atuukkirizisa ekintu ekibi ne kirabika ng'ekirungi?
   **Akolera mu kwaka kwaffe (ekibi n'akifuula ekyegombesa).**

5. Soma Baruumi 6:13. Ssinga abantu bajjuza obulamu bwabwe ebintu bya Kristo, emizimu gijja kuba tegiwulira bulungi era gigende ku lwagyo. Baruumi 16:13 watugamba kukola ki?
   **Te weewaayo eri ekibi naye weweeyo eri Katonda. Tuweeyo ebitundu by'omubiri gwaffe ng'eby'okukozesa okukola obulungi.**

6. Soma Baruumi 13:14. Ebikolwa by'omubiri bye biriisa emizimu, Kati bisse enjala ng'otambulira mu makubo ga Katonda ag'okwagala n'obutukuvu. Tetulina kulekawo …? ku lwa mubiri.
   Tetulina kulekawo **mwagaanya** ku lwa mubiri.

7. Soma Lukka 10:17-19. Yesu tatugambanga kumusabanga atugobere emizimu. Yatuwa obuyinza. Olunyiriri luno lutugamba nti tulina obuyinza n'amaanyi ku …?
   Olunyiriri luno lutugamba nti tulina obuyinza n'amaanyi ku **maanyi g'omulabe gonna.**

# ESSOMO 6

# OBUYINZA BW'OMUKKIRIZA

## Omusomesa: Andrew Wommack

Mu kuyiga kwa leero njagala kwogera ku buyinza Katonda bwe yatuwa ng'abakkiriza. Okusobola okutegeera kino, tetugenda kutunuulira buyinza bwe tulina bwokka, wabula n'obuyinza bwa Setaani. Bamwogeddengako mu ngeri essukkiridde. Abakristaayo babalowoozesezzanga nti balwanyisa oguntu ogulina amaanyi agasukkiridde ku gaffe, nti era tuwadawadako buwaziwazi okumwaŋanga. Ekyo ekyawandiikibwa si kye kiyigiriza n'akatono. Kigamba mu Befeeso 6:12 nti, *"Kubanga tetumeggana na mubiri wadde musaayi, wabula tulwanyisa abafuzi, n'ab'obuyinza, n'amaanyi ag'ensi ag'ekizikiza, n'emyoyo emibi egy'omu bifo ebya waggulu."* Kale Setaani nsonga, era waali. Alina emitendera gy'abamasaza n'ab'obuyinza gye tulwanagana nagyo, naye olunyiriri olukulembera olwo waggulu, lugamba nti tulina okuyimirira eri enkwe za Setaani. Amaanyi gokka Setaani g'alina mu butuufu gye tuli, ge g'okulimbalimba. Talina maanyi gasobola kumala gatuwangula.

Mu Lubereberye 3 tulaba nti mu kikemo ekyasooka okwolekera Adamu ne Eva, Setaani teyajja na maanyi mangi agasukkiridde. Eky'okugeza, mu kifo ky'okujjira mu gusolo ogunene oba enjovu, n'aba ng'agenda okulinnya Adamu ku mutwe, nga bw'abatiisatiisa nti,"Mumpeereze oba si kyo munandaba", yayingira mu musota, ekitonde ekikalabakalaba Katonda kye yatonda. Ekigambo "bukalabakalaba", kitegeeza omuntu ajjudde "buli kakodyo k'okulimba, okudyekadyeka, okufera, oba okubuzaabuza." Ensonga lwaki Setaani yayitira mu musota, lwa kuba mu butuufu teyalina maanyi kukaka Adamu ne Eva kukola kintu kyonna. Kye yali asobola kyokka kwe kwe kulimba. Yawakanya embala ya Katonda n'obwakatonda bwe, n'amukolokota ng'abagamba nti, "Eky'amazima Katonda tabaagala – alina bye yeesigaliza." Yakozesa bulimba okukema Adamu ne Eva okwonoona eri Katonda. Bano be baali balina obuyinza bwonna, era y'ensonga lwaki yalina okukikola bw'atyo kubanga teyalina maanyi kwaŋŋanga Katonda.

Waliwo bingi nnyo bye ssaagala kugendamu, naye emu ku nsonga gye njagala okuggyayo eri ku buyinza omukkiriza bw'alina. Olina okukitegeera nti Setaani talina maanyi wadde obuyinza gy'oli n'akatono. Setaani ye mulabe wo eyawangulwa edda. Amaanyi gokka gaakulinako, gaakujja n'akudyekadyeka ng'akulimbalimba. Singa obulamu bwo buba mu matigga, weesanga ogamba nti, "Setaani y'ankuba obusaale buno." Naye nga ggwe omuwa obusaale bw'akukuba. Gwe akkiriza obulimba bwe. Singa Setaani tetumwewa, teyalibadde na kubbo lyonna mu bulamu bwaffe mw'atulumbira. Mu 2 Abakkolinso 10:3-5 wagamba nti, *"Newaakubadde nga tutambulira mu mubiri, tetulwana ng'ab'omubiri, [4] kubanga eby'okulwanyisa byaffe eby'olutalo, si bya mubiri wabula bya maanyi mu Katonda olw'okuwangula ebigo, n'olw'okuwangula endowooza, [5] na buli kintu ekigulumivu ekyekuluntaza okusinga amagezi ga Katonda, era nga tujeemulula buli kirowoozo, kigondere Kristo."* Ebyawandiikibwa bino byogera ku by'okulwanyisa byaffe, na buli kyakulwanyisa ekyogeddwaako, kyogera ku ndowooza yaffe, engeri gye tukwatamu ebirowoozo byaffe. Setaani talina maanyi kukola kintu kyonna okuggyako okuyita mu bulimba.

Njagala kubaako bye mpumbawuumba. Kituufu mu Lubereberye Katonda yalina obuyinza bwonna. Amaanyi n'obuyinza byonna biva mu Katonda, kubanga ye yekka y'alina amaanyi mu ye. Buli ekisigadde kigafuna kuva gy'ali. Bwe yatonda eggulu n'ensi, yalina amaanyi gonna n'obuyinza. Naye mu Lubereberye 1:26, Katonda bwe yatonda Adamu ne Eva, Yagamba nti, *"Leka bafuge ... ensi yonna."* Ekyo kigatte ne Zabbuli 115:16, olugamba nti, *"Eggulu ery'oku ntikko lya MUKAMA, naye ensi yagiwa abantu bonna."* Katonda ye yali nnannyini buli kintu olw'okuba ye yakitonda, naye obufuzi n'obuyinza ku nsi yabiwa abantu abalina omubiri. Setaani tabangako na mukisa gwonna okufuga ensi. Yabitwala kuyita mu kulimba muntu okumwonoonesa. Katonda amaanyi ag'okufuga ensi yagawa omuntu, naye omuntu bwe yagwa, amaanyi n'obuyinza yabiwaayo eri Setaani. Setaani taweebwangako maanyi kunyigiriza muntu, oba okufuga ensi eno.

Ekyawandiikibwa kigamba nti Setaani ye katonda w'ensi eno…naye si lwa kuba Katonda ye yamufuula katonda w'ensi eno. Katonda tateekanga Setaani mu kifo ekya waggulu okusinga omuntu. Yawa omuntu obufuzi n'obuyinza ku nsi eno. Ensonga yokka lwaki Setaani y'ali asobodde okunyigiriza, okufuga, oba okuleeta emitawaana gyonna, eva ku ky'abantu abaawaayo obuyinza Katonda bwe yali abawadde eri Setaani. Kino kyaleetera ddala ekizibu eri Katonda, kubanga ye yali mwoyo, ate ng'obuyinza ku nsi yali abuwadde abaana b'abantu abalina omubiri. Abantu bokka abalina omubiri be baalina obuyinza n'amaanyi okufuga n'okukolera ku nsi eno. Setaani yalina okulaba ng'atukozesa okulaba nga tuwaayo obuyinza bwaffe gy'ali. Eyo y'ensonga lwaki ayagala nnyo okubaako omubiri gw'abeeramu. Mu kyawandiikibwa, emizimu gy'alina okufuna omubiri mwe gituula kubanga Setaani talina ky'ayinza kukola okuggyako ng'ali mu mubiri gw'omuntu mw'akolera. Olw'okuba Katonda Mwoyo ate ng'obuyinza yali abuwadde abantu, kati kirabika ng'emikono gye egyali gisibiddwa. Si lwa kuba nti Katonda yali talina maanyi na buyinza, naye olw'obw'esimbu bwe. Yawa obuyinza abaana b'abantu,kale naye okusigala nga w'amazima eri Ekigambo kye, yali tayinza kujja buzzi ne yeddiza obuyinza obwo, oba okugamba Setaani nti, "Si bwe nnayagala kino kibe bwe kiti, era ekiseera kikuweddeko, lekera awo by'okola tugenda kukiddamu buto." Si bwe yakola, kubanga Katonda akugirwa Ekigambo kye. Wonna mu byafaayo Katonda yabanga anoonya omuntu gw'ayinza okuyitamu, naye ng'ekizibu, buli muntu yali yayonooneka, era nga yeewaddeyo eri Setaani. Olwo yali agenda kukikola atya?

Ekyasembayo Katonda kye yalina okukola, kwe kujja ku nsi ye kennyini, afuuke omuntu. Kino kinene nnyo bw'okitegeera, kubanga olwo Setaani yali mu katyabaga kennyini. Yali akozesa amaanyi g'omuntu, nga Katonda talina bw'abiyingiramu okugonjoola emitawaana egyo gyonna, kubanga omuntu obuyinza obwamuweebwa ku Setaani, yali yabuwaayo kyeyagalire era mu mateeka. Setaani kye yakola kyali kikyamu, naye ng'omuntu ye yamugabira obuyinza obwali obubwe. Awo Katonda n'ajja, era nga kati yali takyali Mwoyo gwokka, naye yali mu mubiri. Kino Setaani kyamukuba wala, kubanga Katonda teyalina buyinza mu ggulu mwokka, naye okufuuka omuntu ky'amuwa n'obuyinza ku nsi. Yesu yagamba mu Yokaana 5:26-27 nti, *"Kuba nga Kitange bw'alina obulamu mu ye, bw'atyo bwe yawa Omwana okuba n'obulamu mu ye; era yamuwa obuyinza okusala omusango, kubanga ye Mwana w'omuntu."* Yali ayogera ku mubiri gwe.

Yesu yajja n'akozesa obuyinza Katonda bw'agaba. Setaani yamukema, naye teyamugondera,

era Setaani yawangulwa mu buli nsiitaano ne Yesu. Yatwala ebibi byaffe, n'abifiirira, n'agenda mu ggeyeena, n'amala n'alangirira mu Matayo 28:18 nti, *"Obuyinza bwonna bumpeereddwa mu ggulu ne mu nsi."* Yawangula, n'akomyaawo obuyinza bwonna Katonda bwe yali yawa omuntu n'abugalabanja. Ng'olwo Katonda mu mubiri yali alina obuyinza bwonna mu ggulu ne mu nsi. Mu lunyiriri oluddako yagamba nti, "Kaakati mwe mugende mukole ebintu bino byonna." Kye yali ategeeza nti "Kaakati nnina obuyinza bwonna mu ggulu ne mu nsi, era mbugabana nammwe." Ku mulundi guno, waliwo eky'enjawulo ku buyinza Katonda bwe yatuddiza ng'abakkiriza. Obuyinza buno tubugabana ne Mukama waffe Yesu Kristo. Obuyinza buno tebukyali bwaffe bwa bwebange nga bwe kyali ku Adamu ne Eva. Baali basobola obuyinza okubuwaayo, ne baganya Setaani okubanyigiriza nga tebakyalina na ssuubi, naye olwaleero obuyinza bwaffe tubugabana ne Mukama waffe Yesu Kristo. Kiringa bwe mubeera ne 'akawuunti' ya 'bbanka' engatte, naye nga 'mugisayiningako' babiri okusobola okuggyayo ssente. Obuyinza bwaffe tubugabana ne Mukama Yesu, ate Mukama waffe n'abugabana n'ekkanisa.

Newaakubadde tusobola okulemererwa, Katonda tagenda kuddamu kukkiriza buyinza buno kuweebwa Setaani. Amazima ag'enkomeredde kwe kuba nti Setaani talina maanyi gonna. Talina busobozi kubaako ky'akola mu bulamu bwo, okuggyako ekyo ky'akozesa okukulimba, naawe n'omugondera kyeyagalire. Osobola okumuwa obuyinza mu bulamu bwo, ekiviirako okukubonyaabonya, naye obuyinza Katonda bwe yawa omuntu tebuliddayo kugenda eri Setaani ng'omuntu y'abuwaddeyo. Kubanga kati tubugabana ne Mukama waffe Yesu, ate ye abeera mwesigwa ffe ne bwe tutabeera beesigwa. Olina okukitegeera nti ggwe olina obuyinza n'amaanyi kaakati. Setaani akulwanyisiza mu birowoozo, naye eby'okulwanyisa byo kwe kuba nti osobola okuwamba ebirowoozo bino. Osobola okukitegeera nti kikyamu Setaani okukunyigiriza mu mubiri, era n'ozuula kiki ekyawandiikibwa kye kigamba ku kuwonyezebwa kwo. Yokaana 8:32 wagamba nti, *"Era mulimanya amazima, n'amazima galibafuula ba ddembe."* Ggw'olina obuyinza n'amaanyi. Katonda agakuwadde naye ekintu kimu kyokka ekikulemesa okugakozesa, kwe kuba nti tonnasobola kuwamba birowoozo byo. Tonnakozesa byakulwanyisa bino eby'omwoyo okuzza obuggya endowooza yo, n'okutegeera kiki ky'olina. Kizzaamu amaanyi okikizuula nti obuyinza n'amaanyi bikuli mu ttaano.

Nkusabira kino okikkirize, okifumitirizeeko, ne Katonda anaakuwa okubikkulirwa nti Setaani ggwe gw'akankanira bw'akulaba. Toteekwa kuba ng'okankanira Setaani kubanga ggwe alina amaanyi n'obuyinza Katonda bw'agaba. Singa on'olwanyisa Setaani,naye ajja kukudduka (Yakobo 4:7).

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Lubereberye 3:1. Setaani waali, naye ng'amaanyi ge gennyini gali mu busobozi bwe okutulimba. Omusota (Setaani), kiki kye gwagezaako okugamba Eva okubuusabuusa?

   **Lubereberye 3:1 –** *"Kale nno omusota gwali mukalabakalaba okukira ensolo zonna ez'omu nsiko, Mukama Katonda ze yatonda. Ne gugamba omukazi nti, "Kazzi Katonda yagamba nti, 'Temulyanga ku muti gwonna ogw'omu nnimiro!"*

2. Soma Lubereberye 3:1. Lwaki olowooza Setaani yalina okukozesa obulimba?

3. Soma Lubereberye 1:26, 28. Ani yawa omuntu obuyinza?

   **Lubereberye 1:26** – *"Awo Katonda n'agamba nti, "Tukole omuntu mu kifaananyi kyaffe mu ngeri yaffe. Bafugenga ebyennyanja eby'omu nnyanja, n'ebinyonyi eby'omu bbanga, n'ensolo zonna, n'ensi yonna, era bafugenga na buli ekyewalulira ku nsi kyonna."*

4. Soma Zabbuli 8:4-8. Katonda omuntu yamutonda atya?

   **Zabbuli 8:4-8 –** *"Omuntu kye ki ggwe okumujjukira, omuntu obuntu ggwe okumussaako omwoyo? [5] Kubanga wamukola n'abulako katono okuba nga Katonda; n'omussaako engule ey'obukulu n'ekitiibwa. [6] Wamukwasa okufuga ebintu byonna bye wakola n'emikono gyo: byonna wabissa wansi w'ebigere bye, [7] ebisibo n'amagana ag'ebisolo byonna eby'omu nsiko, [8] n'ennyonyi ez'omu bbanga, n'ebyennyanja eby'omu nnyanja; era na buli kiramu kyonna ekiyita mu nnyanja."*

5. Soma 2 Bakkolinso 4:4. Kiki 2 Bakkolinso ky'alaga ekyabaawo?

   **2 Abakkolinso 4:4** – *"Katonda w'emirembe gino yazibikira ebirowoozo by'abo abatakkiriza, obutabamulisiza njiri ey'ekitiibwa kya Kristo, ye nga kye kifaananyi kya Katonda."*

6. Soma Matayo 4:8-9. Ennyiriri zino zikakasa ensonga eno?

   **Matayo 4:8-9** – *"Ate Setaani n'amutwala ku lusozi oluwanvu n'amulengeza ensi zonna n'obwakabaka bwamu n'ekitiibwa kyabwo kyonna, [9] n'amugamba nti, "Bino byonna nnaabikuwa bw'onoovuunama n'onsinza."*

7. Soma Matayo 28:18. Oluvannyuma lw'okufa n'okuzuukira kwa Yesu, ani alina obuyinza mu ggulu ne mu nsi?

   **Matayo 28:18** – *"Awo Yesu n'asemberera abayigirizwa be n'abategeeza nti, "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi."*

8. Soma Matayo 28:18-19. Obuyinza bw'asigirwa ani okusinziira ku nnyiriri zino?

   **Matayo 28:19 –** *"Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu."*

9. Soma Beefeeso 1:19. Amaanyi ga Katonda agasukkiridde gaweebwa ani?

   **Abeefeeso 1:19** – *"Njagala mutegeere amaanyi ge agasukkiridde agakolera mu ffe abakkiriza, ng'okukola kw'obuyinza bw'amaanyi ge bwe kuli."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Lubereberye 3:1. Setaani waali, naye amaanyi ge gennyini gali mu busobozi bwe okutulimba. Omusota (Setaani) kiki kye gwagezaako okugamba Eva okubuusabuusa?
   **Ekigambo kya Katonda (Ddala Katonda yagamba?).**

2. Soma Lubereberye 3:1 Lwaki olowooza Setaani yalina okukozesa obulimba?
   **Yali tasobola kubakaka kujeema. Yalina okubalimba olwo bo baweeyo obuyinza bwabwe bokka.**

3. Soma Lubereberye 1:26, 28. Ani yawa omuntu obuyinza?
   **Katonda.**

4. Soma Zabbuli 8:4-8. Katonda omuntu yamutonda atya?
   **Okufuga emirimu gy'emikono gya Katonda.**

5. Soma 2 Bakkolinso 4:4. Kiki 2 Bakkolinso ky'alaga ekyabaawo?
   **Setaani yatwala obuyinza bw'omuntu n'afuuka Katonda w'ensi eno (enkola y'ensi eno oba omulembe guno).**

6. Soma Matayo 4:8-9. Ennyiriri zino zikakasa ensonga eno?
   **Yee.**

7. Soma Matayo 28:18. Oluvannyuma lw'okufa n'okuzuukira kwa Yesu, ani kaakati alina obuyinza mu ggulu ne mu nsi?
   **Yesu.**

8. Soma Matayo 28:18-19. Obuyinza ani gwe bw'asigirwa okusinziira mu lunyiriri luno?
   **Omukkiriza.**

9. Soma Abeefeeso 1:19. Amaanyi ga Katonda agasukkiridde gaweebwa ani?
   **Ffe abakkiriza.**

## ESSOMO 7

# OKUWONYEZEBWA KULI MU MUTANGO

### Omusomesa: Andrew Wommack

Ekitundu kya leero kikwata ku kuwonyezebwa na ngeri ki gye kiri ekitundu kw'ekyo Yesu kye yamala edda okutugulira. Mu Makko 2 ne Lukka 5, Yesu yali ayigiriza mu nnyumba ejjudde abantu, ne wabaawo abasajja abaaleeta omusajja eyali yagongobala, nga bamuyisa waggulu ku kasolya okumutuusa Yesu we yali atudde, era naamuwonyezaawo. Mu Matayo 8:14-16, bwe yali ng'awonya abantu, wagamba nti, *"Yesu bwe yayingira mu nnyumba ya Peetero, n'alaba nnyina mukazi we ng'agalamidde alwadde omusujja. N'amukwata ku mukono, omusujja ne gumuwonako; n'agolokoka, n'amuweereza. Obudde bwali buwungedde, ne bamuleetera bangi abakwatiddwa dayimooni: n'agoba dayimooni n'ekigambo n'awonya bonna abaali balwadde:"* Ate olunyiriri lwe 17 lugamba nti, *"ekigambo kituukirire ekyayogerwa nnabbi Isaaya, ng'agamba nti Ye yennyini yatwala obunafu bwaffe, ne yeetikka endwadde zaffe." Wano we wali ensonga lwaki kino kyabaawo. "Nti kiryooke kituukirire ekyawandiikibwa nnabbi Isaaya nga kigamba nti, "Ye kennyini yatwala obuyinike bwaffe era n'atwala n'endwadde zaffe".* Mu kiseera kino Yesu yali awonya abantu bangi, era kyogerera ddala ku kyaliwo, ng'akozesa ekyawandiikibwa ekiri mu Isaaya 53:3-5, *"Yanyoomebwa n'agaanibwa abantu;* [buno bwe bunnabbi obwogera ku Mukama Yesu Kristo] *omuntu ow'ennaku era eyamanyiira obuyinike: era ng'omuntu abantu gwe bakweka amaaso gaabwe bwe yanyoomebwa bw'atyo, ne tutamuyitamu ka buntu. Mazima yeetikka obuyinike bwaffe n'asitula ennaku zaffe: naye twamulowooza nga yakubibwa yafumitibwa Katonda n'abonyaabonyezebwa. Naye yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe: okubonerezebwa okw'emirembe gyaffe kwali ku ye; era emiggo gye gye gituwonya"* (obukomera nze mbutaddemu).

Ebyawandiikibwa ebyo, bya maanyi nnyo. Abantu abamu bwe basomawo balowooza nti woogera ku bya mwoyo. Ekkanisa gye nnakuliramu baali tebakkiririza mu kuwonyezebwa okw'omubiri, naye ng'ekyawandiikibwa ng'ekyo bakiteeka ku bya mwoyo, nga bagamba nti omuntu aba yatuusibwako ebiwundu by'omu birowoozo, era bw'awa Yesu obulamu bwe, amuwonya. Naye ng'endowooza eyo ekontana n'amazima ago, okusinziira ku byawandiikibwa bye tutandise nabyo. Kituufu ebirowoozo nabyo Yesu abiwonya, naye ng'ebyawandiikibwa ebyo byogera ku kuwonyezebwa mu mubiri. Kino osobola okukiraba, kubanga mu Matayo 8:17 wagamba nti okuwonyezebwa okwo kwe kwali okutuukirizibwa kw'obunnabbi obwayogerwa Isaaya waagambira nti, *"Olw'emiggo gye, twawonyezebwa."* Era ekyawandiikibwa kigamba nti ekyo kwe kutuukiriza nti ye kennyini yatwala obunafu bwaffe n'endwadde zaffe. Kino kyogera ku ndwadde ez'omubiri, ebimenya emitima, n'obulumi. Yesu yawonyanga abantu mu mubiri okutuukiriza ekyawandiikibwa ekigamba nti olw'emiggo gye twawonyezebwa.

Bayibuli egenda mu maaso okwogera mu 1 Peetero 2: 24 nti, *"Eyeetikka ye yennyini ebibi byaffe mu mubiri gwe ku muti, ffe nga tumaze okufa ku bibi, tulyoke tubeerenga abalamu eri obutuukirivu; okukubibwa kw'oyo kwe kwabawonya."* Kino kiri mu biseera ebyayita. Yesu yajja, era

ekimu ku bye yajja okukola kwe kuwonya omubiri gwo. Sigezaako kufeebya kya kuba nti era yajja n'okusonyiwa ebibi byo. Ekyo kikulu nnyo, era okusonyiwa ebibi gwe mulyango ewayingirirwa mu buli kirala kyonna, naye nga teyajja kusonyiwa bibi byo byokka. Yajja n'okuwonya omubiri gwo. Mu Luyonaani, ekigambo ekikozesebwa ku bulokozi mu Ndagaano Empya kiyitibwa sozo, ekigambo kino kigazi nnyo, era kigatta ebintu bingi eby'enjawulo. Naye nga kivvuunulwa okutegeeza "okuwonyezebwa." Yakobo 5:14 agamba nti, *"Waliwo mu mmwe omuntu alwadde? Ayitenga abakadde b'ekkanisa; bamusabirenga, nga bamusiigako amafuta mu linnya lya Mukama waffe."* Ewali ekigambo "kulokola," waliyo ekigambo ky'Oluyonaani "sozo", era kyogera ku balwadde nga bawonyezebwa mu mibiri gyabwe. Ekigambo kino kye kimu ekyavvuunulwamu okusonyiyibwa ebibi emirundi bikumi na bikumi mu Ndagaano Empya, era nga kye kivvuunulwa ng'okuwonyezebwa.

Yesu bwe yatuma abayigirizwa be mu Matayo 10, ekiragiro kye yabawa kwali kugenda bawonye abalwadde, balongoose abagenge, bazuukize abafu, bagobe emizimu, era babuulire Enjiri. Nga bwe yabagamba okubuulira Enjiri, gwe mwoyo gwe gumu gwe yabagambiramu okuwonya abalwadde, okulongoosa abagenge, n'okugoba emizimu. Okuwonyezebwa kitundu kw'ebyo ebyaleeta Yesu okutuukiriza mu bulamu bwo. Ng'era bwe kiri ne ku kusonyiyibwa ebibi.

Mu ngeri y'emu nga Mukama bw'atayinza kwagala osooke ogwe mu kibi mbu akulage nga bw'osobola okubaako ky'oyiga okuyita mu kibi, bw'atyo tayinza kwagala ggwe obeere mulwadde. Katonda si y'aleeta endwadde mu bulamu bwo. Emirundi egimu abantu bagamba mbu obulwadde mukisa okuva eri Katonda kubanga bubaleetera okudda gy'ali. Kituufu mu biseera ebyakatyabaga abantu badda eri Katonda, naye tasindika ndwadde kukuyigiriza. Nga bw'atayinza kukussaako kibi, bw'atyo bw'atayinza kukussaako ndwadde. Olina ky'oyinza okuyiga singa ogenda n'otandika okubeera mu kibi? Bw'odda mu bwenzi oba okulya ebisiyaga n'ofunirayo obulwadde, osobola okuyiga nti enneeyisa eyo yali nkyaamu. Naye Katonda si y'abeera akuleetedde okubeera mu mbeera y'obulamu bwe butyo. Si y'aba yatadde ekibi mu bulamu bwo,yadde ng'osobola okuyiga okuva mu kwonoona. Bw'otomeza ekisenge omutwe, okiyiga nti si kirungi kukikola, naye era osobola okukiyiga nga tekisoose kubaawo. Buli kintu tolina kukiyiga ng'oyita mu bugubi. Katonda tateeka ndwadde mu bulamu bwo okukukkakkanya abeeko ky'akuyigiriza. Yesu yafa okusonyiwa ebibi byo, n'okuwonya endwadde zo. Yeetikka ebibi byaffe mu mubiri gwe, era olw'emiggo gye twawonyezebwa.

Amaanyi ga Katonda agawonya weegali eri ffenna. Okuwonyezebwa kitundu ku mutango Yesu gwe yafiirira. Bw'oba nga tonnafuna kuwonyezebwa, ekyo Katonda tekimunyiiza. Tolina kusooka kuwonyezebwa olyoke oyagale Katonda. Osobola okwagala Katonda n'omutima gwo gwonna, nga tokkiririza na mu kuwonyezebwa, era n'omala n'ogenda mu ggulu. Era nga mu ggulu wandigendayo mangu nnyo, kubanga tomanyi na bwe batambulira mu bulamu butaliimu ndwadde. Naye nga kwo okuwonyezebwa weekuli ku lulwo. Yesu yafa akutuleetere. Katonda ayagala obeere mulamu.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Matayo 8:16-17. Yesu yawonya abantu bameka?

   **Matayo 8:16-17** – *"Obudde bwe bwawungeera, ne bamuleetera abalwadde bangi abaaliko baddayimooni. N'ayogera bwogezi kigambo baddayimooni n'abagoba, era n'awonya n'abalala bonna abaali balwadde. [17] Bwe kityo ekigambo ekyayogerwa mu nnabbi Isaaya ne kituukirira bwe yagamba nti 'Yatuwonya endwadde zaffe, era n'atwala obunafu bwaffe.' "*

2. Soma Isaaya 53:3-5. Kika kya kuwonyezebwa kwa ngeri ki ennyiriri zino kwe zoogerako?

   **Isaaya 53:3-5** – *"Yanyoomebwa n'agaanibwa abantu; omuntu eyagumira ennaku n'obuyinike. Tetwayagala na kumutunulako, ng'omuntu gwe wandikubye amabega ng'ayitawo, bwe twamunyooma ne tutamuyitamu ka buntu. [4] Mazima ddala yeetikka obuyinike bwaffe, n'atwala ennaku yaffe, obulumi obwanditulumye bwe bwamunyiga. Ate nga twalowooza nti okubonaabona kwe kyali kibonerezo okuva eri Katonda. [5] Naye yafumitibwa olw'okusobya kwaffe. Yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe. Yeetikka ekibonerezo ffe tusobole okubeera n'emirembe. Ebiwundu bye, bye bituwonya."*

3. Soma Matayo 8:17. Kiki ekyatuuka ku ndwadde zaffe n'obunafu?

   **Matayo 8:17** – *"Bwe kityo ekigambo ekyayogerwa mu nnabbi Isaaya ne kituukirira bwe yagamba nti: "Yatuwonya endwadde zaffe, era n'atwala obunafu bwaffe."*

4. Soma 1 Peetero 2:24. Bintu ki ebibiri mu lunyiriri luno Yesu bye yatukolera?

   **1 Peetero 2:24** – *"Eyeetikka ye yennyini ebibi byaffe mu mubiri gwe ku muti, ffe nga tumaze okufa ku bibi, tulyoke tubeerenga abalamu eri obutuukirivu; okukubibwa kw'oyo kwe kwabawonya."*

5. Soma Yakobo 5:14-15. Ekigambo "okulokolebwa" mu lunyiriri 15 ekigambo ky'Oluyonaani ekiyitibwa sozo, ekivvuunulwa "okusumulula, okukuuma, okuwonya, okutereka, okubeera ajjudde." Kye kigambo kye kimu Bayibuli kyeyogerako "ng'obulokozi." Okusinziira ku nnyiriri zino n'enzivuunula y'Oluyonaani ku kigambo bulokozi, biki ebiri mu bulokozi?

   **Yakobo 5:14-15** – *"Waliwo mu mmwe omuntu alwadde? ayitenga abakadde b'ekkanisa; bamusabirenga, nga bamusiigako amafuta mu linnya lya Mukama waffe: [15] n'okusaba kw'okukkiriza kulirokola omulwadde, ne Mukama waffe alimuyimusa: era oba nga yakola ebibi birimuggibwako."*

6. Soma Matayo 10:7 Yesu bwe yatuma abayigirizwa be, kiki kye yabagamba okwogera?

   **Matayo 10:7** – *"Bwe mubanga mutambula mubuulirenga nga mugamba nti Obwakabaka obw'omu ggulu bunaatera okutuuka."*

7. Soma Matayo 10:8. Kiki kye yabagamba okukola?

   **Matayo 10:8** – *"Muwonyenga abalwadde, muzuukizenga abafu, mulongoosenga abagenge, mugobenga dayimooni: mwaweebwa buwa, nammwe muwenga buwa."*

8. Soma Makko 16:15. Yesu abayigirizwa be yabagamba kukola ki?

   **Makko 16:15** – *"N'abagamba nti Mugende mu nsi zonna, mubuulire enjiri eri ebitonde byonna."*

9. Soma Makko 16:16. Eri abo abakkiriza Enjiri balikola ki?

   **Makko 16:16** – *"Akkiriza n'abatizibwa, alirokoka, naye atakkiriza omusango gulimusinga."*

10. Soma Makko 16:17. Bubonero ki obuligoberera abakkiriza?

    **Makko 16:17** – *"Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya."*

11. Soma Makko 16:18. Bubonero ki obulala obugoberera abakkiriza?

    **Makko 16:18** – *"Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna eky'obutwa tekiibakolengako kabi, era banassanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya."*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Matayo 8:16-17. Yesu yawonya abantu bameka?
   **Bonna abajjanga gy'ali.**

2. Soma Isaaya 53:3-5. Kika kya kuwonyezebwa kwa ngeri ki ennyiriri zino kwe zoogerako?
   **Buli kika kya kuwonyezebwa (omuli n'okuwonya omubiri).**

3. Soma Matayo 8:17. Kiki ekyabaawo ku ndwadde zaffe n'obunafu?
   **Yesu yabyetikka.**

4. Soma 1 Peetero 2:24. Bintu ki ebibiri mu lunyiriri luno Yesu bye yatukolera?
   **Yeetikka ebibi byaffe mu mubiri gwe era n'akubibwa emiggo olw'okuwonyezebwa kwaffe.**

5. Soma Yakobo 5:14-15. Ekigambo "okulokolebwa" mu lunyiriri lwe 15, kigambo kya Luyonaani ekiyitibwa sozo, ekivuunulwa "okusumulula, okukuuma, okuwonya, okutereka, okubeera omujjuvu." Kye kigambo kye kimu Bayibuli kyeyogerako "ng'obulokozi." Okusinziira ku nnyiriri zino n'enzivuunula y'Oluyonaani ku kigambo bulokozi, biki ebiri mu bulokozi?
   **Okuwonyezebwa.**

6. Soma Matayo 10:7. Yesu bwe yatuma abayigirizwa kiki kye yabagamba okwogera?
   **Obwakabaka bwa Katonda busembedde.**

7. Soma Matayo 10:8. Kiki kye yabagamba okukola?
   **Muwonye abalwadde, muzuukize abafu, mugobe emizimu.**

8. Soma Makko 16:15. Yesu kiki kye yagamba abayigirizwa okukola?
   **Okugenda mu mawanga gonna babuulire enjiri eri bonna.**

9. Soma Makko 16:16. Abo abakkiriza Enjiri balikola ki?
   **Balikkiriza era ne babatizibwa.**

10. Soma Makko 16:17. Bubonero ki obuligoberera abakkiriza?
    **Baligoba emizimu ne boogera n'ennimi empya.**

11. Soma Makko 16:18. Bubonero ki obulala obugoberera abakkiriza?
    **Okussa emikono ku balwadde okubawonya.**

## ESSOMO 8

# EBIZIYIZA OKUWONYEZEBWA

### Omusomesa: Andrew Wommack

Mu kuyiga kwe twabaddemu, nnagambye nti kituufu nti kwagala kwa Katonda okuwonya endwadde, nti era n'okuwonya kitundu ku mutango Yesu gwe yasasulira. Ebisingawo bingi nnyo ebiyinza okwogerwa, kubanga ne bw'okikkiriza era ng'okirabye mu byawandiikibwa, oyinza okwebuuza nti, "Obanga nga kwagala kwa Katonda okutuwonya, lwaki buli omu tawonyezebwa? N'ebibuuzo ebirala. Waliwo ensonga nnyingi, naye bye mmanyi mbiyita ku ngulu, kubanga bingi sisobola kubiyingiramu wano. Naye njagala kwogera ku nsonga lwaki abantu tebawonyezebwa, ate nga kwagala kwa Katonda okuwonya. Emu ku nsonga ezo, bwe butamanya. Tosobola kutambulira mu ky'otomanyi, oba ky'otategeera, era ekyo kyambaako mu bulamu bwange.

Nnali natendekebwa okukkiriza nti okwagala kwa Katonda kwetuukiriza kwokka nti era nnali sirina buyinza, amaanyi, oba okubaako ne kye nkolawo ku nsonga eyo. Kale okuyita mu butamanya bwange ebintu ebibi bingi ebyabaawo. Taata wange yafa nga ndi wa myaka kkumi n'ebiri era abantu babiri oba basatu baafiira ngalo zange we nnawereza emyaka abiri mu gumu. Bonna nnali mbasabira okuwonyezebwa, naye okuwonyezebwa saakulaba, si lwakubanga Katonda ye yali tayagala bawonyezebwe, naye olw'obutamanya obwali ku ludda lwange. Obutamanya y'ensonga lwaki ebintu bibaawo, naye ekyo si kya kwekwasa. Kiringa etteeka lya gulavite (gravity), omuntu ayinza kugamba nti, "Wewaawo, ssaakitegedde nti singa ntambula ne mbuuka okuva waggulu ku mwaliiro ogw'ekkumi ku kizimbe nti kyabadde kigenda kunzita". Amaanyi g'etteeka eryo okukukolako mu ngeri embi teweetaaga kusooka kugategeera. Ezimu ku nnono Katonda mw'akolera abantu tebazimanyi. Tebamanyi nkola Ye ey'okuwonya bw'ekola, kale obutamanya buli mu kutta bangi.

Ekirala ekisobola okutuziyiza okufuna okuwonyezebwa, kye kibi. Ekyo abantu kibakanga nnyo bw'oyogera bw'otyo, olw'endowooza egamba nti endwadde zonna ziviira ku bibi byaffe, ekintu ekitali kituufu. Ekyo si kye ŋ̇amba. Mu Yokaana 9, waliwo ekyaliwo Yesu bwe yali ava mu kkuŋŋaaniro. Abayigirizwa be, baasonga ku musajja eyali yazaalibwa nga muzibe, ne bamubuuza mu lunyiriri lwo 2 nti, "Omuyigiriza, ani yayonoona, musajja ono, oba bakadde be, ye okuzaalibwa nga muzibe? Mu ngeri endala baali bagezaako okukwataganya endwadde ye ku kibi, nga babuuza ekyamuviirako obuzibe, kyali kibi kye, oba kya bakadde be? Yesu yabaddamu nti ku bonna tekuli yayonoona. Ekyo nga kitegeeza nti omusajja ono ne bakadde be, tebaaliko kibi kibavunaanwa ekyamuviirako okuba omuzibe. Tekiba kituufu kugamba nti endwadde zonna zikwatagana na kibi, naye ate era tekiba kituufu kugamba nti ekibi si kye kimu ku nsonga eziviirako endwadde.

Mu Yokaana 5, waliwo ekyaliwo Yesu bwe yali ku kidiba ky'e Besisaida, n'awonya omusajja mu ngeri ey'ekyamagero. Waaliwo abantu bangi mu kifo ekyo, naye omuntu omu yekka ye yawonyezebwa. Mu maaso mu ssuula eyo, walaga nti omusajja oyo yali tamanyi ani yamuwonya. Abafalisaayo bwe bamubuuza mu lunyiriri olwe12 nti, "Yabadde musajja ki eyakugambye

nti, weetikke ekitanda kyo ogende?" Ennyiriri 13-14 zeeyongerayo nti, "Kyokka omusajja eyawonyezebwa yali tamumanyi, kubanga Yesu yali abulidde mu bantu abangi abaali mu kifo ekyo. Oluvannyuma lw'ebyo Yesu n'amulaba mu Yeekaalu, n'amugamba nti, "Kaakano oli mulamu, naye toddangamu okwonoona, akabi akasingawo kaleme okukutuukako." Wano wennyini Yesu we yamugambira nti ekibi kyali kiyinza okumuviirako ekibi ennyo okusinga n'okugongobala kwe. Ekiviirako endwadde yakisiba ku kibi. Wabula ate nga yali agambye mu Yokaana 9 nti tekyali kibi kya muntu yenna omusajja oyo okuzaalibwa nga muzibe.

Ebintu ebimu bimala gabaawo mu ngeri ya butonde, naye waliwo ebiseera ebimu endwadde, ennyimbe, oba ebizibu ebirala, lwe biyinza okuviira ddala mu kibi. Ne mu mbeera bwe zityo, tekitegeeza nti Katonda y'abitukola. Eky'okulabirako, omuntu ayinza okuba omuli w'ebisiyaga, ekikontana n'obutonde. Omubiri tegwatondebwa kukola bwe gutyo. Endwadde z'obukaba zimukwata okuva mu nneeyisa eyo. Katonda si ye muleesi w'endwadde ezo – kino kiviira ku butonde bwe obuba bujeemye kubanga tebwatondebwa kubeera bwe butyo. Okugeza singa ogenda n'olya emmere gy'otalina kulya, omubiri gwo guyinza okugigaana, ekyo Katonda si y'abeera akireese. Mu mbeera eno okukugirwa obutonde kwe kubeera kufuga. Naye ng'eky'ekibi okuba emu ku nsonga lwaki abantu tebawonyezebwa, nakyo kituufu.

Bwe wabaawo ekibi ky'omanyi mu bulamu bwo, kyokka ng'okkiriza Katonda okukuwonya, olina okukireka, kubanga olwaakyo obeera owa Setaani omwagaanya omunene okulemesa Katonda ky'ayagala okukola mu bulamu bwo. Abaruumi 6:16 wagamba nti, "Temumanyi nga muba baddu b'oyo gwe muwulira? Muyinza okuba abaddu b'ekibi ne kibaleetera okufa, oba muyinza okuba abaddu abawulira Katonda n'abawa obutuukirivu." Ekyo tekitegeeza nti Setaani afuuka mukama wo n'otuuka n'okufiirwa obulokozi bwo, era n'ogenda mu ggeyeena. Naye kitegeeza nti wadde oli mukkiriza oba nga toli – bw'obeera mu kibi – obeera owa Setaani omwagaanya okukolera mu bulamu bwo. Yokaana 10:10 agamba nti omubbi tajja lwa kigendererwa kirala kyonna okuggyako okubba, okutta, n'okuzikiriza, naye Yesu yajja kukuwa bulamu. Kale tulina Yesu agezaako okuleeta obulamu bwe mu ggwe, naye tulina ne Setaani agezaako okukulwaza. Okutambulira mu kibi, oba weewaayo eri Setaani, era ng'obeera omuwa maanyi na mwagaanya mu bulamu bwo. Osobola okufuba okusaba Katonda okuwonye, naye ng'eno ebikolwa byo biggulira Setaani kuyingira, na kuleeta ndwadde. N'olwekyo, bw'oba otambulira mu kibi, olina okukikomya.

Ka ngatteko nti oyinza okutuuka n'okwekkiriranya n'embeera n'otuuka n'okugamba nti "Naye era nze bulijjo ssisuubirwa kusinga wano," olwo n'otuuka ku daala nga wadde okkiriza nti Katonda asobola okuwonya, ng'okkiriza nti talina kukuwonya kubanga tokisaanira. Ekyo nakyo kikyamu. Teri Katonda gw'awonya lwa kusaanira. Katonda talinaayo muntu yenna agwanira kumuweereza, kale toteekwa kwesigamya kukola kwa Katonda mu bulamu bwo ku ngeri gye weeyisaamu, oba ku butukuvu bwo. Kiteekwa kuba nga kyesigamye ku Yesu kye yakukolera n'okukkiriza kwo mu ye. Mu kiseera kye kimu, bw'otassa mwoyo ku bikolwa byo, ne weewaayo eri Setaani, tayinza butakulemesa. Bw'oneenenya, n'ova mu by'okola ekiyinza okuwa Setaani ekkubo okuyingira mu bulamu bwo, wajjanga kubeerawo okuwonyezebwa amangu, ate mu maanyi.

Ekirala ekikwata ku kuwonyezebwa abantu abamu kye batafaako nti kiyinza okubalemesa, z'endowooza z'abatu embi n'obutakkiriza bwabwe. Eky'okulabirako ekisinga ku nsonga eno, kiri mu Makko 6 Yesu bwe yali mu kibuga ky'ewaabwe abantu ne batamussaamu kitiibwa kubanga baali bazzenga bamulaba okuva mu buto bwe. Baali bamanyi kitaawe ne nnyina, baganda be ne bannyina, ne batamusaamu kitiibwa ng'abantu abamu bwe bakola. Baamugolokokerako ne bamukolokota mu Makko 6: 4 -6, "Yesu n'abagamba nti, "Nnabbi aweebwa ekitiibwa buli wantu okuggyako mu nsi y'ewaabwe ne mu bantu be ne mu maka ge waabwe." Naye teyakolerayo byamagero bingi okuggyako abalwadde abatonotono be yakwatako n'abawonya. N'awuniikirira nnyo okulaba nga tebamukkirizza. Awo n'agenda ng'ayigiriza mu byalo ebiriraanyeewo." Tekitegeeza nti Yesu talina kyamagero kye yakolerayo, wabula teyasobola kukolerayo byamagero bya maanyi. Yesu, Omwana wa Katonda ataliiko kibi eyajja ku nsi ng'omuntu, ataalina kizibu kyonna mu kukkiriza kwe, era nga tewaali mwagaanya gwa kibi gwonna gwe yali awa Setaani ayingire mu bulamu bwe. Naye wadde kyali bwe kityo, yalina ekkomo ku biki bye yali ayinza okubakolera olw'obutakkiriza bwabwe. Kino okikwanaganya ne Matayo 13: 58, ewagamba nti, "Teyayinza kukolayo mirimu gy'amaanyi olw'obutakkiriza bwabwe." Era tulaba nga ne Yesu ataaliko kimulemesa, wadde ekibi mu ye ekyali kiyinza okuwa Setaani ekkubo mu bulamu bwe, yalina ekkomo ku biki bye yayinza okukola olw'abantu abaali bamwetoolodde.

Kikulu nnyo okutegeera kye ŋŋamba nti kwagala kwa Katonda okuwonya buli omu obudde bwonna. Wadde nga bwe kiri bwe kityo, tolumba malwaliro kugezaako kuwonya buli mulwadde mbu olw'okuba okkiriza nti kwagala kwa Katonda okubawonya. Kwagala kwa Katonda okubawonya bonna, naye tagenda kubawonya nga bonna tebaagala. Katonda assaamu ekitiibwa eddembe lyo ery'okusigala ng'oli mulwadde, era ddembe lyo obutawonyezebwa. Tewali n'omu ayinza kukukaka kuwonyezebwa – toyinza kuwonyezebwa ku lw'okukkiriza kw'omulala. Okukkiriza kw'omulala kuyinza okukuyamba bw'oba ng'okyalafuubana, naye tayinza kukikukolera. Emmotoka bw'eba nga teriimu ggiya osobola okugisindika, naye toyinza kusindika mmotoka eyimiridde nga nyiniyo agisibye, oba ng'erimu ggiya. Omuntu bw'aba nga takkiririza mu bya kuwonyezebwa okw'ekyamagero, toyinza kumuwonya. Olw'ensonga eyo, tosobola kukaliza ddwaaliro oba kusabira balwadde mu lukuŋŋaana lw'okuwonyezebwa ne bawona bonna, nga tebakwataganye naawe.

Waliwo bingi nnyo ebiyinza okwogerwa ku nsonga eno. Yesu yawonyanga abantu, n'okuzuukizanga abafu. Lumu yagamba maama w'omwana omufu nti, "Ssirika tokaaba", n'alyoka azuukiza omwana we. Okukkiriza kw'omuntu kulina okubaako we kukozesebwa. Walina okubaawo okukkiriza ku ludda lwaffe, ate era waliwo n'ebirala bingi nnyo mu nsonga y'okuwonyezebwa. Njogeddeko bitonotono wano olwaleero, nsuubira nga bijja kukuyamba, naye ekikulu ky'olina okuggyamu, kye ky'okuba nti Katonda mwesigwa. Kwagala kwe gy'oli okuwonyezebwa, naye olina okuyiga engeri gy'okolaganamu naye. Tayinza kukikukolera. Alina kukikola ng'ayita mu ggwe. Kiggya kuva munda mu ggwe.

Kwe kusaba kwange ebigambo bino bikuyambe okutandika okwewaayo gwe kennyini, okkirize amaanyi ga Katonda okuyita mu ggwe, otambulirenga mu bulamu bwe obw'ekyamagero.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa.

1. Soma Matayo 8:17. Yesu yakola ki okutufunira okuwonyezebwa?

   **Matayo 8:17 –** *"Bwe kityo ekigambo ekyayogerwa mu nnabbi Isaaya ne kituukirira bwe yagamba nti: "Yatuwonya endwadde zaffe, era n'atwala obunafu bwaffe."*

2. Soma Koseya 4:6. Abantu abamu tebawonyezebwa:

   A. Lwa butamanya.
   B. Kubanga tebagenda mu kkanisa
   C. Olw'okuba si balungi kimala.

   **Koseya 4:6 –** *"Abantu bange bazikiridde olw'obutamanya."Kye munaava mulema okubeera bakabona bange; era olw'okulagajjalira etteeka lya Katonda wo, nange kyendiva ndagajjalira abaana bo."*

3. Soma Yokaana 9:1-3. Kiki abayigirizwa kye baalowooza nti kye kyaviirako omusajja oyo okuziba amaaso? Endowooza yabwe yali ntuufu?

   **Yokaana 9:1-3** – *"Awo Yesu bwe yali ng'atambula, n'alaba omusajja eyazaalibwa nga muzibe w'amaaso. [2] Abayigirizwa be ne bamubuuza nti, "Labbi, ani eyayonoona, ono oba bazadde be alyoke azaalibwe nga muzibe w'amaaso?" [3] Yesu n'addamu nti, "Ku bonna omusajja ono newaakubadde bazadde be tekuliiko yayonoona, wabula kino kyabaawo emirimu gya Katonda girabikire ku ye."*

4. Soma Yokaana 5:14. Ekibi kiggulira endwadde oluggi, naye si buli kiseera. Ng'oggyeeko endwadde kiki ekirala ekibi kye kiyinza okukola mu bulamu bw'omuntu?

   **Yokaana 5:14 –** *"Naye buli anywa ku mazzi nze ge ndimuwa, talirumwa nnyonta emirembe gyonna era galifuuka mu ye ensulo etekalira, ne gakulukuta okutuuka ku bulamu obutaggwaawo."*

5. Soma Baruumi 5:12-14 (Mu Living Bible bwe kiba kisoboka). Oba ng'ekibi si kye kiviirako endwadde buli kiseera, kiki ekirala ekiyinza okuba nga kwe ziviira?

   **Abaruumi 5:12-14** – *"Ekibi kyajja mu nsi olw'omuntu omu, ne kireeta okufa mu nsi. Mu ngeri y'emu olw'okuba nga bonna baayonoona, bonna balifa. [13] Ekibi kyaliwo mu nsi ng'amateeka tegannabaawo. Kyokka Katonda teyagamba nti be balina okuvunaanyizibwa olw'ebibi byabwe, kubanga Amateeka gaali tegannabeerawo. [14] Kyokka okufa kwali kukyafuga okuva ku Adamu okutuusa ku Musa, nga kutwaliramu n'abo abataayonoona mu ngeri Adamu gye yayonoonamu. Mu ngeri endala, Adamu ali mu kifaananyi kya Kristo eyajja oluvannyuma."* (Living Bible)

6. Soma Ebikolwa 10:38. Okusinziira mu Bikolwa 10:38, endwadde zisobola kuleetebwa ki?

   **Ebikolwa 10:38** – *"Era mumanyi bulungi Yesu Omunnazaaleesi nga Katonda bwe yamufukako amafuta ne Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi, eyatambula ng'agenda akola ebirungi, ng'awonya abaanyigirizibwanga Setaani, kubanga Katonda yali naye."*

7. Soma Matayo 13:58. Kiki ekiyinza okukulemesa okuwonyezebwa?

   **Matayo 13:58** – *"Era eyo yakolerayo ebyamagero bitono olw'obutakkiriza bwabwe."*

8. Soma Yakobo 5:15. Kiki ekinaawonya omulwadde?

   **Yakobo 5:15 –** *"Era okusaba kwabwe nga kuweereddwayo n'okukkiriza, kugenda kumuwonya, kubanga Mukama awonya. Singa obulwadde bwe bwava ku kibi kye yakola, Mukama agenda kumusonyiwa."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Matayo 8:17. Yesu yakola ki okutusobozesa okuwonyezebwa?
   **Yatwala obunafu bwaffe, n'atwala endwadde zaffe.**

2. Soma Koseya 4:6. Abantu abamu tebawonyezebwa kubanga:
   **A. Olw'obutamanya.**

3. Soma Yokaana 9: 1-3. Kiki abayigirizwa kye baalowooza nti kye kyaviirako omusajja oyo okuziba amaaso?
   **Ekibi.**
   Endowooza yabwe yali ntuufu?
   **Nedda.**

4. Soma Yokaana 5:14. Ekibi kiggulira endwadde oluggi, naye si buli kiseera. Ng'oggyeeko endwadde, kiki ekirala ekibi kye kiyinza okuleeta mu bulamu bw'omuntu?
   **Kireeta ebirala bingi nnyo ebisinga n'endwadde, n'okufa (Abaruumi 6: 23).**

5. Soma Baruumi 5: 12- 14 (Mu Living Bible bwe kiba kisoboka). Ekibi bwe kiba nga si kye kiviirako endwadde buli kiseera, kiki ekirala ekiyinza okuba nga kwe ziviira?
   **Okugwa (Lubereberye 3). Adamu okuyita mu kwonoona kwe yaleeta n'endwadde mu lulyo lw'abantu.**

6. Soma Ebikolwa 10:38. Okusinziira mu Bikolwa 10:38, endwadde zisobola kuleetebwa ki?
   **Okunyigirizibwa emizimu.**

7. Soma Matayo 13:58. Kiki ekiyinza okukulemesa okuwonyezebwa?
   **Obutakkiriza.**

8. Soma Yakob 5:15. Kiki ekiwonya omulwadde?
   **Essaala ey'okukkiriza.**

# ESSOMO 9

# OKUSONYIWA ABALALA

## Omusomesa: Don Krow

Olwaleero tugenda kuyiga ku kusonyiwa okwogerwako mu Matayo 18:21-22: *"Awo Peetero n'ajja n'abuuza Yesu nti, 'Mukama wange, muganda wange bw'ansobyanga musonyiwanga emirundi emeka? Emirundi musanvu?' [22] Yesu n'amuddamu nti, 'Sikugamba nti emirundi musanvu naye emirundi nsanvu emirundi musanvu."'* Ndowooza Peetero yalowooza nti ajja kulaga nti wa kisa ng'abuuza obanga emirundi musanvu olunaku tegimala okusonyiwa omuntu amusobezza. Yesu n'amuddamu nti, "Peetero, si musanvu gyokka, naye nsanvu emirundi musanvu" Egyo gye mirundi 490, naye tekitegeeza nti oluvannyuma lw'egyo e 490 toddamu kusonyiwa. Naye tekisoboka muntu kusobya mulala mirundi egyo gyonna Yesu gye yayogerako mu lunaku. Wabula yali ategeeza nti okusonyiwa tekulina kukoma, naye kulina kugendanga mu maaso olubeerera. Okusonyiwa y'eteekeddwa okuba endowooza y'Omukristaayo. Yesu yagamba mu Lukka 23:34 nti, *"Kitange basonyiwe; kubanga tebamanyi kye bakola."* Era ne Suteefano omujulizi mu Bikolwa 7:60 yagamba nti, *"Tobabalira kibi kino."* Abantu abamu okusonyiyibwa bayinza obutakitwala nga kikulu, naye nga yo endowooza y'Omukristaayo, bulijjo erina kuba ng'etambulira mu kusonyiwa.

Yesu agera olugero ku kusonyiwa bwe yeeyongerayo mu lunyiriri olwa 23, "*Awo Yesu n'agamba nti, "Obwakabaka obw'omu ggulu bufaananyizibwa nga kabaka eyayagala okubala ebitabo bye eby'ensimbi, n'abaddu be. Bwe yatandika okubikebera ne bamuleetera gw'abanja ettalanta omutwalo gumu. [25] Naye olw'okuba ng'omusajja teyalina nsimbi za kusasula bbanja eryo, mukama we kyeyava alagira batunde omusajja oyo ne mukazi we n'abaana be n'ebintu bye byonna ebbanja liggwe. [26] "Naye omuddu oyo n'agwa wansi mu maaso ga mukama we, n'amwegayirira nti, 'Ngumiikiriza, nzija kukusasula ebbanja lyonna.'"* Kiri nga leero omuntu okubeera n'ebbanja lya mukama we lya bukadde kkumi obwa 'ddoola'. Nga tewali ngeri yonna gy'ayinza kulisasula – akimanyi tasobola, ne mukama we akimanyi. Mu biro ebyo walinga tosobola kulangirira nti ofuuse mwavu lunkupe nga bwe kiri leero mu Amerika. Era baakutundanga butuunzi, ne mukyala wo, n'abaana bo, na buli ky'olina, n'ofuuka muddu. Oba ng'osibwa mu kkomera okutuusa ng'osasudde ebbanja lyonna, naye bwe lyakulemanga, ng'osigala mu kkomera obulamu bwo bwonna. Omusajja ono yakola ekintu kimu kye yali amanyi okukola, yafukamira n'asaba okusaasirwa, ng'agamba nti, "Ayi Mukama wange, ŋumiikirizaako! Bambi, nkusaba, nja kusasula byonna, ŋumiikiriza!" Laba ekyaliwo mu lunyiriri lwa 27. Lugamba nti Mukama we n'amukwatirwa ekisa, n'amusonyiwa ebbanja lye.

Twalina ebbanja lye twali tetusobola kusasula. Bayibuli egamba mu (Baruumi 6:23) nti empeera y'ekibi kwe kufa, nga kwe kwawukana ne Katonda emirembe n'emirembe, era nga ffeeza ne zaabu yenna ali mu nsi yali tasobola kutununula. Katonda mu kusaasira kwe okungi

n'ekisa kye, kye yava atuma Omwana we Yesu Kristo ku nsi, okusasula ebbanja lye twali tetusobola kusasula. Katonda yatusaasira, n'atukwatirwa ekisa. N'atugamba nti, "Ebbanja eryo ndibasonyiye."

Omusajja eyali yakasonyiyibwa obukadde bwa 'ddoola' ekkumi, yalina muddu munne gwe yali abanja 'ddoola' ng'abiri, gwe yandibadde agamba nti, "Bansonyiye ebbanja lya bukadde bwa 'ddoola' kkumi, kaakati olwo 'ddoola' abiri ze nkubanja kye ki ? Sente zireke, tofaayo. Njagala naawe obeere wa ddembe nga nze bwe ndi! Zeerabire, tewali ttabu, kubanga nange nsonyiyiddwa." Naye si bwe kyali. Ka tusome ekyaliwo ddala mu nnyiriri 28-31. *"Omuddu oyo bwe yafuluma n'asanga munne gwe yali abanja eddinaali kikumi, n'amugwa mu bulago nga bw'amugamba nti, 'Ssasula kye nkubanja.' [29] "Naye munne n'agwa wansi, n'amwegayirira ng'agamba nti, 'Ngumiikiriza, nnaakusasula.' [30] "Naye amubanja n'agaana okumuwuliriza, n'amuteeka mu kkomera akuumirwe omwo okutuusa lw'alisasula ebbanja lyonna. [31] Awo baddu banne bwe baakiraba ne banakuwala nnyo, ne bagenda bategeeza Mukama we ebigambo bye balabye."* Mukama we namuggalira mu kkomera olw'obutasonyiwa munne 'ddoola' abiri, teebeereza!

Mu nnyiriri 32 - 34 wagamba, *"Awo Mukama we n'atumya omuddu gwe yali asonyiye n'amugamba nti, 'Oli muddu mubi nnyo. Nakusonyiye ebbanja eryo lyonna, kubanga wanneegayiridde, [33] naye ggwe kyali tekikugwanira kusaasira muddu munno nga nange bwe nakusaasidde?' [34] Mukama we kyeyava asunguwala nnyo, n'amukwasa abaserikale bamusse mu kkomera okutuusa lw'alisasula ebbanja lyonna."* Omusajja oyo yasibwa mu kkomera olw'engeri gye yali ayisizzaamu muddu munne, bw'atyo n'afiirwa ekisonyiwo. Yesu n'ayogera mu lunyiriri olwa 35, *"Kale ne Kitange ali mu ggulu bw'atyo bw'alibakola singa mmwe abooluganda temusonyiwa okuva mu mitima gyammwe."* Si kya bubuyabuya okugaana okusonyiwa abalala kyokka nga ffe twasonyiyirwa ddala ekibi kyaffe ng'empeera y'akyo kufa n'okwawukana ku Katonda emirembe n'emirembe? Twegayirira Katonda atusonyiwe era atusaasire okuyita mu Yesu Kristo, era ne tusonyiyibwa ebibi byaffe byonna, kyokka ne tugaana okusonyiwa atukoze akantu akatono nga tukalaga nti kinene nnyo. Katonda agamba nti obwo bubeera bubuyabuya.

Nasumbako ekkanisa mu myaka gy'emabegako, omwali omuwala abikkulirwa ebigenda okubaawo. Lumu yambuuza obanga nange Omwoyo Omutukuvu ambikkulira eby'omu biseera eby'omu maaso? Mbu mmanya abanaatera okufa, abagenda okugwa ku bubenje n'ebiri ng'ebyo? Ne mmugamba nga bwe ssikiriza nti oyo yali Mwoyo Mutukuvu, wabula mwoyo gwa bufumu ogufaanana ng'ogwaloondoolanga Pawulo mu Bikolwa 16. Yagulagira guve ku muwala era n'agugoba, omuwala n'aba nga takyasobola kumanya binaabeerawo. Era ne mmugamba nti siri Katonda, naye abuuze Yesu obanga Mwoyo Mutukuvu yaamubuulira ebinaabeerawo, ne bwe yali nga tannalokoka, oba kintu kirala? Oluvannyuma yakomawo n'aŋŋamba nti, "Nayogedde ne Mukama ku nsonga eyo, era ndowooza ndi ku kituufu." Ne mmugamba nti, "Buli Mukama ky'agamba kibeera kituufu – si nze Musumba Omukulu."

Ekyo kyaaliwo ku ntandikwa ya 1986, naye omanyi ekyaliwo mu mwaka ogwo? Ekizungirizi "Challenger", kyagenda mu bwengula n'abantu munaana. Omu kubo yali

mukyala musomesa. Omuwala ono bwe yali ng'alaba ttivi, yawulira omukyala oyo ng'ayogera ku lugendo olwo ng'agamba nti, "Enkya ŋŋendera mu Challenger mu bwengula." Awo omwoyo guli ne gumugamba nti, "Oyo agenda kufa, agenda kufa." Era enkeera ekizungirizi Challenger bwe baakisindika mu bbanga, kyayabika kyonna ng'ensi yonna eraba, n'abaakiriko bonna ne basaanawo. Omuwala oli n'anzirira, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Don, ndowooza ekyogera nange nga kimbuulira ebinaabaawo, alabika si ye Mwoyo Mutukuvu. Nsaba kunsabira?" Olukuŋŋaana bwe lwaggwa ng'abalala bonna bagenze, ne mmukwata ku mukono ne ŋŋamba nti, "Mwoyo ggwe omubi ogw'obulaguzi muveeko!" Tewali kyabaawo. Ne nzijukira abayigirizwa ba Yesu bwe baagezaako okugoba omwoyo omubi ku mulenzi omulundi gumu ne batasobola, Yesu n'abagamba nti, "Mumundeetere." Ne ndyoka ŋŋamba nti, "Mukama mbadde ndowooza nti mmanyi ekiri ku mukazi ono, naye kati mmuleeta gy'oli, otulage ekigenda mu maaso." Mukyala wange yali asaba naffe, Mukama n'amubikkulira. N'agamba nti, "Kino kyekuusa ku nnyina." Awo ne ŋŋamba omukazi oyo nti, "Oyinza okusonyiwa maama wo?" Olwayogera ekyo, omuwala n'aleekaanira waggulu nti, "NEDDA! Yangaba!" Awo ne njogera nti, "Nkusiba mwoyo ggwe omubi!" Era ne nziramu ne mmubuuza obanga ayinza okusonyiwa nnyina. Oluvannyuma lw'ekyo n'asonyiwa nnyina olw'ekisa kya Katonda. N'asalawo okusonyiwa, bw'atyo yasobola okusumulula nnyina olw'ekyo kye yali asibidde ku mutima, olwo naye n'asumululwa, era n'afuna eddembe.

Nga Yesu bwe yagamba mu lugero lw'omu Matayo 18 nti bwe tutasonyiwa okuva mu mitima gyaffe, ate nga Kitaffe ali mu ggulu yatusonyiwa ebbanja eddene, naffe tugenda kukwasibwa abambowa. Abambowa be baki? Basobola okuba ebintu ebya buli ngeri, ebigo eby'emizimu, okunyigirizibwa, endwadde, okubulwa emirembe, n'ebirala bingi. Omulandira, butasonyiwa, kubanga obutasonyiyibwa ate nga ffe twasonyiyibwa kiwa Setaani ebbanga mu bulamu bwaffe. Bayibuli egamba nti tulina okusalawo okusonyiwa. Mu ssaala ya Mukama waffe (Matayo 6:9-11), Yesu yatugamba okusonyiwa nga naffe bwe twasonyiyibwa.

Makko 11:25-26 wagamba nti bwe tuba tusaba, naye nga tulina ensonga yonna ku muntu, tulina okumusonyiwa. Ekyo kitegeeza ki? Obutasonyiwa kirina kumala bbanga ki mu mitima gyaffe? Ebbanga lye tumala nga tetunnagenda eri Mukama okusaba. Era bwe tubaamu n'akantu konna ak'obutasonyiwa eri omuntu yenna, tuteekwa okubasumulula ne tugamba nti, "Mukama olwaleero ka mbate. Mbasonyiwa. Nkisazzeewo kubanga nange wansonyiwa ebbanja eryali eddene ennyo."

Mukama, nsabira buli asoma okuyigiriza kuno ng'alina obutasonyiwa mu bulamu bwe, asalewo akaseera kano kennyini okuta omuntu oyo, ng'amusonyiwa, oba mulamu, oba mufu. Mbasabira ekyo ekyabakosa mu mutima bakite, emitima gyabwe giwone olw'amaanyi go n'ekisa kyo olwaleero Mukama. Nkwebaza mu linnya erya Yesu. Amiina.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Matayo 18:21. Peetero yagamba nti okusonyiwa omuntu alina kukikola emirundi emeka?

   **Matayo 18:21 –** *"Awo Peetero n'ajja n'abuuza Yesu nti, "Mukama wange, muganda wange bw'ansobyanga musonyiwanga emirundi emeka? Emirundi musanvu?"*

2. Soma Matayo 18:22. Yesu yatugamba okusonyiwa emirundi emeka?

   **Matayo 18:22 –** *"Yesu n'amuddamu nti, 'Sikugamba nti emirundi musanvu naye emirundi nsanvu emirundi musanvu.' "*

3. Soma Matayo 18:23-24. Omuddu ono yali abanjibwa Mukama we ssente mmeka?

   **Matayo 18:23-24 –** *"Awo Yesu n'agamba nti, 'Obwakabaka obw'omu ggulu bufaananyizibwa nga kabaka eyayagala okubala ebitabo bye eby'ensimbi, n'abaddu be. [24] Bwe yatandika okubikebera ne bamuleetera gw'abanja ettalanta omutwalo gumu.' "*

4. Soma Matayo 18:25. Olw'okuba omuddu oyo yali tasobola kwerangirira nti afuuse mwavu lunkupe, kiki ekyali kigenda okuddirira?

   **Matayo 18:25 –** *"Naye olw'okuba ng'omusajja teyalina nsimbi za kusasula bbanja eryo, Mukama we kyeyava alagira batunde omusajja oyo ne mukazi we n'abaana be n'ebintu bye byonna ebbanja liggwe."*

5. Soma Matayo 18:26. Omuddu yasaba ki?Yaalisobodde okusasula ebbanja?

   **Matayo 18:26 –** *"Naye omuddu oyo n'agwa wansi mu maaso ga Mukama we, n'amwegayirira nti, 'ŋŋumiikiriza, nzija kukusasula ebbanja lyonna."*

6. Soma Matayo 18:27. Mutima ki mukama w'omuddu gwe yamulaga ?Mutima ki Katonda gwe yatulaga ku bbanja lyaffe (okwonoona)?

   **Matayo 18:27 –** *"Mukama we n'asaasira omuddu oyo n'amusonyiwa ebbanja lyonna!"*

7. Soma Matayo 18:28. Omuddu eyali asonyiyiddwa, yali abanja muddu munne kyenkana ki?

   **Matayo 18:28 –** *"Omuddu oyo bwe yafuluma n'asanga munne gwe yali abanja eddinaali kikumi, n'amugwa mu bulago nga bw'amugamba nti, 'Ssasula kye nkubanja.' "*

8. Soma Matayo 18:28. Omuddu oyo mutima ki gwe yalaga muddu munne?

9. Soma Matayo. 18:29 -30. Omuddu oyo kiki kye yakola munne?

   **Matayo 18:29-30 –** *"[29] Naye munne n'agwa wansi, n'amwegayirira ng'agamba nti, 'ŋŋumiikiriza, nnaakusasula.' [30] 'Naye amubanja n'agaana okumuwuliriza, n'amuteeka mu kkomera akuumirwe omwo okutuusa lw'alisasula ebbanja lyonna.' "*

10. Soma Matayo 18:31-33. Omuddu eyagaana okusonyiwa munne mukama waabwe yamuyita atya?

    **Matayo 18:31-33 –** *"Awo baddu banne bwe baakiraba ne banakuwala nnyo, ne bagenda bategeeza Mukama we ebigambo bye balabye. [32] "Awo Mukama we n'atumya omuddu gwe yali asonyiye n'amugamba nti, 'Oli muddu mubi nnyo. Nakusonyiye ebbanja eryo lyonna, kubanga wanneegayiridde, [33] naye ggwe kyali tekikugwanira kusaasira muddu munno nga nange bwe nakusaasidde?' "*

11. Soma Matayo 18:33. Mukama waabwe kiki kye yagamba omuddu oyo kye yaalikoze?

12. Soma Matayo 18:34. Mukama waabwe bwe yazuula ekyali kibaddewo kyamuyisa kitya mu ye?

    **Matayo 18:34** – *"Mukama we kyeyava asunguwala nnyo, n'amukwasa abaserikale bamusse mu kkomera okutuusa lw'alisasula ebbanja lyonna."*

13. Soma Matayo 18:34. Omuddu eyagaana okusonyiwa munne, ebikolwa bye (oba okusalawo kwe) kw'asazisaamu okusonyiyibwa kwe yali asonyiyiddwa mu kusooka?

14. Soma Matayo 18:35. Olugero luno lwogera ku nsonga ki?

    **Matayo 18:35 –** *"Kale ne Kitange ali mu ggulu bw'atyo bw'alibakola singa mmwe abooluganda temusonyiwa okuva mu mitima gyammwe."*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Matayo 18:21. Peetero yagamba nti okusonyiwa alina kukikola mirundi emeka?
   **Musanvu.**

2. Soma Matayo 18:22. Yesu yatugamba kusonyiwa mirundi emeka?
   **Emirundi 490 (oba obutakoma, tewali kkomo).**

3. Soma Matayo 18:23-24. Omuddu oyo yali abanjibwa Mukama we ssente meka?
   **Omutwalo gwa talanta oba obukadde bwa doola kkumi (omuwendo gwe yali tasobola kusasula).**

4. Soma Matayo 18:25. Soma Matayo 18:25. Olw'okuba ng'omuddu oyo yali tasobola kwerangirira nti afuuse mwavu lunkupe, kiki ekyaali kigenda okuddirira?
   **Ye, mukazi we, abaana be, na buli kyonna kye yalina byali byakutundibwa bawannyondo mu katale k'abaddu okusasula ebbanja.**

5. Soma Matayo 18 :26. Omuddu yasaba ki?
   **Yasaba mukama we amugumiikirize asobole okusasula byonna.**
   Yaalisobodde okusasula ebbanja?
   **Osanga teyalisobodde.**

6. Soma Matayo 18:27. Mutima ki Mukama w'omuddu gwe yamulaga?
   **Ogw'okumulumirirwa n'okumusonyiwa.**
   Mutima ki Katonda gwe yatulaga ku bbanja lyaffe (okwonoona)?
   **Gwa kutulumirirwa n'okutusonyiwa.**

7. Soma Matayo 18:28. Omuddu eyali asonyiyiddwa yali abanja muddu munne kyenkana ki?
   **Omusaala gwa lunaku lumu.**

8. Soma Matayo 18:28. Omuddu ono mutima ki gwe yalaga muddu munne?
   **Mutima gwa butagumiikiriza, gwa fujjo, n'obutasonyiwa.**

9. Soma Matayo 18:29- 30. Omuddu ono kiki kye yakola munne?
   **Yalagira atwalibwe mu kkomera okutuusa ng'asasudde ebbanja lye ettono.**

10. Soma Matayo 18:31-33. Mukama waabwe omuddu eyagaana okusonyiwa munne yamuyita atya?
    **Yamuyita muddu omubi.**

11. Soma Matayo 18:33. Mukama waabwe kiki kye yagamba omuddu oyo kye yaalikoze?
    **Yaalikwatiddwa muddu munne ekisa nga Mukama waabwe bwe yamusaasira. Yaalimusumuludde n'amusonyiwa.**

12. Soma Matayo 18:34. Mukama waabwe bwe yazuula ekyali kibaddewo kya muyisa kitya mu ye?
    **Yasunguwala.**

13. Soma Matayo 18:34. Omuddu eyagaana okusonyiwa munne, ebikolwa bye (oba okusalawo kwe) by'asazisaamu okusonyiyibwa kwe yali afunye mu kusooka?
    **Kituufu.**

14. Soma Matayo 18:35. Olugero luno lwogera ku nsonga ki?
    **"Ekyo kyennyini Kitange ali mu ggulu kyagenda okukola eri buli omu ku mmwe agaana okusonyiwa oyo asaba okusaasira awatali kakwakkulizo"** (Matayo.18:35 The Message).

## ESSOMO 10

# OBUFUMBO (Ekitundu 1)

### Omusomesa: Don Krow

Olwaleero tugenda kuyiga ku bufumbo. Okusookera ddala, njagala nkutegeeze nti amaka 75 ku buli kikumi, baba beetaaga okuweebwa amagezi ku bikwata ku bufumbo. Ku buli migogo ebiri egy'abafumbo, ogumu gugenda kumalira mu kwawukana. Era gumu ku migogo gy'abafumbo amakumi ataano, mubeeramu omu ku bafumbo ataba mwesigwa mu myaka etaano egisooka. N'abaweereza bangi mu Bakristaayo, ng'asatu ku buli kikumi, bagambibwa okwenyigira mu nneeyisa etali nuŋŋamu n'omu ku bakkiriza mu kkanisa zaabwe. Ebibalo ebyo bwe biba nga bituufu, kindabikira nga kyeraga lwaatu nti tetunnategeera nnono za Bayibuli ezikwata ku bufumbo. Tugenda kulaba ensonga y'obufumbo, era tulabe ebimu ku ebyo Katonda by'ayogera ku bwo – n'engeri gy'osobola okunywezaamu obufumbo bwo.

Okusookera ddala, kanjogere kino: Obufumbo Katonda ye yabuteekawo. Olubereberye 2:18 wagamba nti, "Mukama Katonda n'ayogera nti, *"Si kirungi omuntu okuba yekka, nnaamukolera omubeezi amusaanira."* Ne Lubereberye 1:31 wagamba nti, *"Awo Katonda n'alaba byonna by'akoze nga birungi nnyo. Ne buba akawungeezi, ate ne buba enkya, olwo lwe lunaku olwomukaaga."* Jjukira okutonda okwo kwali kutuukiridde. Katonda yajjanga n'assa kimu n'omuntu, era yalina enkolagana ennungi ennyo naye. Buli lunaku yajjanga akawungeezi naanyumyanga ne Adamu. Ebiseera ebimu tugenda ne tulowooza nti bwe tubeera n'enkolagana ennungi ne Katonda, tetugenda kwetaaga kirala kyonna, naye ekyo si kituufu. Ng'ayogera ku byonna bye yatonda, Katonda yagamba mu Lubereberye 1:31 nti, *"Era laba byali birungi nnyo."* Naye ng'ekyasooka "obutaba kirungi" kyali mu Lubereberye 2:18 bwe yagamba nti, *"Si kirungi omusajja okubeera yekka."* Kale obufumbo kyali kirowoozo kya Katonda okukola ku kyetaago ky'omuntu okufuna omubeezi amusaanira, okuvvuunuka ekizibu ky'okubeera mu kiwubaalo ky'obw'omu. Obufumbo bwateekebwawo kuleeta ssanyu so si nnaku, bwe tugoberera endagiriro yaabwo ne tubuteekamu Katonda by'ayagala.

Olubereberye 2:24, Bayibuli weesooka okwogerera ennyo ebikwata ku bufumbo. Egamba nti, *"N'olweekyo omusajja kyanaavanga aleka kitaawe ne nnyina, ne yeegattanga ne mukazi we: era banaafuukanga omubiri gumu."* Obufumbo kwe kuleka enkolagana endala zonna, essira n'oliteeka ku muntu omulala, era Katonda bw'atyo bwe yakiteekateeka. Kiringa enkolagana ey'emirundi esatu. Ka nkikunnyonnyole okitegeere bulungi nti Katonda bwe yakwataganya Adamu ne Eva mu nkolagana y'obufumbo, baafuuka omuntu omu, nga bakolagana ne Katonda mu kigendererwa eky'obumu. Bayibuli egamba mu 1 Peetero 3:7 nti, *"Bwe mutyo, abasajja, mubeerenga n'abakazi bammwe ….n'amagezi; okusaba kwammwe kulemenga okuziyizibwa."* Olubereberye 5:1-2, ekyawandiikibwa ekikulu kigamba nti, *"Kino kye kitabo eky'okuzaalibwa kwa Adamu. Olunaku Katonda lwe yatonderamu omuntu, mu kifaananyi kya Katonda mwe yamukolera; omusajja n'omukazi bwe yabatonda; n'abawa omukisa, n'abatuuma erinnya lyabwe Adamu ku lunaku lwe baatonderwamu."* Weetegereze nti Adamu ye yatuuma mukazi we

erinnya Eva, naye bombi abo (Adamu ne Eva) Katonda yabayitanga ng'omuntu omu…Adamu. Bwe kityo mu bufumbo enkolagana teba ya ssekinnoomu (omusajja oba omukazi) ne Katonda, wabula bombi abo, ebagattira wamu ng'abasika okusinziira ku kisa eky'obulamu eri abaayitibwa okuweereza Katonda mu bumu.

Mu Lubereberye 2:24 we twakasoma wagamba nti omusajja kyanaavanga aleka kitaawe ne nnyina ne yeegatta ne mukazi we, era bombi banaafuukanga omubiri gumu. Ekigambo "kwegatta", kitegeeza kwekwata ku kintu, oba okuba obumu, okufuuka omu oba okuba mu kigendererwa ekimu. Bw'oba olina ekizibu mu bufumbo bwo olwaleero, ka mbeeko bye nkubuuza. By'okola, engeri gye weeyisaamu eri mukyala wo, by'omugamba, byongera kunyweza nkwatagana yammwe ng'omuntu omu? Oba bireetawo miwaatwa na kwawukana? Ekyawandiikibwa ky'obufumbo kiragira kwegatta, kwekwatako, kati ggwe by'okola bizimba bufumbo bwo, oba bibuyuzaamu? Weetegereze nnyo ensonga eyo.

Abantu balowooza nti okwagala kuva mu ngeri gye weewuliramu: "Nnali nkwagala, naye si kyakiwulira – si kyakwagala." Tugeze ova mu maka agajjude endoliito, n'ogenda ew'omuweereza oba omulamuzi okubagatta mu bufumbo, ne weewaayo okuwa omuntu oyo obulamu bwo, era ng'oyagalira ddala kibeere kya kutuusa okufa lwe kulibaawukanya. Naye olw'okuba wakulira mu maka amatabangufu…nga tolabanga ku kwagala…tolabanga kwagala nga kulagibwa ewammwe… tolabangako bazadde bo nga baliko mu kaseera ak'omukwano n'emirembe. Kyokka nga omukyala ayinza okuba nga ye ava mu maka ewaali wajjudde okwagala, naye nga ggwe tomanyi bwe bakikola. Newaakubadde ng'oyagala okwagala omuntu ono gw'owadde obulamu bwo, oyinza okulemererwa, olw'okuba nga naawe tomanyi bwe baagala kubanga tolabanga bwe baagala. Kiteeberezebwa nti mu myaka mitono egisooka ogenda kugenda mu 'kansolingi' ng'ogamba nti, "Tetukwatagana, nze sikyamwagala n'akamu." Naye amawulire amalungi ge nkuleetedde olwaleero, kwe kuba nti bw'oba olina ebizibu mu bufumbo bwo, waliwo ekiyinza okubutereeza.

Bw'ogula firiiji empya n'efuna ekizibu, n'okebera mu katabo ke baakuweerako, kakumanyisa bw'ekola…ne kakulaga nti osanga kino kye kikyaamu, oba gitwaale ewa makanika waazo. Waliyo ekitabo ekisobola okukola ku bufumbo bwo, okubutereeza. Kiyitibwa Kigambo kya Katonda, era Bayibuli etugamba mu Tito 2:4 nti kisoboka okuyiga okwagala. Bw'oba wava mu maka ewaalinga obutabanguko, nga tomanyi bw'oyinza kwagala mukazi wo, obufumbo buba bwolekedde okusaanawo - naye waliwo amawulire amalungi. Mu 1 Yokaana 5:3 wagamba nti, *"Kubanga okwagala kwa Katonda kwe kukola ebyo by'atulagira okukola. Okukola by'atulagira si kizibu."* Katonda asobola okukyusiza ddala embeera eyo okuyita mu biragiro bya Yesu Kristo, oyo atulaga nga bwe baagala, engeri y'okulagamu ekisa n'okugaba n'engeri y'okufaayo eri munno bwe muli mu bufumbo. Katonda asobola okukyusiza ddala embeera eyo.

Eno ekyali nnyanjula yokka mu kuyiga kwaffe ku by'obufumbo. Tugenda kweyongera okuyiga ku bufumbo mu kuyigirizibwa okuddako, era nkwagaliza Katonda akuwe omukisa olwaleero nga bwe weeyongera okuyiga. Tukkiriza nga Katonda ayagala okukwongera amagezi n'okumanya nga bwe weeyongera okuyiga ku nsonga eno.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Beefeeso 5:31-32. Abeefeeso 5:31-32, kwali kujuliza Lubereberye 2:24. Bw'osoma Beefeeso 5:32, olowooza kiki Katonda ky'ayogerako mu nnyiriri zino?

   **Abeefeeso 5:31-32 –** *"Kale omusajja kyanaavanga aleka kitaawe ne nnyina ne yeegatta ne mukazi we, ne bafuuka omuntu omu." [32] Ekyama kino kikulu, kyokka nze ndowooza nti kyogera ku Kristo n'Ekkanisa ye.*

2. Soma Yakobo 4:4-5. Ennyiriri zino ziyigiriza ki?

   **Yakobo 4:4-5 –** *"Mmwe abenzi temumanyi ng'okuba mikwano gy'ensi bulabe eri Katonda? Noolwekyo omuntu yenna bw'alondawo okuba mukwano gw'ensi afuuka mulabe wa Katonda. [5] Oba mulowooza nti Ekyawandiikibwa tekiba na makulu bwe kigamba nti, Omwoyo gwe yassa mu ffe, atulabirira n'okwagala okujjudde obuggya"?*

3. Soma 1 Peetero 3:7. Lwaaki mulina okutambulira mu bumu n'okwagala mukyala wo oba omwami wo oyo?

   **1 Peetero 3:7 –** *"Bwe mutyo, abasajja, mubeerenga n'abakazi bammwe n'amagezi, nga mussangamu ekitiibwa omukazi ng'ekibya ekisinga obunafu, kubanga nabo basika bannammwe ab'ekisa eky'obulamu; okusaba kwammwe kulemenga okuziyizibwa."*

4. Soma Yokaana 15:5. Obufumbo bwo busobola okuba obulungi nga Yesu si ye Mukama w'obulamu bwo?

   **Yokaana 15:5** – *"Nze muzabbibu, mmwe matabi: abeera mu nze, nange mu ye, oyo abala ebibala bingi: kubanga awatali nze temuliiko kye muyinza kukola."*

5. Soma Tito 2:4. Okwagala si y'engeri omuntu gye yeewuliramu. Okusinziira ku kyawandiikibwa, okwagala kusobola ...?

   **Tito 2:4 –** *"Balyoke basobole okugunjula abakazi abato okwagalanga ba bbaabwe awamu n'abaana baabwe."*

6. Soma 1 Yokaana 5:3. Bwe tutambulira mu biragiro bya Katonda, tuba tutambulira mu …?

   **1 Yokaana 5:3** – *"Kubanga okwagala kwa Katonda kwe kukola ebyo by'atulagira okukola. Okukola by'atulagira si kizibu."*

7. Soma Matayo 7:12. Bwe tuba n'emitawaana mu bufumbo bwaffe, kiviira ku kuba nti waliwo atatambulira mu …?

**Matayo 7:12 –** *"Noolwekyo ebintu byonna bye mwagala abantu okubakoleranga, nammwe mubibakoleranga, kubanga ebyo bye biri mu mateeka ne mu bunnabbi."*

8. Soma 1 Bakkolinso 13:4. Okwagala kwe kuno:

   A. Ye nneewulira yo.
   B. Okuwulira akacamuukiriro.
   C. Kwa kisa.

   **1 Abakkolinso 13:4 –** *"Okwagala kugumiikiriza era kwa kisa. Okwagala tekulina buggya era tekwenyumiikiriza wadde okwekuluntaza."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Beefeeso 5:31-32. Abeefeeso 5:31-32, kwali kujuliza Lubereberye 2:24. Bw'osoma Beefeeso 5:32, olowooza kiki Katonda ky'ayogerako mu nnyiriri zino?
   **Enkolagana wakati wa Kristo n'ekkanisa Ye (efaanaanyirizibwa n'obufumbo).**

2. Soma Yakobo 4:4-5. Ennyiri zino zituyigiriza ki?
   **Katonda akwatibwa obuggya ku lwaffe, era ayagala tubeere b'amazima eri Ye.**

3. Soma 1 Peetero 3:7. Lwaaki mulina okutambulira mu bumu n'okwagala mukyala wo oba omwami wo oyo?
   **Essaala zange zireme okuziyizibwa.**

4. Soma Yokaana 15:5. Obufumbo busobola okuba obulungi nga tolina Yesu nga Mukama w'obulamu bwo?
   **Nedda.**

5. Soma Tito 2:4. Okwagala si y'engeri omuntu gye yeewuliramu. Okusinziira ku kyawandiikibwa, okwagala kusobola ...?
   Okusinziira ku kyawandiikibwa, okwagala kusoboka **okuyigirizibwa omulala.**

6. Soma 1 Yokaana 5:3. Bwe tutambulira mu biragiro bya Katonda tuba tutambulira mu ...?
   Bwe tutambulira mu biragiro bya Katonda tuba tutambulira mu **kwagala.**

7. Soma Matayo 7:12. Bwe tuba n'emitawaana mu bufumbo bwaffe kiva kukuba nti waliwo atatambulidde mu ...?
   Bwe tuba n'emitawaana mu bufumbo bwaffe, kiviira ku kuba nti waliwo atatambulidde mu **kwagala.**

8. Soma 1 Bakkolinso 13:4. Okwagala kwe kuno:
   **C. Kwa kisa.**

## ESSOMO 11

# OBUFUMBO (Ekitundu 2)

### Omusomesa: Don Krow

Olwaleero tugenda kutunuulira ensonga y'obufumbo, n'ekibuuzo, "Obufumbo kye ki?" Wali okirowoozezzaako ekyo? Okusinziira ku Bayibuli, kyali kirowoozo kya Katonda okuteekawo obufumbo. Obufumbo kwe kugatta awamu, obumu, okukwataganya. Lubereberye 2:24 wagamba bwe wati, *"Noolwekyo omusajja ky'anaavanga aleka kitaawe ne nnyina ne yeegatta ne mukazi (banaagattibwanga era omusajja anaanywereranga ku mukazi) we, ne bafuuka omubiri gumu"* (obukomera nze mbutaddemu). Wali okitegedde nti obufumbo kisingawo nnyo ku kugattibwa era kisingawo ku bumu? Eky'okulabirako, 1 Abakkolinso 6:15-6 wagamba nti singa ŋŋenda ebweru, wadde nga ndi Mukristaayo ne neegatta ne malaaya, nfuuka omubiri gumu naye. Kati ate lowooza ku kyawandiikibwa mu Lubereberye 2:24 ekikwaata ku bufumbo. Okwegatta ne malaaya tekitegeeza nti mbagirawo mba njawukanye ne mukyala wange, oba nti mpase malaaya kubanga nneegasse naye mu bwenzi. Kati olwo obufumbo kye ki? Obufumbo bwe buba nga butegeeza bumu, kukwatagana, kwegattira awamu, n'okufuuka omubiri ogumu, kirina njawulo ki n'okwegaddanga ne malaaya? Bwe weegatta ne malaaya, ekyo kyeraga bwerazi nti ofuuka mubiri gumu naye.

Bayibuli egamba nti obufumbo bwe bumu, okwegattira awamu, okukolaganira awamu, naye nga kisingawo kw'ebyo. Kwe kugattibwa awamu mu mukago. Ekigambo "omukago" mu lw'Ebbulaniya ye berith, era kiggayo endowooza y'okugatta wamu. Obufumbo kwe kwewaayo kw'omuntu okwenkomeredde…okwewaayo okutuusa okufa lwe kulibaawukanya. N'olwekyo, bwe ŋ̇enda ewa malaaya, mba nkoze kibi nnyo, era waba tewakyali kwewaayo kwonna ku ludda lwange eri mukyala wange. Omulamwa gw'obufumbo okusookera ddala, kwe kuleka abalala bonna. Bayibuli egamba nti oleka kitaawo ne nnyoko, n'ogenda ne weegatta ne mukyala wo. Ezekeeri agamba nti, "*Wafuuka wange.*" Kwe kuleka abalala bonna ku lw'oyo gw'olonzeewo, weewaayo gy'ali. Kyeraga bwerazi nti bw'osiiwuuka empisa, n'oyagala omuntu omulala ng'ate oli mufumbo, kyonoona ennono ey'obufumbo, obumu, okwewaayo, n'okukwatagana, mu muka go. Ezekeeri 16:8 akiyita mukago gwa bufumbo. Mu Beefeeso 5, tuyiga nti omwami alina okwagala mukyala we nga Kristo bw'ayagala ekkanisa, n'olwekyo ogwo mukago gwa kwagala. Ensonga lwaki mukago gwa kwagala, lwa kuba okwagala ye nnono efuga mu bufumbo. Byonna nga biwedde, okwagala kuteekwa okuba nga y'ennono ensukkulumu efuga obufumbo.

Obufumbo mukago ogw'obumu. 1 Peetero 3:7 wagamba nti mukyala wange bwe ssimussaamu kitiibwa, n'okumusiima ng'ekibya ekinafu, n'okukitegeera nti tusikira wamu ekisa ky'obulamu, essaala zange ziyinza okuziyizibwa. Kirowoozeeko. Obulamu bwaffe obw'omwoyo busobola okuziyizibwa bwe tutatambulira mu bumu ne mu kussa ekimu Katonda kwe yagenderera mu nkolagana y'obufumbo. Engero 2:16-17, woogera ku mukazi omwenzi amenya omukago oba endagaano y'obufumbo bwe, n'aleka omwami ow'obuvubuka bwe, n'enkolagana ey'obufumbo eyo Katonda we gy'atwala okuba omukago. Kigambo kikulu nnyo

kubanga omukago gwe tukola n'omuntu omulala, tuba tugukolera ne mu maaso ga Katonda. Wadde nga njagala nnyo okuweereza eri abantu, Katonda y'aweebwa enkizo, ng'ekyo kwe kussa essira ku bufumbo. Eky'amazima obufumbo kwe kuteeka essira ku muntu omulala obulamu bwo bwonna, ng'okwagala y'ennono efuga byonna.

Matayo 7:12 wagamba nti buli kye waalyagadde omulala akukolere, kimukolere, kubanga ekyo ge Mateeka ne banabbi. Eyo nnono eteekwa okuba nga yeefuga mu bufumbo. Si kya kwerowoozaako wekka, si ggwe, si kiki munno ky'ayinza okukuwa. Bayibuli mu 1 Abakkolinso 13:4 egamba nti okwagala kwa kisa, kufaayo ku lw'obulungi bw'omulala, kugaba era kuyamba, era lubeerera kufa ku balala. Ensonga lwaki obufumbo bw'akolebwa bwe butyo, kubanga kyakulabirako mu ngeri enkolagana ey'amazima ne Katonda bw'eteekeddwa okuba. Katonda atuwadde eby'okulabirako mu nsi ey'omubiri. Atulaze engeri gye tuyinza okubaamu n'obufumbo obulungi, obufumbo obw'ekitiibwa kubanga ayagala tubeere n'eky'okulabirako eky'enkolagana yaffe ey'olubeerera naye bw'erifaanana emirembe n'emirembe. Obufumbo bwa kiseera buseera, kubanga bubeerawo okutuusa okufa lwe kubaawukanya. Bayibuli egamba nti mu kuzuukira tebafumbirwa era tebawasa. Katonda ayagala tukitegeere nti eky'okubeera n'obufumbo obulungi nnono ya kwagala … nnono ya kwewaayo eri omulala nga tosoose kwerowoozaako. Agamba nti, "Njagala mukitegeere nti nabayita mu nkolagana ey'obufumbo nange, so si nkolagana ey'ekiseera obuseera, egenda okumala emyaka emitono eggweewo, naye nkolagana ey'olubeerera okwagala kwange we kulirabisibwa gye muli emirembe n'emirembe."

Ka nkuweeyo ennono z'obufumbo entonotono. Obufumbo kwe kugatta ebintu ebibiri, ekimu ne kibulira mu kirala. Wabula si kwe kukwatagana, naye nga buli omu alina w'akoma ku buvunaanyizibwa bw'ekibaggasse. Bayibuli ekyogerako mu Lubereberye 4 nga okumanya, ate mu 1 Peetero 3:7 ng'abasikira awamu ekisa ky'obulamu. Obufumbo mukago, ekitegeeza nti bukusiba, kirimu okwewaayo okibeeremu. Ekibi tekyayingira mu kkanisa eyasooka, kyayingira mu bufumbo obwasooka, n'olwekyo tulina okulaba nga tugendera ku biragiro ebikwata ku bufumbo mu Bayibuli, ennono z'okwagala ezo tuzitambulirengamu. Era twebuuza, "okwagala kye kki? " Amakulu g'okwagala, kwe kuba nga teweerowozaako wekka. Isaaya 53: 6 agamba nti tulinga endiga ezisaasaanye nga buli emu ekutte kkubo lyaayo, naye mu bufumbo essira tulissa ku munaffe nga tunoonya okubeera kwe obulungi.

Bayibuli etugamba mu Beefeeso nti okwagala mukazi wo, kuba kwagala mubiri gwo. Ffe abaami tulina okusunsuuta n'okuwa ekitiibwa omukazi Katonda gw'atuwadde, ekitegeeza okumusiima. Okwagala omubiri tekitegeeza nti otuule awo ozinge emikono gyo, weeweeteko nga bw'ogamba nti, "Bannange, mubiri ggwe nkwagala." Ekyo si ky'ategeeza n'akatono. Okweyagala kitegeeza okwessaako obukuumi, okweriisa, okwerabirira. Tekisanira kumala gatwala tutyo bakyala baffe. Toyanjanga bunafu bwe mu lujjudde. Tomufuulanga kyakusekerera, oba okumukola ebimunyiga. Olina okumwagalanga nga naawe bwe weeyagala.

Nandyagadde weeweeyo eri Katonda mu kusaba, era mu kusookera ddala omwebaze okukwagala. Eky'okubiri kye njagala okole, kwe kumwebaza ku lwa munno oyo gwe yakuwa.

Ekyo kye kimu ku bizibu. Obaddenga tosiima munno, ng’omussa wansi, so nga Bayibuli eyigiriza nti okwo kuba kwefaako wekka, ate nga kibi. Egamba mu Beefeeso 5 nti Yesu yalongoosa ekkanisa ng'aginaaza n'amazzi, ky'Ekigambo ky'ayogera eri ekkanisa. Bw'oyogera ebigambo ku munno wo, agenda kufaanana by’omwogerako. Bw’omugamba nti, “Oli na mubi, wagejjulukuka,” ogenda kunyigiriza obufumbo bwo, oleetewo obutakwatagana n’okwawukana. Naye bw'oyogera ebigambo eby'ekisa nga bino nti, “Mukwano nsiima by'okola. Nkusiima. Nkwagala,” n'obiteekako n'ebikolwa, mukyala wo agenda kutuuka ku mutindo gw'ebigambo ebyo.

Tokiraba nti emitawaana mingi mu bufumbo bwo giva ku bigambo by'oyogedde? Mukyala wo omuzza wansi mu kifo ky'okumuyimusa. Nkuzzaamu amanyi leero, otandike okwogeranga ebigambo ebirungi ku mukyala wo. Okwagala si busimu oba bwe weewulira mu mutima. Okwagala kwe kufa ku ky’omulala okuba obulungi, nga tofuddeku bw'owulira muli. Tandika leero n'ebikolwa eby'ekisa, ng’okusiiga ennyumba. Okwagala bwe kutyo bwe kuzimbibwa n'ebikolwa ebitonotono eby'ekisa. Mukyala wo tandika okumuyimusanga, okumussangamu ekitiibwa, okumubalamu ebbeeyi, era oyogere ebigambo eby'okwagala ku mukyala wo ogya kulaba enjawulo. Katonda akuwe omukisa nga bw'oteeka ennono ezo mu nkola.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Engero 18:22. Obufumbo:

   A. Kintu kirungi.
   B. Kibi.
   C. Busanyusa eri Katonda.

   **Engero 18:22 –** *"Azuula omukazi omulungi ow'okuwasa aba azudde ekirungi, era aganja eri MUKAMA."*

2. Soma Bebbulaniya 13:4. Eky'okwegatta mu bufumbo (oba ekitanda ky'abafumbo):

   A. Kibi.
   B. Kicaafu era kibi.
   C. Kirongoofu.

   **Abaebbulaniya 13:4** – *"Obufumbo mubussangamu ekitiibwa n'ebirayiro byabwo, kubanga abakaba n'abenzi Katonda alibasalira omusango, ne gubasinga."*

3. Soma Mubulizi 9:9. Obufumbo obulimu Katonda kirabo okuva eri Katonda, era mpeera gy'oli mu bulamu buno. Kituufu oba Kikyamu.

   **Omubuulizi 9:9** – *"Ssanyukanga ne mukyala wo gw'oyagala ennaku zo zonna, mu bulamu buno obutaliimu, Katonda bw'akuwadde wansi w'enjuba, kubanga ekyo gwe mugabo gwo mu kutegana kwo kw'oteganamu wansi w'enjuba."*

4. Soma 1 Yokaana 3:18 (New Century Version). Omulamuzi Philip Gilliam yagamba nti ku misango 28,000 egy'abaana abatanneetuuka gye yalamula, obutabaawo kwagala wakati wa taata ne maama kye kyasingira ddala okuviirako emisango gy'abaana abatalina buvunaanyizibwa gye yali amanyi. (Together Forever p. 152). Okwagala tulina kukulaga tutya?

   **1 Yokaana 3:18** – *"Abaana abaagalwa, tetusaana kwagala mu bigambo kyokka, wabula twagalanenga ne mu bikolwa ne mu bulamu obulabika eri abantu."*

5. Soma Beefeeso 5:28. Sirina kulagajjalira mukyala wange mulundi na gumu nga bwe ssiragajjalira mubiri gwange. Kituufu oba Kikyamu.

   **Abeefeeso 5:28 –** *"N'abasajja bwe batyo bwe basaana okwagalanga bakazi baabwe, nga bwe baagala emibiri gyabwe gyennyini. Ayagala mukazi we yeeyagala yekka."*

6. Soma 1 Yokaana 3: 16. Ekigambo "Nkwagala" kisobola okuba ekirungi, bwe kibeerako

ebikolwa. Yesu ebigambo bye yabissaako ebikolwa ng'awaayo obulamu bwe ku lwaffe. Kitugwanira okuwaayo obulamu bwaffe ku lwa bakyala baffe nga bwe tusobola. Kituufu oba Kikyamu. Gabana ku ngeri ezirabika ze wandyagadde bakwagalemu.

**1 Yokaana 3:16** – "*Mu kino mwe tutegeerera okwagala, kubanga yawaayo obulamu bwe ku lwaffe, era naffe kyetuva tuteekwa okuwaayo obulamu bwaffe olw'abooluganda.*"

7. Soma Beefeeso 5:25-26. Mukyala wange agenda kufaanana ebyo bye mmwogerako. Mmutuusa ku ddaala ery'okufaanana ebyo bye mmwogerako. Kituufu oba Kikyamu.

   **Abeefeeso 5:25-26 –** "*Nammwe abaami mwagalenga bakyala bammwe nga Kristo bweyayagala ekkanisa ne yeewaayo ku lwayo. [26] Yaginaaza n'amazzi, n'agitukuza n'ekigambo kye.*"

8. Soma Baruumi 8:38-39 ne 1 Yokaana 4:19. Tusendebwasendebwa (oba twagalibwa) n'ebigambo ebirungi ebyogerwa gye tuli nga biriko n'ebikolwa. Katonda yatusendasenda n'ebigambo ebirungi mu bbaluwa ze ez'okwagala ezawandiikibwa ng'ebyawandiikibwa. Kituufu oba Kikyamu.

   **Abaruumi 8:38-39** – "*Kubanga nkakasiza ddala nga newaakubadde okufa, wadde obulamu, wadde bamalayika, wadde abafuzi, wadde ebiriwo, wadde ebigenda okujja, wadde amaanyi, [39] wadde obugulumivu, wadde okukka wansi, wadde ekitonde ekirala kyonna, tewali kiriyinza kutwawukanya n'okwagala kwa Katonda okuli mu Kristo Yesu Mukama waffe.*"

   **1 Yokaana 4:19** – "*Tulina okwagala kubanga Ye ye yasooka okutwagala.*"

9. Soma 1 Yokaana 5:3; 2 John 6. Ebikwata ku kwagala nga bwe kukola biragiddwa, era bimanyiddwa mu biragiro bya Yesu. Ennono z'okwagala tusobola okuzimanyira mu Kigambo kya Katonda. Kituufu oba Kikyamu.

   **1 Yokaana 5:3 –** "*Kubanga okwagala kwa Katonda kwe kukola ebyo by'atulagira okukola. Okukola by'atulagira si kizibu.*"

   **2 Yokaana 1:6 – "***Era kuno kwe kwagalana nti tugonderenga ebiragiro bya Katonda. Kubanga okuva ku lubereberye twategeezebwa nga bwe tuteekwa okutambula.*"

10. Soma Yokaana 14: 15. Okwagala si y'engeri gy'owuliramu, naye kwe kusalawo kwo. Buli kiragiro mu byawandiikibwa kiweebwa omuntu n'asalawo, so si kusinziira ku ngeri gye yeewuliramu. Katonda talikugamba bw'olina kuwulira muli, wabula akubuulira kya kukola. Kituufu oba Kikyamu.

    **Yokaana 14:15 –"***Kale obanga munjagala mugonderenga ebiragiro byange.*"

11. Soma Baggalatiya 5:22-23. Okwagala si kya butonde. Kulina okuyigirizibwa, era ne kuzaalibwa mu muntu olw'Omwoyo Omutukuvu. Okwagala kibala kya:

    A. Ndowooza ya muntu.
    B. Kikula kya muntu.
    C. Mwoyo wa Katonda.

    **Abaggalatiya 5:22-23 –** *"Naye ebibala eby'Omwoyo bye bino: okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa, [23] obuwombeefu, okwefuga; awali ebyo tewali tteeka libiwakanya."*

12. Soma Beefeeso 5:31-32. Obufumbo obulungi ye minzaani entonotono egeraageranyizibwa ku ki?

    **Abeefeeso 5:31-32 –** *"Kale omusajja kyanaavanga aleka kitaawe ne nnyina ne yeegatta ne mukazi we, ne bafuuka omuntu omu." [32] Ekyama kino kikulu, kyokka nze ndowooza nti kyogera ku Kristo n'ekkanisa ye."*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Engero 18:22. Obufumbo :
   **A. Kintu kirungi.**
   **C. Kisanyusa Katonda.**

2. Soma Bebbulaniya 13:4. Eky'okwegatta mu bufumbo (oba ekitanda ky'abafumbo):
   **C. Kirongoofu.**

3. Soma Mubulizi 9:9. Obufumbo obulimu Katonda kirabo okuva eri Katonda, era mpeera gy'oli mu bulamu buno. Kituufu oba Kikyamu.
   **Kituufu.**

4. Soma 1 Yokaana 3:18 (New Century Version). Omulamuzi Philip Gilliam yagamba nti ku misango 28,000 egy'abaana abatanneetuuka gye yalamula, obutabaawo kwagala wakati wa taata ne maama kye kyasingira ddala okuviirako emisango gy'abaana abatalina buvunaanyizibwa gye yali amanyi. (Together Forever p. 152). Okwagala tulina kukulaga tutya?
   **Mu bikolwa n'okufiirayo ddala.**

5. Soma Beefeeso 5:28. Sirina kulagajjalira mukyala wange mulundi na gumu nga bwe ssiragajjalira mubiri gwange. Kituufu oba Kikyamu.
   **Kituufu.**

6. Soma 1 Yokaana 3: 16. Ekigambo "Nkwagala" kisobola okuba ekirungi, bwe kibeerako ebikolwa. Yesu ebigambo bye yabissaako ebikolwa ng'awaayo obulamu bwe ku lwaffe. Kitugwanira okuwaayo obulamu bwaffe ku lwa bakyala baffe nga bwe tusobola. Kituufu oba Kikyamu. Gabana ku ngeri ezirabika ze wandyagadde bakwagalemu.
   **Kituufu.**
   Gabana ku ngeri ezirabika ze wandyagadde bakwagalemu.

7. Soma Abeefeeso 5:25-26. Mukyala wange agenda kufaanana ebyo bye mmwogerako. Mmutuusa ku ddaala ery'okufaanana ebyo bye mmwogerako.
   **Kituufu.**

8. Soma Baruumi 8:38-39; 1 Yokaana 4:19. Tusendebwasendebwa (oba twagalibwa) n'ebigambo ebirungi ebyogerwa gye tuli nga biriko n'ebikolwa. Katonda yatusendasenda n'ebigambo ebirungi okuva mu bbaluwa ze ez'okwagala ezawandiikibwa ng'ebyawandiikibwa.
   **Kituufu. Ekigambo kya Katonda kijjudde ebigambo by'okwagala gye tuli.**

9. Soma 1 Yokaana 5:3; 2 John 6. Ebikwata ku kwagala nga bwe kukola biragiddwa, era bimanyiddwa mu biragiro bya Yesu. Ennono z'okwagala tusobola okuzimanyira mu Kigambo kya Katonda. Kituufu oba Kikyamu.
   **Kituufu.**

10. Soma Yokaana 14: 15. Okwagala si y'engeri gy'owuliramu, naye kwe kusalawo kwo. Buli kiragiro mu byawandiikibwa kiweebwa omuntu n'asalawo, so si kusinziira ku ngeri gye yeewuliramu. Katonda talikugamba bw'olina kuwulira muli, wabula akubuulira kya kukola. Kituufu oba Kikyamu.
    **Kituufu.**

11. Soma Baggalatiya 5:22-23. Okwagala si kya butonde. Kulina okuyigirizibwa era ne kuzaalibwa mu muntu olw'Omwoyo Omutukuvu. Okwagala kibala kya:
    **C. Mwoyo wa Katonda.**

12. Soma Beefeeso 5:31- 32. Obufumbo obulungi ye minzaani entonotono egeraageranyizibwa ku ki?
    **Kristo n'ekkanisa Ye.**

## ESSOMO 12

# OKWAGALA KWA KATONDA (Ekitundu 1)

### Omusomesa: Don Krow

Olwaleero tugenda kwogera ku kwagala kwa Katonda. Mu 1 Bakkolinso 13:13 wagamba bwe wati, *"Kaakano waliwo ebintu bisatu eby'olubeerera: okukkiriza, n'okusuubira, era n'okwagala. Naye ekisingako ku ebyo obukulu kwe* [kwagala]." Ate 1 Bakkolinso 14:1 wagamba, *"Mugobererenga okwagala era muluubirirenga ebirabo eby'Omwoyo, na ddala ekirabo eky'okwogera eby'obunnabbi."* Bayibuli egamba nti mugoberere okwagala, temulekaangayo kukugoberera, mukifuule ekigendererwa kyammwe eky'enkomeredde. Enzivuunula ezimu zigamba nti mukifuule ekigendererwa kyammwe ekisingirayo ddala. Kye kyokka kye tulijja mu bulamu buno okugenda nakyo mu bulamu obutakoma. Tetugenda kutwala mmotoka zaffe, amaka gaffe, ensimbi zaffe, naye tulitwala okwagala okwo Yesu Kristo kwe yateeka mu bulamu bwaffe. Okwagala kye kyokka ekikwatikako ekirina omuwendo ogutaggwaawo.

Kiki ddala okwagala kye kutegeeza? Omuntu ayinza okugamba nti njagala mukyala wange oba njagala 'ayisi kuliimu' oba njagala 'apo paayi', oba ebyokulya ebirala. Waliyo ekigambo kimu kyokka mu Lungereza ekinnyonnyola okwagala. Bwe ŋŋamba nti njagala mukyala wange nga bwe njagala kkapa yaffe, ekyo mukyala wange kimusanyusa? Nedda n'akatono. Olaba kye ŋŋamba? Bwe twogera ku kigambo okwagala, abantu abamu balowooza nti kitegeeza bya kwegatta mu mukwano era n'abamu balowooza nti kitegeeza okuwulira ng'ocamuukiridde. Abantu balina engeri gye bannyonnyolamu okwagala mu ngeri ez'enjawulo. Mu lulimi Oluyonaani waliyo ebigambo bina ebikulu. Ekimu ye **eros** wadde nga tekikozesebwa mu Bayibuli, era nga kivvuunulwa ng'okwagala okw'omu kisenge. Katonda ye yakola okwagala kw'engeri eyo bwe yagamba nti omusajja ky'anaavanga aleka kitaawe ne nnyina, ne yeegatta ne mukazi we, era banaafuukanga omubiri gumu. Ekitabo mu Bayibuli ekiyitibwa Oluyimba lwa Sulemaani kikwata ku kwagala okw'omu kisenge, Katonda ky'akkiriza abafumbo bokka. Engeri z'okwagala endala, Katonda agamba nti ebyo abantu bonna ba ddembe okubikozesa naye nga kwo kuno okwa "**eros**" kukkirizibwa bafumbo bokka.

Engeri y'okwagala endala eyitibwa **storge**, nga kino kye ky'okwagalana okw'abantu abazaalibwa mu maka awamu. Ne wabaawo **phileo** ekiva mu kigambo philia. Ekigambo kino kikozesabwa emirundi nsanvu mw'ebiri mu Ndagaano Empya, nga kitegeeza akacamuukiriro akajja nga bwe kagenda. Abantu abasinga obungi nga boogera ku kwagala, balowooza nti ekyo kye kutegeeza. Batera okwogera nti, "Omwana oli namugudde oba mufa [nagudde mu mukwano] ate kati sikyalimu kamwagala." Obufumbo bwo bwe buba buzimbiddwa ku ngeri y'okwagala eyo, wajjanga kubaawo ebiseera ng'oli mukyamufu, ate olulala ng'owootedde. Mu ngeri y'okwagala eno, osobola okugwa mu mukwano, ate n'okeera nga tokyalimu kaagala.

Bayibuli egamba nti tulina okwagalana mu njagala ya Katonda eyitibwa agape. Okwagala okuyitibwa agape kye ki? Kulina amakulu mangi, era 1 Abakkolinso 13 watulagira

ddala ebyo byonna okwagala bye kuli. Mu 1 Yokaana 5:3 wagamba nti, *"Kuno kwe kwagala kwa Katonda, ffe okuba nga tukuuma ebiragiro bye."* Ebiragiro bya Yesu ebitulaga okwagala engeri gye kulabikamu, biwumbawuumbirwa mu Matayo 7:12, *"Noolwekyo ebintu byonna bye mwagala abantu okubakoleranga, nammwe mubibakoleranga, kubanga ebyo bye biri mu mateeka ne mu bunnabbi."* Toddangaawo kugamba nti abantu b'omu kkanisa eyo tebakwagala, tebakufaako, oba kino oba kiri. Bayibuli egamba nti buli ky'oyagala omuntu omulala akukolere, gwe sooka okimukolere. Okwo kwe kwagala. Kiwakanya omubiri gwaffe, n'obutonde bwaffe. Okufa ku ky'omulala okuba obulungi nga tetusoose kwerowoozaako, kyetaagisa Katonda, kubanga kiwakanya omubiri gwaffe n'obutonde. Tolowooza nti kisoboka okubaawo awatali Katonda. Bayibuli egamba nti ekibala ky'Omwoyo kwe kwagala, ate okwagala ye Katonda. Katonda y'ensibuko y'okwagala, era y'ayagala okutulaga engeri y'okwagala okuyita mu biragiro bye. Katonda y'atuwa amaanyi, ne mu bunafu bw'emibiri gyaffe, okusalawo obutuufu n'okutambulira mu nnono entuufu.

Nkolera mu buweereza bwa Andrew Wommack, era olunaku lumu emyaka egiyiseeko emabega nagenda okusabirako mu kimu ku bifo ewawummulirwa nga bulijjo bwe nkola nga mmaze okukola. Ne ŋŋamba Mukama nti mpulira njagala kubaako omuntu gwe mpeereza gy'ali. Obudde bwali bulungi, nga bwa kasana, ne ndaba akalenzi n'akawala nga butudde ku byesuubo. Waaliwo ekyesuubo kimu ekyereere okubaliraana, ne ŋŋenda ne nkituulamu. Ne ŋ̇ŋ̇amba akawala nti, "Obudde bulungi, si kye kkyo?" Ne kanziramu nti tekamanyi kwogera Luzungu. Ne nkabuuza maama waako gye yava? Ne kaŋŋamba nti yava Romania. Nnali nkitegeddeko nti mu kitundu ekyo mwalimu Abaromania, era mu kiseera ekyo ne ndaba abantu abantunuulira, ndowooza nga beebuuza lwaki nnali njogera n'abaana baabwe. Kye nava ŋŋenda we baali ne mbagamba nti njagala kubayamba. Ne banziramu nti, "Kutuyamba mu ki? Era lwaki? Totumanyi na kutumanya!" Ne mbaddamu nti kubanga Katonda yali ayagala kubayamba. Nnali nfumitiriza ku nnono z'okwagala kwa Katonda mu 1 Yokaana 3: 18 ewagamba nti, "Abaana abaagalwa, tetusaana kwagala mu bigambo kyokka, wabula twagalanenga ne mu bikolwa ne mu bulamu obulabika eri abantu." Tetulina kwagala mu bigambo bugambo ebya kamwa kaffe, naye n'ebikolwa byaffe. Newaakubadde sitera kutambula na sente, naye kw'olwo nalinamu akasente mu nsawo, ne mbawaako. Ne mbawa ne ku by'okulya, kubanga nnali nsiibye olunaku olwo. Baakomebwaako nnyo ne bambuuza amannya gange, ne ngababuulira. Ne mbagamba nti ensisinkano eyo yali nteekateeka ya Katonda, era ndiddamu ne mbalaba.

Nadda eka ne nnyumiza ku mukyala wange ensinsinkano eyo n'Abaromania. Enkeera ne tuddayo naye nga tubatwalidde ennyama enfumbe n'eby'okukozesa awaka ebirala mu bokisi ennene. Abaromania n'abaana baabwe baali bakyaliwo. Ne mbabuulira nga bwe twali tubatwalidde ebirabo naye nga kyetaagisa kubitwalira ddala gye basula mu mmotoka kubanga byali bizitowa. Bwe twatuuka ku kayumba kaabwe ak'ekisenge ekimu, bokisi ne ngijja mu mmotoka, ne ntandika okubawa ebyalimu kimu ku kimu. Amaziga gaabajja mu maaso nga mbibakwasa, ng'omukazi bw'ayogera ng'akiddiŋ̇ŋ̇ana nti agenda kukaaba! Ne mbaaniriza bajje mu kuyiga Baibuli buli lwa Mande ewaffe, era ne bakkiriza. Kyokka ne mbagamba nti, "Saagala mujje kubanga mbawadde ebirabo." Naye ne banziramu nti baali baagala nnyo okujja, balabe ne ku mikwano gyaffe.

Olw'okuba tebaalina ntambula, nabakimangako, era tewaayita bbanga Katonda n'atandika okubakolamu omulimu, era mu kugenda nga tukwatagana n'okubasabira, ne batandika n'okuyiga okwogera obulungi Oluzungu. Okwagala kwa Katonda kwalabisibwa gye bali. Mu bbanga ssi ddene twasisinkana n'Abaromania abafumbo abalala. Awo ne ŋŋamba bali abasooka okunnyambako okutuukirira n'Abaromania abalala. Ne bakkiriza, era lumu ne wabaawo abankubira essimu nga baŋamba nti babaddenga bawulira ebinkwatako, era nga baagala kunsisinkana kubanga tebaalina mikwano. Ne ŋŋenda okubasisinkana nga ndi ne mikwano gyange Abaromania be nasooka okukwatagana nabo. Nabatwalira ebirabo, emmere, n'ebintu ebirala. Bwe nakola ekyo ne ntandika nabo okubakyaliranga, buli kimu kyali kiyitirivu okutuusa bali Abaromania abasooka lwe baabagamba nti, "Mwetaaga okugenda mu Bayibo sitade. Boogera ku Yesu, era birungi nnyo." Ne bagamba, "Lindako katono! Twaava mu ggwanga erya ba Naakalyaako ani era tetumanyi oba waliyo ne Katonda. Tetwagala bintu bino ebya Yesu."

Ne mbagamba nti tekina ngeri, ka mbeere mukwano gwabwe. Ne mbatwalanga ku 'wiikendi' okusanyukako, ne mbaguliranga engoye, amakooti, n'ebirala bye betaaganga. Baasooka kuba ng'abatakyagala, nga bawulira ensonyi. Natandika okubaagala mu bikolwa naye nga tebajja mu Bayibo sitade okutuusa lwe nabagamba nti waliwo Abamerika abayinza okubayamba okubafunira emirimu. Bwe baawulira ekyo bajjirawo mangu. Mu kukuŋŋaana okuyiga Bayibuli okwo nasaba Mukama ng'asaaga, atusobozese okwogerezeganya obulungi n'abagenyi abo, babe ng'abawulira olulimi lwabwe nga njogera. Waaliwo Abamerika abaasooka okuwa obujulizi. Bwe natandika okwogera, mukyala w'Omuromania omu, n'atandika okucamuka, ne nkimanya nga waliwo ekyali kigenda mu maaso. Bwe nali mbasabira, amangu ago Katonda n'abakwatako, era ekifo ekyo n'akijjuza okwagala kwe. Awo omukazi n'atubuulira nti Abamerika bwe baali boogera, teyategeeramu n'ekimu ku by'ayogerwa. Naye nze bwe natandika okwogera ku Yesu n'okwagala kwe gye tuli, n'ekyo kye yakola tusobole okubeera n'enkolagana naye, yategeera buli kigambo kye nayogera! Omukyala oyo n'ayogera ng'addingana nti yabitegeera bulungi nnyo! Alina kuba nga yali Katonda eyakisobozesa okubaawo! Alina kuba Katonda. N'ekyava mu ekyo, obulamu bwakyusibwa, si bw'Abaromania bokka.

Ka nkubuulireyo n'ekirala ekyabaawo. Awaka wange waatandika okujjula abantu abava mu mawanga ag'ebweru ku Monday ekiro - Abaromania, Ababulugaria, n'Abarussia. Katonda yali akyusa obulamu bwabwe, era nga nabo bennyini bakimanyi nti tubaagala. Twalina n'abantu abava mu Afrika. Wadde twali tetusobola kwogeraganya bulungi nabo, naye nga bakimanyi nti bwe twasabanga, Katonda yeeraganga gye bali. Era nga bakimanyi nti mbaagala, era nsobola okubakolera kyonna kye baagala. Katonda yakyusa obulamu bwabwe n'obulamu bw'abantu abalala bangi. Ekyo kyabaawo kubanga olunaku lumu mu kifo ewawummulirwa, nnalaba abantu aba langi endala, ab'eggwanga eddala, ne mbaagala. Saawulira kucamuukirira kwa kwagala, naye nnali nkimanyi nti okwagala, kwe kukolera abalala kye waalyagadde bakukolere. Nayagala babeere bulungi nga ssifuddeeyo bwe mpulira muli, era omanyi ekyabaawo? Baakisiima nnyo, era ekyo ekyagolokoka mu bo kwe kwagala

philia, okwagala okwali kufugibwa engeri gy'owuliramu, era ne batandika okuŋŋamba nga bwe banjagala, n'okunnywegera. Nange ekyo kyandeetera okutandika okubaako engeri gye mpuliramu gye bali. Bw'oba ng'oyagala okuba n'okwagala okukwata ku busimu mu bulamu bwo, tandika okugezesa okwagala agape. Yagaliza abalala okuba obulungi nga tofuddeeyo ku butya bw'owulira, era ekyo kye kijja okukuleetera okwagalira ddala.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma 1 Yokaana 5:3. Okwagala kwa Katonda kulagibwa okuyita mu …?

   **1 Yokaana 5:3 –** *"Kubanga okwagala kwa Katonda kwe kukola ebyo by'atulagira okukola. Okukola by'atulagira si kizibu."*

2. Soma Baruumi 13:9-10. Nnyonnyola ngeri ki ekiragiro ekiri mu nnyiriri zino gye kiragamu okwagala.

   **Abaruumi 13:9-10** – *"Kubanga amateeka gano nti, 'Toyendanga, tottanga, tobbanga, teweegombanga' n'etteeka eddala, ligattiddwa mu kino nti, 'Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka' [10] Ayagala muliraanwa we tamukola bubi; noolwekyo okwagala kyekuva kutuukiriza amateeka."*

3. Soma Baruumi 12:19-21. Tuyinza tutya okwagala abalabe baffe ne bwe tuba nga tuwulira tetukyagala?

   **Abaruumi 12:19-21** – *"Abaagalwa, temuwalananga ggwanga, era ekiruyi mukirekere Katonda, nga bwe kyawandiikibwa nti, 'Okuwoolera eggwanga kwange, nze ndisasula,' bw'ayogera Mukama. [20] 'Noolwekyo omulabe wo bw'alumwanga enjala, muliisenga; bw'alumwanga ennyonta muwenga ekyokunywa, bw'okola bw'otyo olimukumira amanda g'omuliro ku mutwe gwe.' [21] Towangulwanga kibi, naye wangulanga ekibi ng'okola obulungi."*

4. Soma Tito 2:4. Ekitundu kino kitulaga ki ku kwagala?

   **Tito 2:4 –** *"Balyoke basobole okugunjula abakazi abato okwagalanga ba bbaabwe awamu n'abaana babbaabwe."*

5. Soma 1 Abakkolinso 13:4-8. Nnyonnyola ennono z'okwagala mu bujjuvu.

   **1 Bakkolinso 13:4-8** - *"Okwagala kugumiikiriza era kwa kisa. Okwagala tekulina buggya era tekwenyumiikiriza wadde okwekuluntaza. [5] Okwagala tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiiga mangu, era tekusiba kibi ku mwoyo. [6] Okwagala tekusanyukira bitali bya butuukirivu, wabula kusanyukira mazima. [7] Okwagala kugumira byonna, kukkiriza byonna, kusuubira byonn.a era kugumiikiriza byonna. [8] Okwagala tekulemererwa!"*

6. Soma 1 Yokaana 3:18. Tuyinza tutya okussa okwagala mu nkola?

   **1 Yokaana 3:18 –** *"Abaana abaagalwa, tetusaana kwagala mu bigambo kyokka, wabula twagalanenga ne mu bikolwa ne mu mazima."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma 1 Yokaana 5:3. Okwagala kwa Katonda kulagibwa okuyita mu …?
   Okwagala kwa Katonda kulagibwa okuyita mu **biragiro** bye.

2. Soma Baruumi 13:9-10. Nnyonnyola ngeri ki ekiragiro ekiri mu nnyiriri zino gye kiragamu okwagala.
   **Okwagala tekukola kibi muliraanwa waakwo. Buli kiragiro kiraga okwagala, na ngeri ki gye tuteekeddwa okweyisaamu eri baliraanwa baffe.**

3. Soma Baruumi 12:19-21. Tuyinza tutya okwagala abalabe baffe, ne bwe tuba nga tuwulira tetwagala?
   **Omulabe waffe bw'aba alumwa enjala, tusobola okumuwa eky'okulya: bw'aba omuyonta, tusobola okumuwa eky'okunywa. Tusobola okufaayo ku lw'obulungi bw'abalala nga tetufuddeeyo ngeri gye tuwuliramu.**

4. Soma Tito 2:4. Ekitundu kino kitulaga ki ku kwagala?
   **Okwagala kuyigirizibwa. Okwagala tekusinziira ku ngeri gye weewuliramu.**

5. Soma 1 Bakkolinso 13:4-8 Nnyonnyola ennono z'okwagala mu bujjuvu.
   **Nnyonnyola ennono z'okwagala mu bujjuvu. "Okwagala kwa kisa era kugumiikiriza, tekulina buggya, si kwenyumiriza, si kwekulumbaza. Okwagala tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiiga mangu era tekusiba kibi ku mwoyo. Okwagala tekusanyukira bitali bya butuukirivu, wabula kusanyukira mazima. Okwagala kugumira byonna, kukkiriza byonna, kusuubira byonna era tekulemererwa!"**

6. Soma 1 Yokaana 3:18. Tuyinza tutya okusa mu nkola okwagala?
   **Tuleme kwagala na bigambo byaffe byokka, naye ne mu bikolwa byaffe.**

## ESSOMO 13

# OKWAGALA KWA KATONDA (Ekitundu 2)

### Omusomesa: Don Krow

Mu kuyiga ku “Kwagala kwa Katonda" ekitundu 1, nakubuulidde ku Baromania be nnasanga mu kimu ku bufo ewawummulirwa. Nga sinnakunyumiza byaddirira, ka nkuddiremu ebimu ku bye twayogeddeko ku kwagala kwa Katonda. Yesu Kristo ye yasinga okwolesa okwagala okw’engeri eno. Kyokka ate bwe tusoma mu Bayibuli, Yesu teyayogerako ku kigambo nti, “Nkwagala.” Ekyo tolaba nga kyewuunyisa nnyo? Eyasinga okwolesa okwagala teyayogerako nti, “Nkwagala.” Omanyi Lwaki? Lwa kuba okwagala kusinga ku bigambo obugambo. Okwagala bikolwa. Okugeza, watya bwe ŋŋamba mukyala wange nti, "Nkwagala,” ate ne ŋŋenda mu bwenzi? Anakkiriza bigambo byange, oba anakkiriza bikolwa byange? Ajja kukkiriza bikolwa byange, kubanga ebitundu kyenda mu bitaano ku kikumi eby'okwagala, si bya bigambo; okwagala tekuli mu bigambo by'oyogera wabula kuli mu by'okola.

Mu 1 Yokaana 3:18 wagamba nti, *“Abaana abaagalwa, tetusaana kwagala mu bigambo kyokka, wabula twagalanenga ne mu bikolwa ne mu bulamu obulabika eri abantu."* Okwagala kigambo kikozi. Mu Matayo 25:35-36 Yesu annyonnyola okwagala n'ebikolwa bye kwolesa ng'agamba nti, "Nnali muyala ne mundiisa, nnali muyonta ne mumpa eky'okunywa, nnali bwereere nga sirina kyakwambala, ne munyambaza, nnali mulwadde, ne mundabirira." Mu lunyiriri olwa 40 agamba nti, *"Ebyo bwe mubikolera abalala aba wansi, baganda bange, muba mubikoledde nze."* Okiraba nti okwagala kikolwa era ky’ekyo ky'okola. Abebbulaniya 6:10 wagamba nti, *“Kubanga Katonda mwenkanya tayinza kwerabira mulimu gwammwe omunene bwe gutyo, n’okwagala kwe mwagala erinnya lye, era amanyi bwe mwaweereza abantu be, era bwe mukyeyongera okubaweereza.*” Mu Matayo 22 Yesu bwe baamubuuza tteeka ki ekkulu, yaddamu nti kwagala Katonda ne muntu munno. Amateeka gano gombi eky'amazima galimu etteeka limu, bwe gaba nga gategeereddwa bulungi. Bw'olaga banno okwagala, aba wansi baganda bo, Yesu yagamba nti mu butuufu okwagala okwo, obeera okulaze ye. Bayibuli eyigiriza nti tulina omwagaanya omulungi ennyo okwagala Yesu Kristo mu bikolwa buli lwe twagala abalala.

Mu kuyiga kwaffe okuwedde, nababuulidde ku Baromania be nasanga mu kyererezi ekiwummulirwamu. Obulamu bwabwe bwakyuka kubanga nnayagala okubeera kwabwe obulungi nga sifuddeeyo ku bwe mpulira muli. Baali ba laangi ya njawulo, era nga bava mu ggwanga ddala, naye nnali nkimanyi nti okwagala kwa Katonda kweraga, bwe tufaayo ku kubeera kw'abantu abalala obulungi nga Yesu bwe yakola. Yesu eky'okugenda ku musaalaba teyakiwulira mu busimu. Yagamba nti, “Kitange, singa waliwo ekkubo eddala, leka kibe bwe kityo, naye si nga nze bwe njagala, wabula nga ggwe bw'oyagala.” Yesu yanoonya okubeera kwaffe obulungi nga tafuddeeyo ku butya bw'awulira.

Lumu Abaromania bankubira essimu nga balina ekizibu eky’amaanyi. Baali bamaze mu Amerika emyaka musanvu n'ekitundu, nga babeera Kansas, era nga bakola. ‘Kkooti’ yali emaze

okuwa ensala yaayo ku nsonga yaabwe ey'okufuna obutuuze, era ng'ebawadde ennaku amakumi asatu okujuliriramu, oba si ekyo nga bagenda kuzzibwaayo mu nsi yaabwe. Mu ggwanga lya Amerika, ku kikumi mu mbeera eza bulijjo abafuna omukisa okuweebwa obubudamo tebatera kussukka mu bataano. Bwe baagenda ewa 'looya', naye yabagamba nti tebaalina mukisa gwa kuwona kubazzaayo. Ne mbagamba nti tugenda kusaba ngezeeko okubayamba, naye nga nnali simanyi bwe mba mbayamba. Ne ndowooza nti tekyali kya bwenkanya okubazzaayo, naddala ng'abaana baabwe bwe baali tebakyamanyi na lulimi lw'e Romania.

Mukwano gwange omu yakubira omukiise waffe owa Colorado mu Palamenti, eyasuubiza okukwatagana ne Senator Sam Brownback mu Kansas, olw'okuba Abaromania gye baali babeera. Ekyo kyali kirungi nnyo kubanga nnina mukwano gwange ayitibwa Kim, eyali akolera Senator Brownback. Nakwatagana ne Kim, era n'afuna abantu bana mu Washington DC okukola ku musango ogwo. Ab'ekyaalo kye Sublette mu ssaza Kansas, ne bawagira Abaromania nga babawolereza, nga bassa emikono ku kiwandiiko ekikakasa nga bwe baali beetaaga Abaromania okusigala mu kitundu ekyo. "Bantu balungi, bawa emisolo, ate bakozi nnyo. Tubeetaaga okusigala wano." Ne wabaawo omuko mulamba ogw'amawulire ogwali gwogera ku kyali kibaddewo. Kyali ky'amagero era olw'okuba ensonga zaayingirwamu abakungu abakulu mu 'gavumenti' yaffe abaategeera ekyali kigenda mu maaso, Abaromania baafuna ebaluwa ng'esazaamu okugobwa, era baali basobola okusigala mu Amerika.

Nagenda e Sublette, Kansas gye baali babeera. Mikwano gyange tegyamanya nti gye nnali ŋŋenda, era nagenda okutuukayo nga bali ku ssimu beebaza Senator Brownback olw'okubayamba okufuna obubudamo. Ye kennyini teyasobola kubaawo kubanga lwe lwali olunaku olusembayo olw'okuwulira omusango gw'okuggya obwesige mu Pulezidenti Clinton, naye omukutu gwa ABC ne NBC baaliwo ne kkamera zaabwe. Olwaali okuva ku ssimu, ne badduka okujja wendi, ne bangwa mu kifuba, ne kkamera ne zikyuka okudda ku nze. Bannamawulire ne bambuuza nti, "Gwe ani, era wamanya otya abantu bano?" Ne mbabuulira byonna nga bwe byali, nga bwe nabasanga mu kibangirizi ewawummulirwa, ne nfuba okulaba nga babeera bulungi ku lwa Katonda, n'olwekyo Yesu kye yagamba mu Matayo 7:12.

Okuva awo, twagenda mu kizimbe omukolerwa emizannyo mwe baali batimbye 'bbaluuni' eza 'bbululu', enjeru, n'emyuufu buli wantu, nga bayimba ennyimba ez'obuwanguzi. Mikwano gyange bwe baayingira, buli omu n'atandika okuleekaana, ng'abamu bwe bakaaba. Meeya w'ekibuga n'agamba nti, "Olwaleero, Ogwokubiri nga 12 lugenda kuba lunaku lwa kussa kitiibwa mu Baromania bano. Naabakwasa bbendera y'Amerika Senator gye yali atutte mu kibuga ekikulu Washington, DC, okubassaamu ekitiibwa, n'abalaga n'empapula ezaali ziraga nti batuuze mu Amerika. Buli omu yawa obujulizi, era ne bansaba mbasabire. Ne mbagamba nti waaliwo omuntu omu gwe twali tetunneebaza kimala, era ng'oyo ye Katonda Omuyinza w'ebintu byonna. Ne mbajjukiza bwe nagenda ewawummulirwa eri e Colorado Springs, CO, emyaka musanvu n'ekitundu emabega, nga nnoonya Katonda, nga mmugamba nti njagala kubaako omuntu gwe mpeereza gy'ali n'okwagala kwe olunaku olwo, era ne nuŋŋamizibwa eri Abaromania abo. Byonna ne mbibaddiramu, ne mpunzika nga mbagamba nti Katonda ayagala okubayamba era baanirizibwa nnyo mu Amerika.

Engeri byonna gye byabaawo, kyali ky'amagero. Nnali mmanyi abantu abatuufu mu bifo ebituufu mu kiseera ekituufu. Omwaka ogwali guyise ng'ebyo byonna tebinnabeerawo, mukwano gwange Kim ye yagamba Senator Brownback nti, "Olina okusisinkana Don Krow", era n'akola enteekateeka ajje okundaba mu buweereza bwa Andrew Wommack. Nnali simanyi lwaki, era saakyagala bulungi. Ssaakimanya nti Katonda ye yali akikola ng'aliko amaka g'ayagala okulagirako okwagala kwe, bwe tugondera ekiragiro kya Yesu ekitugamba nti kye twagala batukolere, tusooke tukikolere abalala. Ekyo ky'ekyamagero kye batalyerabira, era olubeerera bajuliza nti ddala oyo yali Katonda. Anka, omukazi oyo Omuromania yayogera bw'ati, "Okukkiriza kwange kwayuugayuuga naye Katonda yasigala mwesigwa, era n'atukkiriza eky'okusigala kwaffe mu Amerika."

Waliyo abantu nkuyanja leero abakaabira okwagalibwa, naye ng'engeri yokka gye bayinza okukituukako, kwe kuba nga ggwe nange tusalawo okutegeera ennono z'okwagala okuva mu Kigambo kya Katonda. Okwagala kwa kisa, kufaayo eri abalala okuba obulungi, nga Yesu bwe yatunoonyeza okuba obulungi bwe yagenda ku musaalaba. Katonda akuwe omukisa olwaleero nga weeyongera okwetegereza ennono zino na kiki ddala kye kitegeeza okwagala n'okwagala kwa Katonda.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Matayo 7:12. Mu bigambo byo, tubuulire etteeka ekkulu.

   **Matayo 7:12 –** *"Noolwekyo ebintu byonna bye mwagala abantu okubakoleranga, nammwe mubibakoleranga, kubanga ebyo bye biri mu mateeka ne mu bunnabbi."*

2. Soma Matayo 7:12. Mu kugezaako okunoonya okwagala, abantu bangi bagezaako kunoonya muntu mutuufu. Weetaaga kunoonya muntu mutuufu, oba ggwe oteekwa okuba omutuufu?

3. Soma 1 Yokaana 5:3. Okwagala y'engeri gy'owuliramu oba okwagala ky'ekyo ky'okola?

   **1 Yokaana 5:3 –** *"Kubanga okwagala kwa Katonda kwe kukola ebyo by'atulagira okukola. Okukola by'atulagira si kizibu."*

4. Soma 1 Yokaana 3:18. Ssinga ogamba mukyala wo oba omwami wo nti, "Nkwagala!", naye n'ogenda mu bwenzi, anakkiriza bigambo byo oba bikolwa byo?

   **1 Yokaana 3:18 –** *"Abaana abaagalwa, tetusaana kwagala mu bigambo kyokka, wabula twagalanenga ne mu bikolwa ne mu bulamu obulabika eri abantu."*

5. Soma Baruumi 5:6-8. Gwe olowooza Yesu eky'okufa yawulira ng'akyagala?

   **Abaruumi 5:6-8 –** *"Bwe twali tukyali banafu wakati mu bibi, Kristo yatufiirira ffe aboonoonyi. [7] Kizibu okufiirira omuntu omutuukirivu. Oboolyawo omuntu ayinza okwewaayo okufa ku lw'omuntu omulungi [8] Kyokka Katonda alaga okwagala kwe gye tuli mu ngeri eno: bwe twali tukyali boonoonyi, Kristo n'atufiirira."*

6. Soma Baggalatiya 5:22. Kituufu tuyinza okwagalira ddala, Katonda bw'aba nga Katonda si y'entabiro y'obulamu bwaffe?

   **Abaggalatiya 5:22 –** *"Naye ebibala eby'Omwoyo bye bino: okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa."*

7. Soma 1 Yokaana 4:8. Ensonga lwaki twetaaga Katonda okutuyambira ddala okwagala abalala, kwe kuba nti Ye yennyini ye …?

   **1 Yokaana 4:8** – *"Naye buli atalina kwagala tamanyi Katonda, kubanga Katonda kwagala."*

8. Soma 1 Bakkolinso 13:5. Londa mu bigambo bino ekinnyonnyola okwagala kye kutali: omuntu atalina mpisa, okweyagaliza wekka, obutasonyiwa.

**1 Bakkolinso 13:5** - *"Okwagala tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiiga mangu, era tekusiba kibi ku mwoyo."*

9. Soma 1 Bakkolinso 13:8. Kiki ekimu kyokka ky'olitwaala okuva mu bulamu buno okudda mu bulamu obuliddako oba obusukka ntaana??

   **1 Abakkolinso 13:8** – *"Okwagala tekulemererwa; obunnabbi buliggyibwawo, n'ennimi zirikoma, n'okumanya okw'enjawulo kwonna kulikoma."*

10. Soma Engero 10:12, 1 Bakkolinso 13:5, wagamba nti, "Okwagala tekusiba kibi ku mwoyo." Okwagala kubikka ku bibi bimeka?

    **Engero 10:12 –** *"Obukyayi buleeta enjawukana, naye okwagala kubikka ku bibi bingi."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Matayo 7:12. Mu bigambo byo tubuulire etteeka ekkulu.
   **Okukolera abalala kye waalyagadde bakukolere.**

2. Soma Matayo 7:12. Mu kugezaako okunoonya okwagala, abantu bangi bagezaako kunoonya muntu mutuufu. Weetaaga kunoonya muntu mutuufu, oba ggwe oteekwa okuba omutuufu?
   **Ggwe fuuka omuntu omutuufu.**

3. Soma 1 Yokaana 5:3. Okwagala y'engeri gy'owuliramu oba okwagala ky'ekintu ky'okola?
   **Ky'ekyo kye tukola nga tutambulira mu nnono za Katonda (ebiragiro).**

4. Soma 1 Yokaana 3:18. Ssinga ogamba mukyala wo oba omwami wo nti, "Nkwagala!", naye n'ogenda mu bwenzi, anakkiriza bigambo byo oba bikolwa byo?
   **Ebikolwa byo. Ebikolwa bigenda kwogera nnyo okusinga ebigambo.**

5. Soma Baruumi 5:6-8. Gwe olowooza Yesu eky'okufa yawulira ng'akyagala?
   **Nedda, wabula yafaayo ku lw'obulungi bw'abalala, nga tafuddeeyo ku butya bwawulira.**

6. Soma Baggalatiya 5:22. Kituufu tuyinza okwagalira ddala, Katonda bw'aba nga si y'entabiro y'obulamu bwaffe?
   **Nedda.**

7. Soma 1 Yokaana 4:8. Ensonga lwaki twetaaga Katonda okutuyambira ddala okwagala abalala, kwe kuba nti Ye yennyini ye ...?
   Ensonga lwaki twetaaga Katonda okutuyambira ddala okwagala abalala, kwe kuba nti Ye yennyini ye **kwagala.**

8. Soma 1 Bakkolinso 13:5. Londa mu bigambo bino ekinnyonnyola okwagala kye kutali: omuntu atalina mpisa, okweyagaliza wekka, obutasonyiwa.
   **Ebigambo bino byonna (obutaba nampisa, okweyagaliza wekka, n'obutasonyiwa) byonna binnyonnyola okwagala kye kutali.**

9. Soma 1 Bakkolinso 13:8. Kiki ekimu kyokka ky'olitwaala okuva mu bulamu buno okudda mu bulamu obuliddako oba obusukka entaana?
   **Okwagala. Kulibeerawo olubeerera.**

10. Soma Engero 10:12, 1 Bakkolinso 13:5 wagamba nti, "Okwagala tekusiba kibi ku mwoyo." Okwagala kubikka ku bibi bimeka?
    **Byonna.**

## ESSOMO 14

# EBY'ENSIMBI (Ekitundu 1)

### Omusomesa: Andrew Wommack

Olwaleero njagala kuyigiriza ku ngeri Yesu gy'ayagala okulaakulane mu by'ensimbi. Kino kikulu nnyo eri buli omu. Kyetaagisa ssente okubeerawo, kikusobozese okukola ku byetaago byo, n'okubeera omukisa eri abalala. Katonda teyatuleka ffeka mu nsonga eno ng'agamba nti afa ku bikwata ku myoyo gyaffe byokka, naye si bya nsimbi zaffe, muli ng'alinga agamba nti mw'ekyo twerabirire. Si bwe kiri. Katonda akwagala mu buli nsonga yonna - mu mwoyo, emmeeme n'omubiri, era yakuteerawo obugabirizi. Abantu abasinga obungi bakikkiriza nti kyetaagisa okubaako n'ensimbi, naye ng'eddiini okutwaliza awamu tekkiririza mu kya bantu kubeera na sente mu bungi.

Ekigambo kya Katonda kiyigiriza nga kigaana omululu mu ngeri nnyingi, naye ate nga kitulaga bulungi nti ensimbi mukisa. Mu 3 Yokaana 2, Omutume Yokaana yagamba nti, *"Abaagalwa, kye mbaagaliza mu bintu byonna nti mubeere nga mukulaakulana ate mu beere mu bulamu obulungi, nga n'emmeeme zammwe bwe zikulaakulana."* Ekigambo ekyo nga kikulu nnyo! Yokaana agamba nti, "Okusinga byonna!" Yali ayogera ku kuwonyezebwa, ebirowoozo, enkolagana zaffe n'abalala, era n'ebyensimbi. Mukama ayagala okulaakulane, era obeere mu bulamu obulungi okusinga byonna. Ayagala okulaakulane mu mwoyo, emmeeme, era n'omubiri. Okwo kwe kwagala kwe gy'oli.

Bannadiini bangi baakyogerera ddala nti Katonda ayagala obeere mwavu, nga bagamba nti okubeera omwavu kya bwakatonda, mbu era gy'okoma okuba omwavu gy'okoma okuba omuntu wa Katonda. Baankuliza mu ndowooza bw'etyo, egamba mbu ababuulizi tebateekwa kuba na ssente nnyingi, mbu era Omukrisitaayo ye muntu ateekeddwa okubeerawo ng'ali mu bwetaavu. Wabula tewali kyawandiikibwa kiwagira ndowooza eyo. Ibulayimu yali mugagga nnyo mu kiseera kye, yali mugagga nnyo ekyaleetera ne bakabaka okumugamba abaviire kubanga bye yalina byali bitaataganya eby'enfuna z'amawanga gaabwe. Era bwe kityo bwe kyali ne ku Isaaka, ne Yakobo. Yusufu yali musajja eyakulaakulana, era n'abeera mu bugagga obuyitirivu. Dawudi yawaayo ebibalirirwa mu zaabu ne ffeeza eri Mukama okuva mu ggwanika lye ye, nga leero bibalirirwaamu 'ddoola' ezissukka obuwumbi obubiri n'ekitundu. Sulemaani, mutabani wa Dawudi ye musajja akyasinze okuba omugagga ku nsi eno. Bwe weetegereza mu byawandiikibwa, olaba ng'abantu abaaweerezanga Katonda baabanga n'omukisa mu by'ensimbi.

Waliwo n'eby'okulabirako eby'abantu abaatawaana mu by'ensimbi, era nga baatambulira mu bwavu. Pawulo yagamba mu Bafiripi 4:13 nti yali ayinza byonna okuyita mu Kristo, nti era yali ayize okuba omumativu mu buli mbeera yonna gye yabanga ayitamu. Yagamba nti yali amanyi okuba mu bwetaavu, n'okuba n'omuyiika. Waabangawo ebiseera abaweereza ba Katonda lwe baayitanga mu bwaavu ne mu bizibu, naye tewali we kyawandiikibwa nti gy'okoma okubeera omwavu, gy'okoma okubeera omuntu wa Katonda. Ekyo si kituufu, era osobola n'okugenda ku

nguudo z'ebibuga n'okiraba nti si kituufu. Naye ng'ekituufu, era eky'amazima, omululu mubi. Mu 1 Timoseewo 6:10 wagamba nti, *"Kubanga okwagala ensimbi y'ensibuko y'ebibi byonna ..."* Abantu abamu ekyo kye beekwasa nga bagamba nti ssente y'ensibuko y'ebibi byonna, naye nga wagamba nti okwagala ssente y'ensibuko y'ebibi byonna. Waliyo abantu nga baagala nnyo ssente, naye nga tebalina wadde ennusu; ate ng'abalala balina obugagga bungi naye nga tebabwagala. Babukozesa bukozesa, so si bwe bubakozesa.

Ekyamateeka 8: 18, walaga ekigendererwa kyennyini eky'okukulaakulana mu by'ensimbi. Tulaba Mukama ng'ayogera eri abaana ba Yisirayiri abaali banaatera okuyingira mu Nsi Ensuubize, era nga baali bagenda kugwa mu bintu n'obugagga bwe baali tebalabangako,abagamaba nti, *"Naye ojjukiranga Mukama Katonda wo, kubanga y'akuwa obuyinza okufuna obugagga, alyoke atuukirize endagaano ye gye yalayirira bajjajjaabo, nga bwe kiri leero."* Okusinziira ku kyawandiikibwa kino, ekigendererwa ky'okukulaakulana, si kubeera na muyiika gwa bintu olw'ebigendererwa eby'okwerowoozaako wekka, wabula kukusobozesa okunyweza endagaano ya Katonda wano ku nsi. Mu ngeri endala Katonda akuwa omukisa ate naawe ofuuke omukisa. Mu Lubereberye 12:2 Mukama yagamba Ibulayimu nti, *"Ndikuwa omukisa, n'erinnya lyo ndirifuula ddene; era naawe olifuuka omukisa."* Nga tonnaba kubeera mukisa eri omulala yenna, ggwe wennyini olina okuba ng'oweereddwa omukisa.

Olina ebintu bye weetaaga, era olina ebyetaago Katonda by'ayagala okukolako, naye kisukka ku ky'okwerowoozaako wekka. Ayagala akukulaakulanye, asobole okuyisa ssente ze mu ggwe, osobole okufuuka omukisa. Mu 2 Abakkolinso 9: 8 wagamba nti, *"Katonda ayinza okwaza ekisa kyonna gye muli, bulijjo mubeerenga n'ebibamala byonna mu buli kintu nga musukkirira mu mulimu gwonna omulungi."* Kino kye kikutegeeza lwaki Katonda agenda kukukulaakulanya, osobole okukola buli mulimu omulungi. Ago ge makulu g'okukulaakulana mu kyawandiikibwa ekyo. Okukulaakulana kye ki? Kwe kubeera n'ennyumba ennungi, emmotoka ennungi, engoye ennungi, n'emmere ku mmeeza yo? Okusinziira ku lunyiriri olwo, kwe kubeera n'ebikumala okukola ku byetaago byo, ate n'osobola okukola buli mulimu omulungi. Bw'oba tosobola kuwaayo ku bintu by'owulira nga Katonda akugamba okuwaayo, oba singa obeera oyagala okuba omukisa eri omuntu omulala naye nga tosobola, ekyo kitegeeza nti toli mu kukulaakulana mu bya nsimbi okusinziira ku byawandiikibwa kye byogera. Katonda agamba nti agenda kukuwa omukisa otuuke ku ddaala ng'ebyetaago byo byonna bikolwako, olw'obeere ng'osobola okukola buli mulimu omulungi.

Okukulaakulana kwennyini Bayibuli kweyogerako, si kwe kufuna ssente ezikola ku byetaago byo byokka, naye ggwe kwe kubeera omukisa eri abantu abalala. Omuntu alowooza nti buli kimu kirina kuba kikye, aba yeerowoozaako yekka. Singa omuntu agamba nti, "Nzikiriza Mukama okunyongera ebintu bingi", abamu bayinza okumulowoozaako ng'owomululu, oba eyerowoozaako yekka, naye kisinziira ku kigendererwa kye. Singa osaba Mukama akwongere ssente osobole okuzimba ennyumba ennene ennyo, oba okugula mmotoka ennungi, ogwo si gwe mwoyo omutuufu ekyawandiikibwa ekyo gwe kyagaliza obugabirizi obwo. Naye bw'osaba Katonda akwongere kubanga ng'okooye okukola ku byetaago byo byokka, nga kati oyagala

okubeera mukisa eri n'abalala, eyo y'endowooza Katonda gy'ayagala obeere nayo. Ayagala okulaakulane. Kwe kwagala kwe ggwe okukulaakulana.

Matayo 6 ayogera ku byetaago byaffe ng'agamba nti bwe tunoonya obwakabaka bwa Katonda n'obutuukirivu bwe, byonna ebirala abitwongerako. Kale bw'otandika okukulembeza Katonda, agenda kukuwa byonna ebirala bye weetaaga. Byonna bye weetaaga ogenda kuba nabyo, era obeere omukisa eri abalala. Katonda akwagaliza okukulaakulana, naye kisinziira ku bigendererwa n'ebikolwa byo mu nsonga y'ebyensimbi eno.

Nkusabira nga bino bikusoomozezza, otandike okukkiriza Katonda olw'ebyo ebisingira ddala obulungi, era ng'ekyo kwe kubeera ng'okulaakulana.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma 2 Bakkolinso 8:7-8. Bw'owa abali mu bwetaavu, eno y'emu ku ngeri gy'oyinza okukakasa nti.

   **2 Abakkolinso 8:7-8** – *"Naye nga bwe musukkirira mu bintu byonna, mu kukkiriza, ne mu kigambo, ne mu kutegeera, ne mu kunyiikira kwonna, twagala okulaba nga ne mu kisa kino musukirira. [8] Sibawa kiragiro, wabula olw'okunyiikira kw'abalala n'okugezesa okwagala kwammwe nga kw'amazima."* (New Living Translation)

2. Soma 2 Bakkolinso 8:13-14. Ffenna bwe twegatta awamu mu kuwaayo, Katonda abeera ayagala wabeewo ki?

   **2 Abakkolinso 8:13-14** – *"Abalala baleme kuyambibwa ate nga mmwe munyigirizibwa, walyoke wabeewo, okwenkanankana. [14] Kaakano bye mulina ebingi biyambe abo abali mu kwetaaga ate ebyabwe bye baliba nabyo ebingi biribayamba nga muli mu kwetaaga."*

3. Soma 2 Bakkolinso 8:13-14. Ebyetaago bya buli muntu binaakolwanga bitya?

4. Soma Beefeeso 4:28. Omuntu abadde omubbi asaanidde alekeraawo okubba, naye atandike okukola, okusobola okwebeezaawo. Era kiki ekirala Beefeeso 4:28 kye wamugamba okukola?

   **Abeefeeso 4:28 –** *"Abadde omubbi alekeraawo okubba, wabula anyiikirenga okukola eby'omugaso ng'akola n'emikono gye, alyoke afune ky'agabirako n'abo abeetaaga."*

5. Soma Lubereberye 13:2 ne 12:2. Katonda yasobola okwesigisa Ibulayimu eby'obugagga kubanga yali teyerowoozaako yekka, naye yali …? eri abalala.

   **Lubereberye 13:2** – *"Mu kiseera ekyo Ibulaamu yalina ente nnyingi, ne ffeeza ne zaabu nnyingi nnyo."*

   **Lubereberye 12:2** – *"Era ndikufuula eggwanga eddene, era ndikuwa omukisa, era ndikufuula mukulu nnyo era naawe olibeera mukisa."*

6. Soma 1 Timoseewo 6:17-18. Bintu ki ebisatu abagagga bye balina okukozesa ssente zaabwe?

   **1 Timoseewo 6:17-18** – *"Okuutirenga abagagga ab'omu mirembe gya kaakano, obuteekuluntaza, wadde okwesiga obugagga kubanga si bwa lubeerera, wabula beesige Katonda atuwa byonna olw'okwesanyusanga, [18] bakole ebirungi, babe bagagga mu bikolwa ebirungi, nga bagabi, era abaagala okugabana n'abalala.*

7. Katonda asobola okukwesigisa ensimbi?

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma 2 Bakkolinso 8:7-8. Bw’owa abali mu bwetaavu, eno y'emu ku ngeri gy’oyinza okukakasa nti.
   **Okwagala kwo kwa namaddala.**

2. Soma 2 Bakkolinso 8:13-14. Ffenna bwe twegatta awamu mu kuwaayo, Katonda abeera ayagala wabeewo ki?
   **Obwenkanya, buli omu asaana aweeyo ky’asobola.**

3. Soma 2 Bakkolinso 8:13-14. Ebyetaago bya buli muntu binaakolwanga bitya?
   **Ng’owaayo ky’osobola, lw’osobola.**

4. Soma Beefeeso 4:28. Omuntu abadde omubbi asaanidde alekeraawo okubba, naye atandike okukola, okusobola okwebeezaawo. Era kiki ekirala Beefeeso 4:28 kye wamugamba okukola?
   **Okugabira abaavu, n’abo abali mu bwetaavu.**

5. Soma Lubereberye 13:2 ne 12:2. Katonda yasobola okwesigisa Ibulayimu eby’obugagga kubanga yali teyerowoozaako yekka, naye yali …? eri abalala.
   Katonda yasobola okwesigisa Ibulayimu eby’obugagga kubanga yali teyerowoozaako yekka naye yali **mukisa** eri abalala.

6. Soma 1 Timoseewo 6:17- 18 (New Living Translation). Bintu ki ebisatu abagagga bye balina okukola ne ssente zaabwe?
   **Bakole bulungi, baweeyo n’omutima omugabi eri abo abali mu bwetaavu, bagabane n’abalala buli Mukama ky’abawadde.**

7. Katonda asobola okukwesigisa ensimbi?

## ESSOMO 15

# EBY’ENSIMBI (Ekitundu 2)

### Omusomesa: Andrew Wommack

Olwaleero njagala kwongera kuyigiriza ku bikwata ku ssente. Mu kuyigiriza okuyise nannyonnyodde nti kwagala kwa Katonda ggwe okulaakulane. Kaakati njagala mbeeko ebisumuluzo bye nkuwa engeri gye kikolamu. Luka 6:38 wagamba nti, *“Mugabenga nammwe muliweebwa. Ekigera ekirungi ekikattiddwa, ekisuukundiddwa, eky’omuyiika kiribakwasibwa. Kubanga ekigera kye mugereramu nammwe mwe muligererwa.”* Waliwo ennono nnyingi ezikirimu, naye toyinza kwogera ku kukulaakulana nga toyogedde ku kuwaayo.

Bw'oyogera ku kukulaakulana mu by'ensimbi abantu abasinga obungi bagamba nti, yadde nga Katonda ayagala okutulaakulanya, naye ssi kya tteeka nti omuntu alina okugaba. Olaba mu Bayibuli Yesu we yayogerera ku mukazi namwandu eyawaayo mu kibbo ennusu ze ebbiri ze yali asigazza? Yali atunuulira abagagga nga bateekamu ssente nnyingi, kyokka n'ayita abayigirizwa be n'abagamba nti omukazi ono awaddeyo kinene nnyo okusinga bonna, kubanga bali bawaddeyo okuva ku muyiika gwe balina, naye ye awaddeyo mu bwaavu bwe. Omuwendo gw’ekyo ky'owaddeyo Katonda tagupimira ku bungi bwa ssente z'owaddeyo, wabula asinziira kw'ekyo kye wabadde olina okuwaayo. Omuntu bw'agamba nti talina kya kuwaayo, tekiba kituufu. Bw'oba tolina wadde, waakiri obaayo n’olugoye lw'owaayo. Buli omu alina ky’ayinza okuwaayo, era eby'okugamba mbu tolina kintu kyonna kya kuwaayo tekiriiyo. Mu butuufu, w’obeerera ng'olina katono ak’okuwaayo, ate olwo lw'olina okuweerayo ddala okusinga kye wali owaddeyo. Omuntu alina ‘ddoola’ kkumi bw'awaayo ettaano, abeera awaddeyo kinene nnyo okusinga omuntu awaayo akakadde ka ‘ddoola’ naye ng’atodde ku buwumbi na buwuumbi. Katonda yakiteekateeka bulungi nnyo bw'atyo buli muntu asobole okuwaayo.

Lwaki Katonda yatugamba okuwaayo? Waliwo ebintu bingi ebikirimu, naye ekimu ku bigendererwa ebikulu, kwe kuba nti Katonda ayagala omwesige mu buli nsonga yonna mu bulamu bwo. Ne bw’owaayo naye nga tokkiriza Katonda ne kye yagamba nti bw’owaayo naawe ogenda kuweebwa, tekigenda kkukolera. Kubanga singa Katonda teyasuubiza mukisa gwa byetaago byo kukolwako, tobeera na ssuubi lyonna. N’olwekyo, kitwala kukkiriza okuwaayo nga Katonda bw'agamba, era eyo y'ensonga lwaki yakugamba okikole.

Mu Lukka 16, mulimu olugero lw'omuwanika eyabbanga Mukama we. Katonda kino yakiwunzikira mu bigamboo bya Yesu bwe yagamba nti bw'oba tobadde mwesigwa mu mammona atali mutuukirivu (ng'ayogera ku ssente), olwo ani ayinza okukwesigisa obugagga bwennyini? Bw'oba nga tosobodde kukkiriza Katonda mu bitono, ebikwata ku ssente, olwo ebisinga obukulu ng'eby'omwoyo obituukako otya? Eby'awandiikibwa nga bino bifuula ssente okuba eddaala erisookerwako mu buwanika. Bw'oba tosobola kwesigisa Katonda ssente zo, olwo oyinza otya okumwesigisa obulamu bwo obw’emirembe n’emirembe? Oyinza otya okukkiririza ddala nti Yesu yakusonyiwa ebibi byo, nti era ojjanga kubeera mu ggulu emirembe gyonna? Eby'omwoyo bye

tuteekamu okukkiriza kwaffe mu Mukama bikulu nnyo bw’obigeraaranya ku ssente. Ssente kintu kitono nnyo, naye ate kye kisookerwako ng’otandika okwesiga Katonda. Engero 11: 24 wagamba nti, Omuntu agaba obuteerekereza, yeeyongera bweyongezi kugaggawala, naye akwatirira kye yandigabye, yeeyongera kwavuwala.

Singa onoonya obwakabaka bwa Katonda n'obutuukirivu bwe mu kusooka, olwo agenda kukugattako ebirala byonna. Bw'oba ogamba nti oyagala Katonda akuyambe mu by'ensimbi, naye ng'okusookera ddala tonoonya bwakabaka bwa Katonda, era nga totwaala ddaala lya kukkiriza ng'omwesigisa ssente zo ng'owaayo, ekyo kitegeeza nti tomwesiga.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Yokaana 3:16. Kiki ekyaleetera Katonda okuwaayo?

   **Yokaana 3:16 –** *"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'atyo n'awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo."*

2. Soma 1 Bakkolinso 13:3. Kiki ekiteekeddwa okuba emabega w'okuwaayo kwaffe?

   **1 Abakkolinso 13:3** – *"Ne bwe mpaayo ebyange byonna okuyamba abaavu, era ne bwe mpaayo omubiri gwange ne nneewaana, naye ne siba na kwagala, sibaako kye ngasibbwa."*

3. Soma Yakobo 2:15-16. Nnyonnyola amakulu agali mu nnyiriri zino.

   **Yakobo 2:15-16 –** *"Singa muganda wo oba mwannyoko takyalina kyakwambala wadde ekyokulya, [16] Naye omu ku mmwe n'amugamba nti, "Genda mirembe, obugume, era olye bulungi", naye nga tamuwaddeeyo byetaago bya mubiri, olwo kimugasa ki?"*

4. Soma Lukka 6:38. Lukka 6:38 akugamba ki?

   **Lukka 6:38 –** *"Mugabenga nammwe muliweebwa. Ekigera ekirungi ekikattiddwa, ekisuukundiddwa, eky'omuyiika kiribakwasibwa. Kubanga ekigera kye mugereramu nammwe mwe muligererwa."* (New Living Translation)

5. Soma Beefeeso 1:7. Katonda yawaayo obugagga bwe oba okusinziira ku bugagga bwe? Nnyonnyola enjawulo eriwo.

   **Abeefeeso 1:7** – *"Mu oyo mwe tununulibwa olw'omusaayi gwe, ne tusonyiyibwa ebibi ng'obugagga bw'ekisa kye bwe buli."*

6. Soma Engero 19:17. Bw'ogabira abaavu, obeera okola ki? …? Katonda aba anaakusasula?

   **Engero 19:17 –** *"Oyo akwatirwa omwavu ekisa awola Mukama, era Mukama alimusasula olw'ekikolwa kye ekyo."*

7. Soma Zabbuli 41:1-3. Menya ebintu bitaano Katonda by'akolera abo abagabira abaavu.

   **Zabbuli 41:1-3 –** *"Alina omukisa asaasira omunaku; Mukama amulokola ku lunaku olw'akabi. [2] Mukama anaamukuumanga anaawonyanga obulamu bwe, era anaamuwanga omukisa mu nsi; n'atamuwaayo eri okwegomba kw'abalabe be. [3] Mukama anaamujjanjabanga nga mulwadde; n'amuwonya mu bulumi.*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Yokaana 3:16. Kiki ekyaleetera Katonda okuwaayo?
   **Kwagala.**

2. Soma 1 Bakkolinso 13:3. Kiki ekiteekeddwa okuba emabega w’okuwaayo kwaffe?
   **Kwagala; ekitegeeza, okunoonyeza abalala okuba obulungi nga tetufuddeeyo ngeri ki gye tuwuliramu (Matayo 7:12).**

3. Soma Yakobo 2 :15-16. Soma Yakobo 2:15-16. Nyonnyola amakulu agali mu nnyiriri zino.
   **Ebitundu kyenda mu bitaano eby’okwagala tebiri mu kwogera. Tekiri mu bye twogera naye mu bintu bye tukola.**

4. Soma Lukka 6:38. Olunyiriri lugamba ki?
   **Buli kigera ky’okozesa mu kuwaayo (kinene oba kitono) kye kijja okukozesebwa okupima ekinakuweebwa.**

5. Soma Beefeeso 1:7. Katonda yawaayo obugagga bwe oba kusinziira ku bugagga bwe. Nyonnyola enjawulo eriwo.
   **Okusinziira ku bugagga bwe kitegeeza nti Yawaayo byonna okutununula, Omwana we omu yekka omwagalwa.**

6. Soma Engero 19:17. Bw’ogabira abaavu obeera okola ki?
   **Obeera owola Mukama.**
   Katonda aba anaakusasula?
   **Weewaawo.**

7. Soma Zabbuli 41:1-3. Menya ebintu bitaano Katonda by’akolera abo abagabira abaavu.
   **Abalokola mu biseera eby’akatyabaga. Abakuuma. Abakulaakulanya. Abalokola mu balabe baabwe, abawonya, ekitegeeza., abajjanjaba n’abaddiza obulamu.**

## ESSOMO 16

# KIKI KY'OKOLA NG'ESSAALA ZO ZIRINGA EZITADDIBWAAMU

### Omusomesa: Andrew Wommack

Olwaleero njagala njogere ku kiki ky'olina okukola essaala zo nga ziringa ezitaddibwaamu. Ekisooka, njagala okukikkaatiriza nti essaala zo ziddibwaamu oba zaanukukwa. Amazima gali nti Katonda bulijjo, bulijjo, ayanukula essaala yonna esabiddwa okuyita mu Kigambo kye mu kukkiriza. Mu 1 Yokaana 5:14-15 wagamba nti, *"Noolwekyo tulina obuvumu nti bwe tugenda gy'ali ne tumusaba ekintu kyonna, ye nga bw'asiima atuwulira. Era bwe tutegeera nti atuwulira bwe tumusaba, buli kye tumusaba talema kukituwa."* Obwesige obwo bungi nnyo. Katonda bulijjo addamu essaala, naye emirundi mingi kirabika ng'atazzeemu kusaba kwaffe. Matayo 7:7-8 agamba nti, *"Musabe, munaaweebwa. Munoonye, munaazuula. Era mukonkone munaggulirwawo. [8] Kubanga buli asaba aweebwa, n'oyo anoonya, azuula, n'oyo akonkona aggulirwawo."* Ennyiriri zino zitukakasa nti Katonda addamu essaala. Kyokka ate buli omu ku ffe asobola okulowoozayo omulundi mu bulamu bwe lwe yasaba ekintu kye yakkiriza nti kyali kituufu, kirungi, si kya kweyagaliza, era nga tekiri wabweru wa kwagala kwa Katonda, kyokka n'atalaba kuddibwaamu.

Ekigambo kya Katonda kigamba nti musabe, muliweebwa, naye bye tuyitamu bitulaga nti twali tusabyeeko ekintu, kyokka ne tutaweebwa kye twasaba. Ekituufu kye kiri wa? Eky'okuddamu kiyinza okukwewuunyisa, kubanga amazima gali nti byombi bituufu. Abantu abasinga obungi bagamba nti yadde ng'Ekigambo kya Katonda kigamba nti addamu okusaba, naye bwe baasaba tewali kyabaawo. Yokaana 4:24 wagamba nti, *"Kubanga Katonda Mwoyo n'abo abamusinza kibagwanira okumusinza mu mwoyo ne mu mazima."* Katonda akolera mu nsi ya mwoyo okuddamu essaala zo, naye kitwaala kukkiriza kwo ky'osabidde okukikwatako mu buliwo. Okukkiriza kwe kuggyawo ebyo ebiri mu nsi ey'omwoyo ne kubireeta mu nsi ey'omubiri. Kino Bebbulaniya 11:1 ky'ayogerako nti: *"Okukkiriza kwe kukakasa ebyo bye tusuubira, bwe butabaamu kakunkuna newaakubadde nga tebirabika."* Tekigamba nti okukkiriza bwe bukakafu bw'ebyo ebitaliiyo. Gyeebiri, naye tebiri mu nsi eno erabika, wabula biri mu nsi ey'omwoyo etalabika. Okukkiriza kwe kugenda mu nsi ey'omwoyo ne kubiggyayo, ne kubizza mu nsi ey'omubiri gye tubirabira.

Kiringa amayengo ga 'leediyo'. 'Leediyo' ne 'ttivi', zibeera ziweereza buli kiseera. Osobola okuba mu kisenge nga tosobola kuwulira mayengo oba okugalaba, naye ekyo tekitegeeza nti tegaliiwo. Olina kussaako 'leediyo', n'otega omukutu gw'oyagala okuwuliriza. 'Leediyo' y'esika amayengo ago okuva eyo gy'otayinza kutegeera, n'ebiweereza mu ngeri gy'oyinza okuwuliramu n'amatu go. Katonda addamu essaala zaffe mu ngeri y'emu: Ebintu abituwa mu nsi ya mwoyo, n'olwekyo okuyita mu kukkiriza tulina okulaba nga tubireeta mu nsi ey'omubiri. Ensi ey'omubiri n'eyomwoyo zitambulira wamu. Katonda addamu essaala zo, naye oyinza obutaziraba nga zituukirira okuggyako ng'olese okukkiriza kwo ne kuziba ebbanga eriri wakati w'ensi etalabika n'ensi ey'omubiri gye tubeeramu.

Eky'okulabirako, Danyeeri, omusajja wa Katonda yali asaba nga yeebuuza ku Mukama amuwe okubukkulirwa. Mukama yatuma malayika Gabudyeeri, okulabikira Danyeri n'okuddamu essaala ye. Danyeri 9:22-23 wagamba nti, *"N'aŋŋamba nti, 'Danyeri, kaakano nzize okukuwa amagezi n'okutegeera. Amangu nga waakatandika okusaba, okwegayirira kwo kwaddibwamu era nzize okukutegeeza, kubanga oli mwagalwa nnyo. Noolwekyo ssaayo omwoyo eri ekigambo kino, otegeere bye wayolesebwa.'"* Eno y'ensonga: Gabudyeeri agamba nti ku lubereberye Danyeri nga yaakatandika okusaba, Katonda yawa ekiragiro okuddibwaamu kumutuusibweeko. Bw'osoma ebbanga lye kyatwaala okutuusa okuddibwaamu, zaali ng'eddakiika ssatu. Eddakiika essatu ezo, ly'ebbanga eryayitawo Katonda ng'awadde ekiragiro n'okulabisibwa kwakyo mu nsi ey'omubiri.

Omuntu ayinza okulowooza nti bwe tusaba Katonda yennyini, era nga kye tusaba kiri mu kwagala kwe, kiba kirina kubaawo nga mu kutemya kikowe, naye ekyo si kituufu. Wano tulaba nga Katonda yawa ekiragiro, Gabudyeri ne kimutwalira eddakiika nga ssatu okumalako olugendo olwo. Ssimanyi lwaki kyali bwe kityo, ate era nakyo si kikulu nnyo. Kye ngezaako okulaga kwe kuba nti okuva Katonda lwe yawa ekiragiro, waayitawo ebbanga lya ddakiika nga ssatu eky'okuddamu okulabika mu nsi ey'omubiri. Singa buli ssaala eddibwamu mu ddakiika ssatu, buli omu ku ffe asobola okulindirira, naye si bwe kiba bulijjo.

Mu Danyeri 10 tulaba omusajja y'omu oyo ng'asaba essaala endala, naye nga ku luno kyatwala 'wiiki' ssatu okuddibwaamu. Kino bangi bwe bakisoma, bayinza okwebuuza nti lwaki olumu essaala ya Danyeri Katonda yagiddamu mu ddakiika ssatu, ate essaala endala n'amala 'wiiki' ssatu?" Danyeri 10:11-12 wagamba nti, *"N'aŋŋamba nti, "Danyeri, ggwe omusajja omwagalwa ennyo, tegeera era osseeyo omwoyo ku bigambo bye njogera naawe, era yimuka oyimirire kubanga ntumiddwa gy'oli." Awo bwe yayogera ebigambo ebyo gye ndi ne nnyimirira nga nkankana. [12] N'alyoka aŋŋamba nti, "Totya Danyeri, kubanga okuva ku lunaku olwasooka lwe wamalirira okutegeera ne weetoowaza mu maaso ga Katonda wo, ebigambo byo byawulirwa, era nzize olw'ebigambo byo."* Kino kiraga nti Danyeri olwatandika okusaba bw'ati, Katonda n'atumirawo omubaka. Kyatwaala 'wiiki' ssatu okuddibwaamu, naye Katonda mwesigwa. Ekyawandiikibwa kigamba nti Ye y'omu y'oyo, olwaleero, emirembe n'emirembe (Ab'Ebbulaniya 13:8).

Bw'ogatta essuula 9 ne 10, nzikiriza ng'essaala zombi Katonda yaziddamu mbagirawo. Emu yatwaala eddakiika ssatu, endala n'etwala 'wiiki' ssatu, naye ng'enjawulo y'ebbanga eryayitawo kitegeerwe nti azzeemu, Katonda si ye yagiteekawo. Omulamwa kwe kuba nti Katonda essaala zaffe entuufu aziddamu, era n'akola, naye nga wabaawo bingi ebikyukakyuka ebigwa tebiraze okuva Katonda w'addiramu okutuuka okuddibwaamu okwo lw'okulaba mu buliwo. Olina kukkiriza, kubanga okukkiriza kwe kugenda mu nsi ey'omwoyo ne kuleeta ekyasabibwa mu nsi ey'omubiri. N'olwekyo okukkiriza kye kimu ku birungo ebikulu ennyo.

Era osobola okulaba mu lunyiriri lwe 13 mu Danyeri essuula 10, *"Namala ennaku amakumi abiri mu lumu nga nkyalwana n'omulangira w'e Buperusi, naye Mikayiri omu ku balangira abakulu n'ajja n'annyamba, kubanga kabaka w'e Buperusi yali ankwatidde eyo."* Kino tekyogera

ku muntu, wabula okuziyizibwa kw'omuzimu. Setaani naye y'omu kubatabulatabula ebintu mu kuddibwamu kw'essaala. Emirundi egimu Katonda addamu essaala zaffe naye Setaani n'aziziyiza okuyita mu bantu abalala. Eky'okulabirako, singa obeera okkiriza okufuna ssente, Katonda si y'agenda okukuwa ssente ye kennyini. Tagenda kucupula ssente za Amerika oba, ez'eggwanga eddala mu nsi. Tagenda kukola ssente azitonnyese okuva mu ggulu, aziteeke mu nsawo yo. Mu Lukka 6: 38 wagamba nti, "Mugabenga nammwe muliweebwa. Ekigera ekirungi ekikattiddwa, ekisuukundiddwa, eky'omuyiika kiribakwasibwa. Kubanga ekigera kye mugereramu nammwe mwe muligererwa." Katonda agenda kuddamu essaala yo, naye ng'egenda kuddibwaamu kuyita mu bantu. Abantu abamu baasibwa omululu, nga singa baba baakunyiigira, oba ng'olina ebintu by'okola ebibeesittaza, Setaani asobola okubayitamu n'aziyiza okuddibwaamu kw'essaala yo ey'obugabirizi bwa ssente. Bw'obeera osaba, naddala ng'osabira ssente, olina okukitegeera nti abantu abalala bayinza okuba nga be b'okukozesebwa mu ky'amagero ky'ensimbi zo, kale nga kitwetaagisa okubasabira obutereevu.

Katonda mwesigwa, talemererwangako kuddamu ssaala yonna eyali esabiddwa nga yeesigamye ku Kigambo kye, era n'esabibwa mu kukkiriza. Bulijjo addamu, naye oyinza obutalaba kuddibwaamu, nga kiva ku biggwaawo tebiraze, ekiviirako ebintu okukyukakyuka. Kwe kusaba kwange, bye tuyizeeko bino, bikuyambe okuzimba okukkiriza kwo, era okimanye nti lubeerera Katonda addamu essaala zo.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Matayo 7:7-8. Kiki kye tuyinza okusuubira okuva eri Katonda bwe tumusaba?

   **Matayo 7:7-8 –** *"Musabe, munaaweebwa. Munoonye, munaazuula. Era mukonkone munaggulirwawo [8] Kubanga buli asaba aweebwa, n'oyo anoonya, azuula, n'oyo akonkona aggulirwawo."*

2. Soma Matayo 7:7-8. Ssinga tunoonya Katonda, kiki kye tuyinza okusuubira?

3. Soma Matayo 7:7-8. Kiki kye tuyinza okusuubira bwe tukonkona?

4. Soma Yokaana 10:35. Katonda ayinza okugaba ekiteenkana ekyo Ekigambo kye, kye kyasuubiza?

   **Yokaana 10:35 –** *"Obanga abo abaweebwa ekigambo kya Katonda, yabayita bakatonda, ate ng'Ebyawandiikibwa tebididiba."*

5. Soma Yokaana 10:35. Katonda ayinza okugaba ekiteenkana ekyo Ekigambo kye, kye kyasuubiza?

   **Yakobo 4:1-3 –** *"Kiki ekireeta entalo n'okulwanagana mu mmwe? Si lwa kubanga mu mitima gyammwe mujjudde ebintu bingi nnyo ebibi bye mwagala? [2] Mwagala ebintu ne mutabifuna ne muba n'obuggya, ne mulyoka muttiŋŋana so ne mutasobola kubifuna, nga mulwana era nga muyomba kubanga mulemeddwa okubisaba. [3] Era ne bwe mubisaba, temubifuna kubanga ekigendererwa kyammwe kikyamu; mugenderera kubikozesa ku masanyu gokka."*

6. Soma 1 Peetero 3:7. Bw'oba otulugunya mukyala wo, kiki ekinaabaawo mu bulamu bwo obw'okusaba?

   **1 Peetero 3:7 –** *"Bwe mutyo, abasajja, mubeerenga n'abakazi bammwe n'amagezi, nga mussangamu ekitiibwa omukazi ng'ekibya ekisinga obunafu, kubanga nabo basika bannammwe ab'ekisa eky'obulamu; okusaba kwammwe kulemenga okuziyizibwa."*

7. Soma 1 Yokaana 5:14-15. Kisumuluzo ki ekiretera essaala zo okuddibwaamu?

   **1 Yokaana 5:14-15** – *"Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira: [15] era bwe tumanya ng'atuwulira buli kye tusaba, tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye."*

8. Soma Makko 11:24. Bw'osaba, kiki ky'olina okukola?

   **Makko 11:24 –** *"Kyenva mbagamba nti Ebigambo byonna byonna bye musaba n'okwegayirira, mukkirize nga mubiweereddwa, era mulibifuna."*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Matayo 7:7-8. Kiki kye tuyinza okusuubira okuva eri Katonda bwe tumusaba?
   **Tusuubira okuweebwa kye tusabye.**

2. Soma Matayo 7:7-8. Ssinga tunoonya Katonda, kiki kye tuyinza okusuubira?
   **Kuzuula.**

3. Soma Matayo 7:7-8. Kiki kye tuyinza okusuubira bwe tukonkona?
   **Nti tujja kuggulirwaawo.**

4. Soma Yokaana 10:35. Katonda ayinza okugaba ekiteenkana ekyo Ekigambo kye, kye kyasuubiza?
   **Nedda.**

5. **Soma Yokaana 10: 35. Katonda ayinza okugaba ekiteenkana ekyo Ekigambo kye, kye kyasuubiza?**
   **Ekigendererwa kyaabwe n'omutima gwaabwe byali bikyamu. Baali beefaako bokka. Okwerowoozaako bokka kye kyali ekigendererwa kyabwe.**

6. **Soma 1 Peetero 3:7. Bw'oba otulugunya mukyala wo, kiki ekinaabaawo mu bulamu bwo obw'okusaba?**
   **Essaala zo zigenda kuziyizibwa.**

7. Soma 1 Yokaana 5:14-15. Kisumuluzo ki ekiretera essaala zo okuddibwaamu?
   **Okusaba ng'osinziira ku kwagala kwe.**

8. Soma Makko 11:24. Bw'osaba kiki ky'olina okukola?
   **Kkiriza nti okiweereddwa era ogenda kukifuna.**

# AMASOMO AG'OBUYIGIRIZWA

## (DISCIPLESHIP EVANGELISM)

OMUTENDERA 3

# OMUTENDERA 3

# OLUKALALA LW'EBIYIGIRIZIBWA


| | | |
|---|---|---|
| **1.** | **Okukulukuta Okw'obwakatonda** | **3-181** |
| **2.** | **Okukozesa Ebirabo Okuweereza** | **3-185** |
| **3.** | **Eby'amagero Bigulumiza Katonda** | **3-192** |
| **4.** | **Amaanyi Agali Mu Nkolagana Ez'obwakatonda** | **3-198** |
| **5.** | **Okuyigganyizibwa** | **3-202** |
| **6.** | **Kabaka N'obwakabaka Bwe** | **3-208** |
| **7.** | **Ekinyusi Ekiri Mu Kukkiriza Okulokola** | **3-217** |
| **8.** | **Enkozesa Entuufu Ey'etteeka Lya Katonda** | **3-221** |
| **9.** | **Tetuli Wansi Wa Tteeka, Wabula Wansi W'ekisa** | **3-228** |
| **10.** | **Tewakyaliwo Kulowooza Ku Kibi Nate** | **3-234** |
| **11.** | **Njagalwa, Ndi Mubalagavu** | **3-241** |
| **12.** | **Ekibala Eky'obulokozi (Ekitundu 1)** | **3-247** |
| **13.** | **Ekibala Eky'obulokozi (Ekitundu 2)** | **3-254** |
| **14.** | **Okuyitibwa Eri Obuyigirizwa** | **3-259** |
| **15.** | **Engeri Gy'okozesaamu Obujulizi Bwo** | **3-265** |
| **16.** | **Nga Tukozesa Ebirabo Bya Buli Omu Okutendeka Abayigirizwa** | **3-273** |

## ESSOMO 1

# OKUKULUKUTA OKW'OBWAKATONDA

### Omusomesa: Andrew Wommack

Njagala kuyigiriza ku bimu ku ebyo by'oyinza okutandikirako n'okkiriza Katonda okukulukutira mu ggwe, kikusobozese okuweereza eri abantu abalala. Olina amaanyi n'amafuta ga Katonda mu ggwe, naye ogafulumya otya okutuuka ku balala? Waliwo ebyawandiikibwa ebiwerako bye tuyinza okutandikirako. Mu Filemooni 1:6, Pawulo asaba nti, *"Nsaba nti nga bw'ogenda otegeeza abantu okukkiriza kwo, nabo kubanyweze mu bulamu bwabwe, nga bategeerera ddala ebirungi byonna ebiri mu ffe ku bwa Kristo."* Eddaala erisookera ddala mu kubeera n'amaanyi ga Katonda nga gakukulukutiramu okutuuka ku balala, kwe kusooka okumanya ebyo ebirungi ebiri mu ggwe. Tosobola kugaba ky'otalina, naye kasita omanya ky'olina mu ggwe, ebintu biba byekola byokka. Essanyu lyo ojja kutandika okuligabana n'abalala, owenga obujulizi obw'ebyo Katonda by'akoze mu bulamu bwo, era awatali kufuba, n'abantu abamu bayambibwenga.

Mu 1 Yokaana 4:7-8 wagamba nti, *"Abaagalwa twagalanenga, kubanga okwagala kwa Katonda, na buli muntu yenna ayagala munne yazaalibwa Katonda era amanyi Katonda … kubanga Katonda kwagala."* Buli lw'owulira ng'okwagala kukukulukutiramu okutuuka ku mulala, oyo abeera Katonda nga y'akukulukutiramu okubatuukako. Mu butuufu waliwo ebigambo bina ebikulu ebikwata ku "kwagala." Mu lulimi Oluyonaani, engeri y'okwagala esembayo ku ntikko ye agape, kwe kwagala kwa Katonda okusukkulumye.Weetaaga okutegeera enjawulo eri wakati w'okuwulira muli ng'osikirizibwa omuntu oba okumuyaayaanira, n'okwagala kw'obwakatonda okwo okw'enkomeredde. Buli lw'owulira okwagala kwa Katonda okukulukutiramu okutuuka ku balala, tekuba kwefaako wekka. Kino okikakasiza mu Bakkolinso ekisooka 13:4-8, ewatulaga ebisaanyizo by'okwagala kwa Katonda. Tekuba na buggya, tekwekulumbaza, tekunoonya byakwo, n'ebirala. Weetaaga okwetegereza ky'oyita okwagala, okakase nti kwe kwagala kwennyini okwa Katonda okuteyaagaliza, oba okuteekulumbaza, ng'omuntu tomwagala olw'ekyo ky'ayinza okukukolera. Bwe weeyongera okukula mu ekyo, n'otandika okwawula okwagala kwe, n'okuwulira nga kukukulukutiramu ku lw'omulala, oyo aba Katonda ng'atambula. Bw'omala okukakasa nti ddala okwagala kwe, kwe kukukulukutiramu ku lw'abalala, ky'olina okukola, kukugobereza bigambo ebizzaamu amaanyi, oba ebikolwa — n'obaako ky'okolawo.

Waliwo ebiseera lwe nnabanga nsaba omuntu n'anzijira mu birowoozo, ne mpulira okwagala kwa Katonda eri omuntu oyo, era ne mpulira nga mmulumirirwa. Tewaabangawo nsonga yonna ekyo kwe kiviira okubaawo, naye kyabeeranga kya bwakatonda. Era ng'omuntu oyo mmukubira essimu, oba okumuwandiikira ebbaluwa, oba okuwuliziganya naye mu ngeri emu oba endala. Kyenkana buli mulundi lwe nayogeranga nabo, nga bakakasa nti ddala Katonda y'ayogera nabo okuyita mu nze, n'obulamu bwabwe ne bukwatibwako olw'ekyo. Omanyi lwaki ekyo kyabangawo? Kyabangawo kubanga nawuliranga okwagala kwe … okusaasira okwo okw'obwakatonda nga kunkulukutiramu okuyamba abalala. Ekyo nkitegeera nti si kyange kya buntu — oyo abeera Katonda. Katonda kwagala, era bwe njagala abalala, abeera Katonda yennyini ng'ayayagala abantu

abalala okuyita mu nze. Eyo y'engeri Yesu gye yawereezaamu. Matayo 14:14 lugamba nti, *"Awo Yesu n'avaayo n'alaba ekibiina ekinene n'abasaasira n'awonya endwadde zaabwe."* Engeri amaanyi ga Katonda gye gaakulukutamu okuyita mu Yesu, kyava mu kusaasira n'okwagala kwe eri abantu be yaweerezangamu. Mu Matayo 8:2-3, waliwo omusajja eyalina ebigenge, ataali mulongoofu era nga takkirizibwa kukwatibwako, oba okusembererwa, okusinziira ku mateeka g'Abayudaya, olw'okutangira abantu obutakwatibwa bulwadde obwo. Yayimusa eddoboozi lye n'akaabirira Yesu ng'ayima walako nti, *"Mukama, bw'oba ng'oyagala, osobola okunnongoosa. Yesu n'agolola omukono gwe,n'amukomako ng'agamba nti njagala; Longooka; amangu ago ebigenge bye ne birongoosebwa."* Yesu yasaasira omugenge oyo, era n'amukwatako. Bwe weeyongera okusoma ebyawandiikibwa, okizuula nti okusaasira okwo, kwe kwagala okw'obwakatonda mu byawandiikibwa awalala. Kuno tekuba kucamuukirira, naye kusaasira okukulukuta nga kuyita mu ffe.

Yesu bwe yali ku musaalaba, yayagala nnyo abantu abaali bamwetoolodde, n'agamba nti, *"Kitange basonyiwe kubanga tebamanyi kye bakola."* (Lukka 23:34). Kyokka be bantu bennyini abaali bamukomerera, naye yabasaasira, era n'asaba Katonda abasonyiwe. Tukimanyi nti teyasooka kumera lutiko, oba okusooka okumala okukiwulira muli, naye kwali kusalawo. Teyakoma awo, yakisumululira n'abantu abalala. Buli omu ku mmwe eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri, olina Katonda ali munda mu ggwe. Okusinziira ku lunyiriri lwe twatandise nalwo mu 1Yokaana 4:8, Katonda kwagala, era ayagala akulukutire mu ggwe okutuuka eri abantu abalala. Ekyo okusobola okukikola, agenda kuggulira okusaasira kwe okuli mu ggwe okulabisibwa. Ogenda kukuwulira nga kukukulukutiramu okutuuka ku balala, era bw'okiwulira weetaaga okubaako ky'okolawo.

Teweetaaga buli kiseera kukola kintu kya njawulo. Tekyetaagisa kugamba nti, "Bw'ati bw'ayogera Mukama." Bw'owulira okusaasira omuntu, genda bugenzi omuyambe, omugambe nti Katonda amwagala era naawe bw'otyo. Nkitegeera bulungi, kubanga lumu kyantuukako bwe nnali mu mbeera ey'obwavu nga banaatera n'okungoba mu kkanisa. Abantu baali bampayirizza, era waliwo n'eyali antiisatiisa okunzita. Nnali mpulira nga mpweddemu nnyo amaanyi, nneebuuza nti, "Katonda, ntawaanira ki? Tewali n'omu asiima bye ngezaako kukola." Nnali nkyalwanyisa Setaani n'ebirowoozo ebyo, mukwano gwange eyabeeranga ewala n'ankubira essimu. Yali yaakogera ne mmubuuliizaawo lwaki yali ankubidde essimu? N'anziramu nti yali ankubidde kuŋŋamba nti anjagala. Era nti bwe yali mu kusaba yawulira okwagala kwa Katonda gyendi. Era n'aŋŋamba nti asiima nnyo bye nkola. Ebyo byokka bye yayogera. Yali talina na kimu kye yali amanyi ku mbeera eyo gye nnali mpitamu, naye ekyo Katonda kye yakozesa okunzizaamu amaanyi. Nakimanya nti oyo yali Katonda nga y'anjagala okuyita mu muntu oyo, era ekyo ne kinkuumira mu buweereza, era ne kikyusa n'obulamu bwange.

Ekikolwa tekirina kuba kinene nnyo, oba ekigambo okuba ekikulu ennyo. Katonda kwagala, era buli lw'oyawula okwagala okwo okukukulukutiramu, ku kwagala kw'engeri endala, kuno kkwo kuba kwa bwakatonda…obulamu bwa Katonda obutukuvu. Ekyo bw'okiwulira, kikweetaagisa okukigenderako. Genda obeeko ky'okola…baako ky'oyogera eri omuntu…baako gw'obeerera omukisa. Katonda ajja kukuwa eby'okwogera. Agenda kukukozesa, asumulule n'abantu ng'otambulira mu kusaasira, bw'otyo oweereze eri abakwetoolodde.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

Weetegereze: Mu bye tuyize tulabye nga tulina okuganya ekyo Katonda kye yateeka mu ffe okukukulukutira abalala.

1. Soma Filemooni 1:6. Ddaala ki erisookerwako mu kukkiriza Katonda akulukute ng'ava munda mu ffe?

   **Filemooni 1:6 –** *"Nsaba nti nga bw'ogenda otegeeza abantu okukkiriza kwo, nabo kubanyweze mu bulamu bwabwe, nga bategeerera ddala ebirungi byonna ebiri mu ffe ku bwa Kristo.*

2. Soma Yokaana 4:7-8. Nsibuko ki entuufu eyitibwamu okutuusa okwagala eri abalala?

   **1Yokaana 4:7-8 –** *"Abaagalwa, twagalanenga, kubanga okwagala kuva eri Katonda, era buli alina okwagala Mwana wa Katonda, era amanyi Katonda. [8] Naye buli atalina kwagala tamanyi Katonda, kubanga Katonda kwagala."*

3. Andereya agamba nti, "ekiseera kyonna ky'owuliriramu okwagala nga kukulukuta okuva mu ggwe, oyo aba Katonda ng'akulukuta okuyita mu ggwe." Mboozi ki mu 1 Yokaana 4:7 ekakasa ebigambo ebyo?"

4. Soma 1 Bakkolinso 13:4-8. Ezimu ku mbala z'okwagala kwa Katonda ze ziri wa?

   **1 Abakkolinso 13:4-8 –** *"Okwagala kugumiikiriza era kwa kisa. Okwagala tekulina buggya era tekwenyumiikiriza wadde okwekuluntaza. [5] Okwagala tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiiga mangu, era tekusiba kibi ku mwoyo. [6] Okwagala tekusanyukira bitali bya butuukirivu, wabula kusanyukira mazima. [7] Okwagala kugumira byonna, kukkiriza byonna, kusuubira byonna era kugumiikiriza byonna. [8] Okwagala tekulemererwa; obunnabbi buliggyibwawo, n'ennimi zirikoma, n'eby'amagezi birikoma."*

5. Soma Matayo 14:14. Yesu yakwatibwako atya mu kuweereza eri abantu abalala?

   **Matayo 14:14 –** *"Yesu bwe yava eyo n'alaba, abantu bangi n'abasaasira n'awonya abalwadde baabwe."*

6. Soma Matayo 25:37-40. Bwe tutuukirira abalala mu kwagala ne mu kusaasira, mu butuufu ani gwe tuba twagala era ani gwe tuba tufaako?

   **Matayo 25:37-40** - *"Abatuukirivu ne bamubuuza nti, 'Mukama waffe, twakulaba ddi ng'oli muyala ne tukuliisa? Oba ng'olina ennyonta ne tukuwa ekyokunywa? [38] Oba ng'oli mugenyi ne tukwaniriza? Oba ng'oli bwereere, ne tukwambaza? [39] Twakulaba ddi ng'oli mulwadde oba ng'oli mu kkomera ne tukulambula?' [40] "Kabaka, alibaddamu nti, 'Ddala ddala mbagamba nti bwe mwabikolera baganda bange bano abasembayo wansi kye kimu mwabikolera nze!"*

   **Abebbulaniya 6:10** - *"Kubanga Katonda mwenkanya tayinza kwerabira mulimu gwammwe omunene bwe gutyo, n'okwagala kwe mwagala erinnya lye, era amanyi bwe mwaweereza abantu be, era bwe mukyeyongera okubaweereza."*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Filemooni 6. Ddaala ki erisookerwako mu kukkiriza Katonda akulukute ng'ava munda mu ffe?
   **Kwe kutegeera buli kintu ekirungi kye yateeka munda mu ffe okuyita mu Kristo Yesu.**

2. Soma Yokaana 4:7-8. Nsibuko ki entuufu eyitibwamu okutuusa okwagala eri abalala?
   **Katonda, kubanga Katonda kwagala (1 Yokaana 4:8).**

3. Andereya agamba nti, "ekiseera kyonna ky'owuliriramu okwagala nga kukulukuta okuva mu ggwe, oyo aba Katonda ng'akulukuta okuvyita mu ggwe." Mboozi ki mu 1 Yokaana 4:7 ekakasa ebigambo ebyo?
   **Okwagala kwa Katonda.(y'ensibuko y'okwagala).**

4. Soma 1 Abakkolinso 13:4-8. Ezimu ku mbala z'okwagala kwa Katonda ze ziri wa?
   - **Okwagala kulwawo okunyiiga ate kugumiikiriza. Kwa mu budde obwa kaakati (present tense), amakulu nti okwagala kweyongera kweyisa bwe kutyo buli kiseera.**
   - **Okwagala kulina ekisa. Kweraga mu ngeri ey'ebikolwa eby'ekisa. Kwa buli kiseera, amakulu nti bwe kutyo bwe kweyisa.**
   - **Tekuba na buggya. Tekulwanyisa mukisa gwa mulala oba okuyitamu kwe. Tekwekulumbaza. Tekwewaana, tekujeregajerega na kwepanka. Tekwegulumiza.**
   - **Tekweyagaliza kwokka. Si kw'amalala, oba okwewulira. Tekukola bitasaana. Mu nkola yaakwo, tekuwakanya kituufu. Tekuba na bubi ku mutima. Tekunoonya byakwo. Tekweyagaliza kwokka. Tekunyiiga.**
   - **Tekwanguwa kusunguwala oba okuba n'akasunguyira. Tekulowooza bubi. Tekulowooleza bubi ku balala. Tekukuuma bubi ku mwoyo. Tekusanyukira bubi. Tekwenyumiriza mu butali bwenkanya, oba ebikyamu.**
   - **Okwagala kusanyukira amazima. Kugumiikiriza byonna. Kuwagira era kulemera ku nsonga. Kukkiriza byonna. Bulijjo okwagala kwesiga. Okwagala tekulemererwa.**
   - **Kugumiikiriza byonna, kweyongerayongerayo, era kubeerera emirembe gyonna.**

5. Soma Matayo 14:14. Yesu yakwatibwako atya mu kuweereza eri abantu abalala?
   **Yakwatibwako okusaasira eri abalala.**

6. Soma Matayo 25:37-40. Bwe tutuukirira abalala mu kwagala ne mu kusaasira, mu butuufu ani gwe tuba twagala era ani gwe tuba tufaako?
   **Yesu yennyini. Soma Bebbulaniya 6:10.**

## ESSOMO 2

# OKUKOZESA EBIRABO OKUWEEREZA

### Omusomesa: Andrew Wommack

Olwaleero twagala okwogera ku ngeri gy'oyinza okuddira okwagala kwa Katonda kw'ofunye n'okugabana n'abalala—engeri gy'oyinza okubeera omuweereza agasa abalala. Mu 1 Peetero 4:11 wagamba nti, *"Ayogera ayogerenga ebiragiro bya Katonda."* Ebigambo ebyo "biragiro bya Katonda", bituzzaayo mu Ndagaano Enkadde, we baabereranga n'awatukuvu w'awatukuvu, ne bateeka ebiragiro bya Katonda mu Ssanduuko ey'Endagaano. Ekyo kye kyayitibwanga ebiragiro bya Katonda. N'ensonga eyo, okugamba nti yogeranga ebiragiro bya Katonda, kitegeeza nti beera ng'akamwa ka Katonda. Yogera ng'omuntu ayogera okuva eri Katonda. Olunyiriri lweyongerayo, *"Omuntu yena bw'aweereza, leka akikole ng'obusobozi Katonda bw'awa. Nti Katonda mu byonna agulumizibwe okuyita mu Yesu Kristo agwanira okutendereza era n'obufuzi emirembe n'emirembe. Amiina."* Amakulu gaakyo nti olina okuweereza eri abalala, nga teweesigamye ku busobozi bwo, naye ng'oli mu busobozi bwa Katonda bw'awa.

Ekimu ku by'enkizo mu bulamu obw'ekikristaayo, kwe kuba nti si nze oba ggwe ayogera eri abantu abo, n'okubaako bye tugabana nabo nga tuyima mu busobozi bwaffe, naye Katonda yennyini ajja n'abeera munda mu ffe. Atandika okutwogereramu, era ng'akulukuta okutuyitamu. Bwe tutandika okugabana n'abalala, twetaaga okujjukira nti ekyo kye kiyitibwa ekirabo eby'omwoyo era nga gwe mugaso gwakyo. Katonda addira buli muntu ali mu mubiri gwa Kristo, n'amuwa ebirabo eby'enjawulo. Mu 1 Abakkolinso 12 wagamba nti buli omu ku ffe yaweebwa ebirabo eby'enjawulo ng'okwagala kwe bwe kuli. Mu nnyiriri 4-6 wagamba nti , *"Kaakano waliwo ebirabo eby'enjawulo naye Omwoyo omu era birimu enjawulo. Eby'enkola ey'emirimu* [eby'obuweereza], *naye Mukama y'omu. Era waliwo ejawulo mu nkola, naye Katonda y'omu akola mu byonna."* Kino kitegeeza nti ebyo Katonda abikola mu ffe ffenna ng'olunyiriri olw'omusanvu bwe lugamba nti, *"Naye okulabisibwa okw'omwoyo kuweebwa buli muntu olw'okugasa,"* oba okugasa buli omu.

Ennyiriri ezo zigamba nti Katonda atadde obusobozi obussuka ku bwa bulijjo mu buli omu ku ffe. Oyinza obutakiwulira…oyinza obutakimanya, naye ekyo kye kisuubizo ky'Ekigambo kya Katonda. Bw'oba ng'otuuse wala ekyenkanidde wano mu kuyigirizibwa amasomo g'obuyigirizwa, ng'omaze okukkiriza Yesu okubeera omulokozi wo era ng'oyize okufuna ebiva eri Katonda n'otandika okubiteeka mu nkola mu bulamu bwo…nkusuubiza nti awo amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu gakolera mu ggwe. Olina eby'amagero by'abalala mu ggwe. Katonda atadde ensigo ey'ekyamagero ky'omulala mu ggwe. Kiri gy'oli okusobola okukifulumya n'okisumululirira obulamu bwabwe. Ebyawandiikibwa bigamba nti ekyo kyatuweebwa Omwoyo Omutukuvu. Tewali muntu n'omu yalekebwa bbali. Ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu mwenda eby'enjawulo ebyawandiikibwa mu 1 Bakkolinso 12, gamba ng'ekigambo eky'amagezi, ekigambo eky'okumanya, okwawula emyoyo, okukola eby'amagero, ebirabo eby'okuwonya, n'ebirala. Waliwo ebirabo ebirala ebyawandikibwa mu Baruumi 12, bye sifunidde budde ku byogerako. Weetaaga okubyesomera osobole okumanya nti buli omu ku mmwe yafuna Omwoyo Omutukuvu n'amuwa amafuta — obusobozi obw'enjawulo —

okusobola okuweereza abantu abalala. Si buli omu nti agenda kuweereza nga nze bwe mpeereza. Eky'okulabirako, oyinza obutaba na kirabo kya kuyigiriza, naye buli muntu yenna ali mu mubiri gwa Kristo asobola okuyigiriza ng'agabana okukkiriza kwe n'omulala. Waliwo abaayitibwa okuyigiriza, abaayitibwa okubuulira, n'okusumba amakanisa. Mu Baruumi 12 wagamba nti waliwo abo abalina ekirabo eky'okubudaabuda. Bangi ku mmwe mulina ebirabo nga temukimanyi. Olina kubeera bubeezi na kuyaayaana okusobola okubeera omukisa eri abalala. Oyinza okuba nga ggwe bw'ogenda awantu n'osangayo omulwadde, omuleka ateredde. Weewulira ng'ali ddala mu mbeera y'omuntu oyo ky'ayitamu, era ng'olina okuyaayana, oyagala babeere bulungi, n'okuwereeza gye bali. Obadde okimanyi nti ekyo kye kirabo kya Katonda ekitali kya bulijjo?

Abaruumi 12 wagamba nti abantu abamu baayitibwa mu kirabo eky'okugaba, obusobozi obw'okukola ssente n'okuwagira Enjiri. Ekyo kye kirabo kyabwe, okwo kwe kuyitibwa mu bulamu bwabwe, era abamu ku mmwe muyinza okuyitibwa mu ekyo kyennyini. Abamu ku mmwe mulina ekirabo eky'okuzzaamu abalala amaanyi, abalala balina ekirabo eky'okulabirira emirimu, mu lulimi lw'ekkanisa ekiyitibwa ekirabo eky'okuyamba. Waliwo ebika by'ebintu bingi ebikolebwa, nga si mu nkola ya kkanisa yokka, naye mu nkola eya bulijjo nga tukolagana n'abantu. Abamu ku mmwe mulina obusobozi okuzzaamu amaanyi abo abaweddemu amaanyi, ate nze kye saalisobodde kukola bulungi nga njigiriza Ekigambo. Omulala olina obusobozi okugenda n'okwata ku muntu, n'omuwa omukisa, era n'omuzzaamu amaanyi. Kye ngezaako okunnyonnyola kwe kuba nti tolina kukitwala ng'ekya bulijjo, ng'ogamba nti ggwe bw'otyo bw'oli, ze mbeera zo. Oyinza okuba nga weeraba bw'otyo, naye nga munnange, obwo busobozi obussukkulumye Katonda bwe yakuteekamu ng'ebirabo, talanta n'endowooza ekusindiikiriza okukola ebintu ebimu.

Ng'oweereza eri abalala, ebyawandiikibwa bigamba nti weetaaga kuweerereza mu ebyo byennyini Katonda by'atadde mu ggwe. Ffenna twetaaga okufuuka abaweereza, okuba mu kuweereza obudde bwonna, ku mirimu gyaffe oba buli wonna we tubeera. Ng'okikola ku balirwana, oba abantu abali ku ssemadduuka gy'okolera, weetaaga kukikolera mu busobozi Katonda bw'akuwa, so si mu busobozi bwo ng'omuntu. Nkukubiriza okuyaayaanira Katonda, ozuule ebirabo Katonda bye yateeka munda mu ggwe, naye tobyeteekamu bw'oba tewayitibwa mu bimu ku birabo eby'obuweereza obwo. Tegeera nti buli omu eyafuna Omwoyo Omutukuvu yateekebwamu obusobozi obussukulumye asobole okuweereza eri abalala okuyita mu birabo Katonda bye yamuteekamu.

Kijja kutwala ebiseera okukiteeka mu nkola. Tojja kutuukirira ku mulundi ogusooka. N'olwekyo, totya kukiteeka mu nkola. Bw'okola ensobi, ekyo Katonda tekimusuula kuva ku nnamulondo ye n'agwa eri, n'abalala banaalaba obwesimbu bw'omutima gwo. Okwagala kwo kujja kuweereza gye bali newankubadde nga ky'okoze tekituukiridde. Tandika okuweereza eri abalala, ng'okimanyi nti Katonda yakuwa ekirabo, otandike okugabana n'abalala ku maanyi ago agassukkulumye agakolera mu kirabo ekyo.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma 1 Peetero 4:11. Busobozi bw'ani bwe tulina okuweererezaamu?

   **1 Peetero 4:11** - *"Ayogera, ayogerenga ng'atumiddwa Katonda; ayamba, akikolenga n'amaanyi gonna Katonda g'amuwadde; mu byonna Katonda alyoke agulumizibwenga mu Yesu Kristo, alina ekitiibwa n'obuyinza emirembe n'emirembe. Amiina."*

2. Soma 1 Bakkolinso 12:4. Waliwo ebirabo by'Omwoyo eby'enjawulo bingi, naye ani nsibuko yaabyo?

   **1 Abakkolinso 12:4** - *"Waliwo ebirabo bya ngeri nnyingi, naye Mwoyo abigaba y'omu."*

3. Soma 1 Bakkolinso 12:6. Londako ebigambo ebituufu.

   A. Katonda akolera mu kkubo limu lyokka.
   B. Waliwo engeri ez'enjawulo Katonda mw'akolera okuyita mu bantu be.
   C. Katonda akolera mu mubuulizi yekka.

   **1 Bakkolinso 12:6** - *"Waliwo okukola kwa ngeri nnyingi kyokka Katonda asobozesa bonna mu byonna bye bakola y'omu."*

4. Soma 1 Bakkolinso 12:7. Okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu n'ebirabo eby'Omwoyo biweebwa buli omu ku ffe ku lw'obulungi bwa bonna. Kituufu oba Kikyamu.

   **1 Abakkolinso 12:7** - *"Mwoyo Mutukuvu yeeragira mu buli omu olw'okugasa bonna."*

5. Soma 1 Bakkolinso 12:8-10. Nokolayo era onnyonnyole ebimu ku birabo eby'omwoyo Katonda by'awa abantu.

   **1 Abakkolinso 12:8-10** – *"Omu Omwoyo amuwa okwogera ekigambo eky'amagezi, omulala Omwoyo oyo omu n'amuwa okuyiga n'ategeera. [9] Omulala Omwoyo y'omu n'amuwa okukkiriza, n'omulala n'amuwa obuyinza okuwonyanga abalwadde. [10] Omu, Omwoyo amuwa okukolanga ebyamagero, n'omulala n'amuwa okwogera eby'obunnabbi, ate omulala n'amuwa okwawulanga emyoyo emirungi n'emibi. Omulala amuwa okwogera ennimi ezitali zimu, n'omulala n'amuwa okuzivvuunula."*

   **Ebikolwa 27:21-25 –** *"Bwe baamala ebbanga nga n'okulya tebaagala kulya, Pawulo n'alyoka ayimirira wakati mu bo, n'abagamba nti, "Abasajja kyabagwanira okumpuliriza obutava Kuleete, kubanga temwandifiiriddwa byammwe bwe muti awamu n'okulumizibwa! [22] Naye kaakano mugume omwoyo! Kubanga tewali n'omu ajja kufa, wabula ekyombo kyokka kye kijja okuzikirira. [23] Kubanga ekiro ekyayise, malayika wa Katonda wange gwe mpeereza,*

*yayimiridde we ndi, [24] n'aŋŋamba nti, 'Totya, Pawulo, kubanga kikugwanira okuyimirira mu maaso ga Kayisaali owozesebwe, era laba, Katonda akuwadde obuvunaanyizibwa ku abo bonna b'oli nabo mu kyombo.' [25] Noolwekyo mugume omwoyo! Kubanga nzikiriza Katonda nga mu ngeri yonna kijja kuba nga bwe kyaŋŋambiddwa.*

**Ebikolwa 9:11-12 –** *"Mukama n'amugamba nti, "Genda ku luguudo oluyitibwa Olutereevu, onoonye ennyumba y'omuntu omu erinnya lye Yuda, omubuuze Sawulo ow'e Taluso. Ali eyo kaakano ng'asaba, kubanga [12] mmulaze mu kwolesebwa omuntu ayitibwa Ananiya ng'ajja gy'ali era ng'amussaako emikono okumusabira amaaso ge galabe."*

**1 Abakkolinso 13:2** – *"Ne bwe mba n'ekirabo eky'okwogera eby'obunnabbi, ne ntegeera ebyama byonna, era ne mmanya ebintu byonna, era ne bwe mba n'okukkiriza okungi ne kunsobozesa n'okusiguukulula ensozi, naye nga sirina kwagala, mba siri kintu."*

**Makko 16:18** - *"Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna ekyobutwa tekiibakolengako kabi, era banasanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya."*

**Abebbulaniya 2:3-4** - *"Ffe tuliwona tutya bwe tuliragajjalira obulokozi obukulu obwenkana awo? Obulokozi obwo bwasooka okwogerwa Mukama waffe, ne bulyoka bukakasibwa abo abaabuwulira. [4] Katonda yakikakasiza mu bubonero ne mu by'ekitalo ne mu byamagero abitali bimu, era ne mu birabo ebya Mwoyo Mutukuvu bye yagaba nga bwe yayagala."*

**Ebikolwa 11:27-28 –** *"Mu kiseera ekyo ne wabaawo bannabbi abaaserengeta mu Antiyokiya nga bava mu Yerusaalemi. [28] Omu ku bo erinnya lye Agabo n'asituka ng'ajjudde Mwoyo Mutukuvu n'ategeeza ng'enjala ey'amaanyi bw'ejja okugwa mu nsi zonna wonna mu bufuzi bwa Kulawudiyo.*

**1 Abakkolinso 14:3** – *"Naye oyo ategeeza abantu eby'obunnabbi ayogera ebibazimba, ebibagumya era n'okubazzaamu amaanyi."*

**Ebikolwa 16:16-18** – *"Olunaku lumu twali tuserengeta ku mugga mu kifo we twasabiranga, ne tusisinkana omuwala omuddu ng'aliko ddayimooni eyalagulanga, era n'afuniranga bakama be ensimbi nnyingi. [17] N'atuvaako emabega ng'aleekaana nti, "Bano baddu ba Katonda Ali Waggulu Ennyo, era babategeeza ekkubo ly'obulokozi." [18] Ekyo yakikola okumala ennaku nnyingi Pawulo n'anyiiga. Pawulo kyeyava akyuka n'agamba ddayimooni nti, "Nkulagira mu linnya lya Yesu Kristo, muveeko!" Era amangwago dayimooni n'ava ku muwala."*

**Ebikolwa 2:4-11** – *"Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa.[5] Waaliwo Abayudaaya bangi abatya Katonda abaali bazze mu Yerusaalemi nga bavudde mu buli ggwanga wansi w'eggulu. [6] Bwe baawulira okuwuuma okwo, ekibiina kinene ne kikuŋŋaana, ne beewuunya okuwulira nga buli muntu awulira olulimi lw'ewaabwe. [7] Ne bawuniikirira ne beewuunya ne bagamba nti, "Bano bonna aboogera si Bagaliraaya? [8] Kale lwaki tuwulira buli muntu olulimi lw'ewaffe gye*

*twazaalibwa? [9] Tubawulira nga boogera eby'amagero bya Katonda mu nnimi ez'Abapaazi, n'Abameedi, n'Abeeramiti, n'ez'abalala abava e Mesopotamiya, ne Buyudaaya, ne Kapadokiya, mu Ponto ne mu Asiya, [10] ne mu Fulugiya ne mu Panfuliya, n'abamu abava mu Misiri, n'ensi za Libiya okuliraana Kuleene, n'abagenyi AAbaruumi, [11] Abayudaaya, n'abakyuka ne basoma Ekiyudaaya, n'Abakuleete n'Abawalabu."*

**1 Abakkolinso 14:13-14 –** *"Kale buli ayogera mu lulimi asabe Katonda amusobozese okuluvvuunula. [14] Kubanga bwe nsaba Katonda mu lulimi lwe sitegeera, omwoyo gwange gusaba, naye sibaako kye nganyulwa."*

6. Soma Baruumi 12:6-8. Nnyonnyola ebirabo eby'Omwoyo ebiwandiikiddwa wano, Katonda by'awa abantu.

**Abaruumi 12:6-8 –** *"Tulina ebirabo, ng'ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey'enjawulo, oba bunnabbi, ng'ekigera ky'okukkiriza bwe kiri, [7] oba buweereza, mu buweereza, oba omu okuyigiriza, mu kuyigiriza; [8] oba omulala okugumya banne mu kubazzaamu amaanyi, oba omulala mu kugaba, oba omulala, okufuga n'obunyiikivu, n'omulala okulaga ekisa nga musanyufu."*

**2 Timoseewo 4:11** – *"Lukka yekka y'ali nange. Ggyayo Makko omuleete, kubanga annyamba nnyo mu buweereza.*

**Ebikolwa 13:1** – *"Mu Kkanisa y'omu Antiyokiya mwalimu bannabbi n'abayigiriza bano: Balunabba, ne Simooni, eyayitibwanga, 'Omuddugavu' ne Lukiyo ow'e Kuleene, ne Manaeni, eyakulira awamu ne kabaka Kerode, ne Sawulo."*

**Ebikolwa 13:15** – *"Ebitundu ebyaggyibwa mu Mateeka ne mu Bannabbi bwe byaggwa okusomebwa, abakulembeze b'ekuŋŋaaniro ne batumira Balunabba ne Pawulo we baali batudde nga bagamba nti, "Abasajja abooluganda, obanga ku mmwe waliwo alina ekigambo ekizimba abantu akyogere."*

**Engero 22:9 –** *"Omuntu omugabi anaabanga n'omukisa, kubanga emmere ye agirya n'abaavu."*

**Ebikolwa 20:28** – *"Mwekumenga era mukuumenga n'ekisibo kyonna Mwoyo Mutukuvu mwe yabateeka okuba abalabirizi okulabiriranga Ekkanisa ya Katonda gye yeegulira n'omusaayi gwe."*

**Matayo 5:7 –** *"Balina omukisa ab'ekisa, kubanga abo balikwatirwa ekisa."*

7. Olinayo ebimu ku birabo bino by'olaba nga bikolera mu bulamu bwo? Bwe kiba nga bwe kiri, birabo ki?

8. Soma 1 Bakkolinso 12:7. Ani alina okufunamu mu birabo bino?

**1 Abakkolinso 12:7 –** *"Mwoyo Mutukuvu yeeragira mu buli omu olw'okugasa bonna."*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma 1 Peetero 4:11. Busobozi bw'ani bwe tulina okuweererezaamu?
   **Obusobozi bwa Katonda.**

2. Soma 1 Bakkolinso 12:4. Waliwo ebirabo by'Omwoyo eby'enjawulo bingi, naye ani nsibuko yaabyo?
   **Katonda/Omwoyo Omutukuvu.**

3. Soma 1 Bakkolinso 12:6. Londako ebigambo ebituufu.
   **B. Waliwo engeri ezenjawulo Katonda mw'akolera ng'ayita mu bantu.**

4. Soma 1 Bakkolinso 12:7. Okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu n'ebirabo eby'Omwoyo biweebwa buli omu kuffe ku lw'obulungi bwa bonna. Kituufu oba kikyamu.
   **Kituufu.**

5. Soma 1 Bakkolinso 12:8-10. Nokolayo, era onnyonnyole ebimu ku birabo eby'omwoyo Katonda by'awa abantu engeri gye bikolamu.
   - **Ekigambo eky'amagezi=okubikkulirwa okutali kwa bulijjo okuva ewa Katonda okukwata ku ndowooza ye n'ekigendererwa kye. Soma Bikolwa 27:21-25.**
   - **Ekigambo eky'okumanya=okubikkulirwa okutali kwa bulijjo okuva ewa Katonda ku -nsonga yonna oba ku kibaddewo kyonna. Soma Bikolwa 9:11-12.**
   - **Ekirabo eky'okukkiriza = obusobozi obusukkulumu, okukkiriza Katonda awatali kubuusabuusa oba okusooka okulowooza. 1 Abakkolinso 13:2.**
   - **Ebirabo eby'okuwonya = obusobozi obw'enjawulo okuwonya endwadde awatali buyambi bwa muntu oba eddagala. Makko 16:18.**
   - **Okukola eby'amagero = amaanyi agassukkulmye agazaala ebyamagero nga gakontana n'amateeka g'obutonde. Abaebbulaaniya 2:3-4.**
   - **Obunnabbi = okwatula okw'enjawulo, nga kuluŋŋamiziddwa Katonda, ng'omuntu ayogera mu lulimi olumanyiddwa. Ebikolwa 11:27-28, 1 Abakkolinso 14:3.**
   - **Okwawula emyoyo = okubikkulirwa okw'enjawulo okuva eri Katonda ku kubeerawo kw'emyoyo oba ebikolwa byagyo. Ebikolwa 16:16-18.**
   - **Ennimi ez'enjawulu = okwatula okw'enjawulo okuluŋamizibwa Katonda, mu lulimi olutamanyiddwa. (Kwe kugamba, ng'alwogera talumanyi.) Ebikolwa 2:4-11.**
   - **Okuvvuunula ennimi = Okwatula okw'enjawulo nga kuluŋŋamizibwa Katonda, ng'omuntu avvunuula olulimi olwo olutamanyiddwa. 1 Abakkolinso 14:13-14.**

6. Soma Baruumi 12:6-8. Nnyonnyola ebirabo eby'Omwoyo ebiwandiikiddwa wano, Katonda by'awa abantu.
   - **Obunnabbi = okwatula okw'enjawulo, nga kuluŋŋamizibwa Katonda, ng'omuntu ayogera eri abalala mu lulimi olumanyiddwa.**
   - **Obuweereza = okuweereza abalala, n'emirimu egirabikako 2 Timoseewo 4:11.**

- **Okusomesa = Kwe kunnyonnyola, okulambulula, okuyigiriza omuntu ebiragiro. Ebikolwa 13:1.**
- **Okuzzaamu amaanyi = kukubiriza, kuwa magezi, kwegayirira, kubudaabuda, kulabula. Soma Bikolwa 13:15**
- **Okugaba = kugabana awatali bukuusa ebirabo ebiweebwawo eri Katonda, n'abantu bye batuwa. Ngero 22:9.**
- **Okufuga = Okukulembera oba obukulembeze. Soma Bikolwa 20:28.**
- **Okusaasira okulagibwa oyo eyasobya oba ali mu buzibu. Matayo 5:17.**

7. Olinayo ebimu ku birabo bino by'olaba nga bikolera mu bulamu bwo? Bwe kiba nga bwe kiri, birabo ki?

8. Soma 1 Bakkolinso. 12:7. Ani alina okufunamu mu birabo bino?
   **Buli omu. Bwe weeyambisa ebirabo okuyamba abalala, obeera oganya Katonda okukola ng'ayita mu ggwe.**

## ESSOMO 3

# EBY'AMAGERO BIGULUMIZA KATONDA

### Omusomesa: Andrew Wommack

Twogedde ku kukolera mu maanyi ga Katonda n'okuweereza eri abantu abalala okuyita mu birabo by'atuwa. Njagala okugabana ku bintu ebimu, n'engeri mu butuufu eby'amagero gye bigulumizaamu Katonda, era n'engeri gy'atusuubira okukozesaamu obusobozi bwe obwo obusukkulumye bw'atuwa. Waliwo ebyawandiikibwa bingi nnyo ebyogera ku nsonga eno, wabula nsobola kukwatako bukwasi ebitono ku byo. Mu Matayo 9 waliwo kye tulaba, nga Yesu awonya omusajja omugongobavu, era nja kukirambululira mu Makko 2. Matayo 9:8 wagamba nti, *"Naye abantu abaali mu bibiina bwe baalaba eky'amagero kino ne beewuunya nnyo! Ne bagulumiza Katonda eyawa abantu obuyinza obwenkaniddaawo!"* Wali okitegedde nti ebirabo eby'Omwoyo — eby'amagero — bigulumiza Katonda, era ng'eyo y'ensonga lwaki yatuwa obusobozi obukola eby'amagero?

Bw'otandika okugabana ekigambo n'abantu abalala, mu butonde wayinza okubaawo okubuusabuusa n'okutandika okwebuuza nti, "Kale tumanya tutya nti ky'oyogera kituufu?" Lumu nawulira T.L. Osborne omubuulizi w'Enjiri omututumufu, eyaleetera enkumi n'enkumi z'abantu okudda eri Kristo, ng'ayogera kw'ebyo bye yasisinkana mu nsi endala bwe yali agenze okubuulira Enjiri mu kisaawe omulundi gwe ogwasooka. Yagezaako okujulira eri abantu naye nga tebakkiriza kye yali abagamba. Oluvannyuma, lumu yali ayogera n'omusajja omu ng'amugamba nti, "Naye Bayibuli egamba," omusajja n'amubuuza nti, "Kiki ekifuula ekitabo ekyo ekiddugavu okubeera eky'enjawulo ku bitabo ebirala?" Awo T. L. Osborne ne yeebuuza nti, "Nkoze ntya okumanyisa abantu bano nti Bayibuli y'amazima? Nze nzikiriza nti Bayibuli ky'Ekigambo kya Katonda, naye bano mbamatizza ntya?"

Yava mu kisaawe ewaali olukuŋŋaana lw'Enjiri (kuluseedi), ng'aweddemu amaanyi, n'addayo eka, n'atandika okunoonya Katonda. Obubonero n'ebyewuunyo weebiri olw'omugaso ogw'okukakasa amazima g'Ekigambo kya Katonda, ng'ate ekyo kye kigenda okukyusa obulamu bw'abantu. Mu 1 Peetero 1:23 wagamba nti, *"Kubanga okusinziira mu kigambo kya Katonda ekiramu era eky'olubeerera, mwazaalibwa omulundi ogwokubiri."* Ekigambo kya Katonda kye kikyusa obulamu bw'abantu, naye obatuusa otya ku kukkiriza nti mazima Katonda y'ayogera? Kale, ekyo kye kigendererwa ky'eby'amagero. Bwe tubuulira ne tugamba nti omuntu okuwonyezebwa kuba kwagala kwa Katonda, tukikola nga tulangirira okuwonyezebwa ku balwadde mu linnya lya Yesu. Abazibe bwe balaba, ne baakiggala ne bawulira, ekyo kikakasa nti oyo Katonda. Eby'amagero tebigenda kukyusa bantu, naye bibaleetera okukkiriza nti Ekigambo ky'oyogedde kya Katonda. Ekyawandiikibwa ekituwa eky'okulabirako ekyo kiri mu Makko 2:1-9, ewaali omusajja eyali yagongobala, eyawonyezebwa: *"Awo bwe waayitawo ennaku nnyingi Yesu n'akomawo mu kibuga Kaperunawumu, ne kiwulirwa nti ali ka. [2] Abantu bangi ne bakuŋŋaana, ne wataba kafo wayinzika kuyisibwa kigere ku mulyango; n'ababuulira Enjiri. [3] Omulwadde eyali akoozimbye ne bamuleeta eri Yesu ng'asituliddwa abasajja bana [4]Naye bwe balemwa okuyingiza omulwadde*

*eyali akoozimbye olw'ekibiina ekinene ne baseluukulula ku kasolya ne bassa omulwadde ng'ali ku katanda ke. [5] Yesu bwe yalaba okukkiriza kwabwe, n'agamba omulwadde eyali akoozimbye nti, "Mwana wange ebibi byo bikusonyiyiddwa." [6] Naye abamu ku bannyonnyozi b'amateeka abaali batudde awo nga balowooza ku bintu bino mu mitima gyabwe ne boogera nti, [7] "Ono ayinza atya okwogera bw'atyo? Avvodde! Ani ayinza okusonyiwa ebibi okuggyako Katonda?" [8] Amangwago Yesu n'amanya mu mutima gwe bye baali boogerako bokka ne bokka n'ababuuza nti, "Lwaki mwebuuzaganya ebintu bino mu mitima gyammwe? [9] Ekyangu kye kiruwa, okugamba akoozimbye nti ebibi byo bikusonyiyiddwa oba nti yimirira ositule akatanda ko otambule?"*(obukomera bwange). Amazima gali nti ebintu ebyo byombi tebisoboka kukolebwa. Tekisoboka muntu kusonyiwa bibi, era tekisoboka muntu kuwonya mulala bugongobavu. Oba nga Katonda yasobola okukola ekimu, n'ekirala yali asobola okukikola.

Mu nnyiriri 10-12 Yesu yagamba nti, *"Naye mmwe okusobola okutegeera ng'Omwana w'Omuntu alina obuyinza okusonyiwa ebibi ku nsi;" n'agamba eyali akoozimbye nti, [11] 'Yimirira ositule akatanda ko oddeyo ewuwo.' [12] Awo omusajja n'asituka, amangwago n'asitula akatanda ke n'afuluma nga bonna balaba. Bonna ne bawuniikirira era ne bagulumiza Katonda, nga bagamba nti, 'Kino tetukirabangako.'"* Yesu yakiraga bulungi bwe yagamba nti, "Musobole okumanya nti Omwana w'Omuntu alina amaanyi ku nsi okusonyiwa ebibi, (n'ayogera eri omulwadde w'obugongobavu)." Yawonya abantu, basobole okumanya nti bw'aba ng'asobola okukola ebintu mu nsi ey'omubiri ne balaba Ekigambo kye nga kituukirira, n'eby'omwoyo ng'okusonyiyibwa kw'ebibi kisoboka okubeerawo. Yesu yakozesa eby'amagero okukakasa ekigambo kye.

Ekyo kyennyini kyogerwako mu Bebbulaniya 2:2-3, *"Obanga ekigambo ekyayogerwa bamalayika kyakola, na buli eyayonoona era n'ajeemera ekigambo ekyo, yaweebwa ekibonerezo ekimusaanira, ffe tuliwona tutya bwe tuliragajjalira obulokozi obukulu obwenkana awo? Obulokozi obwo bwasooka okwogerwa Mukama waffe, ne bulyoka bukakasibwa abo abaabuwulira."* Wagamba nti Katonda yakakasa Ekigambo kye n'amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu. Kati kino kigatte ku Makko 16:20, "Katonda nga akola nabo n'akakasa ekigambo kye n'obubonero." Kye nkulaga wano kwe kuba nti Katonda ayagala okukozesa obusobozi bwe obussukkulumu n'amaanyi, okuweereza abantu abalala. Akozesa ebyamagero ebibaawo okuyita mu kirabo eky'omwoyo okukakasa abantu nti ye yennyini y'ayogera nabo. Mw'ebyo byonna ayagala abantu babeere ba ddembe mu mitima gyabwe, naye oluusi ekkubo erituuka eri omutima gw'omuntu kuba kuyita mu mibiri gyabwe ne mu nneewulira yaabwe. Bw'oba ng'osobola okukolera mw'ebyo n'olaba ng'omuntu asumuluddwa, olwo basobola okweggulawo ne bakkiriza Mukama okukoma ku bulamu bwabwe, era ne beewaayo eri Mukama obulamu bwabwe bwonna.

1 Abakkolinso 2:1-5, Pawulo yali awandiikira Abakkolinso, ng'abagamba ku ngeri gye yasooka okubasisinkana: *"Bwe najja gye muli abooluganda sajja gye muli na bumanyirivu mu kwogera wadde amagezi nga nangirira ekyama kya Katonda gye muli. [2] Kubanga nasalawo obutamanya kintu kyonna mu mmwe wabula Yesu Kristo oyo eyakomererwa. [3] Bwe nnali nammwe nnali munafu, nga ntya era nga nkankana nnyo. [4 ] Era okubuulira kwange n'okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu,*

*[5] okukkiriza kwammwe kuleme kuba kw'amagezi ga bantu wabula kwesigame ku maanyi ga Katonda."* Yalambulula bulungi nti teyagendayo ng'asendasenda era ng'akozesa ebigambo byokka, naye yagendayo ng'ayolesa Omwoyo n'amaanyi, okukkiriza kwabwe kunywerere mu maanyi ga Katonda, so si ku magezi ga muntu.

Obukrisitaayo bulina enkola eyeewuunyisa. Bw'omala okulaba amazima, weewuunya engeri gye wasubwamu okugalaba, era ne weebuuza lwaki buli omu tagakkiriza. Naye Obukristaayo si bwa kutegeera butegeezi … bulamu bwa kubeera ne Katonda yennyini. Katonda mulamu leero, era ayagala okweraga mu maanyi mu ngeri y'emu ddala nga bwe yakola mu kigambo kye. Abaebbulaniya 13:8. *"Yesu y'omu jjo leero n'emirembe gyonna."* Yesu yajja, era yali muntu eyakakasibwa Katonda mu bubonero, ebyewuunyo n'eby'amagero. Ebikolwa 10:38 *"Katonda bwe yafuka ku Yesu omunazaaleesi amafuta n'Omwoyo Omutukuvu era n'amaanyi: eyagendanga ng'akola bulungi era ng'awonya bonna abaali banyigirizibwa Setaani kubanga Katonda yali wamu naye."* Ekigambo kye yakikakasa, era n'eby'amagero ebyo bivuga ng'ekide okuleeta abantu eri obubaka bwe. Ebyawandiikibwa bingi bigamba nti eby'amagero bino byagulumiza Katonda. Era Yesu bw'aba nga yalina okukozesa amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu okuweereza n'okukyusa obulamu bw'abantu, tuyinza tutya okulowooza nti tusobola okukola okusingawo nga bwe yakola ye? Yesu bw'aba nga yalemera ku kukola eby'amagero okusobola okusembeza abantu gy'ali, batoole obubaka bwe, tuyinza tutya okulowooza nti tusobola okumatiza ensi olwaleero nga tetukolera mu maanyi ga Katonda agasukkulumye? Amazima gali nti eby'amagero bigulumiza Katonda era by'ebide ebisembeza abantu eri Katonda. Kiringa kukuba kide kya kulya kyaggulo — emmere y'ekukkusa, naye ekide kye kikuleetera okutegeera nti waliyo eby'okulya. Ekide bwe kitavuga, abantu abamu baba tebajja kulya mmere. Awatali maanyi ga Katonda ag'ebyamagero abantu bangi bajja kusubwa amazima nti ddala Katonda waali, era ng'asobola okukyusa emitima gyabwe, n'okusonyiwa ebibi byabwe.

Nkuzzaamu amaanyi, otegeere nti Katonda ayagala okukulukuta okuyita mu buli omu ku ffe, era akole eby'amagero bingi okuyita mu ffe okutuuka mu bulamu bw'abantu abalala. Abamu ku mmwe muyinza okuba mutya, mwebuuza ekibaawo singa osabira abantu ne batawona? Ye omanya otya nti ddala ekyo kinabaawo? Weetaaga okutegeera nti si ggwe akola eby'amagero; Katonda y'abikola. Si ggwe ajulirwa bwe wabeerawo eky'amagero omuntu n'asumululwa, era teweetikka kunenyezebwa bwe kitakola. Ggwe saba busabi; Katonda y'awonya, naye alina okukulukuta ng'ayita mu ggwe. Katonda ayagala okukukozesa mu ngeri ey'ekyamagero. Weetaaga okubeera mu Kigambo kya Katonda, olabe engeri gye kyakoleramu abantu abalala, ebyo obikozese mu bulamu bwo, oleke amaanyi ga Katonda agassukkulumye gakulukute okuyita mu ggwe leero.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Eky'amagero kye ki?

2. Soma Makko 2:10-12. Eky'amagero kya Yesu ky'alaga nti alina amaanyi agakola ki?

   **Makko 2:10-12 –** *"Naye mmwe okusobola okutegeera ng'Omwana w'Omuntu alina obuyinza okusonyiwa ebibi ku nsi;" n'agamba eyali akoozimbye nti, [11] 'Yimirira ositule akatanda ko oddeyo ewuwo.' [12] Awo omusajja n'asituka, amangwago n'asitula akatanda ke n'afuluma nga bonna balaba. Bonna ne bawuniikirira era ne bagulumiza Katonda, nga bagamba nti, 'Kino tetukirabangako.'"*

3. Soma Makko 16:15-18. Ng'abakkiriza tulina kukola ki?

   **Makko 16:15-18** – *"Naye mmwe okusobola okutegeera ng'OMwana w'Omuntu alina obuyinza okusonyiwa ebibi ku nsi;n'agamba eyali akoozimbye nti, [11] 'Yimirira ositule akatanda ko oddeyo ewuwo.' [12] Awo omusajja n'asituka, amangwago n'asitula akatanda ke n'afuluma nga bonna balaba. Bonna ne bawuniikirira era ne bagulumiza Katonda, nga bagamba nti, 'Kino tetukirabangako.'"*

4. Soma Ebikolwa 8:5-8, 12. Abantu baalaba ki era, baakola batya?

   **Ebikolwa 8:5-8, 12 –** *"Awo Firipo, n'alaga mu kimu ku bibuga bya Samaliya n'abuulira abantu Enjiri ya Kristo. [6] Ebibiina ne bimuwuliriza nnyo kubanga abantu bonna baalaba ebyamagero bye yakola. [7] Baddayimooni bangi ne bava ku bantu nga bwe baleekaana; abaali bakoozimbye n'abalema bonna ne bawonyezebwa; [8] ekibuga ne kijjula essanyu. ... [12] Naye bwe bakkiriza obubaka bwa Firipo ng'abuulira ku bwakabaka bwa Katonda n'erinnya lya Yesu Kristo abasajja n'abakazi ne babatizibwa."*

5. Soma Ebikolwa 3:12. Omutume Peetero yayogera ki ku butukuvu bwe mu kukola eby'amagero?

   **Ebikolwa 3:12** – *"Awo Peetero bwe yabalaba n'agamba abantu nti, "Abasajja Abayisirayiri, kiki ekibeewuunyisa? Era lwaki mututunuulira ng'abagamba nti obulungi bwaffe n'obuyinza bwaffe bye bitambuzza omusajja ono?"*

6. Soma Ebikolwa 3:16. Eby'amagero bibaawo bitya?

   **Ebikolwa 3:16 – "***Olw'okukkiriza mu linnya lye, omusajja ono, mwenna gwe mulaba era gwe mumanyi aweereddwa amaanyi mu linnya lye, era okukkiriza mu ye kwe kuwadde omusajja ono obulamu obutuukiridde nga mwenna bwe mulaba.*

7. Waliwo eby'amagero ebyalabibwa nga bikolebwa mu Ndagaano Empya ng'Abatume si be babikola?

**Makko 9:38-39 –**"*Yokaana n'amugamba nti, "Omuyigiriza, twalaba omuntu ng'agoba baddayimooni mu linnya lyo, ne tumuziyiza kubanga tayita naffe." [39] Naye Yesu n'amuddamu nti, "Temumuziyizanga, kubanga tewali muntu n'omu akola ebikolwa eby'amaanyi mu linnya lyange ate amangwago n'anjogerako bibi."*

**Ebikolwa 9:10-18** –*"Mu Damasiko mwalimu omuyigirizwa ng'ayitibwa Ananiya. Mukama n'ayogera naye mu kwolesebwa n'amuyita nti, 'Ananiya!' N'addamu nti, 'Nze nzuuno, Mukama wange.' [11] Mukama n'amugamba nti, 'Genda ku luguudo oluyitibwa Olutereevu, onoonye ennyumba y'omuntu omu erinnya lye Yuda, omubuuze Sawulo ow'e Taluso. Ali eyo kaakano ng'asaba, kubanga 12 mmulaze mu kwolesebwa omuntu ayitibwa Ananiya ng'ajja gy'ali era ng'amussaako emikono okumusabira amaaso ge galabe.' [13] Ananiya n'agamba nti, 'Naye Mukama wange, nga mpulidde ebintu ebitali birungi bingi nnyo omuntu oyo by'akoze abakkiriza abali mu Yerusaalemi. [14] Era tuwulira nti yafuna n'ebbaluwa okuva eri Kabona Asinga Obukulu, ng'emuwa obuyinza okukwata buli mukkiriza yenna ali mu Damasiko!' [15] Naye Mukama n'amugamba nti, 'Ggwe genda okole kye ŋŋambye. Kubanga Sawulo mmulonze okutwala erinnya lyange eri Abaamawanga ne bakabaka, era n'eri abaana ba Isirayiri.' [16] Era nnaamulaga nga bw'ateekwa okubonaabona ku lw'erinnya lyange.[17] Bw'atyo Ananiya n'agenda n'ayingira mu nnyumba Sawulo mwe yali n'amussaako emikono n'amugamba nti, 'Owooluganda Sawulo, Mukama waffe Yesu eyakulabikira mu kkubo ng'ojja antumye gy'oli, oddemu okulaba era ojjuzibwe Mwoyo Mutukuvu.' [18] Amangwago ebintu ebyali ng'amagagamba ne bigwa okuva ku maaso ga Sawulo n'asobola okulaba, n'ayimirira n'abatizibwa."*

8. Soma 1 Bakkolinso 1:7. Ekirabo eky'ebyamagero kirikoma ddi?

   **1 Abakkolinso 1:7** – *"Muleme kubaako kye mwetaaga mu kirabo kyonna, nga mulindirira okubikkulirwa kwa Mukama waffe Yesu Kristo."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Eky'amagero kye ki?
   **Ky'ekyo ekitali kya bulijjo ekitwalibwa okuba nga kiraga amaanyi ag'obwakatonda. Ge maanyi ga Katonda amasukkulumu agayingirira etteeka ly'obutonde.**

2. Soma Makko 2:10-12. Eky'amagero kya Yesu ky'alaga nti alina amaanyi agakola ki?
   **Agasonyiwa ebibi.**

3. Soma Makko 16:15-18. Ng'abakkiriza tulina kukola ki?
   **Mubuulire Enjiri, mubatize abalokose, mugobe emizimu, mwogere mu nnimi, n'abalwadde mubawonye.**

4. Soma Bikolwa 8:5-8. Abantu baalaba ki era, baakola batya?
   **Baalaba eby'amagero (olunyiriri 7), bakkiriza Yesu ne babatizibwa mu mazzi amangi (olunyiriri 12).**

5. Soma Bikolwa 3:12. Omutume Peetero yayogera ki ku butukuvu bwe mu kukola eby'amagero?
   **Tegaali maanyi ge, oba obutukuvu bwe, naye byali bya Katonda.**

6. Soma Bikolwa 3:16. Eby'amagero bibaawo bitya?
   **Mu linnya lya Yesu ne mu kussa okukkiriza kwaffe mu ye.**

7. Waliwo ebyamagero ebyalabibwa nga bikolebwa mu Ndagaano Empya ng'abatume si be babikola?
   **Weewawo. Omugoberezi wa Kristo atamanyiddwa (Makko 9:38-39) (Abafiripi 8:5-7), Ananiya (Ebikolwa 9:10-18).**

8. Soma 1 Bakkolinso 1:7. Ekirabo eky'ebyamagero kirikoma ddi?
   **Ku kujja kwa Yesu Kristo. Ku madda ge.**

## ESSOMO 4

# AMAANYI AGALI MU NKOLAGANA EZ'OBWAKATONDA

### Omusomesa: Don Krow

Leero twogera ku maanyi agali mu nkolagana ez'obwakatonda. Bw'okirowoozaako, Bayibuli yonna eyogera ku mutwe ogwo. Eky'okulabirako, ekigambo "kkanisa" kiva mu kigambo eky'Oluyonaani ekeleziya, nga kitegeeza "ekibinja ky'abo abaayitibwa." Bwe weeyongera okusoma mu Kigambo kya Katonda, olaba ng'ekkanisa, oba abantu ba Katonda bakubirizibwa okukuŋŋaananga. Bakubirizibwa okusabira awamu, era n'okuzziŋŋanamu amaanyi. Baddamu amaanyi olw'enkolagana ez'obwakatonda nga batambulira wamu. N'ekigambo "omukadde" bw'okirowoozaako, kikozesebwa emirundi mingi mu byawandiikibwa okulaga omuntu asingako obukulu … omuntu omukulu mu bya Mukama … omuntu atambulidde mu bulamu obwa Kristo, era ng'awangudde mu by'amaka, era ne mu bufumbo bwe. Singa nfuna obuzibu mu bufumbo bwange, naalyagadde okusisinkana omusajja alina Katonda, afunye amagezi ga Katonda okumala emyaka egiwerako … ekitegeeza omuntu alina obumanyirivu.

Tulina okukitegeera nate nti ebyawandiikibwa binnyonnyola omubiri gwa Kristo ng'ogulabwako (ogwa bulijjo). Gulina amaaso, amatu, emikono n'ebitundu ebirala eby'enjawulo. Nga bwe tuli ebitundu bya bannaffe, tugabana amaanyi ffeka na ffeka. Buli nnyingo, buli kitundu kya mubiri kirina ekirabo kyakyo … talanta yaakyo … engeri yakyo, gye kiwaamu omubiri amaanyi n'okumanya.

Mu Yakobo 5:16, *"Mwatuliraganenga ebibi byammwe mwekka na mwekka era musabiraganenga mulyoke muwone. Kubanga okusaba kw'omutuukirivu kukola nnyo mu kukola kwako."* Kino kye kimu ku by'okulabirako mu byawandiikibwa ekikwata ku maanyi agali mu nkolagana ez'obwakatonda. Omanyi waliwo ekibulawo mu mubiri gwa Kristo. Ndowooza bwe ntyo kubanga tutadde nnyo essira ku bwakabona bw'omukkiriza, nga yeetuukira eri Katonda, naatagenda mu banne, naye nga mu mbeera y'okwemalirira eyo, waliwo ebituwabyeko. Bayibuli eyogera ku kwatuliragana ebibi byaffe fekka na fekka. Nnina mukwano gwange Dr. Loren Lewis. Musajja mukulu, era tumaze ebbanga ddene nga tuli fenna. Yasoma Oluyonaani n'alukenkuka, era asoma butereevu Bayibuli y'Oluyonaani. Bwe wabaawo kye sitegeera bulungi mu Bayibuli ŋŋenda gy'ali ne mmannya Oluyonaani kye lukyogerako. Nneeyongera ne mmubuuza ku biseera by'emboozi ezo bwe biri, era annyamba nnyo mu kuyigiriza abalala Bayibuli. Mbadde mmala obudde obuwera n'omwami oyo. Musajja wa magezi, alina Katonda, obufumbo bwe bweyagaza. Amaka ge nago gali bulungi. Era waliwo ekiseera fenna we twetaagira okwatuliragana ensobi zaffe. Ntegeera Bayibuli w'egambira nti twatulenga ebibi byaffe eri Katonda, naye nga sikugamba kugenda kwatulira muntu bibi mbu abikusonyiwe, kubaga twetaaga kugenda eri Katonda butereevu. Naye mu bulamu bwaffe twetaaga okubeera n'abantu abatuvunaanyizibwako.

Amaanyi agali mu nkolagana ez'obwakatonda, ge maanyi ge twetaaga okubaako n'omuntu

atuvunaanyizibwako, era ng'atuyambako okunoonya Mukama. Mu Bebbulaniya, Bayibuli etulagira okuzziŋŋanamu amaanyi buli lunaku, obutalekangayo kukuŋŋaana, n'okulabulaŋŋana, waleme okubaawo akakanyaza mutima gwe okuyita mu bulimba bw'ekibi. Bino byonna byogera ku mugaso gw'okubeera n'enkolagana ez'obwakatonda. Ku ludda olubi Bayibuli etulabula emirundi mingi ku nkolagana ezitali za bwakatonda, nga bwe ziyinza okukosa endowooza n'ebirowozo byaffe. Tuyinza okwejjuukiriza nga tutwaliddwa mu bintu bye tutateekeddwa kubaamu, kubanga tetwekuumye, era tetwetooloddwa batuwa magezi og'obwakatonda (Engero11:14, 13:20, ne 1 Abakkolinso 15:33). Bayibuli egamba, *"Kubanga obutuukirivu bulina nkolagana ki n'obutali butuukirivu?"* (2 Abakkolinso 6:14).

Ng'otambulira mu bulamu buno obw'Ekikristaayo, nkukubiriza okwetoolooza obulamu bwo enkolagana ez'obwakatonda, era abo abayinza okukusikiriza mu makubo amabi obadduke. Kikulu nnyo ffe okubeera n'abakkiriza abalina Katonda, mw'abo nga mwe tusobolera okuwagalira obulamu bwaffe (Ngero 27:17), olwo nga tulina abatuvunaanyizibwako. Katonda akuwe omukisa nga bwe weeyongera okufumiitiriza ku ebyo.

## Ebibuuzo Eby' Obuyigirizwa

1. Soma 1 Bakkolinso 15:13. Olunyiriri luno lutuyigiriza ki ku nkolagana?

   **1 Abakkolinso 15:33** – *"Temulimbibwalimbibwanga, kubanga "emikwano emibi gyonoona empisa ennungi."*

2. Soma 1 Bakkolinso 12:12. Olunyiriri lutulaga ki ku bulamu bwaffe obw'Ekikristaayo?

   **1 Abakkolinso 12:12 –** *"Kuba omubiri nga bwe guli ogumu, ne guba n'ebitundu bingi, ate ebitundu byonna ne byegatta ne biba omubiri gumu, kale, ne Kristo bw'ali bw'atyo."*

3. Soma Bebbulaniya 10:24. Okuva mu Bebbulaniya 10:24, kiki kye tuyinza okuyigira ku bulamu obw'enkolagana ez'obwakatonda?

   **Abaebbulaniya 10:24 –** *"Era tussengayo omwoyo buli muntu eri munne, nga twekubiriza mu kwagala ne mu kukola ebikolwa ebirungi."*

4. Soma Bebbulaniya 10:25. Kiki kye tuyinza okuyiga okuva mu lunyiriri luno ku by'enkolagana zaffe n'abalala?

   **Abaebbulaniya 10:25 –** *"Tuleme kulekayo kukuŋŋaana, ng'abamu bwe bakola, naye buli muntu agumye munne, na ddala nga bwe mulaba nti, Olunaku lw'okudda kwa Mukama waffe lusembedde."*

5. Soma Engero 5:22-23. Lwaki tuteekeddwa okukuuma emitima gyaffe okugitangira eri enkolagana ezitali za bwakatonda?

   **Engero 5:22-23 –** *"Ebikolwa by'omukozi w'ebibi bimufuukira omutego, era emiguwa gy'ebikolwa bye ebibi girimusibira ddala. [23] Alifa, kubanga yagaana okwekuuma,era alizikirira olw'obusirusiru bwe obungi."*

6. Soma 2 Timoseewo 2:22. Tugoberera obutuukirivu, okukkiriza, okwagala, n'emirembe nga tuli n'ani?

   **2 Timoseewo 2:22 –** *"Naye ddukanga okwegomba okubi okw'ekivubuka, ogobererenga obutuukirivu, n'okukkiriza, n'okwagalana era n'emirembe awamu n'abo abasaba Mukama n'omutima omulongoofu."*

7. Soma Bebbulaniya 13:7. B'ani be tulina okujjukiranga n'okulabirako era nga twagala tubafaanane?

   **Abaebbulaniya 13:7** – *"Mujjukirenga abakulembeze bammwe abaababuulira ekigambo kya Katonda, nga mutunuulira empisa zaabwe nga mugobereranga okukkiriza."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma 1 Bakkolinso 15:13. Olunyiriri luno lutuyigiriza ki ku nkolagana?
   **Emikwano emibi gyonoona embala ennungi.**

2. Soma 1 Bakkolinso 12:12. Olunyiriri lutulaga ki ku bulamu bwaffe obw'Ekikristaayo?
   **Ng'omubiri bwe guli, ffenna twetaaga ebitundu ebirala eby'omubiri gwa Kristo.**

3. Soma Bebbulaniya 10:24. Okuva mu Bebbulaniya 10:24, kiki kye tuyinza okuyiga ku bulamu obw'enkolagana ez'obwakatonda?
   **Abo abali mu nkolagana ey'obwakatonda bakubiriza abalala okwagalana era n'okukola ebirungi.**

4. Soma Bebbulaniya 10:25. Kiki kye tuyinza okuyiga okuva mu lunyiriri luno ku byenkolagana?
   **Twetaaga okukuŋŋaana, okussa ekimu era n'okuzzaŋŋanamu amaanyi.**

5. Soma Ngero 5:22-23. Lwaki tuteekedwa okukuuma emitima gyaffe okuva eri enkolagana ezitali za bwaKatonda?
   **Si kulwa nga tuwaba ne tukola ebitasaana.**

6. Soma 2 Timoseewo 2:22. Tugoberera obutuukirivu, okukkiriza, okwagala, n'emirembe nga tuli n'ani?
   **Nga tuli nabo abakowoola Mukama n'omutima omulongoofu.**

7. Soma Bebbulaniya 13:7. B'ani be tulina okujjukiranga n'okulabirako era nga twagala tubafaanane?
   **Abakulembeze bo aboogera Ekigambo kya Katonda gy'oli.**

# ESSOMO 5

# OKUYIGGANYIZIBWA

## Omusomesa: Don Krow

Olwaleero tugenda kuyiga ku kuyigganyizibwa, n'ebigambo bya Yesu mu Matayo 10:16-23. Yayagala okuteekateeka abayigirizwa be okwetegekera okuwakanyizibwa. Yayagala bamanye nti okuwakanyizibwa kugenda kujja. Abo bonna ababeera mu bulamu obw'obwakatonda, abayimiridde mu Bukristaayo, baakusisinkananga okuyigganyizibwa (2 Timoseewo.3:12). Si y'embeera gy'osobola okuziyiza oba okwewala. Omulabe ayinza okuba emabega waayo, naye okuyigganyizibwa kitundu ku kuyimirira mu butuukirivu. Bayibuli egamba nti abo abayimirira ku lwa Katonda mu Kristo banaayigganyizibwanga. Yesu ateekateeka abayigirizwa be ng'abagamba nti, *"Laba mbasindika mu misege ng'endiga."* (Matayo 10:16). Ekigambo "laba" kitegeeza nti, "Bannange mufeeyo mumpulirize. Njagala kino mukitegeere, ŋŋenda kubatuma ng'endiga mu misege." Endiga z'ensolo ze mmanyi eziteerwanirira, ate eziteetengerera. Endiga terina mmanyo ga busagwa yadde obusagwa ng'omusota – tezisobola kwerwanirira mu ngeri yonna. Obukuumi bwazo buli mu musumba waazo.

Omulimu gw'omusumba kwe kulaba ng'emisege tegiyingira mu kisibo kya ndiga, naye Yesu by'ayogera by'awukana kw'ekyo: "Mbatuma ng'endiga wakati mu misege." Ekyo tekyewuunyisa? Ensonga emwogeza ekyo, kwe ku bateekerateekera okuwakanyizibwa. Abaefeeso 6:12 wagamba nti, *"Kubanga tetumeggana na mubiri na musaayi wabula n'abamasaza, n'amaanyi, n'abafuzi abafugira mu kizikiza eky'ensi eno, n'emyoyo egiri mu bbanga."* Walina okubaawo okuwakanyizibwa. Okuwakanyizibwa kitundu ku bulamu obw'Ekikristaayo, era ekyo Yesu ayagala okimanye. Ayagala akuteeketeeke ng'agamba nti, *"Mubeere bagezigezi ng'abaana b'emisota."* (Matayo 10:16). Ekigambo "bagezigezi", kitegeeza nti mu buli mbeera, naye ng'olina amagezi, era nga weewala okwereetera ebizibu. Mubeere bagezigezi ng'emisota, ate ba mirembe ng'amayiba.

Era agamba nti, "Naye mwegendereze abantu." (Matayo 10:17). Omulabe ajjanga kukozesa bantu. Abaefeeso 2:2 wagamba nti waliwo *"omulangira akolera mu bbanga, omwoyo akolera kaakati mu baana abajeemu."* Setaani ajjanga kukozesa bantu okutuwakanya, okuwakanya ekigendererwa kya Yesu Kristo … era n'okuwakanya Ekigambo kya Katonda. *"Mwegendereze abantu kubanga bajja kubawaayo eri ab'amateeka era bababonereze mu makuŋŋaaniro gaabwe."* (Matayo 10:17). Pawulo yagamba nti, *"Abayudaaya bankuba embooko amakumi asatu mu mwenda ku mirundi egy'enjawulo etaano olw'okubuulira enjiri"* (2 Abakkolinso 11:23-24). Yesu yagamba nti banaabatwalanga mu maaso g'abakulembeze — oluusi n'ab'obuyinza bajjanga kukozesebwa okuwakanya ebigendererwa bya Yesu Kristo. Mulireetebwa mu maaso g'abakulembeze ne ba kabaka ku lwa Yesu olw'okubabuulira enjiri, oba olw'okubalumiriza okugaana enjiri.

Ndi musomesa mu Charis Bible College. Nnali njigiriza ku kubuulira enjiri, era nga

ndaga abayizi engeri gye bayinza okugibuulirira ne mu bbaluwa empandiike, era n'okugibuulira abaabula, muntu ku muntu. Lumu nawandiikayo ebbaluwa z'enjiri ne nziweereza abantu abali wakati w'ataano n'ekikumi. Oluvannyuma lw'ennaku eziwerako, omukazi ayitibwa Ana Mariya yankubira essimu n'angugumbula ng'aŋŋamba nti, "Sijja kukuviirako awo … nze toddangamu kuŋŋamba ebyo ebya Yesu Kristo. Ate oba sisobola kukuleka ng'oniigiina olwa kino ky'okoze. Ye bannange erinnya lyange waliggya wa?" Ne muddamu nti, "Naliggya mu kitabo ky'amasimu." N'aŋŋamba nti, "Oli mulimba! Erinnya lyange n'ebinkwatako tebiriimu mu kitabo ky'amasimu!" Ne mmugamba nti, "Naye nze omwo mwe naliggye." N'aŋŋamba nti, "Poliisi' 'mujja kwambalagana nayo enkya." Muli ne ndowooza nti, 'Ddala ddala Bayibuli ntuufu?' Era 'poliisi' yansalako enkeera, ne baamala essaawa nga bbiri nga bagezaako okumbuuza akana n'akataano.

Olaba kye nkugamba? Teebereza…ng'abakozi b'ebikolobero bajjudde ku nguudo z'ekibuga, 'poliisi' yamala essaawa zaayo bbiri nnamba ng'eri ku nze. Lwaki? Lwa Yesu Kristo. Ku lw'Enjiri. Ekigambo kya Katonda ddala kituufu? Bw'oyimirira ku Kigambo kya Katonda … bw'oyimirira okujulira…bw'ovaayo n'olangirira Yesu … bw'oba nga oli muvumu okuyimirira mu butuukirivu mu maaso g'abantu, walina okubeerawo okuwakanyizibwa. Waliwo amaanyi g'obubi, ate waliwo n'amaanyi g'obulungi. Yesu yayagala abayigirizwa be babeere beetegefu.

Yesu yagamba mu Matayo 10:19 nti, *"Bwe muweebwangayo temweraliikirira kye* (okutya) *munawoza kubanga kinaabaweebwanga mu kiseera ekyo"* (obukomera nze mbutaddemu). Ng'olina omwoyo wa Katonda, ojja kuba n'amagezi nga Suteefano ow'edda. Abantu baali tebasobola kumuwangula olw'amagezi mwe yayogereranga. Yesu agamba mu nnyiriri 22-23 nti, *"Era mulikyayibwa abantu bonna ku lw'erinnya lyange, naye oyo agumiikiriza okutuuka ku nkomerero, alirokolebwa. Naye bwe babayigganya mu kibuga kino muveemu mugende mu kirala."* Okuwakanya obutuukirivu bwa Yesu Kristo n'ekigendererwa kye, weebiri bw'oba ng'oli mukozi wa Kigambo so si muwulizi buwulizi.

Naliko mu kibangirizi ewawummulirwa, ne ndaba omukazi omukadde ng'atudde mu kyesuubo. Ne ndowoza nti, 'Talina bulabe; tasobola kuntuusako bulabe!' Namusaba anzikirize okutuula naye mu kyesuubo, bwe ntyo ne ntuula, ne ntandika okunyumya naye. Nakizuula ng'erinnya lye ye Jane. Ne mmubuuza nti, "Owange Jane, okola ki?" N'aŋŋamba nti, "Munnange, nze ndi mukazi mukadde, sikyakola, nnawummula." Naye kwe kumbuuza nti, "Ye gwe okola ki?" Ne mmugamba nti, "Nze nkolera mu kitongole ekikolagana n'amakkanisa okuyamba ku Bakristaayo." Nagenda okulaba ng'entunula ye ekyuse. N'aŋŋamba nti, "Togezaako kuŋŋamba bya Katonda! Tombuulira Yesu wo oyo!" Ne mmugamba nti, "Leka naawe Jane tewaliyogedde bw'otyo." N'aŋŋamba nti, "Singa Yesu ayimirira mu maaso gange, naalimuwandulidde amalusu mu maaso!" Ne mmugamba nti, "Jane tewaliyogedde bigambo bigambo ng'ebyo! Oteekeddwa okuba ng'olina abantu bangi abaakulumya mu makanisa, ky'ovudde obeera ng'oyogera bw'otyo. Jane tewaliyogedde bw'otyo! Kankubuulireko ku bikwata ku ffamire yange." N'aŋŋamba nti, "Nedda! Nakugaanye okwogera nange. Ogenda kumbuulira bya Yesu Kristo ne Katonda bye yakola mu maka go, era sigenda kkubikkiriza, era tolina ky'oŋŋamba." Ne mmugamba nti, "Jane, mukwano, nteekeddwa okukubuulira ku Yesu Kristo." N'anziramu nti, "Nedda! Nkugambye nti BUNIRA!"

Yalina akabwa akato ku lugwa, n'akasika ne kasembera era ne bagenda. Nga munnange yekwakkula, nga zitwala! Omukazi wuuno, ava mu mbeera kubanga omwoyo gwasituka munda mu ye … omwoyo ogw'obujeemu. Yali afugibwa omulabe. Nalowoza munda yange nti, 'Ssaamanyira kuboggolerwa bantu. Ssaamanyira ky'abantu kunkambuwalira.' Naye ssaalina kya kukola okuggyako okumusaasira obusaasizi. Tewaaliwo kirala okuggyako okwagala Jane. Yava mu mbeera, naye ate nze nasigala mu mbeera. Naddayo eka ne nneebaza Mukama nti, "Omanyi Mukama? Eky'amagero ekisinga kwe kuba nti nze nasigadde mu mbeera." Omuntu bwe yankambuwalidde, nze nabadde sirina kirala okuggyako okumwagala n'okumusaasira."

Okuyigganyizibwa n'okuwakanyizibwa, bijja kujja ng'ofulumye mu linya lya Yesu. Omwoyo wa Katonda y'omu y'atuwa obuvumu okw'ogera ku Yesu … newankubadde nga tugaaniddwa ku lw'erinnya lye, Omwoyo oyo y'omu y'ajja okutubudaabuda, era y'atuzzaamu amaanyi mu mbeera yonna.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma 2 Timoseewo 3:12. Kiki ekirituuka kw'abo abatambulira mu bulamu obw'okutya Katonda?

   **2 Timoseewo 3:12 –** *"Era bonna abaagala okuba mu bulamu obutya Katonda mu Kristo Yesu, banaayigganyizibwanga."*

2. Okuyigganyizibwa oyinza kukunnyonyola otya?

3. Soma Makko 4:16-17. Okuyigganyizibwa n'okubonyabonyezebwa bijja lwa nsonga ki?

   **Makko 4:16-17 –** *"Ate ensigo ezaagwa ku byaziyazi, gy'emitima gy'abantu abawulira ekigambo amangwago ne bakyaniriza n'essanyu. [17] Naye tebalina mirandira, babeera bulungi okusooka, naye olutuukibwako ebizibu oba okuyigganyizibwa olw'ekigambo amangwago babivaako."*

4. Soma Ebikolwa 8:1, 4. Okuyigganyizibwa okw'omu Yerusaalemi kw'avaamu ki?

   **Ebikolwa 8:1, 4 –** *"Sawulo yali omu ku abo abaawagira okuttibwa kwa Suteefano. Era ku lunaku olwo okuyigganya Ekkanisa ne kutandika n'amaanyi mangi nnyo mu Yerusaalemi; ne basaasanira ebitundu bya Buyudaaya ne Samaliya, okuggyako abatume ... [4] N'olwkeyo bonna ne basaasana era ne babuulira eyo ekigambo."*

5. Soma Matayo 5:10-12. Waliwo omukisa kw'abo abayigganyizibwa ku lw'o ...?

   **Matayo 5:10-12 –** *"Balina omukisa abayigganyizibwa olw'obutuukirivu, kubanga abo obwakabaka obw'omu ggulu bwe bwabwe." [11] Mulina omukisa mmwe, bwe banaabavumanga, ne babayigganya, ne baboogerako ebibi ebya buli ngeri, ne babawaayiriza, nga babalanga nze. [12] Musanyuke era mujaguze kubanga empeera yammwe nnene mu ggulu, ne bannabbi ab'edda bwe baayigganyizibwa bwe batyo."*

6. Soma Matayo 5:12. Abakkiriza bwe bayigganyizibwa ku lw'obutuukirivu, kiki kye balina okusuubira mu biseera eby'omu maaso.

   **Matayo 5:12 –** *"Musanyuke era mujaguze kubanga empeera yammwe nnene mu ggulu, ne bannabbi ab'edda bwe baayigganyizibwa bwe batyo."*

7. Soma Ebikolwa 9:4-5. Sawulo yali ayigganya ani?

   **Ebikolwa 9:4-5 –** *"N'agwa wansi, n'awulira eddoboozi nga limugamba nti, 'Sawulo! Sawulo! Onjigganyiza ki?'" [5] Sawulo n'abuuza nti, 'Ggwe ani, Mukama wange?' Eddoboozi ne limuddamu nti, 'Nze Yesu gw'oyigganya!' "*

8. Soma Baggalatiya 9:1. Mu mazima ddala, Sawulo yali ayigganya ani?

   **Ebikolwa 9:1 –** *"Mu kiseera ekyo Sawulo yali aswakidde ng'ayigganya abayigirizwa ba Mukama waffe ng'abatiisatiisa okwagala okubatta, n'atuukirira Kabona Asinga Obukulu."*

9. Soma Baggalaatiya 6:12. Abayudaaya mu Baggalatiya baagezaako okugatta Etteeka ly'eddini ku Njiri. Mu kukola bwe batyo baali baziyiza ki?

   **Abaggalatiya 6:12 –** *"Abo abanoonya okweraga mu mubiri be babawaliriza okukomolebwa mu mubiri, balemenga okuyigganyizibwanga olw'omusaalaba gwa Kristo, balyoke beenyumirize olw'omubiri gwammwe."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma 2 Timoseewo 3:12. Kiki ekirituuka kw'abo ababeera mu bulamu obw'obwakatonda?
   **Kuyigganyizibwa.**

2. Okuyigganyizibwa oyinza kukunnyonyola otya?
   **Okutulugunyizibwa; okubonyabonyezebwa olw'enzikiriza yo.**

3. Soma Makko 4:16-17. Okuyigganyizibwa n'okubonyabonyezebwa bijja lwa nsonga ki?
   **Bijjirira Kigambo; kwe kugamba, okukubbako Ekigambo.**

4. Soma Ebikolwa 8:1, 4. Okuyigganyizibwa okw'omu Yerusaalemi kwavaamu ki?
   **Kwaleetera abantu okusaasaanira mu bitundu eby'enjawulo nga babuulira Ekigambo.**

5. Soma Matayo 5:10-12. Waliwo omukisa kw'abo abayigganyizibwa ku ...?
   **lw'obutuukirivu.**

6. Soma Matayo 5:12. Abakkiriza bwe bayigganyizibwa ku lw'obutuukirivu, kiki kye balina okusuubira mu biseera eby'omu maaso.
   **Empeera ennene mu ggulu.**

7. Soma Bikolwa 9:1. Sawulo yali ayigganya ani?
   **Yesu.**

8. Soma Abaggalatiya 9:1. Mu mazima ddala, Sawulo yali ayigganya ani?
   **Bayigirizwa (Bakulistaayo) ba Mukama.**

9. Soma Abaggalaatiya 6:12. Abayigiriza b'amateeka mu Baggalatiya baagezaako okugatta Etteeka ly'eddini ku Njiri. Mu kukola bwe batyo baali baziyiza ki?
   **Okuyigganyizibwa olw'omusaalaba gwa Kristo. Mu bimpimpi, baali beewala okuyigganyizibwa okuva mu kubuulira nti obulokozi tubufuna lwa kisa okuyita mu kukkiriza kwaffe kwe tussa mu Kristo yekka.**

## ESSOMO 6

# KABAKA N'OBWAKABAKA BWE

### Omusomesa: Don Krow.

Mu Ndagaano Enkadde, ekyafuula Isirayiri ey'enjawulo okuva ku mawanga amalala, kwe kuba nti yali etambulira ku mateeka ga Katonda, mu ngeri endala, yali efugibwa Katonda (Isaaya 43:15). Oluvannyuma mu byafaayo bya Isirayiri, baayagala okubeera ng'amawanga amalala mu nsi, okubeera nga bafugibwa kabaka ow'oku nsi (1 Sam. 8:5-19). Katonda yakkiriza okusaba kwabwe n'abalondera kabaka ayitibwa Sawulo (1 Sam. 10:24-25). Oluvannyuma olw'obujeemu bwa Sawulo, Katonda n'ayimusa Dawudi abeere kabaka, omusajja eyalina omutima ng'ogwa Katonda (Ebikolwa 13:21-22 ne 1 Basse 15:3).

Kabaka ye yali omubaka alabika ng'akiikirira Katonda atalabika (Ekyam 17:14-20). Kabaka bwe yagobereranga Katonda, olwo ye n'obwakabaka bwe baakulaakulananga. Kabaka bwe yalemererwanga okugoberera Katonda, ye n'obwakabaka bwe baagendanga mu bunyage ne bafugibwa (1 Sam 15:22-23).

Katonda bwe yalondanga kabaka, ng'asindika nnabbi amufukeko amafuta. Kino kyakiikiriranga Mwoyo Mutukuvu eyabanga azze okumuwa amaanyi n'okumuwa amafuta okufuga. Mu kiseera kino Omwoyo wa Katonda yakkanga ku ye n'akyusa omutima gwe asobole okufugira mu butuukirivu, kubanga Katonda yabeeranga naye. (1Sam 10:1, 6-7, ne 9). Amafuta ago ag'okufuga, oba ag'okuba kabaka, ekigambo ky'obwa Masiya we kyava. Ekigambo "eyafukibwako amafuta" mu Lwebbulaniya kiri Mashiac (Masiya) ne kivvuunulwa Christos (Kristo) mu Luyonaani. Mu Ndagaano Enkadde bannabbi baalagula nti mu biseera eby'omu maaso Masiya oba (eyafukibwako amafuta) alijja, era Katonda ow'eggulu alikola obwakabaka obutalisaanyizibwawo (Danyeri 2:44, 7:14, ne 27). Mu byawandiikibwa bw'ogenderera, Yesu teyannyonnyola Bayudaaya kye yali ategeeza bwe yayogeranga ku bwakabaka. Yali nkola ey'omu Ndagaano Enkadde gye baali baamanyira … era gye baali balindirira (Isaaya 9:6-7, 11:1-6; Danyeri 2:44, 7:13-14 ne 27).

Tekisoboka kutegeera bubaka bwa Yesu nga totandikidde ku kutegeera makulu ga bwakabaka bwe. Obwakabaka, bwe bubaka Yesu bwe yayogerako, era bwe yalagira abayigirizwa be okubuulira (Makko 1:14-15, Lukka 9:1-2, Ebikolwa 23-31, Lukka 16:16 ne Matayo 24:14). Obubaka era bwali bumanyiddwa nga "Obulokozi", oba ekirabo "eky'obulamu obutaggwawo." (Abaebbulaniya 2:3, Matayo 19:16 cp., 19:23, Ebikolwa 28:23-24, 28 ne 30-31). Mu bigambo bino, "obwakabaka bwa Katonda", mulimu endowooza y'ekibiina ky'abantu nga kifugibwa Katonda. Okusobola okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda, waliwo obukwakkulizo bwe walina okusisinkana. Okukyuka kw'omutima kwali kulina okubaawo. Okukyuka kw'omutima okwo, Bayibuli kw'eyita okwenenya. Kwali okukyuka mu mutima okudda eri Katonda; kwe kugamba, kwali okukyuka n'ova ewa Setaani, nga kwe kuva mu kibi n'amakubo gaakyo, n'odda eri Katonda, Kristo n'amakubo ge. Omuntu bw'akyuka, Katonda amuwa ekirabo okuyita mu musaayi gwa

Yesu ogwayiika, nga kwe kusonyiyibwa kw'ebibi n'obulamu obutaggwawo (Abaruumi. 6:23). "Amawulire gano amalungi", ge gayitibwa "Enjiri ey'ekisa", oba okubuulira ku "bwakabaka bwa Katonda" (Ebikolwa 20:24-25).

Obwakabaka bwa Katonda bulabirwa ku mbala ey'ekisa (Matayo 20:1-16), mu kasirise, era mu kyama buzze mu buweereza bwa Mukama waffe Yesu (Matayo 20:24-25). Olunaku lumu mu maaso eyo, obwakabaka bulirabwako nga butuukirizibwa mu kitiibwa ekijjudde (Matayo 13:36-43).

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa.

1. Soma Danyeri 2:44. Banabbi ob'omu Ndagaano Enkadde baalagula nti mu biseera eby'omu maaso Masiya (oba eyafukibwako amafuta) alijja, era Katonda w'eggulu alikola obwakabaka:

   A. Obulibeerawo emyaka 1000.
   B. Obutalisaanyizibwawo.
   C. Obulimalawo akaseera.

   **Dannyeri 2:44 –** *"Mu biro ebya bakabaka abo, Katonda w'eggulu alissaawo obwakabaka obutalizikirizibwa, so tebuliweebwa bantu balala. Bulizikiriza obwakabaka obwo bwonna, ne bubumalawo, naye bwo bulibeerera emirembe gyonna."*

2. Soma Matayo 4:17, 23. Obubaka bwa Yesu bwali ki?

   **Matayo 4:17, 23 –** *"Okuva mu kiseera ekyo Yesu n'atandika okubuulira nti, "Mwenenye, kubanga obwakabaka obw'omu ggulu busembedde. [23] Yesu n'abuna wonna mu Ggaliraaya ng'ayigiriza mu makuŋŋaaniro g'Abayudaaya ng'abuulira Enjiri ey'obwakabaka obw'omu ggulu, era ng'awonya buli ndwadde yonna n'obuyongobevu bwonna mu bantu."*

3. Soma Makko 1:14-15. Yesu yabuulira Enjiri ey'o ...?

   **Makko 1:14-15 –** *"Awo oluvannyuma Yokaana ng'asibiddwa mu kkomera, Yesu n'ajja mu Ggaliraaya ng'abuulira enjiri ey'obwakabaka bwa Katonda, [15] ng'agamba ebiro ekiseera kituuse, era obwakabaka bwa Katonda bunaatera okutuuka, mwenenye mwe, mukkirize enjiri."*

4. Soma Lukka 4:43. Ensonga eyaleeta Yesu okuva eri Katonda yali ...?

   **Lukka 4:43 –** *"Naye n'abaddamu nti, "Kinsaanira okubuulira Enjiri y'obwakabaka bwa Katonda ne mu bifo ebirala kubanga eyo y'ensonga kyenava ntumibwa."*

5. Soma Yokaana 4:25. Mu byawandiikibwa, Yesu teyannyonnyola bayigirizwa kye yali ategeeza ng'ayogera ku bwakabaka. Yali nkola ya Ndagaano Nkadde gye baali:

   A. Bamanyiiko katono.
   B. Balowooza nti tekirikomawo.
   C. Baali baalindirira edda.

   **Yokaana 4:25 –** *"Omukazi n'amugamba nti, "Weewaawo, mmanyi nti Masiya, gwe bayita Kristo, ajja. Ye bw'alijja, alitutegeeza ebintu byonna."*

6. Soma Lukka 9:1-2. Ebintu ebisatu abayigirizwa bye baakola bye biruwa?

**Lukka 9:1-2** – *"Awo n'ayita ekkumi n'ababiri, n'abawa amaanyi n'obuyinza ku ba dayimooni n'okuwonya endwadde. [2] N'abatuma okubuulira enjiri ey'obwakabak bwa Katonda n'okuwonya abalwadde."*

7. Soma Lukka 10:1-2, 8-9. Bubaka ki Yesu bwe yalagira ensanvu okubuulira?

   **Lukka 10:1-2, 8-9 –***"Awo oluvannyuma lw'ebyo Yesu n'alonda abayigirizwa abalala nsanvu mu babiri, n'abatuma babiri babiri bamukulembere bagende mu buli kibuga ekinene, na buli kifo mwe yali anaatera okutuuka. [2] N'abagamba nti, 'Eby'okukungula bingi, naye abakozi abakungula batono. Noolwekyo musabe nannyini nnimiro, aweereze abakozi mu nnimiro ye. ... [8] Buli kibuga kye mutuukangamu ne babaaniriza, mulyenga ebyo bye babawadde okulya. [9] Muwonyenga abalwadde abalimu, era mugambenga abantu abo nti, Obwakabaka bwa Katonda bubasemberedde.'"*

8. Soma Lukka 23:2. Okusinziira ku nnyinnyonnyola ey'Abayudaaya, ekigambo "Kristo" kiteegeeza ki?

   **Lukka 23:2 –** *"Ne batandika okumuwawaabira nti, "Omuntu ono ajagalaza eggwanga lyaffe, ng'atuziyiza okuwa Kayisaali omusolo, nga yeeyita Kristo, kabaka."*

9. Soma Ebikolwa 17:7. Okukontana n'etteeka ly'Abaruumi, Abayudaaya baagamba nti Pawulo yayigiriza nti waaliwo ...? omulala nga ye...?

   **Ebikolwa 17:7 – "***Era Yasooni oyo y'abaaniriza mu maka ge. Bano bonna bazizza omusango ogw'okuseeketerera eggwanga ne bamenya amateeka ga Kayisaali nga bayimbirira kabaka omulala Yesu."*

10. Soma Ebikolwa 19:8-10. Pawulo yayogera n'obuvumu mu Efeeso ng'awakanya era ng'asendasenda abalala ku bikwata ...?

    **Ebikolwa 19:8-10** – *"Era n'ayingira mu sinagooga n'ayogera n'obuvumu okumala ebbanga lya myezi esatu, nga abawakanya era nga ababuulira ku bikwata ku bwakabaka bwa Katonda. [9] Naye abamu ne bakakanyaza emitima gyabwe ne bagaana, ne batandika n'okwogera obubi ku Kkubo mu bibiina. Pawulo n'abaviira, n'atwala abakkiriza, ne bakuŋŋaaniranga mu kisenge ky'essomero lya Tulaano buli lunaku.[10] Ne bamala emyaka ebiri n'okusingawo nga bakola bwe batyo, era Abayudaaya bonna n'Abayonaani bonna abaabeeranga mu kitundu ekyo ekya Asiya ne bawulira ekigambo kya Mukama."*

11. Soma Ebikolwa 28:23-31. Mu lunyiriri 31, omutume Pawulo kiki kye yali abuulira?

    **Ebikolwa 28:23-31** – *"Awo ne bategeka olunaku, era ku olwo abantu ne bajja bangi, mu kifo we yasulanga. N'abannyonnyola ng'ajulira obwakabaka bwa Katonda, n'abategeeza ku Yesu, nga*

*byonna abyesigamya ku mateeka ga Musa ne ku bannabbi. Yatandika ku nkya n'amala akawungeezi. [24] Abamu ne bakkiriza bye yayogera, naye abalala ne batakkiriza. [25] Awo nga balemeddwa okukkiriziganya, Pawulo n'abasiibuza ebigambo bino nti, 'Mwoyo Mutukuvu yali mutuufu bwe yayogera eri bajjajjammwe ng'ayita mu nnabbi Isaaya nti, [26] Genda eri abantu bano obagambe nti, Okuwulira muliwulira, naye temulitegeera n'okulaba muliraba naye temulyetegereza. [27] Kubanga omutima gw'abantu bano gugubye. N'amatu gaabwe gazibikidde, n'amaaso gaabwe gazibiridde. Si kulwa nga balaba n'amaaso gaabwe, ne bawulira n'amatu gaabwe, ne bategeera n'emitima gyabwe, ne bakyuka okudda gye ndi, ne mbawonya.[28] Noolwekyo mumanye nti obulokozi obuva eri Katonda buweereddwa Abaamawanga era bajja kubuwuliriza.' [29] Pawulo bwe yamala okwogera ebyo, Abayudaaya ne bagenda nga bawakana nnyo bokka na bokka. [30] Awo Pawulo n'amala emyaka ebiri miramba ng'asula mu nnyumba ye gye yeepangisiza, era n'ayanirizanga buli eyajjanga okumulaba. [31] N'abuuliranga obwakabaka bwa Katonda, era n'ayigirizanga ebigambo bya Mukama waffe Yesu Kristo mu lwatu nga tewali amuziyiza."*

12. Soma Matayo 24:14. Bubaka ki obuteekeddwa okubuulirwa mu nsi yonna?

    **Matayo 24:14** – *"Era Enjiri ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi yonna, nga bwe bujulirwa eri amawanga gonna n'oluvannyuma enkomerero n'eryoka etuuka."*

13. Soma Ebikolwa 20:24-25. Oluusi Enjiri y'obwakabaka eyitibwa Enjiri ey ...?

    **Ebikolwa 20:24-25** – *"'Naye obulamu bwange sibutwala kuba nga kya muwendo gye ndi, ndyoke ntuukirize omulimu gwange, n'obuweereza bwe nnaweebwa Mukama waffe Yesu, okutegeezanga Enjiri ey'ekisa kya Katonda. [25] Ne kaakano mmanyi nga temukyaddayo kundaba nate, mwenna be natambulamu nga mbuulira obwakabaka.'"*

14. Soma Lukka 16:16. Tekisoboka kutegeera bubaka bwa Yesu Kristo nga totandikiddde ku bwakabaka bwa Katonda. Obwakabaka bwe bubaka Yesu bwe yayogerako era bwe bwokka bwe yalagira:

    A. Okubuulira.
    B Obutafaako.
    C. Okulowoozaako.

    **Lukka 16:16 –** *"Amateeka ne bannabbi byabaawo okutuuka ku Yokaana: okuva olwo enjiri y'obwakabaka bwa Katonda ebuulirwa, era buli muntu abuyingiramu lwa maanyi."*

15. Soma Matayo 6:10. Ekisinga obukulu obwakabaka bwa Katonda bwe bufuzi bwa Katonda. Kino kiragibwa kitya mu luyiriri luno?

    **Matayo 6:10 –** *"Obwakabaka bwo bujje.By'oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu ggulu."*

16. Soma Bakolosaayi 1:13-14 ne Baruumi 14:9. Mu bigambo bino, "obwakabaka bwa Katonda" y'endowooza ey'ekibiina ky'abantu abaalibadde nga:

   A. Basaba Yesu ayingire mu mitima gyabwe.
   B. Bakkiriza obufuzi bwa Katonda (ne bagaana Setaani), era ne bakkiriza ekisonyiwo kya Katonda.
   C. Beegatta ku kkanisa.

   **Abakkolosaayi 1:13-14 –** *"Katonda eyatuwonya n'atuggya mu maanyi g'ekizikiza aga Setaani, n'atutwala mu bwakabaka bw'Omwana we omwagalwa. [14] Mu ye mwe twaweebwa okununulibwa okuyita mu musaayi gwe n'okusonyiyibwa kw'ebibi."*

   **Abaruumi 14:9 –** *"Kubanga ekyo Kristo kye yafiira ate n'abeera omulamu, alyoke abeere Mukama w'abo abaafa era n'abalamu.*

17. Soma Matayo 4:17. Okusobola okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda, okukyusa omutima kyetaagisa. Okukyusa omutima kuno Bayibuli ky'eyita:

   A. Kwejjusa.
   B. Emirimu gy'amateeka.
   C. Okwenenya.

   **Matayo 4:17 –***"Okuva mu biro ebyo Yesu n'atandika okubuulira ng'agamba nti mwenenye kubanga obwakabaka obw'omugulu bunaatera okutuuka."*

18. Soma Ebikolwa 26:18. Wakyuka okuva ...?okudda eri omusana, okuva mu ...? bwa Setaani okudda ...? okufuna okusonyiyibwa okw'ebibi byo?

   **Ebikolwa 26:18 –** *"Okuzibula amaaso gaabwe, n'okubakyusa okuva mu kizikiza okudda eri omusana, n'okuva mu maanyi ga Setaani okudda eri Katonda, basobole okufuna okusonyiyibwa kw'ebibi, n'obusika mw'abo abaatukurizibwa olw'okukkiriza okuli mu nze."*

19. Soma Ezekeeri 36:26-27 ne Ebikolwa 11:15-18. Waweebwa omutima omupya n'omwoyo omupya ebikuleetera okutambulira mu makubo ga Katonda?

   **Ezeekeri 36:26-27** – *"Era ndibawa omutima omuggya, era ndi bateekamu omwoyo omuggya: era ndibaggyamu omutima ogw'ejjinja okuva mu mibiri gya mmwe, era ndibawa omutima ogw'ennyama. [27] Era nditeeka omwoyo gwange mu mmwe, ne mbaleetera okutambulira mu biragiro byange, era mulikuuma emisango gyange n'okugikola."*

   **Ebikolwa 11:15-18** – *"Bwe nnali naakatandika okw'ogera, Omwoyo Omutukuvu n'abagwako, nga bwe kyali ku ffe ku ntadikwa. [16] Ne nzijukira ekigambo kya Mukama, engeri gye yagamba*

*nti Yokaana yabatizanga n'amazzi, naye mulibatizibwa n'Omwoyo omutukuvu. [17]. Kubanga nga Katonda bwe yabawa ekirabo nga bwe yatuwa ffe, abakkiriza Mukama Yesu Kristo; nz'ani eyali ayinza okuziyiza Katonda? [18]. Bwe baawulira bino ne bakuuma emirembe gyabwe, ne bagulumiza Katonda nga bagamba nti era Katonda awadde banamawanga okwenenya okudda eri obulamu?"*

20. Lukka 18:13-14. Wali osabye Katonda ku lw'okusonyiyibwa kw'ebibi byo?

    **Lukka 18:13-14 –** "*'Naye omuwooza n'ayimirira wala n'atasobola na kuyimusa maaso ge kutunula eri eggulu ng'asaba, wabula ne yeekuba mu kifuba ng'asaba nti, 'Katonda, onsaasire, nze omwonoonyi.' [14] "Mbagamba nti omusajja ono, omuwooza ye yaddayo eka ng'asonyiyiddwa ebibi bye. Kubanga buli eyeegulumiza alitoowazibwa, n'oyo eyeetoowaza aligulumizibwa."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Danyeri 2:44. Banabbi ob'omu Ndagaano Enkadde baalagula nti mu biseera eby'omu maaso Masiya (oba eyafukibwako amafuta) alijja, era Katonda w'eggulu alikola obwakabaka:
   **B. Obutalisaanyizibwawo.**

2. Soma Matayo 4:17, 23. Obubaka bwa Yesu bwali bwogera ku ki?
   **Mwenenye, kubanga obwakabaka bwa Katonda busembedde.**

3. Soma Makko 1:14-15. Yesu yabuulira Enjiri ...?
   Yesu yabuulira Enjiri **ey'obwakabaka bwa Katonda.**

4. Soma Lukka 4:43. Ensonga eyaleeta Yesu ku nsi okuva eri Katonda yali ...?
   Esonga eyaleeta Yesu ku nsi okuva eri Katonda yali **ya kubuulira bwakabaka bwa Katonda.**

5. Soma Yokaana 4:25. Mu byawandiikibwa, Yesu teyannyonnyola bayigirizwa kye yali ategeeza ng'ayogera ku bwakabaka. Yali nkola ya Ndagaano Nkadde gye baali:
   **C. Baalindirira edda.**

6. Soma Lukka 9:1-2. Ebintu ebisatu abayigirizwa bye baakola bye biruwa?
   **Okugoba emizimu, okuwonya endwadde n'okubuulira obwakabaka bwa Katonda.**

7. Soma Lukka 10:1-2, 8-9. Bubaka ki Yesu bwe yalagira ensanvu okubuulira?
   **Obwakabaka bwa Katonda.**

8. Soma Lukka 23:2. Okusinziira ku nnyinnyonnyola ey'Abayudaaya ekigambo "Kristo" kiteegeeza oyo ...?
   **Kabaka.**

9. Soma Ebikolwa 17:7. Okukontana n'etteeka ly'Abaruumi, Abayudaaya baagamba nti Pawulo yasomesa nti waaliwo **...?** omulala nga ye...?
   Okukontana n'etteeka ly'Abaruumi, Abayudaaya baagamba nti Pawulo yali ayigiriza nti waaliwo **Kabaka** omulala nga ye **Yesu.**

10. Soma Ebikolwa 19:8-10. Pawulo yayogera n'obuvumu mu Efeeso ng'awakanya, era ng'asendasenda abalala ku bikwata ..?
    Pawulo yayogera n'obuvumu mu Efeeso ng'awakanya era ng'asendasenda abalala ku bikwata **ku bwakabaka bwa Katonda.**

11. Soma Ebikolwa 28:23-31. Mu lunyiriri 31, omutume Pawulo kiki kye yali abuulira? **Obwakabaka bwa Katonda n'okuyigiriza ebikwata ku Mukama waffe Yesu Kristo.**

12. Soma Matayo 24:14. Bubaka ki obuteekeddwa okubuulirwa mu nsi yonna?
**Enjiri ey'obwakabaka.**

13. Soma Ebikolwa 20:24-25. Oluusi Enjiri y'obwakaba eyitibwa Njiri ya ...?
Oluusi Enjiri y'obwakaba eyitibwa Njiri ya **kisa kya Katonda.**

14. Soma Lukka 16:16. Tekisoboka kutegeera bubaka bwa Yesu Kristo nga totandikiddde ku bwakabaka bwa Katonda. Obwakabaka bwe bubaka Yesu bwe yayogerako, era bwe bwokka bwe yalagira:
**A. Okubuulira.**

15. Soma Matayo 6:10. Ekisinga obukulu obwakabaka bwa Katonda bwe bufuzi bwa Katonda. Kino kiragibwa kitya mu luyiriri luno?
**Okwagala kwa Katonda kukolebwe mu nsi nga bwe kukolebwa mu ggulu.**

16. Soma Bakolosaayi 1:13-14 ne Abaruumi 14:9. Mu bigambo bino "obwakabaka bwa Katonda" y'endowooza ey'ekibiina ky'abantu abaalibadde nga:
**B. Bakkiriza obufuzi bwa Katonda (ne bagaana Setaani) era ne bakkiriza ekisonyiwo kya Katonda.**

17. Soma Matayo 4:17. Okusobola okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda, okukyusa omutima kyetaagisa. Okukyusa omutima kuno Bayibuli kyeyita:
**C. Okwenenya.**

18. Soma Ebikolwa 26:18. Wakyuka okuva mu ...? okudda eri omusana, okuva mu ...? ga Setaani okudda eri ...? okufuna okusonyiyibwa okw'ebibi byo?
Wakyuka okuva mu **kizikiza** okudda eri omusana, okuva mu **maanyi** ga Setaani okudda eri **Katonda** okufuna okusonyiyibwa okw'ebibi byo?

19. Soma Ezekeeri 36:26-27 ne Ebikolwa 11:15-18. Waweebwa omutima omupya n'omwoyo omupya ebikuleetera okutambulira mu makubo ga Katonda?

20. Lukka 18:13-14. Wali osabye Katonda ku lw'okusonyiyibwa kw'ebibi byo?

## ESSOMO 7

# EKINYUSI EKIRI MU KUKKIRIZA OKULOKOLA

### Omusomesa: Don Krow

Kuba akafaanananyi ng'omugole omusajja ku lunaku lw'embaga ye ayimiridde mu maaso g'omusumba … omusumba n'atandika okwogera nti, "Otwala omukazi ono okuba omufumbi wo, okulongoosa ennyumba yo, n'okwoza amasowaani go? Okuva leero, omutwala okweranga awaka wo, n'okusiimuulanga entebe zo, ebbanga lye munaamala nga mwembi muli balamu?" Amangu ago omukazi gw'awasa agamba bugambi nti, "Koma awo! Oba ng'onjagala ng'omuntu agenda okukukolera emirimu gyo egy'awaka, awo funa omukozi ow'ewaka. Njagala onjagale, era ontwale nga bwendi. Bw'ontwala nga bwendi ebyo byonna nja kubikukolera, naye njagala ontwale nga bwe ndi. Ssaagala owase migaso gyange gyokka nga towasizza nze ng'omuntu."

A.W. Tozer, yayogera ekigambo kino nti, "Kirabika nga si kya bulijjo nti abayigiriza abamu tebamanyi nti ekinyusi kyennyini ekiri mu kukkiriza okulokola si kirala wabula ye Kristo kennyini; si 'maanyi ga Kristo agalokola', oba 'obukama bwe', naye Kristo ye kennyini. Katonda tawa bulokozi muntu akkiriza obukkiriza, oba anokolamu ebimu ku ebyo Kristo bye yakola, oba by'ali, gamba nga omutango, omusaalaba, n'obwakabona bw'omulokozi…era ebyo tebyanjulwa ng'ekinyusi eky'okukkiriza. Ebyo byonna byateekebwa mu Kristo, naye tebiyawulibwamu, newankubadde ekimu okukiggya ku birala. Era tetukkirizibwa kukkirizaako ogumu ku mirimu gya Kristo Yesu, ne tugaana emirala. Nkiddamu nti endowooza egamba nti oyinza okukkirizaako egimu ku mirimu gye, mu kifo ky'okumukkiriza nga Kristo ali byonna mu byonna, si ntuufu … era buli njigiriza eyawukana ku Kigambo, ereetera Abakristaayo ebizibu." (Omulandira gw'Omutuukirivu, olupapula 84-86).

Otegeera kye ŋŋamba? Lwaki essira oliteeka ku bimu ku ebyo Kristo by'ali, oba egimu ku migaso gye, n'otaliteeka ku Kristo yennyini? Ekyo kiringa bw'otwala omukazi mu bufumbo ng'omufumbi wo, oba omukozi w'emirimu gy'awaka, naye n'otamutwala olw'ekyo ky'ali nga ye omuntu.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Yokaana 1:12. "Bonna abaamukkiriza":

    A. Ye (Mukama Yesu Kristo).
    B. Yesu ng'Omulokozi.
    C. Yesu nga Mukama.
    D. Yesu nga kabona.

    **Yokaana 1:12** – *"Naye bona abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda; beebo abakkiriza erinya lye."*

2. Soma Ebikolwa 16:31. Tulina kukkiriza (kwe kugamba kwesiga oba okwesigisa) ani?

    **Ebikolwa 16:31 –***"Ne bamugamba nti kkiriza Mukama waffe Yesu on'olokolebwa, gwe n'ennyumba yo yonna."*

3. Soma Lukka. 6:46. Ekigambo "Mukama" kitegeeza ki?

    **Lukka 6:46** – *"Lwaki mumpita nti Mukama Mukama waffe. So nga bye mbagamba si bye mukola."*

4. Soma Matayo. 1:21. Ekigambo "Yesu" kitegeeza ki?

    **Matayo 1:21** – *"Era alizaala Omwana wa bulenzi, olimutuuma erinnya Yesu, (amakulu nti Omulokozi) kubanga y'alirokola abantu bonna mu bibi byabwe."*

5. Soma Lukka 23:2. Ekigambo "Kristo" kitegeeza ki?

    **Lukka 23:2 – "***Ne batandika okumuwawaabira nti, omuntu ono ajagalaza eggwanga lyaffe ng'atuziyiza okuwa Kayisaali omusolo, nga yeeyita Kristo, Kabaka."*

6. Soma Baruumi 1:16. Okusinziira ku lunyiriri luno Enjiri oba amawulire amalungi kye ki?

    **Abaruumi 1:16** – *"Enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda agalokola buli muntu akkiriza, okusooka eri Omuyudaaya n'eri Munnamawanga."*

7. Soma Baruumi 1:1-3. Enjiri ya Katonda yeetoolera ku ki oba ekwata ku ani? Kitundu ku Mwana we oba Omwana we yenna?

    **Abaruumi 1:1-3** – *"Nze Pawulo, omuddu wa Yesu Kristo, Mukama waffe Kristo, nayitibwa okuba omutume, eyayawulibwa okubuulira Enjiri ya Katonda, [2] gye yasuubiriza mu ba*

*nnabbi be mu byawandiikibwa ebitukuvu, [3] ebyogera ku Mwana we, eyava mu zzadde lya Dawudi mu mubiri."*

8. Soma Yokaana 6:54. Bw'olya ekintu, ofuuka ki?

   **Yokaana 6:54** – *"Buli alya omubiri gwange n'anywa omusaayi gwange, y'afuna obulamu obutaggwawo era ndi muzuukiza ku lunaku olw'enkomerero."*

9. Soma Baggalaatiya 3:27. Omuntu bw'abatizibwa mu Kristo, ayambala ...? Kitundu ki ekya Kristo ky'ayambala?

   **Abaggalatiya 3:27** – *"Kubanga abaabatizibwa bonna mu Kristo baayambala Kristo."*

10. Soma Ebikolwa 9:5-6. Sawulo bwe yakyusibwa, bibuuzo ki ebibiri bye yabuuza Yesu?

    **Ebikolwa 9:5-6** – *"Sawulo n'abuuza nti, "Gw'ani Mukama wange? Eddoboozi ne limuddamu nti, 'Nze Yesu gw'oyigganya! [6]Kale golokoka ogende mu kibuga, on'ootegeezebwa ky'osaanidde okukola.'"*

11. Soma Baruumi 7:4. Tulina kufumbirwa ani ...?.Tufumbirwa kitundu ki ku ye?

    **Abaruumi 7:4 –** *"Nammwe baganda bange mwafa eri amateeka, muli ba mubiri gwa Kristo. Mwegatta ku Kristo, eyazuukizibwa okuva mu bafu, tulyoke tubale ebibala ebisanyusa Katonda."*

12. Onyumirwa obufumbo obulungi ne Kristo? Mwogerezeganya, muwuliziganya, mwagalana era omusinza?

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Yokaana 1:12. “Bonna abaamukkiriza":
   **A. Ye (Mukama Yesu Kristo) yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda.**

2. Soma Bikolwa 16:31. Tulina kukkiriza (kwe kugamba kwesiga) ani?
   **Mukama waffe Yesu Kristo.**

3. Soma Lukka. 6:46. Ekigambo “Mukama” kitegeeza ki?
   **Omuyigiriza, omufuzi, bboosi, alina obuyinza okufuga obulamu bwaffe. Ekigambo kino kitegeeza erinnya ly’obwakatonda.**

4. Soma Matayo. 1:21. Ekigambo “Yesu” kitegeeza ki?
   **Yesu Omulokozi.**

5. Soma Lukka 23:2. Ekigambo “Kristo” kitegeeza ki?
   **Yesu nga Kabaka waffe era Masiya.**

6. Soma Baruumi 1:16. Okusinziira ku lunyiriri luno Enjiri, oba amawulire amalungi ...?
   **Okusinziira ku lunyiriri luno enjiri oba amawulire amalungi ye Kristo yennyini, alina emiganyulo gyonna.**

7. Soma Baruumi 1:1-3. Enjiri ya Katonda yeetoolera ku ki, oba ekwata ku ani?
   **Ku Mwana wa Katonda Yesu Kristo Mukama waffe.**
   Kitundu ku Mwana we, oba Omwana we yenna?
   **Omwana yenna.**

8. Soma Yokaana 6:54. Bw’olya ekintu, kitegeeza ki?
   **Kyonna okiyingiza munda. Ky’olya kiyingira kyonna mu ggwe, kwe kugamba kifuuka obulamu bwo, amaanyi go.**

9. Soma Baggalaatiya 3:27. Omuntu bw’abatizibwa mu Kristo, ayambala
   **Kristo.**
   Kitundu ki ekya Kristo ky’ayambala?
   **Yenna.**

10. Soma Bikolwa 9:5-6. Sawulo bwe yakyusibwa, bibuuzo ki ebibiri bye yabuuza Yesu?
    **Ggwe ani era oyagala nkole ki?**

11. Soma Baruumi 7:4. Tulina kufumbirwa ani?
    **Mukama waffe Yesu Kristo.**
    Tufumbirwa kitundu ki ku ye?
    **Yenna.**

12. Onyumirwa obufumbo obulungi ne Kristo? Mwogerezeganya, muwuliziganya, mwagalana era omusinza?
    **Yee.**

# ESSOMO 8

# ENKOZESA ENTUUFU EY'ETTEEKA LYA KATONDA

## Omusomesa: Don Krow

Lumu twali ne Joe ku nnyanja nga tunyumyamu ne Bill ne Steve. Ne wabaawo ekibuuzo nti, "Kiyinzika kitya abantu abatawuliranga ku Katonda, oba Yesu Kristo, okuvunaanibwa mu maaso ga Katonda?" Ne ŋŋamba Bill nti singa ogenda okukyalira Steve ewuwe, n'osanga nga taliiyo, naye nga mukyala we gy'ali, n'omala ogwa mu bwenzi naye, oluvannyuma teweesalira musango olw'okukozesa mukazi wa munno? Newankubadde nga towulirangako ku mateeka ekkumi oba okusoma Bayibuli? Ebirowoozo by'okwesalira omusango, n'okuwulira ng'ovunaanyizibwa kw'ekyo ky'okoze biva wa?

Omanyi, Katonda yawa buli muntu, okuyita mu mateeka ne mu birowozo, obusobozi okumanya ekituufu n'okuwulira okulumirizibwa omusango olw'ekibi ky'abeera akoze. Etteeka n'ebirowooozo byo, bye bikusalira gwe kennyini omusango, oba okukwejjeereza okusinziira kw'ekyo ky'omanyi (Abaruumi 2:14-15).

Okutuuka awo Bill yali aŋŋamba nga ye bwe yali omuntu omulungi. Mu butuufu yali talaba bwetaavu bwa Mulokozi. Ne mbikkula mu Kuva 20, ne ntandika okumusomera amateeka ekkumi mu bibuuzo. Obaddenga okulembeza Katonda mu bulamu bwo, era ng'omwagala okusinga ekintu kyonna mu nsi? Oba nga si bwe kiri, etteeka erisooka olimenye (Okuva 20:3). Wali ogulumizza ekintu kyonna mu maaso ga Katonda? Oba nga bwe kiri, wamenya dda etteeka eryokubiri (Okuva 20:4). Wali okozesezza erinnya lya Yesu ng'ekigambo ekivuma? Olina omusango ogw'okumenya etteeka eryokusatu (Kuva 20:7). Wali owaddeyo olunaku olulamba okuwa Katonda ekitiibwa n'okumusinza? Wamenya dda etteeka eryokuna (Kuva 20:8). Kitaawo ne nnyoko wabawanga ekitiibwa mu buvubuka bwo? Ovunaanibwa okumenya etteeka ery'okutaano. Kuva (20:12). Wali onyiigidde omuntu yenna? Obalirwa okumenya etteeka ery'omukaaga. (Geraageranya Kuva 20:13 ne Matayo 5:21-22.) Wali weegombyeko omukazi yenna n'oyaka? Wamenya dda etteeka ery'omusanvu. (Geraageranya Kuva 20:14 ne Matayo 5:27-28). Wali otutte ekintu kyonna ekitali kikyo? Wamenya etteeka ery'omunaana (Okuva 20:15). Oyogeddenga amazima buli kiseera? Bwe kiba si ky'ekyo omenya etteeka ery'ekkumi (Okuva 20:16). Wali weegombyeko ekintu ky'omuntu omulala yenna? Wamenya etteeka ery'ekkumi. (Okuva 20:17). Ne mpunzika nga Bill mmugamba nti, "Ndowooza olaba ensonga lwaki Yesu yagamba nti yajja kulokola boonoonyi? (Makko 2:16-17).

Obuzibu bw'okulowooza nti tuli balungi ekimala, oba okugeezaako okubeera abalungi ekimala okugenda mu ggulu, kye kiragira ddala nti tumenye amateeka ekkumi. Yakobo 2:10, atugamba nti atuukiriza amateeka amalala gonna, naye n'amenyako limu, aba ASINGIBWA OMUSANGO gw'okumenya gonna. Amateeka tegaagenderera kukufuula mutuukirivu, naye kukulaga kibi (Abaruumi 3:19-20).

Fenna twetaaga Omulokozi. Ekigambo "Omulokozi", kitegeeza omuntu asobola okukununula

okuva mu kibonerezo eky'ekibi. Yesu anunula abazikirira basobole okufuna obulamu obutaggwawo (Matayo 1:21).

Okubeera abalungi ekimala okugenda mu ggulu, tulina kubeera na butuukirivu obwenkanankana obwa Katonda (2 Abakkolinso 5:21). Amawulire amalungi ag'Enjiri, kwe kuba nti Yesu tagenda kusonyiwa busonyiyi bibi byo kyokka, naye akuweera ku bwereere ekirabo eky'obutuukirivu (Abaruumi 5:17 *"Obanga olw'okwonoona kw'omuntu omu okufa kwabuna, abaliweebwa ekisa kya Katonda n'ekirabo eky'obutuukirivu, tebalisinga nnyo okufugira mu bulamu olw'omuntu omu Yesu Kristo").*

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Makko 2:16-17. Yesu yajja kulokola ani?

   **Makko 2:16-17 –** *"Abannyonnyozi b'amateeka n'Abafalisaayo ne baalaba Yesu ng'alya n'abalina ebibi n'abawooza, ne bagamba abayigirizwa be nti, "Lwaki alya n'abawooza n'abalina ebibi? [17] Yesu bwe yakiwulira n'abagamba nti, "Abalamu tebeetaaga musawo, wabula abalwadde! Sajja kuyita batuukirivu wabula abalina ebibi."*

2. Soma Baruumi 2:1. Bwe tusalira abalala omusango, tuba twekola ki? Era lwaki?

   **Abaruumi 2:1 –** *"Gwe anenya omuntu omulala, okola ebibi bye bimu ne by'onenyeza omuntu oyo. Kyonoova olema okubeera n'eky'okuwoza, kubanga bw'okola bw'otyo, weesalira wekka omusango."*

3. Soma Yakobo 2:10. Bwe tukwatako amateeka ga Katonda agasinga obungi naye ne tusoobyako limu, tuba tuzzizza musango ki?

   **Yakobo 2:10 –** *"Era omuntu akwata amateeka gonna naye n'asobyako erimu omusango gumusinga mu ngeri y'emu ng'oli asobezza gonna."*

4. Soma Baggalatiya 3:10. Bwe tuba tunaabeera batuukirivu olw'okukwata amateeka ga Katonda tulina kugatuukiriza kyenkana wa? Era tugakwatirebbanga ki? Olaba ensonga lwaki tetusobola kulokoka nga tugezaako okubeera abalungi ekimala

   **Abaggalatiya 3:10 –** *"Naye abo abafugibwa ebikolwa eby'amateeka, bafugibwa kikolimo; kubanga kyawandiikibwa nti buli atagoberera ebyo ebyawandiikibwa mu kitabo kino eky'amateeka akolimiddwa."*

5. Soma Baggalatiya 2:16. Okuggyibwako omusango kye kirabo eky'obutuukirivu, nga kyatuweebwa Katonda ne kireetera omuntu okuyimirira obulungi ne Katonda n'okubeera n'enkolagana ne Katonda. Aboonoonyi okuggyibwako omusango kibaweebwa olw'okukkiriza Yesu Kristo era kyatuukirizibwa omulundi gumu okuyita mu kufa kwe n'okuzuukira kwe (1 Abakkolinso 15:3-4 ne Abaruumi 4:25). Omuntu kiki <u>ekitamuggyisaako</u> musango? Omuntu alokoka atya? Bantu bameka abaliggyibwako omusango olw'okutuukiriza Amateeka?

   **Abaggalatiya 2:16** – *"Kyokka tukimanyi bulungi nti omuntu taweebwa butuukirivu lwa kugondera mateeka,wabula abufuna lwa kukkiriza Yesu Kristo, era naffe kye twava tukkiriza Yesu Kristo tulyoke tuweebwe obutuukirivu olw'okumukkiriza so si lwa kugondera mateeka. Kubanga tewali n'omu aliweebwa obutuukirivu olw'ebikolwa eby'amateeka."*

6. Soma Baruumi 6:14. Ng'Omukristaayo oli :

   A. Wansi w'amateeka,
   B. Wansi w'ekisa.

**Abaruumi 6:14 –** *"Temukkiriza kibi kwongera kubafuga, kubanga temukyafugibwa mateeka wabula ekisa kya Katonda."*

7. Soma Ezeekeeri 18:20. Singa wali wansi w'amateeka, kibonerezo ki kye wandifunye ku lw'ebibi byo?

   **Ezeekeeri 18:20 –** *"Emmeeme eyonoona ye erifa. Omwana talibonaabona olw'ebibi bya kitaawe, so ne kitaawe talibonaabona olw'ebibi eby'omwana we. Obutuukirivu bw'omuntu omutuukirivu bulibalirwa ye, n'obutali butuukirivu bw'oyo atali mutuukirivu bulibalirwa ye."*

8. Soma Baruumi 4:6-8. Wansi w'ekisa, bintu ki ebisatu Katonda by'akolera ebibi byaffe?

   **Abaruumi 4:6-8 –** *"Kabaka Dawudi naye yayogera kye kimu ku muntu ono Katonda gw'awa obutuukirivu obutavudde mu bikolwa bye ng'agamba nti, [7] baweereddwa omukisa abasonyiyiddwa ebyonoono byabwe, ne baggyibwako ebibi byabwe.[8] Aweereddwa omukisa omuntu Mukama gw'atalibalira kibi."*

9. Soma Baruumi 5:1. Kaakati olw'okuba twaggyibwako omusango, mugaso ki gwe tufunamu?

   **Abaruumi 5:1 –** *"Kale nga bwe twaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza tulina emirembe ne Katonda, mu Mukama waffe Yesu Kristo."*

10. Soma Baruumi 5:9. Kaakati nga bwe twalokolebwa omusaayi gwa Yesu, tulirokolebwa kuva mu ki ...?

    **Abaruumi 5:9** – *"Kale obanga twaweebwa obutuukirivu olw'omusaayi gwe, alitulokola okuva mu busungu bwa Katonda."*

11. Soma Baruumi 10:4. Kristo yakomekkereza amateeka ffe tulyoke tufune ...? mu maaso ga Katonda.

    **Abaruumi 10:4** – *"Kubanga Kristo y'enkomerero y'amateeka ku lw'obutuukirivu eri buli omukkiriza."*

12. Soma 1 Bakkolinso 1:30. Katonda yafuula Yesu Kristo okubeera ...? ...? ...? era ...?

    **1 Abakkolinso 1:30 –** *"Kyokka ku bw'oyo muli mu Kristo Yesu eyafuuka amagezi gye tuli okuva eri Mukama Katonda, bwe butuukirivu, n'okutukuzibwa, n'okununulibwa."*

13. Soma Bafiripi 3:9. Bw'ogoberera amateeka ga Musa obeera ofuna ki?

    **Abafiripi 3:9 –** *"Ndabikire mu ye nga sirina butuukirivu bwange ku bwange obuva mu kukwata amateeka, wabula nga nnina obutuukirivu obuva mu kukkiriza Kristo, era obuva eri Katonda obwesigamye ku kukkiriza."*

14. Soma 1 Bakkolinso 11:1. Ng'Abakristaayo tuli wansi w'amateeka ga Kristo. Amateeka ga Kristo si lukalala lwa biragiro bye tulina okugondera; wabula kwe kubeera mu bulamu nga tulabira ku muntu. Omuntu oyo y'ani?

    **1 Abakkolinso 11:1 –** *"Mungobererenga nze, nga nange bwe ngoberera Kristo."*

15. Soma Baruumi 8:3. Amateeka gaali tegasobola kutulokola, kubanga gaali manafu olwo' ...? kuba twali tetusobola kugakuuma.

    **Abaruumi 8:3** – *"Kubanga amateeka kye gatayinza, kubanga manafu olw'omubiri, Katonda, bwe yatuma Omwana we ye mu kifaananyi ky'omubiri ogw'ekibi era olw'ekibi, n'asalira omusango ekibi mu mubiri:"*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Makko 2:16-17. Yesu yajja kulokola ani?
   **Aboonoonyi.**

2. Soma Baruumi 2:1. Bwe tusalira abalala omusango, tuba twekola ki?
   **Twesalira omusango; ekitegeeza nti tuba tulangirira omusango gwaffe fekka.**
   Lwaki?
   **Kubanga newankubadde nga tusalira abalala omusango, ate naffe tukola ebintu bye bimu.**

3. Soma Yakobo 2:10. Bwe tukwatako amateeka ga Katonda agasinga obungi naye ne tusobyako limu, tuba tuzzizza musango ki?
   **Gonna tubeera tugamenye.**

4. Soma Baggalatiya 3:10. Bwe tuba tunaabeera batuukirivu olw'okukwata amateeka ga Katonda tulina kugatuukiriza kyenkana wa?
   **Gonna.**
   Era tugakwatire bbanga ki?
   **Ekiseera kyonna (ewatali kusobyako n'erimu).**
   Olaba ensonga lwaki tetusobola kulokoka nga tugezaako okubeera abalungi ekimala?
   **Weewaaawo.**

5. Soma Baggalatiya 2:16. Okuggyibwako omusango kye kirabo eky'obutuukirivu, nga kyatuweebwa Katonda ne kireetera omuntu okuyimirira obulungi ne Katonda n'okubeera n'enkolagana ne Katonda. Aboonoonyi okuggyibwako omusango kibaweebwa olw'okukkiriza Yesu Kristo era kyatuukirizibwa omulundi gumu okuyita mu kufa kwe n'okuzuukira kwe (1 Abakkolinso 15:3-4 ne Abaruumi 4:25). Omuntu kiki ekitamuggyisaako musango?
   **Ebikolwa bye; ebikolwa by'Amateeka.**
   Omuntu alokoka atya?
   **Olw'okukkiriza (obwesige) Yesu Kristo.**
   Bantu bameka abaliggyibwako omusango olwokutuukiriza Amateeka?
   **Tewali n'omu.**

6. Soma Baruumi 6:14. Ng'Omukristaayo oli:
   **B. Wansi w'ekisa.**

7. Soma Ezeekeeri 18:20. Singa wali wansi w'amateeka, kibonerezo ki kye wandifunye ku lw'ebibi byo?
   **Kufa.**

8. Soma Baruumi 4:6-8. Wansi w'ekisa, bintu ki ebisatu Katonda by'akolera ebibi byaffe?
   **Asonyiwa ebibi byaffe, abibikkako era tabitubalirako (tabituvunaana).**

9. Soma Baruumi 5:1. Kaakati olw'okuba twaggyibwako omusango, mugaso ki gwe tufunamu?
**Tulina emirembe ne Katonda ( si musunguwavu gye tuli).**

10. Soma Baruumi 5:9. Kaakati nga bwe twalokolebwa omusaayi gwa Yesu, tulirokolebwa kuva mu ki?
**Mu busungu bwa Katonda (mu kusalirwa omusango gw'ebibi yaffe).**

11. Soma Baruumi 10:4. Kristo yakomekkereza amateeka ffe tulyoke tufune ...? mu maaso ga Katonda.
Kristo yakomekkereza amateeka ffe tulyoke tufune **obutuukirivu** mu maaso ga Katonda.

12. Soma 1 Bakkolinso 1:30. Katonda yafuula Yesu Kristo okubeera ...?, ...?, ...?, era ...?
**Katonda yafuula Yesu Kristo okubeera amagezi gye tuli, obutuukirivu, okutukuzibwa** era **n'okununulibwa.**

13. Soma Bafiripi 3:9. Bw'ogoberera amateeka ga Musa obeera ofuna ki?
**Obeera ogezaako okufuna obutuukirivu bwe weekoledde.**

14. Soma 1 Bakkolinso 11:1. Ng'Abakristaayo tuli wansi w'amateeka ga Kristo. Amateeka ga Kristo si lukalala lwa biragiro bye tulina okugondera; wabula kwe kubeera mu bulamu nga tulina omuntu gwe tulabirako. Omuntu oyo y'ani?
**Ye Kristo.**

15. Soma Baruumi 8:3. Amateeka gaali tegasobola kutulokola, kubanga gaali manafu ...? kuba twali tetusobola ku gakuuma.
**Amateeka gaali tegasobola kutulokola, kubanga gaali manafu olw'omubiri kuba twali tetusobola kugatuukiriza.**

# ESSOMO 9

# TETULI WANSI WA TTEEKA, WABULA WANSI W'EKISA

## Omusomesa: Don Krow

Luli ekiro naloota omukazi eyabonerezebwanga olw'ensobi ze yakolanga (olw'ebibi bye). Omusajja yamulondoolanga, era nga buli lwe yakolanga ensobi, omusajja ono ng'anyeenya omutwe mu ngeri ey'okwetamwa, n'asumulula omusipi gwe mu kiwato, n'amukuba. Bwe yayogeranga ekigambo ekikyamu, oba n'akola ensobi yonna, ng'alina okumubonereza. Omukazi yabanga ku bunkeenke, ng'agezaako okumwenya, oba okuseka, n'okufuna endowooza ennungi, naye nga yeeyongeranga kukola ebyo ebyamutuusanga mu buzibu. Tebyalinga binene, naye buli kantu omusajja oyo ke yalabanga omukazi akoze, ng'amukuba. Kyalabika ng'awatakyali ssuubi. Yali tasobola kwekuuma butakolayo kimusuula mu buzibu. Nzijukira nga nnamusaasira. Nayagala nnyo okumuyamba mmuggye ku musajja oyo omukopi eyamukubanga buli kiseera. Awo we nasisimukira.

Natandika okulowooza ku kisa kya Katonda, ekitakolererwa, kwe kuganja okutatusaanira, era bwe busobozi bwe obutusobozesa. Omutima bwe gunywezebwa mu kisa, tuba tetukyakolerera kukkirizibwa mu maaso ga Katonda, nga tugezaako okukuuma amateeka mu maanyi gaffe, okuyita mu bikolwa byaffe, ne mu busobozi bwaffe. Oluvannyuma tuba tusobola okuwona ekibonerezo ky'okumenya amateeka. Twanunulibwa Yesu.

Lowooza ku kuganja. Kitegeeza kukkirizibwa, buwagizi, oba omukisa kuva eri omuntu omu. Bw'oba ng'oyagala okuganja eri omuntu, okola ki? Ogezaako okukola n'okwogera ebimusanyusa, era n'obutakola bimunyiiza. Kuba kukola bulungi buli kiseera. Naye mu mazima ekyo kisobola okutuukirizibwa? Kuba nga kulemesa tteeka lya butonde (gulavite) erisika n'okunywereza ebintu ku ttaka obutabungeetera mu bbanga. Osobola okukikola okumala akabanga, naye oluvannyuma, ojja kulemererwa, kubanga ennono eyo ekusinga amaanyi.

Ekyo nkigeraageranya n'omukazi oyo gwe naloota mu kirooto. Bwe ntyo bwe nnawuliranga, buli lwe nagezaangako okukola buli kimu mu butuufu bwakyo, naye ne wabaawo kengwamu katono, olwo ne nnemererwa. Nalowoozanga nti singa nfuba okuyita mu lunaku nga sikoze nsobi, olwo n'alibadde ninna kye ntuukirizza. Naye nedda, ensobi zaange zaandeteranga bulijjo okubeera omuntu atatuukiridde. Nalowoozanga nti siyiye Kitange ali mu ggulu yekka, naye neesaliranga omusango, ne nneebonereza. Nneemalangamu amaanyi nze kennyini. Natunuuliranga obusobozi bwange n'obunafu bwange. Nga ndaba nga sisaanira…nga siri mulungi kimala okutuuka ku mutindo ogusaanidde. Kyamazima nti nnali nneetaaga omuntu annunula!

Katonda mu kusaasira kwe yatuweereza omuyambi, erinnya lye ye Yesu. Katonda yamuweereza okutusumulula mu maanyi gaffe ge tufubiramu okutuukiriza amateeka ge.

Yesu yatwala ekibonerezo ky'amateeka ge twali tetusobola kutuukiriza, tuleme okufa, naye tubeere ba ddembe, era tube n'obulamu obutaggwaawo. Yesu yatuwa ekirabo eky'obutuukirivu, tubeere batuukirivu, era batukuvu mu maaso ga Katonda Kitaffe, tusobole n'okuwangulanga buli ekyetaagisa amateeka. Tulina emirembe ne Katonda okuyita mw'ekyo kye yatukolera mu kufa kwe, mu kuziikibwa ne mu kuzuukira kwe. Tulina okuganja mu maaso ga Katonda kwe tutakoleredde, era okutatugwanira. Ekyo kye kisa.

Bw'okikkiriza ekyo, awatali kubuusabuusa omutima gwo gubeera gulina okukkakkana, ng'okimanyi nti yakikola kubanga akwagala. Kkakkanya omutima gwo, gukuume nga gutebenkedde mu kisa kye … kwe kugamba, nywezebwa awatali kakunkuna, oba okubuusabuusa nti Katonda yatuwa buli kimu kye twetaaga okutusobozesa okubeera mu bulamu obujjuvu okuyita mu Yesu.

Bwe tweyongera okuteeka ebirowoozo ku nsobi ze tukola n'ebibi, mu kifo ky'okulowooza ku Yesu omutandisi, era nga y'enkomerero y'okukkiriza kwaffe, emitima gyaffe gijjanga kunakuwala, gibulwe n'amaanyi okukkiriza nti tusobola okufuna okuva eri Katonda. Tukkiriza na mutima, ne tufuna obutuukirivu bwa Katonda, n'ekisa kye. Emitima gyaffe gyonna girina kuba gigye. Eyo y'engeri gye tusobola okutuukirizibwa, n'okuwummula.

*"Ekisinga byonna, nyiikiranga okukuuma omutima gwo kubanga mu gwo muvaamu ensulo ez'obulamu."* (Ngero 4:23)

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. "Ekisa" kinnyonnyolwa kitya mu bye tuyize?

2. Omutima bwe guba gunywezeddwa mu kisa, tuba tetukyalafuubana kukkirizibwa mu maaso ga Katonda okuyita mu ...?

3. Soma Bebbulaniya 10:14. Ensobi za Don zaamuleeteranga okubeera omuntu atatuukiridde bulijjo. Okusinziira ku lunyiriri luno, tutuukirizibwa tutya?

   **Abaebbulaniya 10:14** – *"Kubanga olw'ekiweebwayo ekimu yatuukiriza emirembe gyonna abo abaatukuzibwa."*

4. Soma Baruumi 5:17. Yesu yatuwa ...? eky'obutuukirivu, tusobole okubeera abatuukirivu, era abatukuvu mu maaso ga Katonda Kitaffe, era tusobole okutuukiriza byonna amateeka bye galagira.

   **Abaruumi 5:17 –** *"Oba nga olw'okwonoona kw'omuntu omu okufa kwafuga olw'omu, abaliweebwa ekisa kya Katonda n'ekirabo eky'obutuukirivu, tebalisinga nnyo okufugira mu bulamu olw'omuntu omu Yesu Kristo?"*

5. Soma Isaaya 26:3. Bwe tweyongera okuteeka ebirowoozo ku nsobi ze tukola n'ebibi, mu kifo ky'okulowooza ku Yesu omutandisi era nga y'enkomerero y'okukkiriza kwaffe, emitima gyaffe gijjanga kunakuwala, gibulwe n'amaanyi okukkiriza nti tusobola okufuna okuva eri Katonda. Kiki kye tulina okukuumirako emitima gyaffe?

   **Isaaya 26:3 –** *"Mukama alimukuumira mu mirembe egituukiridde oyo amutaddeko ebirowoozo bye n'okumwesiga mu mutima gwe."*

6. Soma Beefeeso 3:17. Emitima gyaffe gyonna giteekwa kubeera gigye. Olwo lwe tusobola okubeera ...?

   **Abaefeeso 3:17 –** *"Kristo atuulenga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza; mubeerenga n'emmizi munywezebwenga mu kwagala,"*

7. Soma Baruumi 4:5. Obulokozi mpeera gye tukolerera obukolerezi, oba kirabo eky'obwereere eky'ekisa kya Katonda?

   **Abaruumi 4:5** – *"Kyokka atakoze mulimu, wabula n'akkiriza bukkiriza Katonda atukuza aboonoonyi n'abafuula abatuukirivu, okukkiriza kwe Katonda kw'asinziirako okumufuula omutuukirivu."* [LB03]

8. Soma Baruumi 5:17. Obutuukirivu (okuyimirira obulungi ne Katonda) kirabo. Oteekeddwa okukolerera ekirabo? Ekirabo okifuna otya?

9. Soma Baruumi 6:23. Ekirabo kya Katonda mu lunyiriri luno kye ki?

   **Abaruumi 6:23** – *"Empeera y'ekibi kwe kufa, naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwawo okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo."*

10. Soma Tito 3:5. Emirimu gyo emirungi n'ebikolwa birina kwenkana wa mu kukuweesa obulokozi?

    **Tito 3:5 –** *"... natulokola, si lwa bikolwa eby'omu butuukirivu bye twakola, wabula olw'okusaasira kwe mu kunaazibwa okw'okuzaalibwa okw'omulundi ogwokubiri n'okufuulibwa abaggya olwa Mwoyo Mutukuvu."*

11. Soma Baruumi 6:14. Nnyonnyola mu bigambo byo okubeera wansi w'ekisa kye kitegeeza.

    **Abaruumi 6:14** – *"Temukkiriza kibi kwongera kubafuga, kubanga temukyafugibwa mateeka, wabula ekisa kya Katonda.."*

12. Soma Baruumi 11:6. Emikisa gya Katonda bwe giba nga gituweebwa olw'ekisa, tetugifuna lwa ...?

    **Abaruumi 11:6** – *"Katonda yabalondamu lwa kisa kye, si lw'ebyo bye baakola. Singa yabalondamu lw'ebyo bye baakola, ekisa kye kyandibadde tekikyali kisa."* [LBWD03]

13. Soma Baruumi 3:24. Nnyonnyola mu bigambo byo amakulu g'olunyiriri luno.

    **Abaruumi 3:24** – *"Kyokka twaweebwa obutuukirivu bwa buwa olw'ekisa kye ekiri mu kununulibwa okuli mu Yesu Kristo;"*

14. Soma Beefeeso 1:7. Okusonyiyibwa kw'ebibi byaffe kwasinziira ku ...?

    **Abaefeeso 1:7 –** *"Mu oyo mwe tununulibwa olw'omusaayi gwe, ne tusonyiyibwa ebibi, ng'obugagga bw'ekisa kye bwe buli."*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. "Ekisa" kinnyonnyolwa kitya mu bye tuyize?
   **Okuganja kwe tutakoleredde, okuganja okutatugwanira era obusobozi bwa Katonda.**

2. Omutima bwe guba gunywezeddwa mu kisa, tuba tetukyalafuubana kukkirizibwa mu maaso ga Katonda okuyita mu ...?
   Omutima bwe guba gunywezeddwa mu kisa, tuba tetukyalafuubana tukkirizibwe mu maaso ga Katonda okuyita mu **bikolwa byaffe.**

3. Soma Bebbulaniya 10:14. Ensobi za Don zaamuleeteranga okubeera omuntu atatuukiridde bulijjo. Okusinziira ku lunyiriri luno, tutuukirizibwa tutya?
   **Olw'ekiweebwayo kya Yesu, yatutuukiriza emirembe gyonna.**

4. Soma Baruumi 5:17. Yesu yatuwa ...? eky'obutuukirivu, tusobole okubeera abatuukirivu, era abatukuvu mu maaso ga Katonda Kitaffe, era tusobole okutuukiriza byonna amateeka bye galagira.
   Yesu yatuwa **ekirabo** eky'obutuukirivu, tusobole okubeera abatuukirivu, era abatukuvu mu maaso ga Katonda Kitaffe, era tusobole n'okutuukiriza byonna amateeka bye galagira.

5. Soma Isaaya 26:3. Bwe tweyongera okuteeka ebirowoozo ku nsobi ze tukola n'ebibi mu kifo ky'okulowooza ku Yesu omutandisi, era nga y'enkomerero y'okukkiriza kwaffe, emitima gyaffe gijjanga kunakuwala era gibulwe n'amaanyi okukkiriza nti tusobola okufuna okuva eri Katonda. Kiki kye tulina okukuumirako emitima gyaffe?
   **Endowooza zaffe ziteekeddwa okubeera ku Mukama.**

6. Soma Beefeeso 3:17. Kristo bw'abeera mu mitima gyaffe olwo ffe tubeera tutya?
   **Tutuukirizibwa ne tuwummula.**

7. Soma Baruumi 4:5. Obulokozi mpeera gye tukolelera obukolerezi oba kirabo eky'obwereere eky'ekisa kya Katonda?
   **Kirabo kya bwereere eky'ekisa kya Katonda.**

8. Soma Baaruumi 5:17. Obutuukirivu (okuyimirira obulungi ne Katonda) kirabo. Oteekeddwa okukolerera ekirabo?
   **Nedda.**
   Ekirabo okifuna otya?
   **Okifuna lwa kukkiriza n'okitwala.**

9. Soma Baruumi 6:23. Ekirabo kya Katonda mu lunyiriri luno kye ki?
   **Bwe bulamu obutaggwaawo (mu kifo ky'okufa okw'olubeerera).**

10. Soma Tito 3:5. Emirimu gyo emirungi n'ebikolwa byo birina kwenkana wa mu kukuweesa obulokozi?
**Tebirina kakwate konna mu kumpeesa obulokozi.**

11. Soma Baruumi 6:14. Nnyonnyola mu bigambo byo okubeera wansi w'ekisa kye kitegeeza.
**Tetusasulwa ng'ebibi byaffe bwe biri naye tuweebwa ekya Katonda ekisinga okubeera ekirungi okuyita mu Kristo. Obutuukirivu, okukkirizibwa, okusonyiyibwa byonna bituweebwa (byonna ng'ekirabo eky'okusaasira kwa Katonda).**

12. Soma Baruumi 11:6. Emikisa gya Katonda bwe giba nga gituweebwa olw'ekisa, tetugifuna lwa ...?
Emikisa gya Katonda bwe giba nga gituweebwa olw'ekisa, tetugifuna lwa **bikolwa.**

13. Soma Baruumi 3:24. Nnyonnyola mu bigambo byo amakulu g'olunyiriri olwo.
**Obutuukirivu (okwejjerezebwa) kye kirabo kya Katonda eky'obwereere kyawa omukkiriza olw'omulimu gw'obununuzi Kristo gwe yakola ku musaalaba.**

14. Soma Beefeeso 1:7. Okusonyiyibwa kw'ebibi byaffe kwasinziira ku ...?
Okusonyiyibwa kw'ebibi byaffe kwasinziira ku **bugagga bw'ekisa kya Katonda.**

## ESSOMO 10

# TEWAKYALIWO KULOWOOZA KU KIBI NATE

### Omusomesa: Don Krow

Lwali lumu omusajja omu omutamiivu yeevuumba mmotoka ye, n'agivuga ng'adda ku ludda olukyamu, n'atomeregana n'emmotoka y'omuntu omulala. Mu kabenje ako mwafiiramu omuwala ow'emyaka ekkumi n'omunaana. Abantu b'omugenzi ne batwala omusajja oyo mu 'kkooti', era n'emutanza akakadde ka 'ddoola' kamu n'ekitundu [1.5].

Mu kifo ky'okutwala ssente ezo, ab'omu maka g'omugenzi baasalawo kukkirizaako 'ddoola' 936 zokka. Ensonga kwe kuba nti baayagala omusajja oyo asasule ssente ezo mu ngeri ey'enjawulo. Yali alina okuwandiikanga 'cceeke' ya 'ddoola' emu buli 'wiiki', ng'eri mu mannya g'omuwala gwe yatta, n'agiweerezenga abantu be. Wandirowoozezza nti eky'okusasula 'ddoola' 936 kyalibadde kirungi nga kyangu okusinga okusasula akakadde ka 'ddoola' akamu n'ekitundu akalamba. Mu kusooka okusasula 'ddoola' emu buli 'wiiki' kyali kyangu, naye oluvannyuma eky'okuwandiikanga 'cceeke' mu mannya g'omuwala gwe yatta, kyatandika okumutawaanya mu birowoozo bye. Buli 'wiiki' yennyikanga, buli lwe yalowoozanga ku muwala gwe yatta.

Oluvannyuma lw'emyaka ng'akikola, yava ku ky'okusasula ebbanja eryo. Abantu b'omugenzi baamuzzaayo mu 'kkooti' omulamuzi n'amulagira okweyongera okusasula. Naye nga mu myaka omukaaga oba omusanvu egyaddirira yayosaamu emirundi ena oba etaano. Buli lwe yazzibwangayo mu 'kkooti' baamugambanga kweyongera kusasula.

Abantu b'omugenzi baagamba nti baali tebaagala kumusasuza, wabula baali baagala kumujjukizanga kye yali yakola.

Kino bw'okirowoozako, okiraba nti abantu b'omuwala nabo baali mu busibe wamu n'omusajja gwe basaasuzanga. Buli 'wiiki' bafunanga 'cceeke' ebajjukiza muwala waabwe eyafa, kale bwe batyo nabo tebaasobola kwerabira kufa kwa muwala waabwe.

Kaakati we twogerera nga n'omusajja yawaabira abaafiirwa omuwala olw'ekyo ky'ayita "ekibonerezo ekikambwe ate ekitali kya bulijjo" kye baamuwa. Agamba nti "Kino kinzita! Kimalawo obulamu bwange! Ebyayita sisobola kubivaako ne nneeyongerayo n'obulamu."

Okwekuusa ku mboozi eno, ndabye Abakristaayo bangi abawulira nga bakyali wansi w'okusalirwa omusango nga kuno. Baagambibwa nti, "Yesu yasasula byonna," naye nga bawulira bakyalina okutuukiriza amateeka g'eddiini buli 'wiiki', oba si kyo tebajja kukkirizibwa Katonda.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Mbeera ki omusajja oyo gye yali ayinza okuba ng'afaanaganya ne 'ffamire' eyo ng'ekyo kikyagenda mu maaso?

2. Soma Bebbulaniya 10:1. Etteeka kiki kye litaayinza kukola?

   **Abaebbulaniya 10:1** – *"Amateeka kisiikirize busiikirize eky'ebirungi ebigenda okujja, go ku bwagwo tegamala, kubanga ssaddaaka ezo ze zimu eza buli mwaka ze bawaayo obutayosa ezitayinza kutukuza abo abaziwaayo."*

3. Soma Bebbulaniya 10:1. Olunyiriri olwo lwogera ku ki ekitulaga nti ssaddaaka z'Endagaano Enkadde zaali tezimala kututuukiriza?

4. Soma Bebbulaniya 10:2. Oba nga ssaddaaka eyali esobola okukolera ddala ku kibi yajja, kiki kye yali esobola okukolera abasinza?

   **Abaebbulaniya 10:2 –** *"Ssaddaaka ezo zandibadde tezikyaweebwayo, kubanga abaaziwaayo, omulundi ogumu gwandibamaze okubatukuza, ne bataddayo kweraliikirira olw'ebibi byabwe."*

5. Omuvuzi w'emmotoka omutamiivu yakakibwa kukola ki?

6. Soma Bebbulaniya 10:14. Katonda atuukiriza atya abantu be?:

   A. Lwa mirimu mirungi.
   B. Lwa kugenda ku kkanisa.
   C. Lwa kukuuma mateeka kkumi.
   D. Lwa kiweebwayo (ssaddaaka) ya Yesu.

   **Abaebbulaniya 10:14** – *"Kubanga olw'ekiweebwayo ekyo ekimu abaatukirizibwa yabawa obutuukirivu obw'emirembe gyonna."*

7. Soma Bebbulaniya 10:14. Ekiweebwayo ekya Yesu (kye tufuna olw'okukkiriza) kituukiriza omukkiriza:

   A. Okutuuka lw'addamu okwonoona.
   B. Okuva mu bibi bye yakola edda.
   C. Olubeerera.

8. Soma Luberyeberye 20:1-18. Abasajja ababiri aboogerwaako be baani?

   **Oluberyeberye 20:1-18** – *"Ibulayimu bwe yava eyo n'atambula okwolekera Negevu, n'abeera*

*wakati wa Kadesi ne Ssuuli; n'agenda mu Gerali. [2] Ibulayimu n'ayogera ku Saala mukazi we nti, 'Mwannyinaze': Abimereki kabaka we Gerali n'atumya n'atwala Saala [3] Naye Katonda n'ajja eri Abimereki mu kirooto ekiro n'amugamba nti, 'Laba oli mufu, olw'omukazi gw'otutte kubanga muka musajja'. [4] Naye Abimereki yali tanneebaka naye, n'alyoka agamba nti, 'Onotta abantu abataliiko musango. [5] Si ye yaŋŋamba nti, 'Mwannyinaze?' Era ne Saala n'aŋŋamba nti, 'Mwannyina.' Kino nkikoze mu mutima omutuukirivu n'emikono gyange tegiriiko musango." [6] Awo Katonda n'ayogera naye mu kirooto nti, 'Ddala mmanyi nti okoze kino mu mutima omutuukirivu, era nze nakukuuma oleme okwonoona gye ndi; ne nkuziyiza okumukwatako. [7] Kale kaakano zzaayo mukazi w'omusajja, kubanga nnabbi, era anaakusabira, naawe onooba mulamu. Naye bw'otomuzzeeyo, manya ng'ojja kufa, ggwe ne by'olina byonna.' [8] Awo Abimereki n'agolokoka mu makya ennyo n'ayita abakungu be bonna n'abategeeza ebintu bino byonna; abasajja ne batya nnyo. [9] Awo Abimereki n'ayita Ibulayimu n'amugamba nti, 'Otukoze ki? Era nsobi ki gye nkukoze, n'ondeetera nze n'obwakabaka bwange ekibi ekinene ekyenkana awo? By'onkoze tebisaana kukolebwa muntu.' [10] Era Abimereki n'agamba Ibulayimu nti, 'Wali olowooza ki okukola ekintu kino?' [11] Ibulayimu n'addamu nti, 'Nakikola kubanga nalowooza nti mu kifo kino temuliimu kutya Katonda n'akamu, era balinzita olwa mukazi wange. [12] Naye ebyo nga biri awo ddala mwannyinaze, muwala wa kitange, naye si muwala wa mmange; era yafuuka mukazi wange. [13] Katonda bwe yandeeta okuva mu nnyumba ya kitange, ne mmugamba nti, 'Eky'ekisa ky'oyinza okunkolera kye kino, buli kifo kye tutuukamu njogeraako nti ndi mwannyoko.' [14] Awo Abimereki n'atwala endiga n'ente, abaweereza abasajja n'abaweereza abakazi, n'abiwa Ibulayimu, n'amuddiza Saala mukyala we. [15] Era Abimereki n'amugamba nti, 'Laba ensi yange eri mu maaso go, beera w'oyagala.' [16] N'agamba ne Saala nti, 'Laba mpadde mwannyoko ebitundu bya ffeeza lukumi, okukumalako ensonyi mu maaso gaabo bonna abali naawe.' [17] Awo Ibulayimu n'asabira Abimereki eri Katonda, ne Katonda n'awonya Abimereki era n'awonya ne mukazi we; n'abaweereza be abakazi ne balyoka bazaala abaana. [18] Kubanga MUKAMA yali aggalidde embuto z'ab'omu nnyumba y'Abimereki olwa Saala mukazi wa Ibulayimu."*

9. Soma Luberyeberye 20:2,5. Omusajja eyalimba mu byafaayo bino yali ani?

   **Oluberyeberye 20:2, 5** – *"Ibulayimu n'ayogera ku Saala mukazi we nti, 'Mwannyinaze', Abimereki kabaka we Gerali n'atumya n'atwala Saala. ... {5] Si ye yaŋŋamba nti, 'Mwannyinaze?' Era ne Saala n'aŋŋamba nti, 'Mwannyina.' Kino nkikoze mu mutima omutuukirivu n'emikono gyange tegiriiko musango."*

10. Soma Luberyeberye 20:7. Nkikakasa nti Katonda teyawagira bikolwa bya Ibulayimu. Naye Katonda yadda ku ludda lw'ani, lwa Ibulayimu oba lwa Abimeleki? Lwaki? Soma Oluberyeberye 15:1, 18 ne Yakobo 2:23.

    **Oluberyeberye 20:7 –** *"Kale kaakano zzaayo mukazi w'omusajja, kubanga nnabbi, era anaakusabira, nawe on'ooba mulamu. Naye bw'otomuzzeeyo, manya ng'ojja kufa, ggwe ne by'olina byonna."*

**Oluberyeberye 15: 1, 18** – *"Ebyo nga biwedde, ekigambo kya Mukama ne kijjira Ibulaamu mu kwolesebwa nti,'Totya Ibulaamu, Nze ngabo yo era empeera yo ennene ennyo.' ... [18] Ku lunaku olwo Mukama n'akola endagaano ne Ibulaamu ng'agamba nti, 'Ezadde lyo ndiwa ensi eno, okuva ku mugga ogw'e Misiri okutuuka ku mugga omunene, omugga Fulaati:'"*

**Yakobo 2:23 –** *"N'ekyawandiikibwa ne kituukirizibwa ekigamba nti, "Ibulayimu yakkiriza Katonda, ne kimubalirwa okuba obutuukirivu, era n'ayitibwa mukwano gwa Katonda."*

11. Soma Luberyeberye 20:7, 17-18. Newankubadde Ibulayimu yali musobya, Katonda yagamba ani okusabira munne:

    A. Ibulayimu ye yali alina okusabira Abimeleki.
    B. Abimeleki ye yali alina okusabira Ibulayimu.
    C. Baali balina okusabiragana.

    **Oluberyeberye 20:7, 17-18** – *" 'Kale kaakano zzaayo mukazi w'omusajja, kubanga nnabbi, era anaakusabira, nawe on'oba mulamu. Naye bw'otomuzzeeyo, manya ng'ojja kufa, ggwe ne by'olina byonna.' ... [17] Awo Ibulayimu n'asabira Abimereki eri Katonda, ne Katonda n'awonya Abimereki era n'awonya ne mukazi we; n'abazaana be ne balyoka bazaala abaana. [18] Kubanga Mukama yali aggalidde embuto z'ab'omu nnyumba y'Abimereki olwa Saala mukazi wa Ibulayimu."*

12. Soma Baruumi 8:31. Newankubadde ng'oluusi tulemererwa, ani ali ku ludda lwaffe?

    **Abaruumi 8:31** – *"Kale tunaagamba ki, Katonda bw'aba ku lwaffe omulabe waffe y'ani?"*

13. Soma Baruumi 4:8. Newankubadde tusobya kiki Katonda kye yagamba kyatalikola?

    **Abaruumi 4:8 –** *"Alina omukisa oyo omuntu Katonda gw'atabalirako kibi."*

14. Soma Bebbulaniya 8:12-13. Mu Ndagaano Empya, Katonda kiki kye yasuubiza ky'atalikola?

    **Abaebbulaniya 8:12-13** – *"Era ndibasaasira n'ebibi byabwe siribijjukira nate, [13] Katonda bw'ayogera ku ndagaano empya, olwo ng'addibizza ey'edda; n'eyo gy'addibizza n'okukaddiwa n'ekaddiwa, eriggwaawo."*

15. Soma Beefeeso 2:5, 8-9. Tulokolebwa tutya?

    **Abaefeeso 2:5, 8-9** – "*Ne bwe twali nga tufiiridde mu bibi byaffe, yatufuula abalamu awamu ne Kristo. Mwalokolebwa lwa kisa. ... [8] Mwalokolebwa lwa kisa olw'okukkiriza. Tekwava mu mmwe, wabula kirabo kya Katonda. [9] Tekwatuweebwa lwa bikolwa byaffe; noolwekyo omuntu yenna aleme okwenyumirizanga.*"

16. Soma Tito 3:5. Ngeri ki gye tutalokolwamu? Tulokolwa tutya?

    **Tito 3:5** – *"N'atulokola si lwa bikolwa eby'obutuukirivu bwaffe wabula olw'okusaasira kwe mu kuzaalibwa okw'omulundi ogw'okubiri n'okufuulibwa abaggya olw'Omwoyo Omutukuvu."*

17. Soma Beefeeso 1:6. Tulitendereza Katonda emirembe n'emirembe olw'okutulokola olwo …? Kubanga yatufuula …? mu mwagalwa (Yesu Kristo.)

    **Abaefeso 1:6** – *"Tulyoke tumutendereze olw'ekirabo kye ekyekitiibwa, kye yatuweera mu Mwana we omwagalwa."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Mbeera ki omusajja oyo eyatomera gye yali alabika okuba ng'afaanaganya ne 'ffamire' eyo ng'ekyo kikyagenda mu maaso?
   **Embeera ejjudde obutasonyiwa, obusungu n'obukaawu.**

2. Soma Bebbulaniya 10:1. Etteeka kiki kye litaayinza kukola?
   **Teryayinza kutuukiriza abo abasinza [nga tebaliiko bbala oba olufunyiro].**

3. Soma Bebbulaniya 10:1. Olunyiriri luno lwogera ku ki ekitulaga nti ssaddaaka z'Endagaano Enkadde zaali tezimala kututuukiriza?
   **Zaweebwangayo obutakoma – buli lunaku, buli wiiki, buli mwezi. Olw'okuba zaweebwangayo buli kaseera, ekyo kikakasa nti zaali tezisobola kukolera ddala ku kibi.**

4. Soma Bebbulaniya 10:2. Oba nga ssaddaaka eyali esobola okukolera ddala ku kibi yajja, kiki kye yali esobola okukolera abasinza?
   **Obutaddayo kweraliikirira kibi (obutaggwaamu maanyi buli kiseera olw'ensobi).**

5. Omuvuzi w'emmotoka omutamiivu yakakibwa kukola ki?
   **Yakakibwa okulowooza ku kibi kye buli kiseera.**

6. Soma Bebbulaniya 10:14. Katonda atuukiriza atya abantu be?:
   **D. lwa kiweebwayo (ssaddaaka) ya Yesu.**

7. Soma Bebbulaniya 10:14. Ekiweebwayo ekya Yesu (kye tufuna olw'okukkiriza) kituukiriza omukkiriza:
   **C. Olubeerera.**

8. Soma Luberyeberye 20:1-18. Abasajja ababiri aboogerwaako be baani?
   **Ibulayimu ne Abimereki.**

9. Soma Luberyeberye 20:2, 5. Omusajja eyalimba mu byafaayo bino yali ani?
   **Ibulayimu.**

10. Soma Luberyeberye 20: 7. Nkikakasa nti Katonda teyawagira bikolwa bya Ibulayimu. Naye Katonda yadda ku ludda lw'ani, ... lwa Ibulayimu oba lwa Abimeleki?
    **Ibulayimu.**
    Lwaki? Soma Luberyeberye 15:1, 18 ne Yakobo 2:23.
    **Kubanga Ibulayimu ye yalina endagaano ne Mukama, ate era ye yali mukwano gwa Katonda.**

11. Soma Luberyeberye 20:7, 17-18. Newankubadde Ibulayimu yali musobya, Katonda yagamba

ani okusabira munne?
**A. Ibulayimu ye yali alina okusabira Abimeleki.**

12. Soma Baruumi 8:31. Newankubadde ng'oluusi tulemererwa, ani ali ku ludda lwaffe?
**Katonda.**

13. Soma Baruumi 4:8. Newankubadde tusobya kiki Katonda kye yagamba kyatalikola?
**Talitubalirako kibi kyaffe, kwe kugamba, ebibi byaffe talibituvunaana.**

14. Soma Bebbulaniya 8:12-13. Mu Ndagaano Empya Katonda kiki kye yasuubiza ky'atalikola?
**Katonda talijjukira bibi byaffe oba talibituvunaana.**

15. Soma Beefeeso 2:5, 8-9. Tulokolebwa tutya?
**Lwa kisa kye kwe kugamba, lwa kuganja okwali tekutugwanira kwe yatuwa.**

16. Soma Tito 3:5. Ngeri ki gye tutalokolwa?
**Olw'emirimu egy'obutuukirivu gye tukola.**
Tulokolwa tutya?
**Okusinziira ku kusaasira kwe, yatunaaza n'okuzaalibwa okuggya, n'atufuula abaggya olw'Omwoyo we Omutukuvu.**

17. Soma Beefeeso 1:6. Tulitendereza Katonda emirembe n'emirembe olw'okutulokola ...? kye. Kubanga yatufuula ...? mu mwagalwa (Yesu Kristo).
**Tulitendereza Katonda emirembe n'emirembe olw'okutulokola olw'ekisa kye. Kubanga yatufuula abakkirizibwa mu mwagalwa (Yesu Kristo).**

## ESSOMO 11

# NJAGALWA, NDI MUBALAGAVU

### Omusomesa: Don Krow

Lumu Micheal yajja mu w'ofiisi yange okumbuulira ku mawulire ag'ekyama agaali gakwata ku muyizi munne. Yaŋŋamba nti, bwe nnali nga njigiriza mu kibiina wano ku Charis Bible College, omuyizi ayitibwa Patricia yali yeewandiikira bibye ku mpapula ze. Bino bye yali awandiika, "Njagalwa, ndi mubalagavu," n'ebirala. Patricia ye muntu eyayambalanga mu nnyambala eyaleeteranga abalala okumutunuulira enkaliriza. Amazima amatuufu gaali nti Patricia yawandiika bino kubanga yali takkiriza nti ayagalwa, era nti mubalagavu, naye yawuliranga ng'eyaboolebwanga, era eyali tayagalwa.

Ffena ng'abantu tulina ebyetaago bye bimu — tuyaayaanira okwagalibwa, okusembezebwa, n'okutwalibwa nga tuli ba muwendo, wamu n'okubeera nga twekkiririzaamu, n'okukimanya nti Katonda tatulinaako buzibu. Eddiini nnyingi leero zituleetera okuwulira nga tetwagalwa, tetuli ba muwendo, era tetusembezebwa. Ekimu ku by'okulwanyisa eby'amaanyi Setaani by'akozesa ku bakkiriza, kwe kukuwuliza ng'aliko omusango, era n'okwesalira omusango, kyokka ekyo ffe ne tukiwulira ng'eky'omwoyo.

Wano we mbuuliza: Bameka ku mmwe nga bwe mwali mwakalokoka mwategeezebwa nti Yesu teyakwagala bwagazi kyokka, nti naye olw'okumukkiriza ye yali afuuse obutuukirivu bwo obutuukiridde? Mu butuufu, obutuukirivu bwe yandikuwadde bwe butuukirivu bwonna bwe wali weetaaga. 1 Bakkolinso1:30 wagamba nti, *"Kyokka ku bw'oyo muli mu Kristo Yesu eyafuuka amagezi okuva eri Katonda, bwe butuukirivu n'okutukuzibwa, n'okununulibwa Ago ge mawulire amalungi ag'Enjiri: "Kubanga enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda agalokola buli muntu akkiriza, okusookera ku Muyudaaya n'eri omunnamawanga [17] kubanga mu yo obutuukirivu bwa Katonda bubikkulibwa. Obutuukirivu obwo butuweebwa olw'okukkiriza, olw'okukkiriza kwokka nga bwe kyawandiikibwa nti Katonda akkiriza abantu olw'okukkiriza kwabwe, era ekyo kye kiribaweesa obulamu."* (Abaruumi 1:16-17) *"Naye atakola, naye n' akkiriza oyo aggyawo omusango eri abatatya Katonda, okukkiriza kwe kubalirwa okuba obutuukirivu."* (Abaruumi 4:5). Katonda teyatuyita kubeera na kukkiriza mu kukkiriza, oba okubeera n'okukkiriza olw'okufuna ebintu, wabula kubeera n'obuvumu obwesigamye ku bwesigwa bwe.

Katonda tasobola kukwagala okusinga bw'akwagala. Katonda kwagala (1 Yokaana 4:8). Naye ggwe osobola okweyongera okukutegeera, okukuwulira, era n'okukweyagaliramu. Gy'okoma okukkiriza, gy'okoma okwesanga ng'oyagala Katonda. Ekyawandiikibwa kigamba nti, *"Tumwagala kubanga ye yasooka okutwagala"* (1 Yokaana 4:19). Kirowoozeeko ekyo, kikkirize, era okyanirize!

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Pawulo kiki kye yakakasiza ddala?

   **Abaruumi 8:38-39 –** *"Kubanga nkakasiza ddala nga newaakubadde okufa, wadde obulamu, wadde bamalayika, wadde abafuzi, wadde ebiriwo, wadde ebigenda okujja, wadde amaanyi, [39] wadde obugulumivu, wadde okukka wansi, wadde ekitonde ekirala kyonna, tewali kiriyinza kutwawukanya n'okwagala kwa Katonda okuli mu Kristo Yesu Mukama waffe."*

2. Bwe nnali mu Bible College, nalina 'pulofeesa' aliko okuyigiriza kwe yampa mu buwandiike wansi w'omutwe: "Okwejjeerezebwa, ky'ekikolwa eky'amateeka Katonda w'alangirira obutuukirivu eri buli akkiriza, so si eri akola obutuukirivu." Bwe nneesomera ekyawandiikibwa, nnamatizibwa nti okuggyibwako omusango kye kirabo eky'obutuukirivu ekikufuula omutuukirivu mu maaso ga Katonda. Soma Baruumi 5:19, okuyita mu buwulize bwa Yesu Kristo (eky'okukuuma amateeka n'okugenda ku musaalaba), bangi:

   A. Balirangirirwa okuba abatuukirivu.
   B. Balirowoozebwa okuba abatuukirivu.
   C. Balifuulibwa abatuukirivu.

   **Abaruumi 5:19** – " *Obujeemu bw'omuntu omu bwafuula abangi okuba aboonoonyi. Bwe butyo n'obuwulize bw'omuntu omu Yesu bulifuula abantu abangi okuba abatuukirivu."*

3. Soma 2 Bakkolinso 5:21. "Kubanga [Katonda] yamufuula [Yesu Kristo] okubeera ekibi ku lwaffe oyo ataamanya kibi, tusobole ...? [nze nkoze okukkaatiriza].

   **2 Abakkolinso 5:21 –** *"Kubanga oyo ataamanya kibi, yafuuka ekibi ku lwaffe, tulyoke tufune obutuukirivu obuva eri Katonda mu Yesu."*

4. Soma Bakkolosaayi. 1:21-22. Yesu Kristo yajja ku nsi n'afa ku lw'ebibi byaffe. Ku Lw'ekyo tuyimirira mu kubeerawo kwa Katonda ng'abantu abatukuvu, abatalina nsobi, era abatalina musango mu:

   A. Maaso g'omwagalwa wo.
   B. Maaso ga mukwano gwo.
   C. Maaso ga Katonda.

   **Abakkolosaayi 1:21-22 –** *Edda temwali kumpi ne Katonda, era ebirowoozo byammwe n'ebikolwa byammwe ebibi bye byabalabisa ng'abakyawa Katonda. [22] Naye kaakano mutabaganye ne Kristo olw'okufa kwe, abanjuleyo mu maaso ga Katonda nga muli batukuvu era abataliiko bbala wadde ekyokunenyezebwa.*

5. Soma Beefeeso 1:6. Tunaatenderezanga Katonda emirembe n'emirembe olw'ekisa kye kubanga yatuufuula ...?

   **Abaefeso 1:6 –** *"Katonda tulyoke tumutendereze olw'ekirabo kye ekyekitiibwa, kye yatuweera mu Mwana we omwagalwa."*

6. Soma Bebbulaniya 10:14. Okuyita mu Yesu ne ssaddaaka ye eyo ku musaalaba twatuukirizibwa kutuusa ddi:

   A. Okutuusa lw'oyonoona omulundi omulala.
   B. Okutuusa lw'ogenda ku kkanisa.
   C. Emirembe gyonna.

   **Abaebbulaniya 10:14** – *"Kubanga olw'ekiweebwayo ekyo ekimu, abaatukuzibwa yabawa obutuukirivu obw'emirembe gyonna."*

7. Soma Bebbulaniya 10:15-17. Mu Ndagaano Empya Katonda asuubiza okujjukira ebibi byaffe:

   A. Buli lwe tukolayo kimu.
   B. Bwe tutasasula kimu kya kkumi.
   C. Obutabijjukira nate.

   **Abaebbulaniya 10:15-17** – *"Mwoyo Mutukuvu naye akikakasa bw'ayogera nti, [16] "Eno y'endagaano gye ndikola nabo, oluvannyuma lw'ennaku ezo, bw'ayogera Mukama. Nditeeka amateeka gange ku mitima gyabwe, era ndiwandiika amateeka gange mu myoyo gyabwe." [17] Ayongerako kino nti, "Sirijjukira nate bibi byabwe newaakubadde obujeemu bwabwe."*

8. Soma Baruumi 6:1-2. Ekisa kya Katonda kisinga ebibi byaffe byonna. Olwo tweyongere okukola ebibi ekisa kiryoke kyeyongerenga okulabisiwa mu maanyi?

   **Abaruumi 6:1-2 –** *"Kale tunaagamba tutya? Tweyongere okwonoona, olwo ekisa kya Katonda kiryoke kyeyongere? [2] Kikafuuwe, kubanga ffe abaafa eri ekibi tuyinza tutya okweyongera okukikola?*

9. Soma Bebbulaniya 9:12. Kununulwa kwa kika ki Yesu kwe ya tufunira?:

   A. Kwa kaseera.
   B. Kwa kitundu.
   C. Kwa lubeerera.

   **Abaebbulaniya 9:12** – *"Teyayingira na musaayi gwa mbuzi wadde ogw'ente ennume, naye yayingira mu Watukuvu w'Awatukuvu omulundi gumu gwokka n'omusaayi gwe; bw'atyo ye yennyini n'atufunira obulokozi obutaggwaawo."*

10. Soma Baruumi 8:33. Tubuulireyo omuntu asobola okuloopa abalonde ba Katonda.

    **Abaruumi 8:33 –** *"Ani aliroopa abalondemu ba Katonda, nga Katonda yennyini abaggyako omusango?"* [LB03]

11. Soma Baruumi 8:34. Wandiikayo omuntu asobola okusalira [abasingisa omusango] abantu ba Katonda.

    **Abaruumi 8:34** – *"Ani alibasalira omusango okubasinga? Kristo eyafa, era eyazuukira, oyo aliraanye Katonda ku ludda lwe olwa ddyo, ye atuwolereza."* [LB03]

12. Soma Baruumi 8:35. Wandiikayo omuntu asobola okwawula Omukristaayo ku kwagala okwa Katonda.

    **Abaruumi 8:35** – *"Kale ani alitwawukanya n'okwagala kwa Kristo? Kubonaabona, oba bulumi, oba kuyigganyizibwa, oba njala, oba kuba bwereere, oba kabi, oba kitala?"*

13. Soma Baruumi 8:31. Okuyigirizibwa kuno okukwata ku buyigirizwa okuwuumbawuumba otya?

    **Abaruumi 8:31** – *"Kale ebyo tunaabyogerako ki? Katonda bw'abeera ku lwaffe, ani asobola okutulwanyisa?"*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Pawulo kiki kye yakakasiza ddala?
**Yakakasiza ddala nti tewali kiyinza kutwawula ku kwagala kwa Katonda — si bulamu oba kufa, bamalayika oba emyoyo, ebiriwo oba ebirijja, amaanyi aga waggulu oba aga wansi. Tewali kiyinza kutwawula na kwagala kwa Katonda okusangibwa mu Kristo Yesu Mukama waffe.**

2. Bwe nali mu Bible College, nalina 'pulofeesa' eyampa ebiyigirizibwa ku mpapula wansi w'omutwe: "Okwejjeerezebwa, ky'ekikolwa eky'amateeka Katonda w'alangirira obutuukirivu eri buli akkiriza, so si eri **akola** obutuukirivu." Bwe nneesomera ekyawandiikibwa, nnamatizibwa nti **okuggyibwako omusango kye kirabo eky'obutuukirivu ekikufuula omutuukirivu mu maaso ga Katonda.** Soma Baruumi 5:19 okuyita mu buwulize bwa Yesu Kristo (eky'okukuuma amateeka n'okugenda ku musaalaba), bangi:
**C. Balifuulibwa abatuukirivu.**

3. Soma 2 Bakkolinso 5:21. "Kubanga [Katonda] yamufuula [Yesu Kristo] okubeera ekibi ku lwaffe oyo ataamanya kibi, ffe tusobole ...? [nze nkoze okukkaatiriza].
**"Kubanga [Katonda] ya mufuula [Yesu Kristo] okubeera ekibi ku lwaffe oyo ataamanya kibi, ffe tusobole okubeera obutuukirivu bwa Katonda mu Kristo Yesu. [nze nkoze okukkaatiriza].**

4. Soma Bakkolosaayi. 1:21-22. Yesu Kristo yajja ku nsi n'afa ku lw'ebibi byaffe. Ku lwa kino tuyimirira mu kubeerawo kwa Katonda ng'abantu abatukuvu, abatalina nsobi, era abatalina musango mu:
**C. Maaso ga Katonda.**

5. Abaefeeso 1:6. Tunaatenderezanga Katonda emirembe n'emirembe olw'ekisa kye kubanga yatuufuula ...?
**Tunaatenderezanga Katonda emirembe n'emirembe olw'ekisa kye kubanga yatuufuula abakkirizibwa mu mwagalwa (Yesu Kristo).**

6. Soma Bebbulaniya 10:14. Okuyita mu Yesu ne ssaddaaka ye ku musaalaba twatuukirizibwa kutuusa ddi?
**C. Emirembe gyonna.**

7. Soma Bebbulaniya 10:15-17. Mu Ndagaano Empya Katonda asuubiza okujjukira ebibi byaffe:
**C. Obutabijjukira nate.**

8. Abaruumi 6:1-2. Ekisa kya Katonda kisinga ebibi byaffe byonna. Olwo tweyongere okukola ebibi ekisa kiryoke kyeyongerenga okulabisiwa mu maanyi?
**Kiddire eri. Nedda!**

9. Soma Bebbulaniya 9:12. Kununulwa kwa kika ki Yesu kwe yatufunira?:
   **C. Obununuzi obw'olubeerera.**

10. Soma Baruumi 8:33. Tubuulireyo omuntu asobola okuloopa abalonde ba Katonda.
    **Tewali n'omu.**

11. Soma Baruumi 8:34. Wandiikayo omuntu asobola okusalira [oba asingisa omusango] abantu ba Katonda.
    **Tewali n'omu.**

12. Soma Baruumi 8:35. Wandiikayo omuntu asobola okwawula Omukristaayo ku kwagala okwa Katonda.
    **Tewali n'omu.**

13. Soma Baruumi 8:31. Okuyigirizibwa kuno okukwata ku buyigirizwa okuwuumbawuumba otya?
    **Katonda bw'abeera ku ludda lwaffe tewali ayinza kutuwangula.**

## ESSOMO 12

# EKIBALA EKY'OBULOKOZI (Ekitundu 1)

### Omusomesa: Don Krow

Ekikolwa eky'okukkiriza omulundi ogumu kisobola "okulokola" bwe kiba nga tekiddiddwamu? Kisobola okukendeera, ate ne kifuna ekisuubizo? Ibulayimu yakkiriza Katonda ne kimubalirwa okuba omutuukirivu (Luberyeberye 15:6). Singa okukkiriza kwa Ibulayimu kwakoma, okumubalirwako obutuukirivu kwandikomye awo?

Okusinziira ku byawandiikibwa tukimanyi nti "okukkiriza" kutandika ng'ekikolwa olumu, ne kiggwa, naye okukitambuliramu, kyeyongerayo mu bulamu obw'Ekikristaayo obwa buli lunaku, nga bwe kiragibwa mu Luyonaani **mu kiseera ekya kaakano**. Ebiragiro ebiweebwa **mu kiseera ekya kaakano,** bisuubirwa okuba nga byeyongerayongera, oba nga biddiŋŋanwa okuteekebwa mu nkola. Singa tukozesa ebigambo **eby'ekiseera ekya kaakano**, omusomi wa Bayibuli, tuba tumuyamba okubeera ng'agaziya okutegeera kwe ebigambo nga bino mu Bayibuli: **okuddiŋŋana; okweyongerayongera, buli kiseera, olubeerera, olutata, ng'ennono oba empisa etalina kigiziyiza.**

Ffaayo nnyo ku ngeri emboozi zino wammanga bwe zaakozesebwa mu lulimi Oluyonaani mu kiseera ekya kaakano:

**Yokaana 3:16** "*Kubanga Katonda bwe yayagala ensi n'okuwaayo n'awaayo Omwana we omu yekka, oyo yenna amukkirizza* **(ekiseera ekya kaakano: akkirizza n'agenda mu maaso ng'akkiriza)**, *aleme okuzikirira, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo*."

**Abaebbulaniya 10:14** *"Kubanga olw'ekiweebwayo ekyo ekimu, abaatukuzibwa yabawa obutuukirivu obw'emirembe gyonna"* **(ekiseera ekya kaakano: Abo abaawuliddwa era ne beeyongera okwawulibwa, kuba ekiweebwayo ekimu kibatuukirizza emirembe gyonna)**.

**1 Yokaana 3:9** *"Buli azaalibwa Katonda tayonoona* **(ekiseera ekya kaakano: kwe kugamba, teyeeyongera kukola kibi ng'omuze gwe, ng'alaga omutima oguteenenya.)** *kubanga ensigo ya Katonda ebeerera mu ye:* **(ekiseera ekya kaakano: ensigo ya Katonda ebeera mu ye, era n'ayongera okubeera mu ye)** *era tasobola kwonoona kubanga yazaalibwa Katonda"* **(mu kiseera ekiriwo: ng'empisa ye)**.

**Makko 1:15** *"Ng'agamba nti, ekiseera kituuse, obwakabaka bwa Katonda butuuse: mwenenye era mukkirize* **(ekiseera ekya kaakano: kwe kugamba, mwenenye era mweyongerenga okwenenya bulijjo ng'obwetaavu obubeerawo)**, *era mukkirize* **(ekiseera ekya kaakano: kwe kugamba, kkiriza era weeyongerenga okukkiriza)** *Enjiri."*

**Yokaana 5:24** *"Ddala, ddala, mbagamba nti, oyo awulira ebigambo byange, n'akkiriza oyo eyantuma, alina obulamu obutaggwaawo, era talisalirwa musango, kubanga aliba avudde mu*

*kuzikirira ng'atuuse mu bulamu"* **(ekiseera ekya kaakano: ne yeeyongeranga okukkiriza).**

**Lukka 15:7** *"Mu ngeri y'emu mbagamba nti mu ggulu eribaayo esannyu lingi nnyo olw'omwonoonyi omu eyenenyezza, okusinga ekyenda mu omwenda abatuukirivu abateetaga kwenenya"* (**ekiseera ekya kaakano: ne yeeyongeranga mu kwenenya**).

**Ebikolwa 17:30** *"Edda mu biseera ebyayita Katonda yagumiikiriza obutamanya bw'omuntu ku bintu ng'ebyo, naye kaakano alagira abantu bonna abali wonna okwenenya"* (**ekiseera ekya kaakano: ayongera okulagira. okweyongera okwenenya**).

**Yokaana 6:47** *"Ddala, ddala mbagamba nti, oyo akkiriza nze alina obulamu obutaggwaawo"* **(ekiseera ekya kaakano: weeyongere okukkiriza).**

**Abaruumi 4:5** *"Katonda tayinza kukusembeza olw'ebikolwa byo, Katonda asembeza aboonoonyi olw'okukkiriza kwabwe"* (**ekiseera ekya kaakano: era abeeyongera okukkiriza**).

**Ebikolwa 26:20** *"Naye ne nsookera ku b'omu Damasiko, ne nzizaako ab'omu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya mwonna, n'eri ab'amawanga, nga mbategeeza beenenye bakyukire Katonda, era bakolenga ebikolwa eby'okwenenya ebisaanira* (**ekiseera ekya kaakano: beeyongerenga okwenenya, beeyongerenga okukyuka, beeyongere okukola ebiraga okwenenya kwabwe.**). *Ebikolwa biraga okwenenya."*

**Okumaliriza:** Ekiseera ekya kaakano kikozeseddwa emirundi egiwerako mu byawandiikibwa. Si kigendererwa kyange okulaga ebyawandiikibwa byonna ebyekuusa ku kuyigirizibwa kuno. Amazima agakwata ku kukkiriza okulokola kwe kuba nti kikolwa kya lutentezi, oba ekyeyongerayongera, okusinziira ku njigiriza eya Arminianism ne 'Calvinism', newankubadde zombi ezo ziva mu misingi egy'enjawulo.

Enjigiriza ya 'Calvinism' nga y'ekakasa obukuumi obw'olubeerera, eyigiriza nti abakkiriza abeesigwa, bayinza okwesittala oba okugwa, naye newankubadde kiri bwe kityo, banaayimiriranga ne bagumira mu kukkiriza okw'Ekikristaayo (1 Abakkolinso 1:8). Abo abakkiririza mu bukuumi obw'olubeerera, era bakkiriza nti Abakristaayo abatuufu bayita mu bulamu obw'okufa eri ekibi, era ne bateeyongera mu kibi (Abaruumi 6:1-3). Bo bakkiriza nti abo ababa baviiridde ddala ku Kristo, mu mazima babeera tebalokokangako (1 Yokaana 2:19).

Enjigiriza eya Arminian, eyigiriza nti abakkiriza abeesigwa, basobola okugwa okuva mu kukkiriza. Bakkiriza n'okuyigiriza nti abo abagwa, bafiirwa obulokozi bwabwe. Yo tekkiririza mw'abo abeeyita Abakristaayo [mu linnya] kyokka nga bali mu bujeemu … oba okweyongera mu bujeemu … oba okukola ebibi mu bugenderevu nga tewali na kibala kyonna kiraga nti omuntu oyo asobola okwenenya.

Omutume Yokaana yagamba nti, *"Bwe tugamba nti tetulina kibi, tuba twerimba ffekka"*

(1 Yokaana 1:8), naye ate era n'agamba (buli azaalibwa Katonda tayonoona (1 Yokaana 3:9). Wano tulinamu okukontana, naye nga tekweyongerayo mu byawandiikibwa. Abakristaayo bonna boonoona (1 Yokaana 1:8), naye ate Abakristaayo bonna bawulize (1 Yokaana 2:3). Ekibi n'omubiri bikyali mu Bakristaayo, naye ekibi tekisobola kubeera Mukama waabwe oba embala ebalondoola. (1 Yokaana 3:9). Okwenenya okw'amazima n'okukkiriza okw'amazima kuba kukyusa ndowooza, oba kukyuka mu mutima, kukyusa buwuufu newankubadde si mu ngeri etuukiridde. (Ebikolwa 26:18, ne 1 Yokaana 1:8). "Ekibala" kye kigezesa obutuufu bw'okukkiriza. Okukkiriza kwe kufuga enneeyisa y'omukkiriza omutuufu, ne kuzaala ebikolwa ebikugoberera. Kino tukirabira ku by'okulabirako ebiri mu Bebbulaniya essuula ye 11, awoogera ku bikolwa ebyava mu kukkiriza. Mu ngeri endala, bye tukola biva mu bye tukkiririzaamu. Ekitabo kya Yakobo 2:18 kigamba nti, *"Ndaga okukkiriza okutaliiko bikolwa, nange na nkulage okukkiriza nga kuliko n'ebikolwa."*

Abatume bwe bawulirwa ng'aboogerera obubi ebikolwa, baba bategeeza "bikolwa by'Amateeka," gamba ng'ekyo kyonna omuntu ky'akola mbu asobole okufuna obulokozi.

Ebyawandiikibwa nabyo byogera ku kibala eky'obulokozi nga bye bikolwa ebirungi, oba ebikolwa eby'okukkiriza. Ebyo bye bikolwa ebiva mu kwenenya n'okukkiriza. (Bikolwa 26:20, Matayo 3:7-10, 1 Bassesolonika 1:3, Yakobo 2:14-26), biraga obujulizi bw'obulokozi. Obumu obulagibwa wakati w'okwenenya n'okukkiriza, kwe kuba nti byombi birina ekibala kye kimu, oba obujulizi bwe bumu: ebikolwa ebirungi. Tetulokolebwa lwa bikolwa birungi, naye tulokolebwa tulyoke tukole ebikolwa ebirungi, (ebizaalibwa okukkiriza). (Befeeso 2:8-10). Ebikolwa bye bigezesa obutuufu bw'okukkiriza, era ekisa ekitakoma ku bulamu bwa muntu, era ekitakyusa bikolwa bye, tekisobola kutwalibwa kubeera kisa kya Katonda ekituufu (Tito 2:11-12). Yesu ayigiriza nti abakkiriza abatuufu banaategererwanga ku bibala byabwe. (Mtayo 3:8, 7:16-20, 25:34-40,Yokaana 13:35, 14:23, Ebikolwa 26:20, Abaruumi 2:6-11, Yakobo 2:14-18, 1 Yokaana 3:10).

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Ebiragiro ebiweebwa mu budde obwa kaakano bisuubirwa okuba ...?

2. Soma Yokaana 3:16. Okusinziira mu kiseera ekya kaakano mu Luyonaani, Yokaana 3:16 ayogera atya?

   **Yokaana 3:16 –** *"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'atyo n'awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo."*

3. Soma 1 Yokaana 3:9. Buli azaalibwa Katonda takola kibi. Ekyo kitegeeza ki?

   **1 Yokaana 3:9 –** *"Noolwekyo tewali afuuka Mwana wa Katonda ate ne yeeyongera okukola ekibi, kubanga ensigo ya Katonda ebeera mu ye, so tayinza kukola kibi, kubanga yazaalibwa Katonda."*

4. Lukka 15:7. Mu ggulu wabaayo essanyu singa omwonoonyi omu ...?

   **Lukka 15:7 –** *"Mu ngeri y'emu, mbagamba nti mu ggulu wanaabangayo essanyu lingi nnyo olw'omwonoonyi omu eyeenenyezza okusinga ekyenda mu omwenda abatuukirivu abateetaaga kwenenya."*

5. Soma Bikolwa 17:30. Katonda alagira abantu bonna wonna we bali ...?

   **Ebikolwa 17:30** –" *Edda mu biseera ebyayita Katonda yagumiikirizanga obutamanya bw'omuntu ku bintu ng'ebyo, naye kaakano alagira abantu bonna buli wantu okwenenya."*

6. Soma Bikolwa 26:20. Olunyiriri olwo lwogera ki?

   **Ebikolwa 26:20** – *"Naye ne nsookera ku b'omu Damasiko, ne nzizaako ab'omu Yeerusaalemi, ne mu Buyudaya mwonna, n'eri abamawanga, nga mbategeeza beenenye bakyukire Katonda, era bakolenga ebikiolwa eby'okwenenya ebisaanira."*

7. Soma 1 Yokaana 2:3. Kiki ekiva mu kubeera n'enkolagana ne Katonda, nga kwe kumumanya?

   **1 Yokaana 2:3** – *"Bwe tugondera ebiragiro bye, kye kikakasa nti tumutegeera."*

8. Soma Yakobo 2:18. Yakobo agamba nti, "Ndaga okukkiriza kwo okutaliiko bikolwa (ekitasoboka kukolebwa), nange nkulage okukkiriza okuliko ...?

   **Yakobo 2:18 –** *"Naye omuntu ayinza okugamba nti, "Ggwe olina okukkiriza nange nnina ebikolwa; ndaga okukkiriza kwo okutaliiko bikolwa, nange nkulage ebikolwa byange nga bwe bikakasa okukkiriza kwange."*

9. Soma 1 Bassesolonika 1:3. Ebikolwa ebiva mu kukkiriza bimanyiddwa ng ...?

   **1 Abassesolonika 1:3** – *"Nga tujjukira omulimu gwammwe ogw'okukkiriza, n'okufuba okw'okwagala n'okugumiikiriza okw'essuubi mu Mukama waffe Yesu Kristo mu maaso ga Katonda era Kitaffe."*

10. Soma Baggalatiya 2:16, 21. Ebikolwa eby'Amateeka bye bikolwa abantu bye bakola okusobola okufuna obulokozi, oba ...? (olunyiriri 21). Tebisobola kulokola era tebirina maanyi galokola.

    **Abaggalatiya 2:16, 21** – *"Nga tukimanyi bulungi nti omuntu taweebwa butuukirivu lwa kugondera mateeka, wabula abufuna lwa kukkiriza Yesu Kristo, era naffe kye twava tukkiriza Yesu Kristo tulyoke tuweebwe obutuukirivu olw'okumukkiriza so si lwa kugondera mateeka. Kubanga tewali n'omu aliweebwa obutuukirivu olw'ebikolwa eby'amateeka. [21] Sidibya kisa kya Katonda naye oba, nga obutuukirivu buva mu mateeka, nga Kristo yafiira bwerere."*

11. Soma Baruumi 2:7-10. Ennyiriri zino zoogera ku kibala ky'ebibinja by'abantu bibiri, nga bye biri wa?

    **Abaruumi 2:7-10 –** *"Aliwa obulamu obutaggwaawo abo abaakola obulungi, nga balina essuubi ery'okuweebwa ekitiibwa, ettendo n'obulamu obw'emirembe n'emirembe. [8] Naye abo abeenoonyeza ebyabwe, abajeemera amazima nga bagondera obutali butuukirivu, kiriba kiruyi na busungu. [9] Walibaawo ennaku n'okubonaabona ku buli mmeeme y'omuntu akola ebibi, okusookera ku Muyudaaya n'oluvannyuma ku Munnaggwanga. [10] Naye ekitiibwa n'ettendo n'emirembe biriba ku buli akola ebituufu, okusookera ku Muyudaaya n'oluvannyuma ku Munnaggwanga."*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Ebiragiro ebiweebwa mu budde obwa kaakano bisuubirwa kuba nga ...?
   Ebiragiro ebiweebwa mu budde obwa kaakano bisuubirwa kuba nga **byeyongerayongera, nga tubiddiŋŋana okubiteeka mu nkola.**

2. Soma Yokaana 3:16. Okusinziira mu kiseera ekya kaakano mu Luyonaani, Yokaana 3:16 yogera atya?
   **Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'atyo n'awaaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza** (ekiseera ekya kaakano: akkiriza era ne yeeyongera okukkiriza) **aleme okuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo.**

3. Soma 1 Yokaana 3:9. Buli azaalibwa Katonda takola kibi. Kino kitegeeza ki?
   **Buli azaalibwa Katonda tayonoona** (ekiseera ekya kaakano: teyeeyongera kwonoona ng'akufuula muze, ng'ayolesa omutima oguteenenya.)

4. Lukka 15:7. Mu ggulu wabaayo essanyu singa omwonoonyi omu ...?
   Mu ggulu wabaayo essanyu omwonoonyi omu **bwe yeenenya era n'asigala ng'atambulira mu kwenenya.**

5. Soma Ebikolwa 17:30. Katonda alagira abantu bonna wonna we bali ...?
   Katonda alagira abantu bonna wonna we bali **beenenye era basigale nga batambulira mu kwenenya.**

6. Soma Bikolwa 26:20. Olunyiriri luno lwogera ki?
   **Naye ne nsookera ku b'omu Damasiko, ne nzizaako ab'omu Yeerusaalemi, ne mu Buyudaaya mwonna, n'eri abamawanga, nga mbategeeza beenenye** *(ebiseera ebya kaakano: era beeyongere mu kwenenya)* **bakyukire (buli kiseera) Katonda, era bakolenga** [*buli kiseera, ebikakasa okwenenya*] **ebikolwa eby'okwenenya ebisaanira.**

7. Soma 1 Yokaana 2:3. Kiki ekiva mu kubeera n'enkolagana ne Katonda, nga kwe kumumaya?
   **Kwe kukola kyayogera, kwe kugondera ebiragiro bye.**

8. Soma Yakobo 2:18. Yakobo agamba nti "Ndaga okukkiriza kwo okutaliiko bikolwa (ekitasoboka kukolebwa) nange nkulage okukkiriza okuliko ...?
   Yakobo agamba nti "Ndaga okukkiriza kwo okutaliiko bikolwa (ekitasoboka kukolebwa) nange nkulage okukkiriza okuliko **ebikolwa oba ebyo bye nkola.**

9. Soma 1 Bassesolonika 1:3. Ebikolwa ebiva mu kukkiriza bimanyiddwa nga ...?
   Ebikolwa ebiva mu kukkiriza bimanyiddwa nga **ebikolwa eby'okukkiriza.**

10. Soma Baggalatiya 2:16, 21. Ebikolwa eby'Amateeka bye bikolwa abantu bye bakola okusobola

okufuna obulokozi, oba ...? (olunyiriri 21). Tebisobola kulokola era tebirina maanyi galokola. **Ebikolwa eby'Amateeka bye bikolwa abantu bye bakola okusobola okufuna obulokozi, oba obutuukirivu (olunyiriri 21). Tebisobola kulokola era tebirina maanyi galokola.**

11. Soma Baruumi 2:7-10. Ennyiriri zino zoogera ku bibinja by'abantu bya mirundi ebiri, bye biriwa?
    **Abakkiriza n'abatali bakkiriza.**

## ESSOMO 13

# EKIBALA EKY'OBULOKOZI (Ekitundu 2)

### Omusomesa: Don Krow

Weetegereze ekyawandiikibwa kino: *"Ku kino abaana ba Katonda n'aba Setaani kwe bategeererwa. Buli akola ebitali bya butuukirivu si wa Katonda, era na buli atayagala muganda we si wa Katonda"* (1 Yokaana 3:10.) *"Tewagamba nti eno y'engeri gye twerokolamu."* Wagamba nti, *"Kino* **kwe tulabira** *abaana ba Katonda …"* (Yokaana 3:10, okukkaatiriza kwange).

Yesu yakyogera bw'ati, *"Mulibalabira ku bibala byabwe"* (Matayo 7:20, okukkaatiriza kwange).

Mu byawandiikibwa, Katonda ayogera ku bulokozi mu ngeri bbiri: (1) nti obulokozi tubufuna lwa kisa okuyita mu kukkiriza (Abaefeeso 2:8-9), (2) Naye oluvannyuma lw'ekyo, buli muntu omulokole ateekeddwa okutambuliranga mu bikolwa ebirungi (Abaefeeso 2:10). Lwaki tutya okwogera ku **kibala** ky'omukkiriza? Bayibuli tekwatibwa nsonyi ku nsonga eyo. Eno y'engeri gye tuyinza okumanya nti tuli mu bwakabaka bwa Katonda era wansi w'obufuzi bwe:

**1 Yokaana 2:3-5 Bwe tugondera** *ebiragiro bye, kye kikakasa nti tumutegeera. [4] Kyokka oyo agamba nti amutegeera n'atakuuma biragiro bye, aba mulimba, era si w'amazima. [5] Naye buli agondera ekiragiro kye, ddala ng'okwagala kwa Katonda kutuukiridde mu muntu oyo.* **Kuno kino kwe tumanyira nti** *tuli mu ye.*

**Bw'oba omanyi** nti Katonda mutuukirivu, **omanya nti** buli akola ekituufu yazaalibwa ye. (1 Yokaana 2:29). (Kino tekikola makulu? Embala ya Katonda ne Kristo bwe butuukirivu, na buli muntu ayolesa obutuukirivu aba alaga obujulizi nti yagabana ku mbala ya Katonda, nga Yokaana bw'agamba nti abeera yazaalibwa ye).

**1 Yokaana 3:5-10** *"Naye mumanyi nti yajja atwale ebibi byaffe. Era mu ye temuli kibi. [6] Tewali n'omu abeera mu ye ayongera kwonoona.* **(Mu Luyonaani, kino kiri mu kiseera kya kaakano;** *kino kitegeeza kweyongeranga, oba ekikolwa nga kya mpisa yo.* **Omusomi wa Bayibuli asobola okugaziya okutegeera kwe mu mboozi eno ng'akozesa ebigambo bino: mu kweyongera yongeranga, okuddiŋŋgana, n'era n'era, awatali kukoma, w'eyongereyo, nga okimanyidde, nga kitundu ku bulamu bwo).** *Tewali yeeyongera kwonoona (buli kiseera) amulabye oba amumanyi. [7] Baana bange abagalwa temukkiriza muntu yenna kubabuza. Oyo akola* **(nga yeeyongeranga, nga kya lutentezi tekikoma)** *ekituufu, mutuukirivu, nga ye bw'ali omutuukirivu. [8] Oyo eyeeyongera okukola ekibi, (nga* **muze gwe, era nga y'embala ye buli kiseera)** *wa Setaani … kubanga Setaani abaddenga ayonoona okuva ku luberyeberye. Eno y'ensonga lwaki Omwana wa Katonda yalabisibwa, asobole okusaanyaawo emirimu gya Setaani. [9] Tewali n'omu kw'abo eyazaalibwa Katonda ayinza okweyongera okwonoona (mu* **kiseera kino era buli iseera: kwe kugamba nga empisa yabwe bw'eri, nga balaga omutima**

**oguteenenya),** *kubanga ensigo ya Katonda esigala mu ye; tasobola kweyongera kwonoona, kubanga yazaalibwa Katonda. [10] Ku kino kwe tulabira abaana ba Katonda, mu ngeri y'emu n'abaana ba Setaani: Buli atakola kituufu, si Mwana wa Katonda; newankubadde omuntu atayagala muganda we.* **(Yokaana agamba, "Kuno kwe tumanyira abaana ba Katonda, mu ngeri y'emu n'abaana ba Setaani bwe tutyo bwe tubamanya."** Abo abatakola butuukirivu, era abatalina kwagala, balaga nti tebalina mbala ya Katonda Kitaffe. Obujulizi bw'okuzaalibwa okuggya kikulu?")

**1 Yokaana 3:14 –** *"Kubanga ffe tukimanyi* **nti** *twava mu kufa,* **ne tuyingira mu bulamu kubanga twagala ab'oluganda, naye buli muntu atalina kwagala akyali mu kufa."**

**1 Yokaana 4:6 –** *"Ffe twava wa Katonda na buli amanyi Katonda atuwuliriza [abatume], naye buli atali wa Katonda tatuwuliriza. Wano* **we tutegeerera** Omwoyo ow'amazima n'omwoyo ow'obulimba."

**1 Yokkana 4:8** *"Naye buli atalina kwagala, talina Katonda, kubanga Katonda kwagala."* **(okwagala ke kabonero k'omukkiriza kubanga embala ya Katonda kwagala).**

**1 Yokaana 5:2** *"Kw'ekyo kwe tutegerera abaana ba Katonda, bwe twagala Katonda ne tukola by'atulagira okukola."* **(nga tweyongera okwagala … nga tweyongera okukuuma ebiragiro bye).**

**1 Yokaana 5:18-19** *"Tumanyi nga buli muntu yenna azaalibwa Katonda, teyeeyongera kukola bubi,* **(bulijjo: ng'enneeyisa ye, oba okuba n'omutima ogw'obuteenenya)** *kubanga Katonda amukuuma eri omubi n'atamukola kabi* **(Ekiseera kyonna: Katonda yeeyongerayongera okumukuuma)** *[19] Tumanyi nga tuli baana ba Katonda, n'ensi yonna eri mu mikono gy'omubi."*

**LWAKI OMUTUME YOKAANA YAGABANA NAFFE EBYO BYONNA?**

Ebyo mbibawandikidde mmwe abakkiriza erinnya ly'Omwana wa Katonda, **mulyoke mumanye** nti mulina obulamu obutaggwaawo (1 Yokaana 5:13).

**Okuwuumbawumba:** Obutuukirivu, obutukuvu, okwagala, ekibala eky'omwoyo wa Katonda, bye bikakasa okuzaalibwa kwaffe okuggya. Gwe kennyini tobeera na bugumu nti oli wa Katonda ng'okyakola ebitali bya bwakatonda. Endowooza yo eba ekusalira omusango, era nga teweekakasa oba okuba n'obuvumu eri Katonda. Omutume Peetero akukubiriza okukakasa okuyitibwa kwo (2 Peetero 1:10); kwe kugamba nti, kakasa omutima gwo nti ddala oli wa Katonda, era ng'enneeyisa yo ekwatagana n'Enjiri ey'ekitiibwa. Sigambye nti eyo y'engeri gye tulokokamu, ŋŋambye nti ku kino kwe tumanyira nti tuli baana ba Katonda.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Bikolwa 8:13, 18-22. Yokaana ekisooka ayogera ku "kibala", oba ekikakasa omukkiriza omutuufu. Bino byonna bikulukuta kuva ku mutima. Omutima gw'omukkiriza bwe gusangibwa nga si mutuufu, (ng'ogwa Simooni), omukkiriza akole atya?

   **Ebikolwa 8:13, 18-22** – *"Awo ne Simooni yennyini n'akkiriza era n'abatizibwa, n'agobereranga Firipo buli gye yalaganga; era ebyamagero Firipo bye yakolanga, Simooni n'abyewuunya nnyo. ... [18] Simooni, Omufumu, bwe yalaba ng'abantu bafunye Mwoyo Mutukuvu olw'abatume okubassaako emikono kyokka, kyeyava atoola ensimbi aziwe abatume bamuguze obuyinza obwo. [19] N'abagamba nti, "Mumpe obuyinza obwo, buli gwe nnassangako emikono gyange afune Mwoyo Mutukuvu!" [20] Naye Peetero n'amugamba nti, "Ensimbi zo zizikirire naawe olw'okulowooza nti ekirabo kya Katonda kiyinza okugulibwa obugulibwa n'ensimbi. [21] Mu nsonga eno tolinaamu mugabo kubanga omutima gwo si mulongoofu mu maaso ga Katonda. [22] Noolwekyo weenenye ekikolwa ekyo ekibi weegayirire Mukama, oboolyawo Katonda ayinza okukusonyiwa ebirowoozo byo ebyo ebibi."*

2. Soma 2 Peetero 1:5-11. Kiki ekikakasa nti omuntu ali omu ku balonde ba Katonda?

   **2 Peetero 1:5-11 –** *"Noolwekyo mufubenga nnyo, okukkiriza kwammwe mukwongereko obulungi, ne ku bulungi mwongereko okutegeera, [6] ne ku kutegeera mwongereko okwefuganga, ne ku kwefuganga mwongereko obugumiikiriza, ne ku bugumiikiriza mwongereko okutya Katonda, [7] ne ku kutya Katonda mwongereko okufaayo ku booluganda abalala bonna ne ku kufaayo ku booluganda bonna abalala mwongereko okwagalananga. [8] Kubanga bwe muba n'ebyo ne byeyongera obungi, bibafuula ba mugaso era ababala ebibala olw'okutegeera Mukama waffe Yesu Kristo. [9] Oyo atalina ebyo muzibe wa maaso era awunaawuna, era yeerabidde bwe yanaazibwako ebibi bye eby'edda.[10] Kale, abooluganda mweyongerenga okunywerera mu kulondebwa kwammwe ne mu kuyitibwa kwammwe. Kubanga bwe munaakolanga bwe mutyo temulyesittala n'omulundi n'ogumu. [11] Era mulyanirizibwa n'essanyu lingi nnyo mu bwakabaka bwa Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo."*

3. Soma Matayo 25: 34-40. Birungi ki bye tulaba nga bikolebwa omukkiriza mu nnyiriri zino?

   **Matayo 25:34-40 –** *"Awo Kabaka n'alyoka agamba abali ku mukono gwe ogwa ddyo nti, 'Mujje mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutondebwa kw'ensi. [35] Kubanga nnali muyala ne mundiisa, nnali muyonta ne mumpa ekyokunywa, nnali mugenyi ne munnyaniriza, [36] nnali bwereere ne munnyambaza, nnali mulwadde ne munnambula, nnali mu kkomera ne mujja okundaba.' [37] 'Abatuukirivu ne bamubuuza nti, 'Mukama waffe, twakulaba ddi ng'oli muyala ne tukuliisa? Oba ng'olina ennyonta ne tukuwa ekyokunywa? [38] Oba ng'oli mugenyi ne tukwaniriza? Oba ng'oli bwereere, ne tukwambaza? [39] Twakulaba ddi ng'oli mulwadde oba ng'oli mu kkomera ne tukulambula?' [40] Kabaka, alibaddamu nti, 'Ddala ddala mbagamba nti bwe mwabikolera baganda bange bano abasembayo wansi kye kimu mwabikolera nze!'"*

4. Soma Yokaana 13:35. Abayigirizwa ba Yesu baababamanyiranga ku ki?

   **Yokaana 13:35 –** *"Bwe munaayagalananga, abantu bonna kwe banaabategereranga nti muli bayigirizwa bange."*

5. Soma Matayo 7:21-23. Lwaki abantu bano baakyuka ne bava mu bwakabaka bwa Katonda?

   **Matayo 7:21-23 –** *"Si bonna abampita nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe,' be baliyingira obwakabaka obw'omu ggulu, wabula abo bokka abakola ebyo Kitange ali mu ggulu by'ayagala. [22] Ku lunaku luli bangi baliŋŋamba nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe, twayogeranga eby'obunnabbi mu linnya lyo, era ne tugoba ne baddayimooni mu linnya lyo, ne tukola n'ebyamagero bingi mu linnya lyo.' [23] Ndibaddamu nti, 'Sibamanyi, muve mu maaso gange, kubanga ebikolwa byammwe byali bibi.'"*

6. Soma Yokaana 14:23. Omuntu bw'aba ng'ayagala Yesu, akola ki?

   **Yokaana 14:23 –** *"Yesu n'amuddamu nti, 'Omuntu yenna anjagala anaagonderanga ekigambo kyange, ne Kitange anaamwagalanga, era Nze ne Kitange tunajjanga ne tubeera mu ye era tunaatuulanga mu ye.'"*

7. Soma Ebikolwa. 26:20. Olunyiriri luno lwogera ku ki?

   **Ebikolwa 26:20 –** *"Naye ne nsookera ku b'omu Damasiko, ne nzizaako ab'omu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya mwonna, n'eri Abaamawanga, nga mbategeeza beenenye bakyukire Katonda, era bakolenga ebikolwa eby'okwenenya ebisaanira."*

8. Soma Yakobo 2:17. Okukkiriza kwo bwe kuba nga tekugobererwa nneeyisa nnungi, oba ebikolwa, olwo okukkiriza okwo kubeera kwa kika ki?

   **Yakobo 2:17 –** *"Noolwekyo n'okukkiriza bwe kutyo; bwe kutabaako bikolwa kuba kufu.*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Ebikolwa 8:13, 18-22. Yokaana ekisooka ayogera ku "kibala" oba ekikakasa omukkiriza omutuufu. Bino byonna bikulukuta kuva ku mutima. Omutima gw'omukkiriza bwe gusangibwa nga si mutuufu, (ng'ogwa Simooni), omukkiriza akole atya?
   **Yeenenye ebibi bye asabe Katonda ekirowoozo ky'omutima gwe ekikyamu kisonyiyibwe.**

2. Soma 2 Peetero 1:5-11. Kiki ekikakasa nti omuntu ali omu ku balonde ba Katonda?
   **Okukkiriza kwabwe bakugatteko n'ebikolwa eby'omwoyo, kye kikula kyabwe ekipya.**

3. Soma Matayo 25: 34-40. Birungi ki bye tulaba nga bikolebwa omukkiriza mu nnyiriri zino?
   **Ebikolwa ebizaalibwa okukkiriza - ng'okuwa abayala emmere, okufa ku bantu abalala, abatalina kya kwambala ne tubawa, okufa ku balwadde, okukyalira abasibe mu kkomera, n'ebirala.**

4. Soma Yokaana 13:35. Abayigirizwa ba Yesu baababamanyiranga ku ki?
   **Ku kwagalana.**

5. Soma Matayo 7:21-23. Lwaki abantu bano baakyuka okuva mu bwakabaka bwa Katonda?
   **Baali bakozi ba bubi. Mu Luyonaani mu kiseera ekya kaakano kiraga nti gawli muze gwabwe okwonoona. Yesu yagamba tabamanyi. Baali bantu banaddiini abataalina mutima gukyuka, nga tebasobola kukyukira Katonda.**

6. Soma Yokaana 14:23. Omuntu bw'aba ng'ayagala Yesu, akola ki?
   **Akuuma ebigambo bye oba akola by'agamba.**

7. Soma Bikolwa. 26:20. Olunyiriri luno lwogera ku ki?
   **Kakasa okwenenya kwo n'ebikolwa.**

8. Soma Yakobo 2:17. Okukkiriza kwo bwe kuba nga tekugobererwa nneeyisa nnungi, oba ebikolwa, olwo okukkiriza okwo kubeera kwa kika ki?
   **Kuba kufu, okutalokola (Yakobo 2:14).**

## ESSOMO 14

# OKUYITIBWA ERI OBUYIGIRIZWA

***Omusomesa: Andrew Wommack***

Olwaleero tugenda kwogera ku kubeera omuyigirizwa n'engeri y'okufuulamu abantu abalala abayigirizwa. Njagala okukujjukiza nti ekiragiro Mukama kye yatuwa si kukyusa bukyusa, si kugamba bantu kwatula bwatuzi nti Yesu ye Mukama waabwe, era n'okusonyiyibwa ebibi, naye kukola bayigirizwa. Newakubadde ng'ebyo ebibiri ebisoose bikulu, era si binyooma n'akatono. Ekigendererwa kyennyini kirina okusukkuluma ku kulokoka obulokosi abantu ne batuuka ku ddaala ery'okukula. Ekigendererwa ky'Omukristaayo afuuse omuyigirizwa, alina okugenda naye afuule abantu abalala abayigirizwa.

Yesu yatugamba, tugende tufuule abantu abayigirizwa, bakule, nabo basobole okufuula abantu abalala abayigirizwa. Ekkanisa yaffe eya leero kino tekikoze. Obuvunaanyizibwa bw'okubuulira abantu balokoke tubutadde ku bakulembeze oba abaweereza. Tulina ababuulizi b'Enjiri abatambula nga bakuba enkuŋŋaana ez'amaanyi, ne tulaba enkumi n'enkumi z'abantu nga baatula obulokozi. Newakubadde ng'abamu mu butuufu babeera tebalokose, naye nga bakyamuukiridde bukyamuukirizi, nkikakasa nti waliwo ababa balokokedde ddala, era nga bafunye enkolagana ne Mukama. Naye ebiseera ebisinga, eky'okufuula abantu bano abayigirizwa tekiteekebwako ssira, ng'ate eyo si y'engeri Katonda gye yagenderera.

Kino nkigeraageranya ku muntu ayagala abaana abawere. Tekiba kya buvunaanyizibwa n'akatono omuntu okubeera n'omwana omuwere, n'akyamuka nnyo kuba amulabye ng'azaalibwa. Bw'ozaala omwana, olina okulaba nti omulabirira, otwala obuvunaanyizibwa okumutendeka n'okumukuza. Tugamba nti ekikulu kwe kulaba ng'abantu balokoka, nga baatula Yesu nga Mukama w'obulamu bwabwe. Ekyo bwe kimala okubaawo nga tubasiibula tubagamba nti, "Kaakati oli mulokole, n'olwekyo bakkirize Katonda, basomenga Bayibuli, era buli kimu kijja kuba bulungi. Ekyo Katonda si ky'assaako essira.

Olw'ensonga eyo, tuzadde abantu bangi, ng'abasinga mu mitima gyabwe, bawulira baliyagadde okubaako kye bakolera Katonda, naye nga baakibogwe. Tebasobola kuzaazaamu kukkiriza kwabwe, kubanga tebalina bikozesebwa ebibayamba. Mu kifo ky'okubeera abajulirwa ba Yesu abalungi, bafuuka bajulirwa babi. Ekigendererwa kye kwe kulaba nga tugenda eri abantu, tubafuule abayigirizwa abakuziddwa obulungi, era mu bujjuvu, nga basobola okuzaazaamu okukkiriza kwabwe mu balala.

Singa oleetayo omuntu omu eri Kristo buli luvannyuma lwa myezi mukaaga, ne mweyawula, n'omuyigiriza okutuuka ku ssa ery'okubeera Omukristaayo akuze, asobola okuzaazaamu okukkiriza kwe, era oluvannyuma lw'emyezi mukaaga mujja kuba Abakristaayo babiri mwekka. Kati singa buli omu ku mmwe aleetayo omuntu omulala eri Kristo, era ne mweyawula, ne mubayigiriza okumala emyezi mukaaga, mujja kubeera Abakristaayo bana oluvannyuma lw'omwaka. Kino toyinza kukigeraageranya ku muntu abuulira Njiri abantu lukumi ne balokokera mu lukuŋŋaana olwo

olumu. Abantu abasinga bayinza okugamba nti kirungi okugenda n'enkola eyo ereese abantu abangi, okusinga eri ey'abantu abana bokka mu mwaka omulamba. Omuntu ono aleese abantu olukumi eri Kristo, ayinza okuba ng'aleese abantu 35,000 eri Kristo. Ekyo kirungi, era tewali n'omu asobola kukigaya, naye liringa ttondo lya mazzi mu kalobo okusinziira ku muwendo gw'abantu abali mu nsi yonna. Ekkanisa olwaleero bw'etyo bw'ebaddenga ekola.

Bwe tuteeka essira ku buyigirizwa, omuntu aleeteyo omulala eri Kristo buli luvannyuma lwa myezi mukaaga, ababiri abo mu mwaka ne bakola kye kimu, ekitono ennyo mu myaka nga kkumi n'ebiri, Enjiri baba bagibuulidde abantu abasinga omuwendo gw'abantu abali mu nsi yonna. Abantu abamu balowooza nti ekyo tekisoboka. Ka nkusoomooze naawe ogezeeko okukibalabalamu. Nze nkikubisizzaamu, ne nkizuula ng'ekitono ennyo mu myaka nga kkumi n'ebiri n'ekitundu, kisoboka okubuulira abantu obuwumbi obutaano n'ekitundu, ng'omuntu omu ayigirizaayo omulala buli myezi mukaaga, nga bababfuula abantu ba Kristo abazaala abayigirizwa, okusinga 12,500 b'ofuna ng'okozesezza enkola eri endala.

Singa tukutuusa ku ddaala ly'obuwanguzi…naye nga tokyabutambuliramu wekka, wabula ng'oyaayaana okuleetayo abalala eri Kristo…n'omala ofuuka omutendesi mu kifo ky'okubeera atendekebwa, ebyo bye bimu ku biyinza okubaawo singa omuntu oyo asalawo n'agoberera Mukama okutuusa ng'akuze, naye atandike okuyigiriza abalala. Bw'okikola ku muntu omu buli mwaka, kitegeeza nti oluvannyuma lw'omwaka mugenda kuba ggwe n'oyo gwe wayigiriza — babiri. Oluvannyuma lw'emyaka ebiri, mugenda kuba bana, naye bwe weeyongera okukigenderako, oluvannyuma lw'emyaka kkumi mugenda kuba abantu 1024 abayigiriziddwa ne muzaala Abakristaayo abalala. Bwe mweyongerayo n'enkola eyo, buli omu ku mmwe ng'akola bw'atyo, mu myaka kkumi n'ebiri mugenda kuba mu kakadde k'abakkiriza kamu. Ekyo kya maanyi. Eyo y'enkola ey'okukubisaamu Mukama waffe gye yatongoza — okugenda tufuule abalala abayigirizwa, so si kukyusa bukyusa bantu. Eyo y'enkola ekyasingidde ddala mu kugaziya obwakabaka nga tutuukirira abantu, naye endowooza zaffe zitunuliddde nnyo enkola ennyangu.

Bantu bameka abagenda ku nkuŋŋaana z'Enjiri gaggadde, ne bakola obweyamo, ne baatula nti balokose, naye nga bakyalina obusungu, obukaawu n'obuggya, bwe batyo ne bafuuka abajulirwa ababi? Abantu bangi bakyusenga okuva ku Njiri ey'amazima, nga bagamba nga bwe bataakyetaaga bulokozi, olw'abo abeeyogerako nti baalokoka, kyokka nga bannanfuusi.

Ensonga enkulu kwe kuba nti obuyigirizwa y'enkola Katonda gye yateekawo mwe tulina okubuulirira Enjiri mu nsi yonna. Amazima tegakuwa ddembe okutuusa nga weeyongedde okwennyika mu Kigambo (Yokaana 8:31-32). Ekyo Katonda ky'ayagaza buli muntu, basobole okutambulira mu bujjuvu bwe, naye era y'enkola ey'okubuulira Enjiri gye yateekawo. Buli eyasalawo nti eyo si y'enkola ey'okukikolamu, aba yakiwaanyisaamu n'enkola eri endala etakoze.

Kwe kusaba kwange leero, Katonda ayogere naawe ebigambo bino mu mutima gwo, akulage obukulu bw'obuyigirizwa. Nkukubiriza ogende mu maaso, ofuuke omuyigirizwa afuula abalala abayigirizwa.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Kiyinza okukwewuunyisa okukimanya nti Yesu teyayita muntu n'omu kubeera "Mukristaayo", naye yayita bantu kufuuka "bayigirizwa." Kebera mu Njiri ennya (Matayo, Makko, Lukka ne mu Yokaana), ozuule, era owandiike ku lupapula olulala, olukalala lw'ebyawandiikibwa nga bw'osobola, ebiraga Yesu ng'ayita abantu eri obuyigirizwa.

2. Mu kitabo kya Bikolwa, abantu tebayitibwanga kufuuka "Bakristaayo," naye okuyitibwa kwabwe kwali kwa kufuuka "bayigirizwa". Kebera mu kitabo ky'Ebikolwa owandiike olukalala lw'ebyawandiikibwa ebiraga abantu abaayitibwa mu buyigirizwa.

3. 3. Mu byawandiikibwa ekigambo "bayigirizwa", kikozesebwa emirundi egiwera e 273. Mu Bayibuli yonna ekigambo "Bakristaayo", kikozesebwa emirundi e 3. Wandiika ku lupapula olwo, emirundi egyo esatu gye kyawandiikibwa.

4. Soma Matayo 10:25. Okusinziira ku lunyiriri olwo omuyigirizwa y'ani?

   **Matayo 10:25 –** *"Kirungi omuyigirizwa okuba ng'omusomesa we, n'omuddu okuba nga mukama we. Obanga nnannyinimu ayitibwa Beeruzebuli, tekisingawo nnyo ku b'omu nju ye?"*

5. Soma Lukka 14:26. Okubeera omuyigirizwa wa Yesu kitegeeza kwewaayo awatali kakwakkulizo konna ku lw'obulamu bw'omuntu omu. Kituufu oba kikyamu.

   **Lukka 14:26** – *" 'Omuntu bw'anajjanga gye ndi, n'atakyawa kitaawe, oba nnyina, oba mukyala we n'abaana be, oba baganda be oba bannyina, newaakubadde obulamu bwe ye yennyini, tayinzenga kuba muyigirizwa wange.' "*

6. Soma Lukka 14:33. Mu mbeera ezimu, okubeera omuyigirizwa wa Yesu kyali kitegeeza kulekawo bibyo n'okulembeza ebya Yesu yekka mu kusooka. Kituufu oba si kituufu.

   **Lukka 14:33** – *"Kale buli muntu ku mmwe ateefiiriza byona byalina, tayinza kuba muyigirizwa wange."*

7. Soma Matayo 19:29. Buli muntu alese ennyumba ye, maama we, muganda we, mwannyina, omwana we, ettaka lye ku lwa Yesu, agenda kufuna kikumi ku kikumi obungi, era asikire obwakabaka bwa Katonda. Kituufu oba kikyamu?

   **Matayo 19:29** – *"Na buli muntu yenna eyaleka ennyumba, oba baganda be, oba bannyina, oba kitaawe oba nnyina, oba baana be, oba ttaka lye olw'erinnya lyange aliweebwa okwenkana emirundi kikumi, era alisikira obulamu obutaggwaawo."*

8. Soma Ebikolwa 14:22. Abayigirizwa beetaaga okweyongerayongera mu kukkiriza. Kituufu oba kikyamu?

**Ebikolwa 14:22** – *"Ne babuulirira abakkiriza nga babakubiriza banywerere mu kukkiriza, era ne babagamba nti, 'kitugwanidde okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda nga tuyita mu bibonoobono ebingi.'"*

9. Soma Bebbulaniya 10:14. Okusoomoozebwa abantu abamu kwe basanga mu byawandiikibwa ebikakasa obuyigirizwa kwe kuba nti okubeera "Omukristaayo," tekyetaagisa kufuba (kuba kifunibwa lwa kisa), naye okubeera "omuyigirizwa" kyetaagisa ssaddaaka era n'okwewaayo. Ekituufu kiri nti okununulibwa Kristo kyali tekitwetaagisa kufuba. Amazima gali nti okununulibwa kwaffe mu Kristo kwatuukirizibwa, era tekwetaagisa kufuba kwaffe, naye okuyitibwa kwaffe eri Kristo kwa bulamu bwaffe bwonna. Kituufu oba nedda?

**Abaebbulaniya 10:14 –** *"Kubanga olw'ekiweebwayo ekyo ekimu, abaatukuzibwa yabawa obutuukirivu obw'emirembe gyonna."*

10. Soma Ebikolwa 11:26. Kristo bwe yayita abakkiriza, okuyitibwa kwabwe kwali kwa ngeri bbiri, abamu okubeera Abakristaayo basigale mu mubiri, ate abalala okubeera abayigirizwa. Mu butuufu Abakristaayo n'abayigirizwa baali bateekeddwa kuba nga be bamu. Kituufu oba kikyamu.

**Ebikolwa 11:26 –** *"Bwe yamulaba n'amuleeta mu Antiyokiya okumala omwaka mulamba nga bakolera wamu n'ekkanisa yaayo, ne bayigiriza abantu bangi nnyo. Wano mu Antiyokiya abayigirizwa we baasokera okuyitibwa Abkristaayo."*

11. Soma Matayo 28:19. Omulimu Yesu gwe yatuma abakkiriza gwali:

   A. Kufuula bayigiriza.
   B. Kukyusa mawanga gonna.

**Matayo 28:19 –** *"Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.*

12. Soma Matayo 28:20. Abakkiriza balina okuyigiriza abalala buli kiragiro Yesu kye yabawa. Kituufu oba kikyamu?

**Matayo 28:20 –** *"Nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe: era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo."*

13. Soma Yokaana 1:12. Yesu yawaayo ebirungi bye byonna (ffe okusonyiyibwa, okuggyibwako omusango, n'ebirala), naye n'atawaayo bwakatonda bwe, oba ekyo ky'ali. Kituufu oba kikyamu?

**Yokaana 1:12 –** *"Naye bonna abaamusembeza, yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda; abo be bakkiriza erinya lye."*

## Okwanukula Ebibuuzo

1. Kiyinza okukwewuunyisa okukimanya nti Yesu teyayita muntu n'omu kubeera "Mukristaayo", yabayita kufuuka "bayigirizwa." Kebera mu Njiri ennya (Matayo, Makko, Lukka ne mu Yokaana), era zuula era owandiike ku lupapula olw'enjawulo, olukalala lw'ebyawandiikibwa nga bw'osobola, ebiraga Yesu ng'ayita abantu eri obuyigirizwa.

2. Mu kitabo kya Bikolwa, abantu tebayitibwanga kufuuka "Bakristaayo," naye okuyitibwa kwabwe kwali kwa kufuuka "bayigirizwa". Kebera mu kitabo ky'Ebikolwa owandiike olukalala lw'ebyawandiikibwa ebiraga abantu abaayitibwa mu buyigirizwa.

3. Mu byawandiikibwa ekigambo "bayigirizwa", kikozesebwa emirundi egiwera e 273. Mu Bayibuli yonna ekigambo "Bakristaayo", kikozesebwa emirundi e 3. Wandiika ku lupapula olwo, emirundi egyo esatu gye kyawandiikibwa ku lupapula.
   **Bikolwa 11:26, Bikolwa 26:28, 1 Peetero 4:16.**

4. Soma Matayo 10:25. Okusinziira ku lunyiriri olwoo omuyigirizwa y'ani?
   **Omuyigirizwa ye muntu afuuka ng'omusomesa we bw'ali.**

5. Soma Lukka 14:26. Okubeera omuyigirizwa wa Yesu kitegeeza kwewaayo awatali kakwakkulizo konna ku lw'obulamu bw'omuntu omulala.
   **Kituufu.**

6. Soma Lukka 14:33. Mu mbeera ezimu, okubeera omuyigirizwa wa Yesu kyali kitegeeza kulekawo bibyo n'okulembeza bya Yesu yekka mu kusooka.
   **Kituufu.**

7. Soma Matayo 19:29. Buli muntu alese ennyumba ye, maama we, muganda we, mwannyina, omwana we, ettaka lye, ku lwa Yesu, agenda kufuna kikumi ku kikumi obungi, era asikire n'obwakabaka bwa Katonda.
   **Kituufu.**

8. Soma Bikolwa 14:22. Abayigirizwa beetaaga okweyongeranga mu kukkiriza.
   **Kituufu.**

9. Soma Bebbulaniya 10:14. Okusoomoozebwa abantu abamu kwe basanga mu byawandiikibwa ebikakasa obuyigirizwa, kwe kuba nti okubeera "Omukristaayo" tekyetaagisa kufuba (kuba kifunibwa lwa kisa), naye okubeera "omuyigirizwa" kyetaagisa ssaddaaka, era n'okwewaayo. Ekituufu kiri nti okununulibwa Kristo kyali tekitwetaagisa kufuba. Amazima gali nti okununulibwa kwaffe mu Kristo kwatuukirizibwa, era tekwetaagisa kufuba kwaffe, naye okuyitibwa kwaffe eri Kristo kwa bulamu bwaffe bwonna.
   **Kituufu.**

10. Soma Bikolwa 11:26. Kristo bwe yayita abakkiriza, okuyitibwa kwabwe kwali kwa ngeri biri, abamu okubeera Abakristaayo basigale mu mubiri, ate abalala okubeera abayigirizwa. Mu butuufu Abakristaayo n'abayigirizwa baali bateekeddwa kuba be bamu.
    **Kituufu.**

11. Soma Matayo 28:19. Omulimu Yesu gwe yatuma abakkiriza gwali:
    **A. Kufuula bayigirizwa.**

12. Soma Matayo 28:20. Abakkiriza balina okuyigiriza abalala buli kiragiro Yesu kye yabawa.
    **Kituufu.**

13. Soma Yokaana 1:12. Yesu yawaayo ebirungi bye byonna (okusonyiyibwa, okuggyibwako omusango, n'ebirala), wabula naye ne yeewaayo yenna.
    **Kituufu.**

## ESSOMO 15

# ENGERI GY'OKOZESAAMU OBUJULIZI BWO

### Omusomesa: Don Krow

Olwaleero njagala kukubuulira ku nkozesa y'obujulizi bwo. Mu Bikolwa 5:42 wagamba nti, *"Awo ne bayigirizanga mu yeekaalu buli lunaku, ne mu maka g'abantu, nga bayigiriza era nga babuulira Yesu Kristo."* Kimanye nti abayigirizwa b'ekkanisa eyasooka baasisinkaniranga mu yeekaalu buli lunaku, era nga bava nnyumba ku nnyumba, nga beeyongeranga okuyigiriza n'okubuulira ku Yesu Kristo. Abantu bangi bakiwulira nga si kya bulijjo, oba si kya buntu okugenda okutuukirira abantu mu nkola eya nju ku nju. Njagala okugabana ku bimu ku bye tuyize mu kugenda okubuulira Enjiri ng'enzigi z'obuyigirizwa zigguddwaawo, era tulabye abantu nga balokoka … nga badda eri Kristo.

Si kizibu nnyo nga bwe baakugamba, era ekimu ku bye nneetegerezza mu byawandikibwa, kwe kuba nti Omutume Pawulo yakozesa obujulizi bwe yye emirundi esatu ng'ayogera n'abatannaba kulokoka. Mu Bikolwa 9:22 ne 26, yawa obujulizi bwe, obumanyirivu bwe, n'ebyamutuukako ng'ayogera eri abatannaba kulokoka. Emu ku nkola gye tuzudde mu kutuusa obubaka obukwata ku Yesu Kristo eri abantu abalala eyitibwa "omugendo gw'okusaba." Tugenda ku luggi, ne tukonkona ne tubagamba nti, "Tuli mu kitundu kino, tusabira bantu. Tukkiriza nti Katonda awulira, era addamu essaala, era tetumanyi oba nga mulina ebizibu mu maka gammwe — oba mu bulamu bwamwe, oba ebizibu eby'enjawulo — nga mwalyagadde tubasabire." Olw'olumu nga baddamuu nti kituufu balina ebizibu. Emirundi emirala nga tebakiwuliramu mirembe, oba nga baawulira nga kibaswaza, olwo ne bagamba nti, ""Nedda tetulina kye twetaaga kusabira mu kiseera kino." Olwo ffe ne tutandika kubawa bujulizi ku bulamu bwaffe.

Nga nnyinza okubagamba bwe nti, "Ndaba nga mulina abaana. Nange nnina abaana basatu. Nga 14 omwezi gwa Desemba wa 1981, abaana bange abawala abalongo lwe baazalibwa. Omulongo ow'okubiri n'abuuka (n'afa)." Olwo ne baddamu nti, "Bambi nga kitalo, mawulire mabi." Nange ne mbaddamu nti, "Temunsaasira. Ka mbabuulire kiki ekyabaawo." Ne ntadika okubanyumiza ebyabaawo byonna. Omulongo ow'okubiri eyali alina okuzaalibwa yali kasowole, kwe kugamba yazaalibwa ng'ebigere bye bisoose okufuluma. Omukka gwamuggwako, bw'atyo n'abuuka, kwe kugamba yazaalibwa afudde.

Omuzaalisa yamukwata, n'amukubakubako ate nate, n'amunyiganyiga awali amawuggwe nti ob'olyawo gandibaamu n'amazzi, n'akola buli kye yasobola, naye n'alemererwa. Nange natunula nga taata omulala yenna bwe yalitunudde. Muwala wange owookubiri naye afudde — kaakati ŋŋenda kukola ntya? Mu kiseera ekyo nga mbuuza abantu abo abayimiridde ku mulyango nti, "Mu mmwe waliwo eyali asomye ennyo Bayibuli?" Ng'oli addamu nti yagisomako katono, oba oluusi nti si nnyo. Awo ne nnyinnyola nti, "Ensonga lwaki mbuuza, kubanga Bayibuli egamba mu Bikolwa 10:38 nti Yesu yatambulanga ng'akola bulungi, ng'awonya bonna abaali banyigirizibwa Setaani, kubanga Katonda yali naye. Kaakati ŋŋenda kubabuulira ekyatuukawo.

Osobola okukkikiriza oba okukigaana nga bw'okitegedde, naye omwana wange yali afudde, era nga kye ndowoozaako z'enteekateeka z'okumuziika enkeera. Nnalowooza munda mu nze nti, 'nandimusitudeko...nandimulezeeko omwana wange!' Bwe nnali ŋŋenda okumuggyayo, ne mpulira okubeerawo kw'omubi ku mwana wange, Bayibuli ky'eyita omwoyo omubi. Kwannumba ne kunsannyalaza nga sikyasobola kutambula. Amangu ago ekyo bwe kyabaawo, ne njogera nti, 'Mu linnya lya Yesu Kristo, nkulagira gwe omwoyo omubi, vva ku mwana ono, era ndagira obulamu okudda mu mwana ono, mu linnya lya Yesu.' Omwana oyo eyali tassizzaako wadde omukka ogwasooka, n'alyoka assa omulundi gumu, ate n'alekeraawo okussa. Ne nziramu ne njogera nti, 'Mu linnya lya Yesu Kristo, ggwe omwoyo omubi vva ku mwana ono kati, kati, era obulamu bwe bukomewo!' Ku mulundi ogwo, n'abaka omukka emirundi egiwera, era teyakoma awo, akyassa ne kaakano."

Awo ne ŋ̇ŋ̇enda mu maaso okunyumiza be njogera nabo nti, "Bagamba nti oluvannyuma lw'akaseera ka ddakiika nga ssatu ng'omuntu talina mukka gwa bulamu ku bwongo, afuna ekikyamu ku bwongo. Muwala wange talina kikyamu kyonna mu buli ngeri. Twamutuuma Vita nga mu Lulattini kitegeeza 'Bulamu,' kubanga twayagala okwogera kw'ekyo Katonda kye yali akoze mu bulamu bwe. Katonda yakomyawo obulamu bwe. Nneeyongera okusoma Bayibuli okuva kw'olwo okutuusa kati, era ne nneeyongera okukizuula nti ng'omwoyo omubi bwe gwali ku mwana wange, waliyo obwakabaka bw'ekizikiza, obuyinza bwa Setaani n'obufuzi bwe, era waliwo n'obwakabaka bw'omwana wa Katonda omwagalwa ennyo.

"Yesu bwe yajja ku nsi, yatandika okukoowoola abantu bave mu kizikiza bayingire mu bwakabaka bwe nga bayita mu kwenenya, era ne mu kumukkiriza — basonyiyibwe ebibi byabwe, era bamugoberere. Simanyi ky'okkiriza, naye nkubuulira ekyatuuka mu maka gange ne ku bulamu bwange. Njagala nkubuulirire ddala ensonga etuleese wano ku luggi lwo. Yesu yatugamba tubafuule abayigirizwa. Nkizudde nti abantu bangi tebafuna budde kugenda mu kkanisa, abamu baba tebaagala kugendayo." Awo abantu abo mbagamba nti alina ekibuuzo mu bye njogedde, ambuuze. Era nti eyo y'ensonga etukyaza mu maka ago. Bwe kityo, mu bbanga lya ddakiika kkumi tuba tulina ekigambo kya Katonda ekijjuvu kye tuba tugabanye nabo. Olwo ne tudda mu byawandiikibwa ne tubuuza ebibuuzo okukakasa nti fenna tutegedde. Mu butuufu tuba tuwanyisiganya bulungi ebigambo. Tuba tetubuulira Njiri butereevu eri bantu abo, oba okubagamba Bayibuli ky'egamba, naye tuba tubayamba basobole okuzuula kiki ky'egamba mu ngeri ey'okubuuza ebibuuzo.

Ne mbagamba nti bwe baba bandikyagdde, tugenda kuteekateeka ekiseera kye basobola okubeerawo awaka, tubeeko bye tubayigiriza. Era nti bwe baba nga bye twogedde tebirina kye bibayambye, tebazimbiddwa n'okuzzibwamu amaanyi, baba tebaliddamu kutulabako waabwe. Tetwagala kubeesibako batwegatteko mu kkanisa, oba mu kitongole, oba ekifaananako ng'ebyo. Tubatuukirira kubabuulira ku Yesu kye yabakolera, era n'okubayamba basobole okutuuka ku kwetegeerera Ekigambo kya Katonda. Waliwo ebintu bingi nnyo mu Bayibuli naffe bye tutamanyi oba bye tutategeerera ddala, naye tubayigirizaako ebitonotono bye tumanyi. Bwe tumala okubannyonnyola tutyo, ne tubabuuza oba nga baalikyagadde? Abasinga obungi

bakkiriza. Olwo ne tuteekateeka ekiseera, ne tuddayo mu maka gaabwe, ne tubayigiriza ebikwata ku buyigirizwa. Tetugendayo kubabuulira Njiri ey'okubakyamuukiriza, tubakkirizise obulokozi, nga tebamanyi na kye bakola. Tubayigiriza bikwata ku buyigirizwa, ne tubayamba okutegeera Kristo eyakomererwa.

Nayogerako n'omusumba omu ku masomo gaffe agakwata ku buyigirizwa, n'ambuuza ekibaawo oluvannyuma lw'okuyigirizibwa okusooka? Oluvannyuma lw'okuyigirizibwa okusooka, omuntu ategeera kiki ky'alina okukola okusobola okwewaayo eri Yesu, era n'okufuna okusaasirwa n'ekisonyiwo ky'awa. Tetuli ku waasiwaasi ng'okusendasenda kwa baakitunzi. Eyo si y'engeri gye tutuukiriramu abantu, wabula tusooka ne tuyita mu kuyiga okusooka, olwo ne balyoka bategeera kye balina okukola nga kiva ku mutima gwabwe. N'addamu n'abuuza ekibaawo oluvannyuma lw'okuyita mu kuyiga kw'ekkumi n'ettaano. Ne mmugamba nti oluvannyuma lw'okuyiga okwo okw'e 15, ng'omuntu asigadde naffe, aba yeenenyezza ebibi bye, n'abatizibwa mu mazzi amangi, n'abatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Kino tukiraba nga kibaawo nga tukyali ku kuyiga okwo 6 nga tetunnaba na kutuuka ku kwa 15.

Mu Matayo 28, Yesu yatugamba tugende mu mawanga gonna tubafuule abayigirizwa, wakati awo tubabatize mu linnya lya Kitaffe, n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu. Wakati mu kuyigiriza, abantu tubaleetera okutegeera Yesu Kristo eyakomererwa ku musaalaba ku lw'abo abamukkiriza. Mu kubatuusa ku kutegeera buli 'wiiki', tuzimba enkolagana nabo, era ne tuba baamukwano gye bali. Batandika okutwagala, era ne batwesiga. Tubatuusaako Ekigambo kya Katonda, so si kubabuulira bubuulizi Njiri. Tusoma ebyawandiikibwa, ne tubaleka nabo beesomere Ekigambo kya Katonda, era ne tubabuuza ebibuuzo nga tubakkiriza okuzuula eby'okuddamu nga babiggya mu Kigambo kya Katonda ku lwabwe. 'Wiiki' ku 'wiiki', tuzze tulaba ng'abantu batuuka ku ssa ery'okubeera nti baatula Kristo kubanga baba bamanyi kiki kye kiteegeza, okumukkiriza, okumugoberera, era n'okwewaayo gy'ali. Kino kyawukana nnyo n'embuulira y'Enjiri abantu abasinga gye babuuliramu olwaleero.

Engeri gye tutuukirira abantu abaabula, okusooka tuyita mu kubawa bujulizi. Era buli omu ku ffe alina obujulizi. Emirundi mingi tuwandiika obutabo obutukwatako. Nze nawandiika, "Okufa kwa muwala wange", ke ntera okulekera abantu be tutuukiridde ewaka waabwe. Abantu abalala be tubeera nabo mu kuyigiriza, bawandiise obutabo nga "Omuddu eyaweebwa eddembe" aka Joe Rose, eyali yasibibwa mu kunywa omwenge n'ebiragalalagala. "Okufa kw'omwoyo gw'enjaga," aka Rocky Forry, eyali yasibibwa mu kunywa enjaga naye Yesu n'amusumulula okuva mw'ekyo. Obujulizi buno tubuwa abantu be tusisinkana mu maka gaabwe.

Abalokole abamu bagamba nti, "Naye nze sirina bujulizi bwa maanyi. Sirabangako ku mwana azuukira oluvannyuma lw'eddakiika munaana." Nkizudde nti abantu bangi tebalina bujulizi buli ng'obwo. Oyinza obutaba na bujulizi ng'obwa Andrew Wommack eyalina amaanyi ga Katonda agaamubeezawo okuva mu buto, agamukuuma nga tayonoona, ng'akkiriza, ate ng'abantu basinga kutawaana na kya butatya Katonda. Buli muntu alina obujulizi, era bw'oba olowooza nti obubwo si bwa maanyi ekimala, kale kozesa obwange. Bwe twatandika ekibiina

kyaffe eky'obuyigirizwa, ne tutandika okutuukirira abantu, Joe Rose yakozesanga bujulizi bwange. Oluvannyuma yatandika okubunyumisa n'okunsinga, kale nze nga mmugamba bugambi nti, "Owange, Joe, genda mu maaso obagambe ekyantuukako."

Bw'aba nga Pawulo omutume yakozesa obujulizi emirundi esatu mu Ndagaano Empya ng'atuukirira abaabula, nawe okisobola. Tulina ebyuma bikalimagezi olwaleero nga kuliko 'pologulaamu' nnyingi, nga 'Word Perfect', 'Microsoft Word', n'endala. Kiba kyangu nnyo okukola akatabo k'obujulizi bwo mu bwangu. Kikubeerera kyangu okugamba abantu nti, "Akatabo kano saakagula mu dduuka eritunda Bayibuli. Koogera kw'ebyo ebyambaako, era ebyo bye ngabana nammwe."

Nandyagadde otandike okuwandiika obujulizi bwo – biki ebyakubaako – n'engeri gye watuukamu okulokoka. Olwo obeeko gw'owa obujulizi obwo, ng'ali mu maka g'omuntu gw'obuulira Enjiri.

Bw'oba oyagala okweyongera okumanya ku nsonga eyo, genda ku mutimbagano, okebere ku **www.krowtracts.com** olabe obubaka wansi w'omutwe, "Ebikwata ku Kugabana Okukkiriza kwo." Wandiika obujulizi obukukwatako, weegezeseemu ng'obuwa, ate osome "Ebikwata ku Kugabana Okukkiriza kwo." Kikulu nnyo okubyekenneenya — si kusomamu busomi — nga bw'ofuluma okubuulira Enjiri eri amawanga, ng'obuulira muntu ku muntu. Katonda abawe omukisa.

## Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Soma Makko 16:15. Ani alina okubuulirwa Enjiri?

   **Makko 16:15 –** *"N'abagamba nti, "Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri abantu bonna.*

2. Soma Matayo 28:19-20. Ani alina okufuulibwa omuyigirizwa?

   **Matayo 28:19-20 –** *"Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu. [20] Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo."*

3. Soma Bikolwa 8:5, 16:13-15, 23, 20:20-21. Okubuulira Enjiri kwabanga ludda wa?

   **Ebikolwa 8:5, 26 –** *Awo Firipo, n'alaga mu kimu ku bibuga bya Samaliya n'abuulira abantu Enjiri ya Kristo. ... [26] Awo malayika wa Mukama n'agamba Firipo nti, "Kwata ekkubo eriraga mu bukiikaddyo, eriva e Yerusaalemi nga liyita mu ddungu okugenda e Ggaaza."*

   **Ebikolwa 16:13-15, 23 –** *"Ku Ssabbiiti ne tufuluma mu kibuga okulaga ku mugga ogwali okumpi n'ekibuga gye baali batutegeezezza nti waliwo abakuŋŋaanirayo okusabirayo. Ne tutuula wamu n'abakazi abaali bazze okusaba ne twogera nabo. [14] Omu ku bakazi abo erinnya lye nga ye Ludiya, yali musuubuzi wa ngoye ez'effulungu ng'abeera mu kibuga Suwatira. Yali asinza Katonda bulijjo. Katonda n'amubikkulira okutegeera obulungi ebyo Pawulo bye yali ayigiriza. [15] Bw'atyo n'abatizibwa n'ab'omu nnyumba ye bonna. N'atuyita tumukyalire mu maka ge, ng'agamba nti, "Obanga mukakasa nti nzikirizza Mukama, mujje mubeere mu maka gange." N'atuwaliriza. ... [23] Bwe baamala okukubwa emiggo mingi, ne baggalirwa mu kkomera, era omukuumi w'ekkomera n'akuutirwa abakuume butiribiri."*

   **Ebikolwa 20:20-21** – *"Naye saalekayo kubabuulira bituufu eby'okubayamba, bwe twabanga tukuŋŋaanye oba bwe najjanga mu maka gammwe, [21] nga ntegeeza Abayudaaya n'Abayonaani okwenenya badde eri Katonda, n'okuba n'okukkiriza mu Mukama waffe Yesu."*

4. Soma Makko 4:11-12. Okulokoka okutuufu bwe kuba nga tekunnabaawo omuntu ateekeddwa:

   A. Okulaba.
   B. Okutegeera.
   C. Okuwulira.
   D. Okutegeera.
   E. Okukola ebyo byonna.

   **Makko 4:11-12** – *"Yesu n'abagamba nti, 'Mmwe muweereddwa omukisa okumanya ekyama*

*ekifa ku bwakabaka bwa Katonda ekyakisibwa abantu abalala abali ebweru waabwo.' [12] 'Balaba bulabi naye nga tebeetegereza, era n'okuwulira bawulira naye tebategeera, si kulwa nga bakyuka ne basonyiyibwa.'"*

5. Soma Bikolwa 28:23-24. Pawulo bwe yayogera eri abantu n'abawa obujulizi obukwata ku Yesu Kristo … ekyo yakikolera bbanga ki okusobola okukakasa abantu ku biki Yesu by'ayagala bakole?

   **Ebikolwa 28:23-24 –** *"Awo ne bategeka olunaku, era ku olwo abantu ne bajja bangi, mu kifo we yasulanga. N'abannyonnyola ng'ajulira obwakabaka bwa Katonda, n'abategeeza ku Yesu, nga byonna abyesigamya ku mateeka ga Musa ne ku bannabbi. Yatandika ku nkya n'amala akawungeezi. [24] Abamu ne bakkiriza bye yayogera, naye abalala ne batakkiriza."*

6. Soma Bikolwa 16:14. Omuntu bw'akyukira ddala n'adda eri Kristo, kiki ekirina okuggulwawo?

   **Ebikolwa 16:14** – *"Omu ku bakazi abo erinnya lye nga ye Ludiya, yali musuubuzi wa ngoye ez'effulungu ng'abeera mu kibuga Suwatira. Yali asinza Katonda bulijjo. Katonda n'amubikkulira okutegeera obulungi ebyo Pawulo bye yali ayigiriza."*

7. Soma Bikolwa 2:37. Kiki ekibaawo singa omutima gw'omuntu guguddwawo era n'alumirizibwa?

   **Ebikolwa 2:37 –** *"Awo bwe baawuulira ebigambo ebyo, emitima ne gibaluma, ne bagamba Peetero n'abatume abalala, nti, 'Abooluganda, kiki kye tusaanidde okukola?'"*

8. Soma Bikolwa 16: 31, 2:38. Olwo omuntu alina kukola atya?

9. **Ebikolwa 16:31** – *"Ne bamugamba nti, 'Kkiriza Mukama waffe Yesu onoolokolebwa, ggwe n'ennyumba yo yonna.'"*

   **Ebikolwa 2:38** – *"Peetero n'abagamba nti, 'Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu.'"*

10. Soma Bikolwa 2:42 ne Yokaana 8:31-32. Olwo omuntu alina kukola atya?

    **Ebikolwa 2:42** – *"Ne banyiikiranga okuyigirizibwa kw'abatume ne mu kussekimu, ne mu kumenya omugaati era ne mu kusaba."*

    **Yokaana 8:31-32** – *"Awo Yesu n'agamba Abayudaaya abaamukkiriza nti, 'Bwe munywerera ku kigambo kyange muba bayigirizwa bange ddala. [32] Era mulitegeera amazima, n'amazima galibafuula ba ddembe.'"*

11. Soma Baruumi 10:14-15. Ng'obiva mabega (ebyawandiikibwa bino), omuntu ajja atya eri Kristo?

    **Abaruumi 10:14-15 –** *"Kale balikoowoola batya oyo gwe batakkiririzaamu? Era balikkiriza batya oyo gwe batawulirangako? Era baliwulira batya awatali abuulira? [15] Era balibuulira batya nga tebatumiddwa? Ekyawandiikibwa nga bwe kigamba nti, 'Ebigere by'abo abategeeza amawulire amalungi, nga birungi.'"*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Soma Makko 16:15. Ani alina okubuulirwa Enjiri?
   **Buli kitonde, buli muntu.**

2. Soma Matayo 28:19-20. Ani alina okufuulibwa omuyigirizwa?
   **Abantu b'amawanga gonna.**

3. Soma Bikolwa 8:5, 16:13-15, 23, 20:20-21. Okubuulira Enjiri kwabanga ludda wa?
   **Mu bibuga, mu malungu, ku mbalama z'emigga, mu lujjudde lw'abantu, era n'enju ku nju.**

4. Soma Makko 4:11-12. Okulokoka okutuufu bwe kuba nga tekunnabaawo omuntu atekeddwa.
   **E. Okukola byonna ebyogeddwako.**

5. Soma Bikolwa 28:23-24. Pawulo bwe yayogera eri abantu n'abawa obujulizi obukwata ku Yesu Kristo … ekyo yakikolera bbanga ki okusobola okukakasa abantu ku biki Yesu by'ayagala bakole?
   **Okuva kumakya okutuuka ekawungeezi, z'essaawa nga mukaaga okutuuka ku munaana.**

6. Soma Bikolwa 16:14. Omuntu bw'akyukira ddala n'adda eri Kristo, kiki ekirina okuggulwawo?
   **Omutima gwe, kye kitundu kye ekisinga obukulu.**

7. Soma Bikolwa 2:37. Kiki ekibaawo singa omutima gw'omuntu guguddwawo era n'alumirizibwa?
   **Yeebuuza nti, "Nkoze ntya?"**

8. Soma Bikolwa 16: 31, 2:38. Olwo omuntu alina kukola atya?
   **Kwenenya, n'akkiriza Mukama Yesu Kristo, era n'abatizibwa.**

9. Soma Bikolwa 2:42 ne Yokaana 8:31-32. Olwo omuntu alina kukola atya?
   **Kunyiikirira njigiriza y'abatume [mu kuyigirizibwa]. Kweyongera kuyiga n'okussa ebigambo bya Yesu mu nkola.**

10. Soma Baruumi 10:14-15. Ng'obiva mabega (ebyawandiikibwa bino), omuntu ajja atya eri Kristo?
    **Omuntu abuulirwa Enjiri. Kale bw'awulira obubaka bwa Kristo asobola okukkiriza. Olw'okuba ng'akkiriza asobola okukowoola erinnya lya Mukama okulokolebwa.**

## ESSOMO 16

# NGA TUKOZESA EBIRABO BYA BULI OMU OKUTENDEKA ABAYIGIRIZWA

### Omusomesa: Don Krow

Olwaleero twagala okwogera ku ky'okukozesa ebirabo bya buli muntu okufuula abantu abayigirizwa. Bisobola okukozesebwa. Tumaze emyezi mingi nga tukozesa enteekateeka eno ey'obuyigirizwa, era ne kitukolera nnyo nga tulaba obulamu bw'abantu bukyusibwa nga balokoka, nga babatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu, era ne mu mazzi. Lumu nnali njogera ne mukwano gwange ne mmugamba nti, "Tulina bye tusubwa — waliwo ebyonooneka." N'aŋŋamba nti, "Mbadde ndowooza nti buli kimu kitambula bulungi. Kiki ky'otegeeza?"

Kye ŋŋenda okugabana naawe, y'engeri y'okufuula ekkanisa ey'omunda — abantu mwe batuula obutuuzi, ne bawuliriza omusumba, ne bamala ne bagenda eka — abantu abo okufuuka ekkanisa ey'ebweru, ne batuuka ku ddaala erisukka kukutuula obutuuzi mu bisenge by'ekizimbe ky'ekkanisa ebina. Kino kye kibalo kyennyini: Abakristaayo bali 95 ku kikumi abataleetanga muntu n'omu eri Kristo … ate ng'Enjiri ebuulirwa, 90 ku kikumi tugyolekeza balokole abali mu kkanisa. Ekizimbe ky'ekkanisa, kye kifo ekisinga okubuulirirwamu Enjiri mu nsi yonna. Tugibuulira mu ' Sunday School', era ne tugibuulira ne mu kisenge ffena mwe tukuŋŋaanira. Engeri gye tubuuliramu Enjiri mu bizimbe oyinza okulowooza nti abazze mu kkanisa beetaaga kulokoka.

Ebizimbe by'amakanisa tebyaliwo ku ntandikwa, byatandika mu kyasa kya kusatu, wansi wa Konstantine. Okuva olwo, mu kifo ky'okunoonya abaabula, ekkanisa yeekwese mu bizimbe byayo. Kati twagala okwogera ku kufuluma obusukka bisenge ebyo, tufuule ekkanisa ey'omunda okuba ekkanisa ey'ebweru. Ebibalo biraga nti enteekateeka ez'okufuluma ebweru w'ebizimbe by'ekkanisa okubuulira Enjiri, teziwera na katundu kamu ku kikumi. Ekyo kitegeeza nti mu Amerika tewaliwo kiwayi kirina nteekateeka ya kufuluma kunoonya baabula. Okufuluma ebweru w'ebizimbe by'ekkanisa ne tubuulira Enjiri, era ne tuyigiriza, kitundu ku Bukristaayo ekyetagisa okuzuukusa.

Okuyita mu nkyukakyuka ez'okudda obuggya (Reformation), Martin Luther yaleetera ekkanisa okubikkulirwa kw'okuggyibwako omusango okuyita mu kukkiriza. Mu myaka gya 1800, okubuulira eri enkuyanja y'abantu kwaleetebwa omubuulizi w'Enjiri ayitibwa John Wesley. Naye kirabika ng'eky'okubuulira muntu-ku-muntu, era n'okuyigiriza byerabirwa okuva ku mulembe gw'abatume. Oyinza okugamba nti, "Simanyi bwe nkikolamu." Okuyita mu nteekateeka eyo tujja kukulaga engeri gye kikolebwamu — kyangu nnyo. Tugenda kukulaga engeri gye kiri ekyangu okukola n'abantu, ate era n'okusisinkana abantu abapya mu maka gaabwe ng'oyita mu bujulizi bwo. Kaakati kino kye njagala okutunuulira. Gano ge mawulire amalungi.

Okola otya okusobola okukola omulala ky'ayagala okole, naye nga mu mazima toyagala

kukikola, naye ng'ekyo kyennyini ky'olina okukola? Ekyo kye twogerako kati. Kubanga kye mba nkolera ddala mu kulaga abantu ng'eky'okubuulira Enjiri ey'ekiyigirizwa bwe kikola, nga mbagamba balabe bwe tukoma ku bulamu bw'abantu. Balokolebwa, bazaalibwa omulundi ogw'okubiri, bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, era babatizibwa mu mazzi amangi. Abantu beemba nnyumiza banziramu nga bakungiriza nti, "Ekyo nga kirungi nnyo!" Naye bwe mbabuuza ani ku bo eyandyagadde okumperekerako, wayinza kubaawo abantu nga basatu, kubanga abalala batya, oba tebamanyi ngeri ki gye kikolebwamu. Ate bwe mbuuza abaalyagadde okuyigiriza ebikwata ku buyigirizwa, wayinza kubaawo bantu nga kkumi na babiri. Naye era nabo bakoma awo.

Kye twagala okukulaga, y'engeri buli kirabo ekiri ku mubiri gwa Kristo gye kiyinza okukozesebwa, okutuukirira abaabula, okubaagala, era n'okubafuula abayigirizwa. Kitwala buli kirabo okukozesebwa, ate ng'ebirabo ebyo bisangibwa mu mubiri gwa Kristo, nga y'ekkanisa ey'omu kitundu. Abamu ku mmmwe mugamba nti, "Nze njagala kusabira bantu kujjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, kuwonyezebwa, n'ebiri ng'ebyo." Wewaawo mu buyigirizwa bwaffe waliwo ekiseera mwe tuyinza okukuyitira okubikola ebyo. Abalala bagamba nti, "Nze ekyo sikisobola," naye osobola okuteekateeka eky'okulya? Osobola okuweereza kaadi? Osobola okubaako gw'okubira essimu? Osobola okusiiga ekisenge langi? Osobola okulabirira omwana w'omukyala gwe tugenze okuyigiriza mu ssawa emu nga ffe tutudde ebweru naye? Olina ebintu by'osobola okukola? Ate okwegayirira? Abamu ku mmwe mwayitibwa kwegayirira, okusaba. Tugenda kukulaga abantu be tuweerezaamu, tukuwe amannya gaabwe obeere ng'obawaayo mu kusaba n'okwegayirira, ng'oli wekka oba ng'oli ne banno, obasabire era osabire ne 'ttiimu' za banaffe abafuluma okugenda okuyigiriza buli 'wiiki'.

Waliwo omwaganya eri buli muntu okusobola okutuukirira abantu abalala, okubafuula abayigirizwa. Tulina enteekateeka y'okulaba nga buli muntu abaako ky'akola. Tuzimbye 'ttiimu' y'abayigiriza n'ababaddirira, abafuluma ne bagenda okuyigiriza abalala mu ngeri ebafuula abayigirizwa. Ate ne wabaawo abantu abalala babiri abayimirira mu buweereza obw'okuyamba, ne babavaako emabega okubaako bye bakola ebikwatibwako ng'okugabula emmere, okufumba, oba okukuba essimu okulaba ebintu nga bwe bitambula. Ate tulina n'abantu abatusabira n'abo be tuweererezaamu.

Omanyi kye tulaba awo? Tulaba Katonda ng'akyusa obulamu bw'abantu, kubanga balabirirwa, era bafiibwako, n'okulagibwa okwagala kwe. Ani ateekeddwa okukola omulimu gw'obuweereza ogwo? Gukolwa abo abateekeddwa okugukola — nga be bantu. Abaefeeso 4:11 wagamba nti omutume, nabbi, omusumba, omubuulizi, n'omusomesa, baawebwa obusobozi obwo olw'okutuukiriza abatukuvu, basobole okukola omulimu gw'obuweereza. Ekkanisa yonna erina okukola omulimu gw'obuweereza, nga si oyo yekka ali mu bukulembeze ayitibwa "omusumba." Omusumba bw'ayigiriza abantu n'abatendeka olw'emirimu egy'okuweereza, ne bafuluma ne bagikola, obwo bwe buwanguzi obwa namaddala. Kambeeko kye nkulaga. Singa tuggulawo olutalo ku ggwanga eddala, omukulembeze waffe n'agamba nti tufiiriddwa abalwanyi baffe bangi, n'olwensonga eyo asazeewo okuggyayo abajaasi aba wansi, asindiseeyo bakama baabwe balwane. Abantu abalala mu nsi bagenda kutusekerera, era ng'ekyo kyennyini kye kiriwo.

Setaani atusekerera, kubanga tusindise abakulu ab'obuweereza obutaano bokka, bakole byonna, nga bwe tugamba nti, "Ndaba be balina okuyitibwa okw'amaanyi. Ka babikole— ffe tubasabire." Mu ngeri eyo tulemereddwa okuyimusa eggye. Katonda ayagala okukuza eggye eryo, era buli muntu n'ekirabo kye asobola okubaako ky'akola mu kubuulira Enjiri ey'Obuyigirizwa.

Twagala okukuyamba mu kuzimba eggye, nga tulina buli kyakulwanyisa eky'obuyigirizwa — si wano wokka mu kibuga kyaffe — naye nga tugenda mu nsi yonna. Kisobola okukolebwa okuyita mw'abo be tutendese, mu kuyigiriza engeri y'okubeeramu omuyigirizwa kwe tutegese, na buli nteekateeka Katonda gy'aba atuwadde.

Mukama abawe omukisa nga buli omu avaayo okukozesa ekirabo kye okusobola okutuukirira abaabula, abakkiriza abato, n'okukwata ebiragiro bya Yesu, naddala eky'okufuula amawanga gonna abayigirizwa.

# Ebibuuzo Eby'Obuyigirizwa

1. Bino wammanga bye binnyonnyola engeri gye tuteekateekamu 'ttiimu' z'abantu, ne bagenda okubuulira, okuyigiriza, era n'okutuukirira abo abaabula. Ekibiina ky'ekkanisa yo kisobola okwaniriza abantu abo. Singa weeyongera okukigenderako, ng'okozesa ebirabo byo mu buweereza, osobola okubaako gw'oleeta mu bwakabaka, era n'okumukuza amangu. Luno lwe lukalala lw'ebibuuzo wammanga, lw'osobola okubuuza banakkanisa. Awo n'otegeka ebibinja ebisobola okulondoola.

**Kino kye nnyumirwa okukola: [funayo kimu oba n'okusingawo]**

☐ Okusisinkana abantu abapya mu maka gaabwe.

☐ Okuyigiriza ebikwata ku buyigirizwa

☐ Okwegayirira: Nga nsabira abantu abaabula n'ekibinja ekibuulira Enjiri, era n'okuyigiriza.

☐ Okugabira amaka abali mu bwetaavu emmere n'ebintu ebirala.

☐ Okubakubira essimu oba okubakyalira.

☐ Okubuulira Enjiri ey'okusaasira oba ey'ekisa: Ng'obafumbirayo eky'okulya, okubaweereza kaadi, okuyamba mu ngeri yonna gy'osobola.

☐ Okukolera awamu ne ba maama abali bokka n'abaana baabwe.

☐ Okuteekawo entambula egenda ku kkanisa, n'ebirala.

☐ Ekirala: Nze njagala kukola :

________________________________________
________________________________________
________________________________________
________________________________________
________________________________________
________________________________________
________________________________________
________________________________________

2. Laba eky'okulabirako wammanga ekiraga 'foomu' ekozesebwa oluvannyuma lw'okuyigiriza omuntu ebikwata ku buyigirizwa. Enteekateeka eyo eraga abasumba, oba omuntu yenna ali mu buyinza, omuntu by'ayigiriziddwa, n'ebivuddemu oluvannyuma lw'okusoma.

## 'Foomu' Erondoola Ebivudde mu kuyigirizibwa Obuyigirizwa.

Ennaku z'omwezi ez'okukyaliramu/ oba okuyigirizibwa: ______________________

Abayigiriza: ______________________________________________
______________________________________________

Amannya g'abantu abakyaliddwa/abayigiriziddwa: ______________________
______________________________________________
______________________________________________
______________________________________________
______________________________________________
______________________________________________
______________________________________________
______________________________________________
______________________________________________

Ekifo awakoleddwa omulimu: ______________________________
______________________________________________

Ebiyigiriziddwa: ______________________________________

Ngeri ki okuyigirizibwa kuno gye kutambuddemu. ______________________
______________________________________________
______________________________________________
______________________________________________
______________________________________________
______________________________________________
______________________________________________
______________________________________________
______________________________________________

3. Soma Yakobo 1:22. Bwe tuwulira obuwulizi Ekigambo kya Katonda, ne tutakissa mu nkola tuba tukoze ki?

   **Yakobo 1:22 –** *"Mubeerenga bakozi ba kigambo, so si abakiwulira ne batakikola, nga mwerimbarimba."*

4. Soma Matayo 7:24-27. Okusobola okubeera omuntu omugezi, toteekeddwa kuwulira buwulizi bigambo bya Yesu, naye kiki kye tuteekedwa okukola?

   **Matayo 7:24-27** – *"Noolwekyo buli awulira ebigambo byange, n'abikola, alifaananyizibwa ng'omusajja ow'amagezi eyazimba enju ye ku lwazi. [25] Enkuba n'etonnya, emigga ne gikulukuta, omuyaga ne gujja, ne bikuba enju eyo naye n'etegwa kubanga yazimbibwa ku lwazi. [26] Naye buli awulira ebigambo byange n'atabikola, alifaananyizibwa ng'omusajja omusirusiru eyazimba ennyumba ye mu musenyu. [27] Enkuba n'etonnya, emigga ne gikulukuta, omuyaga ne gujja, ne bikuba ennyumba eyo, n'egwa, n'okugwa kwayo ne kuba kunene."*

5. Soma Beefeeso 4:11-14. Ani alina okukola omulimu gw'obuweereza?

   **Abaefeeso 4:11-12** – "*Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n'abalala okuba bannabbi, n'abalala okuba ababuulizi b'enjiri, n'abalala okuba abasumba, n'abalala okuba abayigiriza. [12] Ekyo yakikola olw'okutendeka abantu ba Katonda olw'omulimu ogw'obuweereza, okuzimba omubiri gwa Kristo.*"

6. Soma Bikolwa 8:1, 4. Ani yagenda buli wamu ng'abuulira Ekigambo?

   **Ebikolwa 8:1,4** – "*Sawulo yali omu ku abo abaawagira okuttibwa kwa Suteefano. Era ku lunaku olwo okuyigganya Ekkanisa ne kutandika n'amaanyi mangi nnyo mu Yerusaalemi. Abakkiriza bonna, okuggyako abatume, ne basaasaanira mu Buyudaaya ne mu Samaliya. ... [4] Naye abakkiriza abadduka mu Yerusaalemi ne bagenda mu buli kifo nga babuulira Enjiri ya Yesu.*"

7. Soma Bikolwa 8: 1, 4. Ani ataagenda buli wamu ng'abuulira Ekigambo?

8. Soma Bikolwa 11:19-22. Mu kkanisa y'Endagaano Empya eyasooka, abakkiriza baakola omulimu gw'obuweereza, nga gwalondoolwa obukulembeze bw'abatume, n'ebiragiro. Mu kkanisa ya leero obukulembeze bwe butandika ebyetaagisa okukola, awo abakkiriza ne bagoberera. Ebikolwa 11:19-22. Okakasa otya ensonga eyo?

   **Ebikolwa 11:19-22** – *"Awo abo abakkiriza abadduka okuva mu Yerusaalemi mu kuyigganyizibwa okwaddirira okuttibwa kwa Suteefano, ne basaasaana ne batuuka ne mu bifo nga Foyiniiki, ne Kupulo, ne Antiyokiya, ne babunya Enjiri, naye nga babuulira Bayudaaya bokka. [20] Naye, abamu ku bakkiriza abaagenda mu Antiyokiya nga bava e Kupulo n'e Kuleene ne babuulira Abayonaani ku Mukama waffe Yesu. [21] Awo omukono gwa Mukama*

*ne gubeera wamu nabo, Abaamawanga bangi ne bakkiriza ne bakyuka okudda eri Mukama. [22] Awo ab'omu Kkanisa y'omu Yerusaalemi bwe baawulira ebyo, ne batuma Balunabba mu Antiyokiya ayambe abakkiriza.*

9. Soma 1 Bakkolinso 12:14-18. Buli kitundu ku mubiri gwa Kristo kya mugaso. Tetulina kwegeraageranya ku balala, wabula okweweerayo ddala eri Kristo, ... si kukola buli kimu naye kukola ekyo Katonda ky'akuwadde okukola. Obubaka bw'ofunye mu kuyiga kuno ogenda kubukolera ki?

   **1 Abakkolinso 12:14-18** – *"Kubanga omubiri tegulina kitundu kimu, naye gulina ebitundu bingi. [15] Singa ekigere kigamba nti, "Nze siri mukono, noolwekyo siri kitundu kya mubiri," ekyo tekikifuula butaba kitundu kya mubiri. [16] Era singa okutu kugamba nti, 'Siri liiso, noolwekyo siri kitundu kya mubiri," ekyo kikiggyako okubeera ekitundu ky'omubiri? [17] Kale singa omubiri gwonna gwali liiso, olwo okuwulira kwandibadde wa? Era singa omubiri gwonna gwali kutu, olwo okuwunyiriza kwandibadde wa? [18] Naye kaakano Katonda yakola ebitundu bingi eby'enjawulo n'alyoka abifuula omubiri gwaffe nga bwe yayagala."*

# Okwanukula Ebibuuzo

1. Bino wammanga bye binnyonnyola engeri gye tuteekateekamu 'ttiimu' z'abantu awamu ne bagenda okubuulira, okuyigiriza, era n'okutuukirira abo abaabula. Ekibiina ky'ekkanisa yo kisobola okwaniriza abantu abo. Singa weeyongera okulondoola, ng'okozesa ebirabo byo mu buweereza, osobola okubaako gw'oleeta mu bwakabaka, era n'okumukuza mangu. Luno lwe lukalala lw'ebibuuzo wammanga, lw'osobola okubuuza banakkanisa. Awo n'otegeka ebibinja ebisobola okulondoola.
   **Laba essomo.**

2. Laba eky'okulabirako wammanga ekiraga 'foomu' ekozesebwa oluvannyuma lw'okuyigiriza omuntu obuyigirizwa. Enteekateeka eno eraga abasumba oba omuntu yenna ali mu buyinza, by'ayigiriziddwa, n'ebivuddemu oluvannyuma lw'okusoma.
   **Laba essomo.**

3. Soma Yakobo 1:22. Bwe tuwulira obuwulizi ekigambo kya Katonda naye ne tutakissa mu nkola tuba tukoze ki?
   **Tubeera twerimbye ffekka.**

4. Soma Matayo 7:24-27. Okusobola okubeera omuntu omugezi, toteekedwa kuwulira buwulizi bigambo bya Yesu, naye kiki kye tuteekedwa okukola?
   **Tulina okubissa mu nkola.**

5. Soma Beefeeso 4:11-14. Ani alina okukola omulimu gw'obuweereza?
   **Abatukuvu bonna, si kika ky'abantu abayitibwa abakulembeze.**

6. Soma Bikolwa 8:1, 4. Ani yagenda buli wamu ng'abuulira Ekigambo?
   **Abakkiriza abaali basaasaanye.**

7. Soma Bikolwa 8:1, 4. B'ani abataagenda buli wamu nga babuulira Ekigambo?
   **Abatume. Wano tukiraba nti mu kkanisa y'Endagaano Empya eyasooka abakkiriza be baali bavunaanyizibwa okuyigiriza n'okubuulira enjiri.**

8. Soma Bikolwa 11:19-22. Mu kkanisa y'Endagaano Empya eyasooka, abakkiriza baakola omulimu gw'obuweereza, era gwalondoolwanga obukulembeze bw'abatume, era n'ebiragiro. Mu kkanisa ya leero obukulembeze bwe butandika ebirina okukolwa awo abakkiriza ne bagoberera. Bikolwa 11:19-22. Okakasa otya esonga eno?
   **Ekkanisa yawulira okulokolebwa kw'abantu abapya era n'etuma Balunabba okugenda okubayamba (olunyiriri 22).**

9. Soma 1 Bakkolinso 12:14-18. Buli kitundu ku mubiri gwa Kristo kya mugaso. Tetulina kwegeraageranya ku balala, wabula okweweerayo ddala eri Kristo, ... si kukola buli kimu

naye okukola ekyo Katonda ky'akuwadde okukola. Obubaka bw'ofunye mu kuyiga kuno ogenda kubukolera ki?

**Nsuubira okubussa mu nkola nga nfuluma era ne nkozese n'ebirabo byange okuyamba abalala.**